Ebyokese

# Ekitabo ky'omusiraamu omupya

Ennamula enggonvu Ezinnyonnyola amateeka amakulu eri Abasiraamu abapya mu mbeera zonna ez'obulamu

Fahadi Bun Salim Baa Hamaam



NEW MUSLIM GUIDE

# *Ekitabo ky'omusiraamu omupya*

Ennamula enggonvu Ezinnyonnyola amateeka amakulu eri Abasiraamu abapya mu mbeera zonna ez'obulamu

***Fahadi Bun Salim Baa Hamaam***

**Olufuluma olusooka**
1445 / 2023
Era nga ebitabo byonna ebifulumizibwa mu matuundiro gebitabo ne kumikutu gimugattira wala  bivunaanyizibwa ku Kitongole
**Sharikat Daliil Al-mu’aswir**

Ekisasaanya nokubunyisa ebitabo,
Birmingham UK
B11  1A
Esimu: + 441214399144

K.S.A
Esimu: +966112922240
Fax: +966112922205

بسم الله الرحمن الرحيم

| Kyawandiikibwa | Fahad Saalim Baahamaam |
|---|---|
| Akulidde omulimu guno | Khalid bun Ahmada Al-ahmadi |
| Okuteekateeka n'okufulumya | Sharikat Daliil Al-mu'aswir |
| Okwokesaamu | Emikutu ne Studio, ezirina obukugu munsi yonna |
| Omuvvuunuzi | Shk. Abdulhakim Makayi, Shk, Kassim Bukenya, Shk. Farooq Abdul-noor Ntanda |
| Okwekenneenya | Shk. Abdulhakim Makayi, Shk, Kassim Bukenya, Shk. Farooq Abdul-noor Ntanda |
| Okusasaanya n'okubunyisa | Sharikat Daliil Al-mu'aswir |
| Okubunyisa ku mikutu gimagatta bantu | Sharikat Daliil Al-mu'aswir |

# *Ennyanjula y'omusaasaanya*

Okunoonyereza kwonna kulaga nti Obusiraamu y'eddiini esinga okukula n'okusasaana amangu: Okusinziira ku namba y'abagiyingira buli lunaku, nga beesiimidde eddiini eyo ekyuusa embeera z'abasiramuse abapya awatali kukakibwa kwonna.

Ensonga lwaki kino kiri bwe kityo ddala, eri nti Obusiraamu y'eddiini ya Katonda ey'olubeerera, eyo ekwatagana n'amagezi g'omuntu, omwoyo n'obubumbwa.

Okwo kw'ogatta kaweefube omunene ow'omukisa ow'ebifo by'Obusiraamu n'ababuulizi abakuguse mu kuyita abatali basiraamu okubuyingira mu bitundu by'ensi byonna, nga bakozesa enkola ez'enjawulo ez'ekikugu n'okumanya okw'omulembe guno.

Wabula kaweefube ono asinga yeesigamiziddwa ku koowoola bantu kuyingira busiraamu, tayanjula nteekateeka ngazi era enyinyonnyofu obulungi eri Musiraamu mupya okukwata omukono gwe mu kkubo ly'okulungama kwe, ly'eyatandika n'okwatula Shahada, akyaalina mu maaso ge bingi ebyokuyiga mu busiraamu era abikolereko mu mbeera z'obulamu zonna; olwo nno okulungama kwe kutuukirire mu bulamu bwe bwonna.

Daru Sama Al-Kutub etwaala omukisa guno okwanjula ekitabo ekiyitibwa **(Ekitabo ky'omusiraamu omupya)**, ekikiikirira omulimu ogusookera ddala ogulina ebibala ebiri kumutindo, ebigatta wakati w'omusingi gw'okusoma n'okufulumya eby'ekikugu, era guweereza Omusiraamu omupya mu bitundu byonna eby'ensi mu nnimi ez'enjawulo.

Ekitabo kino, kye twanjulira omusomi ow'ekitiibwa, gwe musingi ebintu byonna ebirala ebiweereza obusiraamu kw'ebizimbiddwa, gamba nga website ku yintanenti, emikutu gy'empuliziganya, obutambi obusomesa, ne pulogulaamu z'oku ssimu, byonna nga biweereza Omusiraamu omupya eri eddiini ya Allah mu nsi yonna.

Tumusaba Allah okumalirira okulungi n'okunyweerera ku bigambo n'ebikolwa ebirungi,,,

**Omwanjuzi**



# Ebiri mu ndagiriro eno

## ENNYANJULA




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Ekyengera Ekisinga byonna mu bulamu** | 24 |
| Naye abaffe ekibuuzo kiri nti, ekyengera kino kyeebazibwa kitya? | 25 |
| **Ekigendererwa ky'okubaawo kwaffe** | 25 |
| **Obusiraamu ddiini ya nsi yonna** | 26 |
| Ensi yonna kifo ekisinzibwaamu Katonda | 26 |
| **Mu Busiraamu temuliimu kayungirizi wakati w'omuntu n'Omulezi we Allah** | 27 |
| **Obusiraamu y'eddiini y'obulamu** | 29 |
| Okukulakulanya Ensi | 29 |
| Okuwangaala N'abantu | 29 |
| Diini ya kusoma | 30 |
| **Okuyiga Amateeka g'Obusiraamu** | 30 |
| **Ennamula z'Obusiraamu** | 31 |
| Eky'etteeka - Eky'aziyizibwa - Ekyagalwa - Ekitamwa - Ekyakkirizibwa | 31 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Empagi z'obusiraamu ettaano | 31 |
| **Ntegeera ntya Amateeka g'Eddiini** | 33 |
| **Obusiraamu Diini yawakati** | 34 |
| **Obusiraamu bubuna Embeera z'obulamu bwonna** | 35 |
| **Ekitwaalibwa ku ddiini bwe butuufu na bwennyini bw'Obusiraamu, so ssi bikolwa bya abasiraamu abamu** | 36 |
| **Eby'obuwaze Ebitaano Ebikulu** | 37 |
| Eddiini | 37 |
| Omubiri | 38 |
| Amagezi | 38 |
| Endyo n'ebika | 38 |
| Emmaali | 39 |

# 1 OBUKKIRIZA BWO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Shahada Ebbiri n'ebigenderako** | 42 |
| Lwaki ddala La ilaaha illa llah oba lwaki (Tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah)? | 42 |
| La ilaah illa Allah kitegeeza ki | 42 |
| Empagi za La ilaaha illallah | 43 |
| **Okukakasa nti Nabbi (s.a.w) Mubaka wa Allah** | 44 |
| Okumanya Nabbi (s.a.w) | 44 |
| Okuzaalibwakwe | 44 |
| Obulamu bwe n'engeri gye yakuzibwamu | 44 |
| Okutumibwa kwe | 45 |
| Entandikwa y'okukoowoola kwe | 45 |
| Okusenguka okudda e Madiinah | 46 |
| Okubunyisa kwe Obusiraamu | 46 |
| Okufa kwe | 47 |
| Biki ebiyingira mu ku kkiriza kwange nti Muhammadi Mubaka wa Allah? | 48 |
| Okukakasa obubaka Nabbi (s.a.w) bwe yatujjira nabwo nti bwa mazima mu mbeera zona | 48 |
| Okuteeka munkola ebiragiro bye n'okwewala bye yagaana era bino bibuna | 48 |
| Obutasinza Allah okujjako kw'ebyo byokka by'eyatulagira Nabbi (s.a.w), era kino kibuna ebintu bye tulina okutunuulira | 49 |
| **Empagi Z'obukkiriza Omukaaga** | 51 |
| Amakulu g'okukkiriza Allah | 51 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Okukkiriza nti Katonda Gyaali | 51 |
| Allah yakifuula nga kya butonde | 51 |
| Obujulizi obulaga nti Katonda gyaali bweyolefu bulungi | 52 |
| Okukkiriza nti Allah ye Mulezi waffe | 52 |
| Amakulu g'okukkiriza Obulezi bwa Allah | 52 |
| Abawalabu abashiriku mu kiseera kya Nabbi (s.a.w) baali bakkiririza mu bulezi bwa Katonda | 54 |
| Okukkiriza obulezi bwa Katonda kutebenkeza emitima | 54 |
| Okukkiriza nti Allah ye Mutuufu okusinzibwa | 55 |
| Okukkiriza okusinzibwa kwa Allah kyekki? | 55 |
| Obukulu bw'okukkiriza okusinzibwa kwa Allah: | 55 |
| **Okusinza kye ki?** | 56 |
| Okusinza mumbeera z'obulamu zonna | 56 |
| Okusinza ky'ekigendererwa lwaki twatondebwa | 56 |
| Empagi z'okusinza | 56 |
| Obukwakkulizo bw'okusinza | 57 |
| Okutongoza Allah yekka mu kusinza okwo | 57 |
| Okukwatagana n'okugoberera okusomesa kwa Nabbi (s.a.w) | 57 |
| **Okugatta ku Allah n'ekirala (Shirki)** | 58 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Shirki wa bika bibiri, omunene n'omutono | 58 |
| Shirki omunene | 58 |
| Shirki omutono | 58 |
| Abaffe, okusaba abantu aba shirki? | 59 |
| **Okukkiriza amannya ga Allah n'ebitendo bye** | 61 |
| Agamu ku mannya ga Allah | 61 |
| Ebibala ebiva mu kukkiriza amannya ga Allah n'ebitendo bye | 62 |
| Obukkiriza obusinga okuba obwa waggulu | 62 |
| Ebimu ku bibala by'okukkiriza Allah | 63 |
| **Okukkiriza Bamalayika ba Allah** | 64 |
| Amakulu g'okukkiriza Bamalayika | 64 |
| Okukkiriza bamalayika kuzingiramu ki? | 64 |
| Ebibala ebiva mu kukkiriza Bamalayika | 65 |
| **Okukkiriza Ebitabo bya Allah** | 66 |
| Amakulu g'okukkiriza Ebitabo | 66 |
| Okukkiriza Ebitabo kutwaaliramu ki? | 66 |
| Enkizo ez'eyawulidde Ekitabo Qur'an | 67 |
| Kiki ekitukakatako okukola eri Qur'an? | 68 |
| Kiki ekitukakatako eri ebitabo ebyakulembera? | 69 |
| Ebibala ebiva mu kukkiriza Ebitabo | 70 |
| **Okukkiriza Ababaka ba Allah** | 71 |
| Obwetaavu bw'abantu eri Obubaka | 71 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Y'emu ku mpagi z'obukkiriza | 72 |
| Amakulu g'okukkiriza Ababaka? | 72 |
| Okukkiriza Ababaka kuzingiramu ki? | 72 |
| Okukkiriza nti obubaka bwabwe bw'amazima | 72 |
| Okukkiriza Ba Nabbi bonna | 72 |
| Okukakasa amawulire n'eby'amagero byabwe ebiri mu Qur'an ne Hadiithi za Nabbi (s.a.w) | 72 |
| Okukolera ku Mateeka g'omubaka oyo eyatumibwa gyetuli | 72 |
| Mu bitendo by'ababaka mulimu | 73 |
| Obubonero bw'Ababaka n'ebyamagero byabwe | 74 |
| Enzikiriza y'omusiraamu eri Nabbi Isa okusaasira n'emirembe bibeere kuye | 74 |
| Y'omu ku babaka ab'enkizo ab'amaanyi era abekitiibwa | 74 |
| Mazima Nabbi Issa yali muntu ng'abantu abalala | 74 |
| Mazima Maama we Mariyamu Mukyala mulongoofu atya nnyo Katondawe | 74 |
| Tewali mubaka wakati we ne Muhammadi (s.a.w) | 75 |
| Tukkiriza ebyamagero Allah by'eyakola eby'ayitira ku mikono gya Nabbi Issa | 75 |
| Omuntu taba musiraamu okutuusa lwakkiriza Issa nti Muntu era Mubaka wa Katonda | 75 |
| Mazima Teyattibwa wadde okukomererwa ku musaalaba | 76 |
| Ebintu Eby'eyawulidde Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w) | 77 |
| Obubaka bwa Nabbi Muhammadi bulina enkizo ku bubaka obw'akulembera | 77 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w) | 77 |
| Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w) bwa bitonde byonna amajinni n'abantu | 77 |
| Ebibala ebiva mu kukukkiriza Ababaka | 78 |
| **Okukkiriza Olunaku lw'enkomerero** | 79 |
| Amakulu g'okukkiriza Olunaku lw'enkomerero | 79 |
| Lwaki ddala Qur'an y'akkaatiriza okukkiriza olunaku lw'enkomerero? | 79 |
| Okukkiriza Olunaku lw'enkomerero kutwaaliramu ki? | 80 |
| Obujulizi bwa Qur'an obulaga obukakafu bw'okuzuukira | 80 |
| Okukkiriza okuzuukiza abafu okuva muntaana | 80 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Tulina okukkiriza Okubalibwa n'emirimu gyaffe okupimibwa ku Minzaani | 81 |
| Tukkiriza Ejjana n'omuliro nti gyebiri | 81 |
| Tukkiriza Ebibonerezo bya Kaburi (entaana) n'ebyengera byayo | 82 |
| Ebibala by'okukkiriza Olunaku lw'enkomerero | 83 |
| **Okukkiriza okugera kwa Allah** | 84 |
| Amakulu g'okukkiriza okugera kwa Allah | 84 |
| Okukkiriza Okugera kwa Allah kutwaaliramu ki | 84 |
| Omuntu alina okusalawo n'okwagala kwe | 85 |
| Omuntu okusobya n'eyeekwaasa okugera kwa Allah | 86 |
| Ebibala by'okukkiriza Okugera kwa Allah | 87 |


# 2 OKUTUKULA KWO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Amakulu g'okwetukuza** | 90 |
| Ensibuko y'amakulu g'okwetukuza mu lulimi oluwarabu kitegeeza okweyonja n'okulongoosa | 90 |
| Okwetukuza okuva mu bikyaafu | 91 |
| Ebikyaafu | 91 |
| N'ebintu Ebikyaafu | 91 |
| Okwetukuzaako Ebikyaafu | 91 |
| Empisa z'okutawaaza n'okumala Ekyetaago Emmanju | 92 |
| Ekizuusi | 93 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Ekizuusi Ekitono N'okufuna Wudhu | 93 |
| Nfuna ntya Wudhu? | 94 |
| Nfuna ntya wudhu ne nnejjako ekizuusi ekitono? | 94 |
| Ebintu Ebitukakasaako Okunaaba | 96 |
| Omusiraamu anaaba atya Janabah oba yejjako atya ekizuusi ekinene? | 97 |
| Omuntu alemererwa okukozesa amazzi | 97 |
| Okusiiga ku Sitokisi | 97 |

# 3 ESSWALAYO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Esswala** | 100 |
| Obukulu bw'esswala n'obulungi bwayo | 100 |
| Ebirungi bye tufuna mu kusaala | 101 |
| Esswala Ekakata kw'ani? | 102 |
| **Bukwakkulizo ki obulina okubeerawo ku sswala?** | 103 |
| Okwejjako kw'ekizuusi n'okwewala obukyaafu | 103 |
| Okubikka obwereere | 103 |
| Obwereere bw'omukyala mu sswala - Omwana omuto - Omusajja | 103 |
| Okwolekera ekibula | 104 |
| Okuyingirawo kw'ekiseera ky'esswala | 104 |
| **Esswala Ettaano N'ebiseera byazo Ebigereke** | 105 |
| Ekifo Aw'okusaalira | 106 |
| **Engeri gye tusaalamu Esswala** | 109 |
| Okumalirira | 109 |
| Ayimuka Omusaaze n'ayolekera eri Ekibula | 109 |
| Oluvannyuma lwa takbiira ateeka emikonogye gyombiriri ku kifuba kye | 109 |
| Asoma edduwa eggulawo esswala | 109 |
| Asoma Surat Alfatiha | 110 |
| Akola atya oyo atamanyi bisomebwa mu sswala alfatiha n'ebisomebwa mu sswala? | 110 |
| N'amakulu ga Alfatiha geegano | 111 |
| Oluvannyuma aleeta takbiira emutwaala ku maviivige nga bw'ayogera nti "Allahu Akbar" | 112 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Omusaaze akutama ku maviivi naateeka emikonogye ku maviivige n'abanga agakutte | 112 |
| Bwamala avaayo ku maviivi n'asitula omutwe gwe ng'agamba nti | 112 |
| Okuvunnama | 113 |
| Attahiyatu | 114 |
| Okutoola ssalaamu | 115 |
| **Abaffe, Nsaala Ntya Esswala yange?** | 116 |
| **Empagi n'ebyetteeka by'esswala** | 120 |
| Ebikubirizibwa mu sswala | 121 |
| Sujuud sahwi | 121 |
| **Ebyonoona Esswala** | 122 |
| **Ebitamwa mu sswala** | 122 |
| **Esswala Ezitali zatteeka (ezekyeyagalire) z'eziriwa?** | 123 |
| **Esswala ya Jjamah** | 125 |
| Amakulu g'okugoberera | 125 |
| Ani alondebwa ku bwa Imaamu? | 125 |
| Imaamu n'abagoberezi bayimirira ludda ki mu kusaala? | 125 |
| Omusaaze ajjuza atya ebimuyiseeko mu sswala? | 126 |
| Ebyokulabirako ng'omugoberezi alina eky'amuyiseeko ku sswala ne Imaamu | 126 |
| **OKWAZIINA** | 127 |
| Engeri y'okwaziina n'okukima esswala | 127 |
| Okuddinngana omwaziinyi by'ayogera | 128 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Obwetowaze n'obwewombeefu mu sswala** | 129 |
| Amakubo agayambako okwetowaza mu sswala | 129 |
| **Esswala ye Jjumah** | 131 |
| Ebirungi By'olunaku Lw'okutaano | 131 |
| Ejjuma ekakata kw'ani okugisaala? | 131 |
| Engeri gyetusaalamu ejjuma n'okumanya ennamula zaayo | 132 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Ani aweebwa olukusa obutajja kusaala sswala ya Jjuma | 132 |
| Abaffe, emirimu gyaffe ejabulijjo lukusa olulekesa Esswala y'Ejjuma? | 133 |
| Ddi omulimu lwe guba olukusa omuntu okuleka esswala y'ejjuma | 134 |
| **Esswala y'omulwadde** | 134 |
| **Esswala Y'omutambuze ali mulugendo** | 135 |


# 4 OKUSIIBA KWO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Okusiiba omwezi gwa Ramadhani** | 138 |
| Amakulu g'okusiiba | 138 |
| **Ramadhan** | 138 |
| Obulungi bw'omwezi gwa Ramadhan | 138 |
| **Ekigeendererwa mu kusiiba** | 139 |
| **Oburungi bw'okusiiba** | 140 |
| **Eby'onoona Okusiiba** | 141 |
| Okulya n'okunywa mu bugenderevu | 141 |
| Buli kyonna ekikola nga emmere oba ekyokunnya | 141 |
| Okwaegatta munsonga zobufumbo emisana | 141 |
| Okwemazisa mumbela ewokwetogelera | 141 |
| Okusesema mubugenderevu | 141 |
| Omukyala okugenda mu nsonga | 141 |
| **Ebisonyiyisa okusiiba mu Ramadhani** | 142 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Omulwadde akosebwa olw'okusiiba | 142 |
| Yenna atasobola kusiiba olw'obukadde oba obulwadde obutasubirwa kuwona | 142 |
| Omutambuze | 142 |
| Omukyala ali munsonga n'oyo Eyakamala okuzaala (Nakawere) | 142 |
| Abakyala ab'embuto n'abayonsa | 142 |
| Alamurwa atya oyo Asiibulukuse mu Ramadhan? | 142 |
| **Okusiiba okw'e kyeyagalire** | 143 |
| Olunaku lwa Ashura | 143 |
| Olunaku lwa Arafa | 143 |
| Ennaku mukaaga eza Shawwal | 143 |
| **Eid y'e kisiibo** | 144 |
| Biki ebikolebwa Ku Edi | 145 |
| Sswala ya Iddi | 145 |
| Zakat al-Fitr | 146 |
| Kikubirizibwa okubunyisa essanyu n'okujyaganya e'waka | 147 |
| Kiragirwa kuyitiriza okuleeta Takbiira | 147 |


# 5 EZAKA YO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Ebigendererwa bye Zzaka** | 150 |
| **Biki ebigibwamu Zakat** | 151 |
| Zaabu ne ffeeza | 151 |
| Ensimbi oba ssente za buli ngeri gamba nga silingi | 151 |
| Ebo'busuubuzi | 152 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Ebiva mu ttaka mubirime, ebibala n'empeke | 152 |
| Ebisolo nga ente, eŋŋamiya n'endiga oba embuzi | 152 |
| **Bani abaweebwa zakat** | 153 |
| Emiteeko gy'abo abalina ebisaanyizo ebiwebwa zaka | 153 |


# 6 HIJJA YO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Ebirungi bya Makka n'Omuzikiti Ogwemizizo** | 156 |
| **Okulamaga/ Hijja kyeki?** | 158 |
| Ebiseera by'okulamaga | 158 |
| Ani akakatibwako okukola Hijja? | 158 |
| Embeera z'obusobozi bw'omusiraamu okukola Hijja | 159 |
| Akakwakulizo ka Mahram eri omukyala | 160 |
| **Ebirungi bya Hijja** | 160 |
| **Ebigendererwa bya Hijja** | 161 |
| **Emikolo gya umrah** | 163 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Eid ya Aduha** | 164 |
| Biki ebiragibwa kukola ku lunaku lwa Eid al-Adha | 164 |
| Okusala ensolo mumbeera eya Ssaddaaka | 164 |
| Obukwakkulizo bw'ensolo esalibwa ku Dhuhiyah | 165 |
| Biki ebikolebwa ku ssaddaaka oba duhiya? | 165 |
| **Okulambula ekibuga kya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye (Madina)** | 166 |
| Biki ebikubirizibwa okukola nga olambura kibuga kya Nabbi? | 166 |

# 7 ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Katonda yatukubiriza nyo okutambula mu nsi okunoonya eby'enfuna | 170 |
| Ekikolo ekifuga ennamula y'ebyensimbi | 170 |
| Obusiraamu bye bugaana ku lwabyo byennyini | 170 |
| Eby'okulabirako by'ebyo Obusiraamu bye bugaana ku bwabyo | 171 |
| Ebiri Haram olwensonga endala | 171 |
| **Riba/ Enfissi** | 171 |
| Raba al-Daini/ Okukola amagoba mu banjya | 171 |
| Riba w'okuteeka obukwakulizo kumuntu eyewoze | 171 |
| Riba alamulwa atya | 172 |
| Ebibonerezo eboyo eyenyigira mu Riba | 172 |
| Akabenjye ka riba ku ssekinnoomu n'abantu okutaalira awamu | 173 |
| Obulyazamanya mu ngabanya y'obugagga | 173 |
| Kizuula omuze gw'okudiibuda n'obuteeterekera oba okuseviinga | 173 |
| Riba mu kunsonga eziviirako abagagga okugaana tebaag siga ensimbi mubintu ebyomugaso | 173 |
| Enfissi oba Riba nsonga evaako emikisa okuva mu mmali n'okugwa kw'ebyenfuna | 173 |
| Kiramulwa kitya omuntu okusiramuka nga alina endagaano ya Riba? | 174 |
| **Obulimba n'obutamanya mubye nfuna** | 175 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Eby'okulabirako by'obulimba n'obutamanya mubye nfuna | 175 |
| Obutamanya ddi lwebukosa mu bizineensi? | 175 |
| **Eby'okulabirako byobulyazamanya mu by'enfuna** | 176 |
| Okukaka omu kubagulangana | 176 |
| Obufere n'obukuumpanya | 176 |
| Okukozesa amateeka mu lukujukujju | 176 |
| Enguzi | 177 |
| Alamulwa Atya omuntu Asiramuka naye nga yari yafuna ssente mu ngeri emenya amateeka nga tanasiramuka? | 177 |
| **Kimaaru nezaala** | 178 |
| Okuzannya zzaala kye ki? | 178 |
| Zaalaa Alamulwa Atya | 178 |
| Obulabe bwa zzaala ku muntu ssekinnoomu n'ensi | 178 |
| Atondawo obulabe n'obukyayi mu bantu | 178 |
| Zzaala ayonoona ssente n'obugagga | 179 |
| Zaala gufuuka omuze, nti buli lwawangula | 179 |
| Ebika by'azzaala | 179 |
| **Empisa Obusiraamu bwezaakubiriza mu nkolagana y'ebyensimbi** | 180 |
| Obwesigwa | 180 |
| Amazima | 181 |
| Obukugu n'okunyiriza omurimu | 181 |

# 8 EMMERE YO N'EBYOKUNYWA




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Etteeka elyawamu elifuga emmere n'ebyokunywa | 184 |
| **Ebimera n'ebibala** | 184 |
| **Ebitamiza n'omwenge** | 185 |
| Okukuuma obwongo | 185 |
| Omwenge gulamulwa gutya mu busiramu | 185 |
| **Ebiragalalagala** | 186 |
| **Eby'okulya byomumazzi** | 186 |
| **Ensolo z'okulukalu** | 187 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Bisolo ki ebikkirizibwa okulya? | 187 |
| Ebisolo ebitakirizibwa kulya by'ebino | 187 |
| Ebika bye Ebisolo ebikkirizibwa okulyaa | 188 |
| Ebika bye Nnyama esangibwa Mu bifo eby'okulya n'amaduuka | 188 |
| **Okuyigga okukkirizibwa** | 189 |
| **Empisa z'emmere n'okunywa** | 190 |


# 9 ENYAMBALAYO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Okwambala mu Busiraamu** | 194 |
| Emigaso gyengoye | 194 |
| **Amateka agafuga enyambala** | 195 |
| **Ebyamabalo ebitakkirizibwa** | 195 |
| Buli kyambalo ekiraga obweraere | 195 |
| Ebyambalo ebyekikula ekyenjawulo | 196 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Ebyambalo ebyeyawulide abatali basiramu okugeza ebyambalo ebiriko obubonero obwe yawuridde bbo | 196 |
| Engoye ezireeta omuntu okwekuluntaza wamu n'okwelaga | 197 |
| Omusajja takkirizibwa kwambala zaabu oba lugowe olukoleddwa mu siliki yekka | 197 |
| Engoye ezijudde okwonoona nokwejalabya | 197 |

# 10 AMAKAAGO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Ekifo ky'amaka mu busiraamu** | 200 |
| Obusiraamu bwassa nnyo essira kunsonga y'obufumbo | 200 |
| Obusiraamu bwawa ekitiibwa buli muntu yenna mu maka | 200 |
| Obusiraamu bwafaayo nnyo okusiga – mu mitima gy'abantu okugulumiza n'okuwa ekitiibwa ba taata ne ba maama | 201 |
| Obusiraamu bwalagira abazadde okukuuma ebivunaanwa by'abaana abawala nabalenze | 201 |
| Obusiraamu bwalaalika kubuli musiraamu okuyunga oluganda | 201 |
| **Ekifo ky'omukyala mu busiraamu** | 202 |
| Abakyala Obusiraamu bebukubiriza okubalabirira | 202 |
| Maama wo | 202 |
| Muwala wo | 203 |
| Mukyala wo | 203 |
| Tewali kifo kyabukuubagano wakati w'abaami n'abakyala | 203 |
| **Emiteeko gyabakyaala okusiinziira ku basajja** | 203 |
| (Omukazi) ayinza okubeera mukyala we | 203 |
| Ayinza okubeera ow'oluganda lwe amuzira okuwasa ebbanga lw'obulamu lyonna | 204 |
| Ayinza okubeera Omukyala owebbali | 206 |
| **Amateeka agafuga enkolagana wakati w'abasajja n'abakazi abebbali** | 206 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Okukkakkanya amaaso | 206 |
| Okwogera n'empisa ennungi | 207 |
| Okwewala okweyawula nomuntu atakuzira kuwasa nakufumbirwa | 207 |
| Okwebikkirira (Hijaabu) | 208 |
| Hijaabu Yomukyala erina ku koma wa | 208 |
| Amateeka agafuga Hijaab y'omukyala | 208 |
| **Okuwasa Mubusiraamu** | 209 |
| Obukwakkulizo obusiraamu bwe bwassa Kumukyala | 210 |
| Obukwakkulizo obusiraamu bwebwassa ku mwami | 210 |
| **Ebivunaanyizibwa by'omwami n'omukyala** | 211 |
| Ebivunaanwa by'omukyala eri Omwami | 211 |
| Okumulabirira n'okumusuza | 211 |
| Okuwangaala naye Obulungi | 212 |
| Obuguminkiriza n'okwerekereza | 213 |
| Okubeera n'omukyala ekiro | 213 |
| Okumuwa obukuumi n'okukuuma ekitiibwa kye | 213 |
| Obutafulumya byama bya bufumbo | 214 |
| Omwami takkirizibwa kutulugunya mukyala nokumubonyabonya | 214 |
| Okumusomesa n'okumuwabula | 214 |
| Okuteeka munkola obukwakkulizo omukyala bwataddewo | 214 |
| Ebivunaanwa by'omwami eri Omukyala | 215 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Okumugondera mubulungi | 215 |
| Omukyala okumalira omusajja obwetaavu (n'okukakkanya ensa ze) | 215 |
| Obutakkiriza muntu yenna Omusajja gwatamwa kuyingira munnyumba | 215 |
| Omukyala obutafuluma waka okujjako nga omwami amukkiriza | 215 |
| Omukyala okuweereza Omwami we | 215 |
| **Okuta Omukyala (Okwawukana naye)** | 216 |
| Obusiraamu bufaayo nnyo okulaba nga obufumbo bugenda mu maaso lubeerera | 216 |
| Obusiraamu wakati mukukubiriza abafumbo okubeera awamu lubeerera | 216 |
| **Ebivunaanwa byabazadde ababiri** | 218 |
| Akabenje akali mu kujeemera n'okwonoona eri abazadde | 218 |
| Okubagondera mukutali kugyemera Allah | 219 |
| Okulongoosa gyebali naddala mukiseera ky'obukadde bwabwe | 219 |
| Abazadde ababiri abatali basiraamu | 219 |
| **Ebivunaanwa by'abaana** | 220 |
| Okulonda omukyala Omulongoofu okubeera maama w'abaana bo | 220 |
| Okutuuma abaana amannya amalungi | 220 |
| Okubalera mundera ennungi | 220 |
| Okubalabirira | 221 |
| Okwenkanyankanya wakati wabaana | 221 |


## 11 EMPISA ZO




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Ekifo ky'empisa ennungi mubusiraamu** | 224 |
| Okujjuliriza empisa ennungi kyekimu kubigererwa ebiri emabega w'okutumwa Kwa Nabbi Muhammadi okusaasira n'emirembe bibeere kuye, eri abantu | 224 |
| Empisa ennungi kitundu kubujjuvu bw'obukkiriza (Imaan), n'enzikiriza (Aqiidah) | 224 |
| Mazima empisa ennungi zirina akakwate ne buli muteeko gwa kusinza kwonna okutwalira awamu | 225 |
| Ebirungi ebyamanyi n'empeera ennene eyo Allah gyeyateekera teekera alina empisa ennungi | 225 |
| **Enkizo y'empisa ennungi mubusiraamu** | 226 |
| Empisa ennungi tezeyawulidde eri kikula kyabantu nakimu | 226 |
| Engeri gyoyisaamu abatali basiraamu | 226 |
| Empisa ennungi tezeyawulidde eri bantu bokka | 227 |
| Okweyisa obulungi eri ebisolo | 227 |
| Okweyisa obulungi okukuuma obutonde bw'ensi | 228 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Empisa ennungi Mumbeera z'obulamu byonna | 228 |
| Amaka | 228 |
| Eby'obusuubuzi | 229 |
| Amakolero | 229 |
| Bukubiriza empisa ennungi mumbeera zonna | 230 |
| Ezimu kumpisa z'obusiraamu mulutalo | 230 |
| **Ebimu kubyokulabirako mubulamu bwa Nabbi (s.a.w), n'empisa ze ezekika ekyawaggulu** | 231 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Obwetowaze | 231 |
| Ekusaasira | 232 |
| Okusaasira kwe eri Abaana abato | 232 |
| Ekisa kye eri Abakyala | 233 |
| Okusaasira kwa Nabbi (s.a.w) eri abanafu | 234 |
| Ekisa eri ebisolo | 234 |
| Obwenkanya | 235 |
| Okulongoosa n'okugaba | 236 |


# 12 OBULAMU BWO OBUPYA




| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| **Butya Omuntu bwayingira mubusiraamu** | 240 |
| Omuntu ayingira mubusiraamu Nakwatula shahaada ebbiri | 240 |
| Okunaaba kw'omusiraamu omupya | 240 |
| **Obwennyini bw'okwenenya** | 241 |
| Buliwa Obukwakkulizo bw'okwenya okutuufu? | 241 |
| Okuleka amazambi bunnambiro | 241 |
| Okwejjusa olw'ebyonoono n'amazambi byeyakulembera okukola | 241 |
| Okumalirira obutaddayo kwedibagaba | 241 |
| Emitendera gy'okutuukiriza okumalirira obutaddayo kwedibaga | 241 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Kiki ekiddako oluvannyuma lw'okwenenya | 242 |
| Obuwomerevu Bw'obukkiriza | 242 |
| **Okwebaza Allah olw'ekyengera kyokwenenya N'okulunngama** | 243 |
| Okwekwata ku ddiini n'okuguminkiriza okukosebwa kwafuna muyo | 243 |
| Okulafuubana okukola daawah, nga okoseza amagezi n'okubuulirira okulungi | 244 |
| **Okukoowoola eri Obusiraamu** | 244 |
| Obulungi b'wokukoowoola abantu okudda eri Allah | 244 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Daawah lyekkubo ly'okwesiima n'obuwanguzi kuno kunsi ne kunkomerero | 244 |
| Mazima teri muntu alina bigambo birungi era byakitiibwa kusinga byoyo akoowoola abantu okudda eri Allah | 244 |
| Okwenyigira mu kukola daawah | 244 |
| Daawah mulimu gwaba Nabbi ba Allah n'Ababaka be bonna | 245 |
| Okuyita abantu okujja eri obusiramu y'ensibuko y'ebirungi ebitaliiko kkomo | 245 |
| Empeera Allah gyaterekedde oyo akoowoola abantu okudda eri Allah | 245 |
| Ebitendo bya Daawah entuufu | 246 |
| Okumanya n'okutegeera | 246 |
| Okukoseza amagezi mu daawah | 246 |

| Ebiri munda | Olupapula |
|---|---|
| Okukoowoola abantu bo okudda eri Allah | 247 |
| Eddiini Y'abaana | 247 |
| **Abaffe Kigwanidde omuntu okukyusa erinnya oluvannyuma lw'okusiramu?** | 250 |
| Kirungi Omusiraamu okukyusa erinnya | 250 |
| **Sunnah z'Obubumbwa** | 252 |
| Okutayirira | 252 |
| Okumwa ebitundu by'ekyama | 252 |
| Okukendeeza amasulubu | 253 |
| Okukuza ekirevu | 253 |
| Okusala enjala | 253 |
| Okumwa munkwawa | 253 |

## *Ennyanjula y'Ekitabo*

Tukuyozaayoza olw'obuwanguzi Katonda bwa kuwadde n'ekisa kye ku ggwe; olw'okulunngama n'osiramuka, n'ova mu kizikiza n'oyingira mu kitangaala, n'okkiriza eddiini eno eyamaanyi ey'obusiraamu.

Era tukuyozaayoza olw'obuvumu mu kunoonya amazima, ag'akuleetedde okusalawo ekisinga obukulu mu bulamu bwo n'oyingira eddiini eno ey'ekitiibwa.

Oyo yenna agula ekyuma gamba nga essimu, emmotoka oba okwegatta ku kiraabu z'emipiira oba ekitongole kyonna, afaayo nnyo okusoma n'okumanya by'alina okukola ne by'atalina kukola na ngeri ki gy'akwaatamu embeera empya.

Ate butya kw'oyo Allah gw'awadde ekyengera n'afuluma mu kizikiza n'ayingira ekitangaala, n'amulungamya eri ddiini Busiraamu, tewali kubuusabuusa nti ab'alina okukola kaweefube asinga obunene okuyiga obusiraamu asobole okusinza Allah we okusinziira ku ngigiriza n'esomesa y'obusiraamu.

N'amawulire ag'esanyu ge tukuwa ag'obwa Nabbi gali nti: Ebiri mu kitabo kino by'ogenda okusoma, busika bwa Ba Nabbi; kubanga Ba Nabbi tebaasikirwa bya bugagga, wabula baasikirwa irimi oba okumanya kw'obusiraamu, era omuntu asoma eddiini eno aba afunye omugabo ku by'obusika bya bwa Nabbi. Yayogerwa Abu Dawood (88).

Ekitabo kino kiweereza gwe omusiraamu omupya nga gwe mutendera ogusooka era omukulu mu kumanya eddiini eno ey'ekitiibwa, nga ky'enkyengera ekisingayo obunene omuntu ky'afuna mu bulamu bwe bwonna, era kyanukula ebibuuzo byo bingi ebikukwatako era kikuyamba ku nsonga zonna ezikwetoolodde mu ngeri ennyangu, era bigambo ebikakafu eby'esigika okuva mu kitabo Qurani ne Hadiithi za Nabbi Muhammadi (s.a.w)

Wadde ng'ekitabo kino bulagirizi obujjuvu era nga kinyuma okusoma, na bwekityo buddiro ku kintu kyonna ky'oyinza okwetaaga mu kumanya esonga yonna gye wetaaga ku busiraamu, oba etteeka lyonna mu mateeka ga Allah mu bwangu.

Tusaba Allah Akwongera obuwanguzi n'okulunngama gy'oli, n'okunyweza omutima gwo mu kugondera Ye n'eddiini Ye, era akufuule ow'omukisa wonna w'oli.

**Omuwandiisi**





# *ENNYANJULA*



## Ebiri mu Nyanjula


**Ekyengera Ekisinga byonna**

**Ekigendererwa ky'okubeerawo kwaffe**

**Obusiraamu ddiini ya nsi yonna**

**Tewali kayungirizi wakati w'omuntu n'Omutonzi we**

**Obusiraamu y'eddiini y'obulamu**

**Yiga Amateeka g'Obusiraamu**

**Ennamula z'Obusiraamu**

**Manya ntya Ennamula z'Obusiraamu?**

**Obusiraamu Diini yawakati ey'obwenkanya**

**Obusiraamu bubuna Embeera z'obulamu bwonna**

**Ekitwaalibwa bwe butuufu bw'Obusiraamu, so ssi bikolwa by'abasiraamu abamu**

**Eby'obuwaze Ebitaano**

## > *Ekyengera Ekisinga byonna mu bulamu*

Allah yagabira omuntu ebyengera ebitalina kkomo, buli omu kuffe ebbanga lyonna yetooloddwa ebyengera bya Allah na bulungi bwe ku ffe, gamba nga okuwulira, okulaba, atenga bangi tebabirina, yatuwa amagezi, obulamu, Emmaali, amaka, kw'ogatta n'okutwanguyiza ebintu bingi nga bwe yagamba: **{Ne bwe muba nga mubaze ebyengera bya Katonda temuyinza kubimalayo}.** Surat An-nahl (18).

Naye ebyengera bino byonna biggwaako ng'obulamu bwaffe obumpi buweddewo, ne wasigalawo ekyengera kimu kyokka eky'Obusiraamu, ekyo ekireeta emirembe n'okwesiima munsi okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi eno, era ky'ekyengera ekisinga obunene Allah ky'agabira Abaddu be.

Ky'ova olaba Allah yeteekako ekyengera kino gy'ali; mu mbeera ey'ekitiibwa okusinga byonna, n'agamba: **{Olwa leero Mbajjulizza Eddiini yammwe era ne Mbajjuliza n'ekyengera Kyange, ne Mbasiimira mmwe Obusiraamu okuba Eddiini}.** Surat Al-Maaida (3).

Kyengera ki ekya Katonda ekisinga obunene ku muntu bw'amuggya mu kizikiza n'amuteeka mu kitangaala ekimulungamya mu ddiini gy'amusiimidde, asobole okutuukiriza ekigendererwa eky'amutonza eky'okumusinza ye yekka, olwo nno afune obuwabguzi ku nsi n'empeera ye ennungi ku nkomerero.



**> Obusiraamu ky'ekyengera ekisinga byonna.**

Era kyengera ki ekya Katonda ekinene era ekirungi ku ffe bw'atulonda n'atuteeka mu kibiina ekisinga obulungi eky'ajjibwaayo mu bantu okusitula ekigambo Laa ilaaha illa Allah ekyo eky'atumya Ba Nabbi bonna.

Era abantu abamu (abatamanyi nti obulungi n'ekitiibwa bya Allah) ku mulembe gwa Nabbi (s.a.w) bwe baalowooza nti baakitiibwa nnyo olw'okuba basiramuse, ne batakkiriza nti Allah y'abanguyirizza okuyingira Obusiraamu, Allah y'aboogerako n'agamba: **{Bakwenyumiririzaako (Ggwe Muhammadi) olw'okuba basiramuse (ne bagoberera eddiini yo). Bagambe nti: Temunneenyumiririzaako ku lwa busiraamu bwammwe; nedda, wabula Katonda abeenyumiririzaako olw'okubalunngamya eri obukkiriza, bwe mu ba ab'amazima (mw'ekyo kye mugamba}**. Suta Al-Hujuraat (17).

Kale nno ebyengera bya Katonda bingi, wabula ekyengera kyokka Katonda kye yatutonera, y'eddiini Busiraamu n'okunyweera ku yo mukusinza Allah.

Naye ekyengera kino kyetaaga okwebazibwa kisobole okusigalawo era kinyweere, Allah y'agamba: **{Bwe muneebaza ngyakubongera}**. Surat Ibrahim (7).

Naye abaffe ekibuuzo kiri nti, ekyengera kino kyeebazibwa kitya?

**Okuddamu kuli nti Kyeebazibwa mungeri bbiri:**

1. Okwe kwaata ku ddiini n'okuguminkiriza kwebyo ebisoomooza muyo. (laba olupapula 243)
2. Okumanyisa Obusiraamu n'okukoowoola abalala babuyingire n'amagezi n'obugumiikiriza. (laba olupapula 244)

## > *Ekigendererwa ky'okubaawo kwaffe*

Bangi mu Basomi n'abanoonyereza kunsonga ez'ejawulo basobeddwa ku ky'okuddamu ekibuuzo ekisinga obukulu mu bulamu bwaffe:

**Lwaki tuli ku nsi?**

**Kigendererwa ki eky'obulamu bwaffe?**

Qur'ani y'alaga ensonga y'okubaawo kw'omuntu mu bulamu buno mu ngeri etegeerekeka era entuufu n'egamba nti: **{Saatonda mageege n'abantu (ku nkolera kirala kyonna) okujjako ku lwa kunsinza nze},** Surat Adh-Dhaariyat (56), okusinza Allah ky'ekigendererwa ky'okubaawo kwaffe kunsi kuno, ebirala bijjuuliriza bujjuulirizi n'okugoberera.

Naye entegeera y'okusinza mu busiraamu tetegeeza kwejjako bulamu n'amasanyu gaayo, wabula ebuna esswala, okusiiba n'embeera y'omuntu yonna, okwo kw'ogatta n'emizannyo n'amasanyu ge, naddala nga ebyo abigoberezzaako niyya entuufu, na bwekityo Nabbi (s.a.w) yagamba: "Omu mummwe bwalabagana ne mukyala we (munsonga z'obufumbo) aba asaddaase" yayogerwa Muslim (1006) amakulu nti afunamu empeera.

Awonno okusinza kufuuka kutuufu era nga kye kiruubirirwa ky'obulamu, kye bayita obulamu, ye omusiraamu akyuusa wakati w'ebika by'okusinza eby'enjawulo nga Allah bwe yagamba: **{Gamba nti: Mazima esswala yange n'okusala kwange ebisolo n'obulamu bwange n'okufa kwange, (Byonna) bya Katonda Omulezi w'ebitonde}.** Surat Al-An'aam (162).

## > Obusiraamu ddiini ya nsi yonna

Eddiini y'Obusiraamu yajja nga ky'akusaasira n'okulunngamya eri abantu bonna okuva mu mbeera zaabwe ez'enjawulo, amawanga, empisa n'ebifo eby'enjawulo nga Allah bwe y'agamba: **{Tetwakutuma (Ggwe Muhammadi) okujjako nga oli ky'akusaasira eri ebitonde (byonna}.** Surat Al –Anbiyaa (107).

N'olwekyo Obusiraamu bussa ekitiibwa mu mpisa n'ennono z'abantu zonna okujjako ezo ezimenya etteeka ku mateeka g'Obusiraamu, zo zikyuuka; Kubanga Allah, eyalagira oba eyagaana, y'amanyi ekirungi ekisaanira abaddu be.

Era tutegeeza ku nnono z'abasiraamu ezimu tezirina kakwaate na busiraamu n'amateeka gabwo, era si kyatteeka ku musiraamu omupya kuzigoberera, wabula ezo nnono z'abantu na nkola zabwe ezitalina buzibu.

**Ensi yonna kifo ekisinzibwaamu Katonda:**

Obusiraamu butwaala ensi yonna ng'ekifo ekikkirizibwa okusinzizaamu Katonda, era tewali kifo ky'etongodde abasiraamu kye balina kusengukiramu okubeeramu, wabula kye tutwaala, bwe busobozi bw'okusinzizaamu Allah.

Omusiraamu talina kusenguka mu kifo kugenda mu kirala okuggyako nga bamulemesezza okusinza Allah we, olwo n'asengukira mu kifo w'asobola okusinza Katonda nga bwe yagamba: **{Abange abaddu Bange abo abakkiriza! Mazima ensi Yange ngazi (muli ba ddembe okusenguka awaba wabazibuwalidde ne musenga awalala wonna awabasobokera). Kale musinze Nze Nzekka}.** Surat Al-Ankaboot (56).



## > *Mu Busiraamu temuliimu kayungirizi wakati w'omuntu n'Omulezi we Allah*

Enzikiriza nyingi ziwa abantu abamu enkizo mu ddiini okusinga abalala, ne zikwataganya okusinza kw'abantu n'okukkiriza kwabwe olw'okusiimisa abantu abo, era abantu abo oluusi bebakayungirizi wakati wabwe ne Katonda, be basonyiwa, oluusi beefuula abamanyi ebitalabikako nga bwe boogera, ebyo bye bakola nsibuko ya kufaafaganirwa okw'amaanyi.

Obusiraamu bwe bwajja, ne busitula ekitiibwa ky'omuntu, ne buggyawo okusinza kw'omuntu okubeera n'akakwaate konna ku bantu abamu, ne bwe baba na bitiibwa bitya oba bulungi ki.

Okusinza kw'omusiraamu kuli wakati we ne Mutonzi we, tewali n'omu mu bantu ayingirawo wakati awo, Allah ali kumpi n'abantu awulira era alaba okusinza kw'omuddu n'amwanukula, tewali n'omu mu bantu alina lukusa lwa kusonyiwa balala, akaseera konna omuntu bwe yeenenyeza Omutonzi we amusonyiwa, era tewali muntu yenna alina maanyi oba buyinza mu bwengula, okujjako byonna biri mu mikono gya Allah.



> **Mu Busiraamu temuliimu kayungirizi wakati w'omuntu n'Omulezi we Allah**

Obusiraamu bw'asumululula obwongo by'omusiraamu ne bumuyita okufumiitiriza n'amagezi ge, n'okulamuza Qur'an n'ebigambo bya Nabbi (s.a.w) mu kaseera k'okwawukana; kubanga Nabbi tayogera nga aggya ku kwagala kwe, wabula bubaka obuva ewa Allah, nga Allah bwe y'agamba: **{Era tayogera nga aggya ku kwagala kwe. Wabula bubaka obuva eri Allah}**. Surat An-Najm (3-4).

Kyengera ky'Allah ki ku ffe ekisinga obunene nga eddiini eno ekkiriziganya n'obutonde mu myoyo, essa ekitiibwa ku muntu, n'emujja mu kusinza n'okugondera ebirala ebitali Allah Omutonzi, ne mufuula omwana wa boobwe.



## > Obusiraamu y'eddiini y'obulamu


Obusiraamu ddiini ekwataganya obulamu bw'ensi n'obulamu obw'oluvannyuma lw'okufa, Ensi eno nnimiro omusiraamu gy'alimamu ebirungi mu nsonga zonna ez'obulamu; akungule empeera y'ensi n'enkomerero, okutuuka ku kino omuntu alina okuba n'obumalirivu, era kino kirabikira mu bino wammanga:

### Okukulakulanya Ensi:

Allah y'agamba: **{Ye ye Yabatandikawo (n'abassa) mu nsi N'abafuula abagizimba}**. Surat Hud (6), Allah yatussa munsi eno tugisigemu ebibala n'okugizimbamu ebyo ebiyamba abantu, era kino tekikontana na busiraamu, wabula ekyo kiyamba nako okutuukiriza ekigendererwa eky'atonza omuntu, nakwo kwe kusinza Allah yekka, Nabbi (s.a.w) y'alaga nti Omusiraamu bw'aba an'atera okusimba ebirime, olunaku lw'enkomerero ne lutuuka, alina okwanguwa okubisimba bw'aba asobola, esobole okubeera saddaaka gy'ali. Hadiithi eri mu Musnad (2712).

### Okuwangaala N'abantu:

Obusiraamu bukubiriza okubeera awamu n'abantu n'okwetaba nabo mu kuzimba, ne munkulaakulana, n'okulongoosa wakati wabwe mu mpisa ez'ekika ekyawaggulu wakati mukwawukana kw'obuwangwa bwabwe n'enzikiriza zabwe, era tukimanye nti Okwekutula ku bantu n'okubesamba si kkubo ly'abalongoofu abakoowooze, na bwekityo Nabbi (s.a.w) y'afuula omuntu oyo eyeetabula n'abantu n'agumiikiriza ebyo ebimutuukako olw'ensobi zaabwe asinga oyo abavaako n'abesamba. Hadiithi yayogerwa Ibun maaja (4032).



> Obusiraamu tebulina lutalo wakati w'eddiini n'okumanya nga bw'ekiri mu madiini amalala

### Diini ya kusoma:

Tekyaali mu butanwa nti ekigambo eky'asooka okukka ku Nabbi (s.a.w) mu Qur'an kwaali kumulagira kusoma (soma) ekigambo (Soma), era Obusiraamu bwaggumiza nebuwagira emisomo gyonna egigasa abantu n'okumanya byonna ebigasa abantu, kunsonga eno Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Oyo yenna akwaata ekkubo ng'anoonya okumanya, Alllah ajja kumwanguyiza ekkubo mu makubo g'Ejjana". Yayogerwa Ibun Hiban (42)

Obusiraamu tebwamanyaako lutalo wakati w'eddiini n'okusoma nga bwe kiri mu nzikiriza endala, wabula eddiini ye yali ettaala y'okumanya n'okukuwagira kasita kubeera kulungi era okw'omugaso eri abantu.

Era Obusiraamu bwasssa ekitiibwa ku Mumanyi asomesa ebirungi era n'alunngamya, Nabbi (s.a.w) n'agamba nti ebitonde byonna bisabira Omusomesa ayigiriza abantu obulungi. Hadiithi yayogerwa Tirmith (2685).

## > *Okuyiga Amateeka g'Obusiraamu*

Omusiraamu alina okufaayo okuyiga amateeka g'obusiraamu mu mbeera zonna ez'obulamu, mu kusinza kwe, ne mu mirimu gye, ne munkolaganaaye n'abalala; asobole okusinza Allah ng'amanyi ky'akola, Nabbi (s.a.w) yagamba: 'Allah gw'ayagaliza obulungi, amufuula omukenkufu mu ddiini" Yayogerwa Bukhari ne Muslim (1037).

Era kimukakatako ye okuyiga ebimukakatako mu ddiini ye, gamba nga okuyiga esswala, okweyonja, ebintu ebikkirizibwa, ebyaagaanibwa mu by'okulya n'okunywa, era kirungi ku ye okumanya ebyo ebitali byatteeka naye nga byakubirizibwa okukolebwa mu busiraamu.



## > *Ennamula z'Obusiraamu*

Embeera z'omuntu zonna mu Shariya y'obusiraamu, ebigambo n'ebikolwa bye tebisukka nnamula zamirundi etaano:

| | |
|---|---|
| **Eky'etteeka:** | **Ky'ekyo Allah ky'eyalagira kikolebwe ng'akikola asasulwa bulungi ate akireka abonerezebwa, gamba nga okusaala esswala ttaano, okusiiba Ramadhani n'ebirala.** |
| **Eky'aziyizibwa:** | **Ky'ekyo Allah ky'eyagaana okukolebwa ng'akireka asasulwa bulungi ate akikola abonerezebwa, okugeza nga obwenzi n'okunwa omwenge n'ebirala.** |
| **Ekyagalwa:** | **Ky'ekyo Obusiraamu kye bwa kubiriza okukolebwa ng'akikola asasulwa bulungi ate akireka tabonerezebwa, ng'okujjawo obukyaafu mu kkubo.** |
| **Ekitamwa:** | **Ky'ekyo Obusiraamu kye bwa kubiriza okukireka ng'akireka asasulwa bulungi ate akikola tabonerezebwa, ng'okuzannyisa engalo mu sswala.** |
| **Ekyakkirizibwa:** | **Ky'ekyo nga okukikola n'obutakikola tekuliiko kulagira wadde okugaana, ng'obusuubuzi, okutambula safari n'okwogera n'ebirala.** |

## > Empagi z'obusiraamu ettaano:

Yagamba Nabbi (s.a.w): "Obusiraamu bw'azimbibwa ku mpagi ttaano: 1.Okukkiriza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, ne Nabbi Muhammadi mubaka wa Allah, 2. Okusaala esswala ttaano, 3.Okutoola zzakati, 4. Okukola Hijjah, 5. Okusiiba Ramadahani" Hadiithi yayogerwa Bukhari (8), ne Muslim (16).

Empagi zino ettaano gy'emisingi gy'eddiini n'empagi zaayo ennene, era tujja kuzitangaaza n'okunnyonnyola ebizikwaatako mu bugazi mu bigambo byaffe ebijja.

Ekisooka kwe ku kkiriza Allah n'okumwawula, era gwe mulyango gwaffe oguddako gwe tutuumye (Obukkiriza bwo).

Oluvannyuma tuddako esswala ettaano, era nga kwe kusinza okusinga byonna era okwekitiibwa, Nabbi (s.a.w) Yagamba: "Enkondo y'obusiraamu Sswala ttaano". Yayogerwa Tirimidh (2749).

Wabula esswala okubeera entuuka kuliko akakwakkulizo k'omusiraamu okugisaala nga mutukuvu, era bwe tunayogera ku bukkiriza, tujja kuzzaako omulamwa gwa kwetukuza oluvannyuma esswala.

1

Okukkiriza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, n'okukakasa nti Nabbi Muhammadi Mubaka wa Allah

2

Okuyimirizaawo Esswala Ettaano

3

Okutoola Zakati mu mmaali

4

Okusiiba Omwezi gwa Ramadhani

5

Okulamaga e Maka okukola Hija

| | **Empagi z'obusiraamu:** |
|---|---|
| **1** | **Okukkiriza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, n'okukakasa nti Nabbi Muhammadi Mubaka wa Allah** |
| **2** | **Okuyimirizaawo Esswala Ettaano** |
| **3** | **Okutoola Zakati mu mmaali** |
| **4** | **Okusiiba Omwezi gwa Ramadhani** |
| **5** | **Okulamaga e Maka okukola Hija** |

# > Ntegeera ntya Amateeka g'Eddiini



Omuntu yenna bw'afuna obulwadde, anoonya omusawo asinga bonna obukugu n'okumanya afune obujjanjabi obulungi gy'ali, Era tajja kutwaala ddagala lya musawo yenna okujjako omukugu mu kumanya; kubanga obulamu bwe bwa muwendo gy'ali.


Eddiini y'omuntu ky'ekyomuwendo ekisinga mu bulamu, era alina okufuba okumanya eddiini ye n'okubuuza ku by'atamanyi okuva mu bamanyi b'obusiraamu.

Okusoma ekitabo kino luta mu kkubo ettuufu, nga Allah bwe y'agamba: **{Kale mubuuze bannannyini kumanya bwe mubeera nga mmwe temumanyi}**. Surat Al-Annahl (43), kuno kw'ogatta amakubo amalala nga ebifo by'Obusiraamu n'emizikiti egikuli okumpi, era osobola okumanya ebifo byabwe n'ennamba zaabwe ng'ogenda ku Website nga:

Era ojja kukozesa emikutu gya yintaneeti egyesigika eginnyonnyola ensonga z'eddiini mu bwennyini bwazo, gamba nga:

www.newmuslimguide.com

www.guide-muslim.com



> **Omusiraamu omupya alina okunoonya ebifo by'obusiraamu ebiri okumpi afuneyo ebitabo n'emikutu egy'empuliziganya egyesigika.**

## > Obusiraamu Diini yawakati

Obusiraamu ddiini y'awakati, teriimu bulagajjavu wadde okusukka ekkomo, era kino ky'eyolekera mu bubonero bwonna obw'eddiini.

Eno y'ensonga lwaki Allah yakakasa eri Omubaka (s.a.w) ne baswahaba be, n'abakkiriza eddiini yabwe okuba eyammakkati, kino kituukirira mu mungeri bbiri:

1. Okunyweerera ku Ddiini n'okuwa ekitiibwa amateeka ga Allah mu mutima
2. Okwewala okusussa ekkomo mu ddiini n'okwewala obwonoonefu

Allah y'agamba: **{Kale lunngama nga bwe walagirwa (gwe Nabbi, ggwe) n'abo abeenenya abali awamu naawe- (abakkiriza), era temubula. Mazima Ye (Allah) Alaba ebyo bye mukola}.** Surat Hud (112).

Amakulu nti nyweerera ku mazima g'eddiini nga tosukka kkomo lyayo wadde okwongeramu ekintu.



Akaseera Nabbi (s.a.w) bwe yali asomesa Emikolo gya Hijjah, yabeewaza okwongera mu ddiini n'agamba: "Mbeewaza okwongera mu ddiini; kubanga ekyo ky'azikiriza emirembe egy'abasookawo". Yayogerwa Ibun Majah (3029).

Nabwekityo Nabbi (s.a.w) yagamba: "Mukole ebyo bye musobolamu mirimu gy'Eddiini". Yayogerwa Bukhari (1100).

Esonga eno era Nabbi (s.a.w) yagittaanya bulungi n'agamba: "Allah teyantuma kuba mugumu eri bantu, wadde okulondoola ensobi zaabwe, kyokka yantuma kuba musomesa ayanguyiriza". Yayogerwa Muslimu (1478).

# > *Obusiraamu bubuna Embeera z'obulamu bwonna*



Obusiraamu si Ddiini ya mwoyo gwokka gamba nga abasiraamu kye bakola mu mizikiti nga basaala kyokka..

Era si ndowooza na nzikiriza zokka abagoberezi baayo ze bakkiririzaamu kyokka..

Era si nkola ya byanfuna yokka enzijuvu..

Era si mateeka na ndowooza zokka ezizimba abantu n'ensi.

Era si mugando gwa mpisa zokka mu kukolagana n'abalala kyokka..

Wabula obusiraamu nkola na mbeera ekwataganya ku bintu byonna eby'obulamu.

Allah yajjuliza ku basiraamu ekyengera kino era n'atusiimira eddiini enzijuvu: **{Olwa leero mbajjuliza Eddiini n'enkyengera kyange ne mbasiimira mmwe Obusiramu okuba Eddiini}.** Surat Al-Maida (3).

Omu ku Bashiriku bwe yabuuza Swahaba Salmani Alfarisi mu mbeera ey'okujereegerera nti: Mazima munnamwe (Nabbi S.a.w) abayigiriza buli kimu n'empisa z'emmanju ez'okumala ekyetaago!? Swahaba n'amuddamu nti ye, yabituyigiriza byonna, oluvannyuma namuyigiriza Obusiraamu n'empisa zabwo. Yayogerwa Muslim (262).



> **Obusiraamu nkola nzijuvu ebuna embeera z'onna ez'obulamu**

## > *Ekitwaalibwa ku ddiini bwe butuufu na bwennyini bw'Obusiraamu, so ssi bikolwa bya abasiraamu abamu*

Singa osanga omusawo ng'akola emize egy'obulabe ku bulamu, oba omusomesa alina empisa embi; Okwewunya kwo n'obutakkiriza nkola ye ekontana n'okumanya kwe, tojja kukyuusa ndaba ntuufu ku bya ssaayansi w'obusawo eri abantu oba obukulu bw'ebyenjigiriza eri abantu:

Era ojja kulaba nti omusawo oba omusomesa oyo si kirala wabula kyakulabirako kibi atakiikirira basigadde abalungi, abakola emirimu gyabwe n'obukugu.

Na bwekityo singa tusanga ebikolwa ebibi eby'abasiraamu abamu, Kino tekiraga bwennyini bwa Busiraamu bulongoofu, wabula ky'olesa bunafu bwa muntu nga ye obutalina kakwaate na busiraamu, nga emize emibi gy'omusawo oba omusomesa oyo bwe gitateekebwa ku busawo na busomesa.



## > Eby'obuwaze Ebitaano Ebikulu

Bino bye bintu ebikulu omuntu by'alina okuba nabyo okusobola okubeera n'obulamu obw'ekitiibwa, Era Ba Nabbi bonna bajja ne ssemateeka ow'okukuuma ebintu bino n'okuziyiza buli kyonna ekibikosa.

N'obusiraamu bwajja okubikuuma: omusiraamu asobole okubeera mu nsi mu mirembe n'obutebenkevu, ng'akolera ensi eno n'enkomerero.

Abantu abasiraamu bawangaale nga kibiina kimu ekyekutte awamu, okufaananako omubiri ogumu, ekitundu ekimu bwe kikosebwa, omubiri gwonna gukosebwa, kino kituukirira na bintu bibiri.



**> Allah yalagira okukuuma obulamu bw'omuntu mumbeera zonna ne bwekiba nga kyetaagisa kwebagala ekimu kwebyo ebyaziyizibwa.**

1. Okubiyimirizaawo n'Okubirabirira.
2. Okubikuuma obutakosebwa.

### 1 Eddiini:

Y'ensonga enkulu Katonda lwaki yatonda abantu, n'atuma n'ababaka, nga Allah bw'eyagamba: **{Era mazima Twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti Musinze Katonda, mwekeke (okusinza) eby'obulimba}**. Surat An- Nahl (16:36).

Obusiraamu bw'akuuma nnyo Eddiini okuva ku buli kimu ekigikosa n'okukosa obulongoofu bwayo, gamba ng'okusamira wamu n'okwonoona munsi.

## 2 Omubiri:

Katonda yalagira okukuuma omwoyo gw'omuntu ne bwe kiba nga okugukuuma kyetaagisa kwebagala ekyaziyizibwa, wabula mu mbeera ey'obuwaze, gusonyiyibwa nga Allah bw'eyagamba: **{N'omuntu aba atuuse ku buzibu (Bw'enjala), nga ssi mwonoonyi era nga tasusse mateeka, talina kibi okulya (kw'ebyo, ekigero ekikuuma obulamu bwe). Mazima Katonda Musonyiyi, Musaasizi}.** Surat Al-Bakara (173).




Nagaana okutta omwoyo n'okugutuusaako obulabe, Allah y'agamba: **{Era temwesuulanga mu kuzikirira}.** Surat Al-Bakara (195).

Nassaawo ebibonerezo ebiremesa abantu okukosa abalala, awatali kutunuulira ddiini yaabwe, nagamba: **{Abange mmwe abakkiriza! Kwalaalikwa ku mmwe okuwoolera eggwanga mu kutta omuntu}.** Surat Al-Bakara (178).

## 3 Amagezi:

Era obusiraamu bw'aziyiza buli kintu ekikosa amagezi n'okutegeera; kubanga amagezi gali mu byengera ebya maanyi gye tuli, mu go mwe muli omusingi gw'ekitiibwa ky'omuntu n'okwawula kwe, era ku go omuntu avunaanibwa kunkozesa yago kunsi ne ku lunaku lw'enkomerero ajja kubuuzibwa butya bwe yagakozesa.

Ky'ova olaba Allah yagaana omwenge n'ebitamiiza byonna n'abiteeka mu bikyaafu ebya sitaani n'agamba: **{Abange mmwe abakkiriza! Mazima omwenge ne zzaala, n'amasanamu (ebifaananyi) n'obusaale (obulagula n'ebirala ng'ebyo), byenyinyalwa bya mu mirimu gya sitaane. Mubyewale oba olyawo ne mwesiima}.** Surat Al-Maaida (90).

## 4 Endyo n'ebika:

Ebimu ku biraga nti Obusiraamu bwassa essira mu kukuuma endyo z'amaka g'abantu, by'eyolekera mu mateeka agawerako omuli:

- Obusiraamu bw'akubiriza okuwasa, n'okukwanguyiriza n'obutakaluubiriza bazze kuwasa, n'agamba: **{Muwase (abakazi) ab'obusa mu mmwe}.** Surat An-Noor (32).

- Obusiraamu bw'agaana enkolagana zonna ez'ebibi era bw'aziba amakubo gonna agatuusa kubyo, Allah y'agamba: **{Era temusembereranga bwenzi. Mazima bwo kyali kibi okuva ddi na ddi era ly'ekkubo erisinga obubi}.** Surat Al-Israa (32).

- Bw'agaana okutemerera abantu ku ndyo zabwe n'ekitiibwa kyabwe, n'okubawaayiriza ku kyebatakoze, era ne bukiteeka kino mu mazambi amanene, ne bulagaanyisa ekibonerezo ekinene kunsi ne ku nkomerero ku muntu akikola.

- Obusiraamu bw'alagira okukuuma ekitiibwa ky'omusajja n'omukazi, era yenna afa ng'ataasa ekitiibwa kye ne ky'abantu be, aba afudde nga mujulizi mu kkubo lya Allah. (laba olupapula 200)

**5 Emmaali:**


Obusiraamu bw'alagira okukuuma Emmaali n'okufuba okukola ssente, era bw'akkiriza okusuubulagana wakati wa bantu.

Mu mbeera ey'okukuuma emmaali, bw'agaana abantu okulya Ribah, okubba, obukumpanya n'okulya emmaali y'abantu mu bulyazamaanya, era bw'alaganyisa ebibonerezo ebikambwe kw'oyo abikola. (laba olupapula 170)




> Okukuuma ekitiibwa n'endyo z'abantu kimu kubigendererwa bya Sharia ebikulu.

ENNYANJULA



# *OBUKKIRIZA BWO*



# 1

Obubaka bwa Ba Nabbi bwonna eri abantu baabwe bwakkaanya ku kusinza Katonda omu yekka n'okuwakanya byonna ebisinzibwa ebitali Allah, obwonno bwe bwennyini bw'ekigambo (La ilaaha illa llah Muhammada Rasulu llah), era kye kigambo ekiyingiza omuntu mu busiraamu.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Shahada Ebbiri: Amakulu gazo n'ebigenderako**

- Lwaki Tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah yekka (La ilaah illa Allah)?
- La ilaah illa llah kitegeeza ki
- Empagi za La ilaaha illa llah

**Shahada y'okukkiriza nti mazima ddala Muhammadi Mubaka wa Allah:**

- Okutegeera Nabbi ebyengera n'emirembe bibeere ku ye
- Amakulu g'okukakasa nti Muhammadi Mubaka wa Allah

**Empagi z'Obukkiriza omukaaga.**

**Okuzinza kye ki?**

**Shirki**

**Okukkiriza amannya ga Allah n'ebitendo bye**

**Okukkiriza ba Malayika**

**Okukkiriza Ebitabo**


**Okukkiriza Ababaka**

**Okukkiriza Olunaku lw'enkomerero**

**Okukkiriza okugera kwa Allah**

# > Shahada Ebbiri n'ebigenderako

*Nkakasa nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, era Nkakasa nti Nabbi Muhammadi Mubaka wa Allah*



## Lwaki ddala La ilaaha illa llah oba lwaki (Tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah)?

- Kubanga ky'ekyetteeka ekisooka ku musiraamu, kale oyo ayagala okuyingira Obusiraamu alina okukikkiriza n'okukyatula.

- Kubanga oyo akyogera n'obukakafu mu kyo ku lwa Katonda we, kijja kuba nsonga ey'okuwona omuliro ne Geyeena, nga Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Mazima Allah yaziyiza omuliro ku muntu ayogera (La ilaaha illa llah) nga ky'anoonya Allah kumusiima". Yayogerwa Bukhari (415).

- Kubanga yenna alifiira ku kigambo kino ng'akikkiririzaamu w'akuyingira Jjanah, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Yenna alifa ng'akakasa Laa ilaaha illa Allah, wakuyingira Jjanah. Yayogerwa Imaam Ahmad (464).

- N'olwekyo, obw'etteeka bw'okumanya (La ilaaha illa Allh) bwe businga eby'etteeka byonna obukulu.

## La ilaah illa Allah kitegeeza ki

Tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, kigaana ebisinzibwa byonna mu bukyaamu, n'okukakasaawo Asinzibwa mu mazima Omu yekka tagattibwaako kirala.

N'ekigambo "ilaahu" kitegeeza ekisinzibwa kyonna, yenna asinza kyonna n'akikoowoola, aba akifudde "ilaaha" nga aleseewo Allah we asinzibwa mu butuufu, byonna ebisinzibwa ebitali Allah bisinzibwa mu bukyaamu okujjako Omusinzibwa Omu yekka (Yasinzibwa mu mazima) nga ye Mulezi waffe Allah, era Omutonzi wa buli kimu- yayawukana kwebyo byonna ebimugattibwaako.

Yekka Allah y'asinzibwa mu butuufu ebirala byonna bikyaamu, emitima gyaffe gimusinza n'okwagala n'okugulumiza okunene, gimutya, gimwesigamirako ne gimusaba, tewali kisabibwa okujjako Allah, tetusala kisolo okujjako kululwe, amakulu essaala zonna tuzizza gyaali nga bwe y'agamba: **{Era tebaalagirwa kintu kirala kyonna (kukisinza) okujjako basinze Allah nga batukuza Eddiini ku lulwe}**. Surat Al-Bayyina (5).

Yenna asinza Allah mu butuufu bw'okumusinza, ng'atuukiriza amakulu ga La ilaaha illallah, ajja kufuna obulamu obulungi obw'essanyu, Allah y'agamba: **{Yenna akola obulungi, k'abe musajja oba mukazi, nga mukkiriza, Tugenda kumulamusa obulamu obulungi}**. Surat An-Nah (97).

## Empagi za La ilaaha illallah:

Ekigambo kino kirina Empagi bbiri, nga zatteeka okuzimanya n'okukolera ku makulu gazo:

1

**Empagi Esooka:** Laa ilaaha, empagi eno egaana era n'ejjawo ebisinzibwa ebikyaamu, k'abe muntu, oba nsolo, oba kibumbe, oba munnyeenye n'ebirala.

2

**Empagi Eyokubiri:** illa Allah, Ekakasaawo okusinzibwa okutuufu nga kwa Allah Omu, n'okumwawula mu nsinza zonna, gamba nga Esswala, okusaba n'ebirala.

Emiteeko gy'okusinza gyonna gikolebwa ku lwa Allah, yenna asinza oba n'asaba emikisa ekirala kyonna aba si musiraamu ne bwe y'eyita omusiraamu.

Nga Allah bwe y'agamba: **{N'omuntu asaba nga agasse awamu ne Allah ekirala kyonna ky'atalinaako bujulizi (nti nakyo kisinzibwa oba kisabibwa), mazima okubalibwa kwe kuli eri Mutonzi we. Ddala kyo kiri nti tebalyesiima abakafiiri}**. Surat Al-Muminoon (117).


Amakulu ga (La ilaaha illa Allah) ne mpagi zaayo byajja mu ayati ya Allah egamba: **{Yenna awakanya ebisinzibwa ebikyaamu n'akkiriza Allah (n'amwawula mu kusinzibwa kwe n'atamugattako bisinzibwa birala), mazima aba yeekutte ku nngango enngumu etalina kukutuka}.** Surat Al-Bakara (256).

Bwe tugamba "Yenna awakanya ebisinzibwa ebikyaamu": ge makulu g'empagi esooka (La ilaaha illa Allah), ate bwe tugamba (n'akkiriza Allah) ge makulu g'empagi eyokubiri ( illa Allah).

# > Okukakasa nti Nabbi (s.a.w) Mubaka wa Allah


## Okumanya Nabbi (s.a.w)

### 1 Okuzaalibwakwe



Yazaalibwa mu kibuga Makkah mu mwaka gwa 570, okuva ku mazaalibwa ga Nabbi Issa nga mulekwa, yafiirwa nnyina ku myaka emito, oluvannyuma yakuzibwa Jajjaawe Abdul Mutwalibi ne Kitaawe omuto Abu twalibu.

### 2 Obulamu bwe n'engeri gye yakuzibwamu



Yawangaalira mu kika kye ekya Ba Quraish okumala emyaka amakumi ana (40) nga tannafuuka Nabbi, mu kiseera ekyo yali kyakulabirako mu mpisa, okutuusa bwe yamanyikibwa okuba ow'amazima omwesimbu, era yakolako ku bulunzi n'obusuubuzi. Nga Obusiraamu tebunnabaawo, Omubaka wa Allah yali asinza Allah mu ddiini ya Nabbi Ibrahiimu n'agaana okusinza ebibumbe n'enkola z'okweraguza.


**Amanya ga Nabbi waffe:**

Ye Muhammadi mutabani wa Abdallah mutabani wa Abdul Mutwalibu mutabani wa Hashimu Omuquraishi.
Era nga Aba Quraishi lwe lulyo oba ekika kya bawarabu okisinga ekitiibwa, ebyengera n'emirembe bibeere ku ye.

**Mubaka wa Allah eri abantu bonna:**

Allah yatuma Nabbi waffe Muhammadi (s.a.w) eri abantu bonna okuva mu mawanga gonna, n'abalagira bonna okumugondera, Allah y'agamba: **{Gamba (Ggwe Muhammadi) nti: Abange mmwe abantu! Mazima nze ndi mubaka wa Katonda ntumiddwa gye muli mwenna}.** Surat A- a'raaf (156).

### 3 Okutumibwa kwe



Oluvannyuma lwa Nabbi (s.a.w) okuweza emyaka ana egy'obulamu bwe ng'asinza Allah mu mpuku ya Ghaari Hira ku Jabal Al-Nuru (ezimu ku nsozi eziri okumpi ne Makkah), obubaka bw'amujjira okuva eri Katonda we, era eky'asooka okumukkako kyaali kigambo (soma mu linnya ly'Omulezi wo); okulaga nti okusoma kukulu nnyo, oluvanyuma obubaka obulala bw'amukkako okumala ebbanga lya myaka 23.

### 4 Entandikwa y'okukoowoola kwe

Nabbi (s.a.w) yatandika okukoowoola abantu okusiramuka mu kyaama okumala emyaka esatu (3), oluvannyuma okukoowoola okwo yakufulumya mu lujjudde okumala emyaka kkumi, wano nno Nabbi yafuna okuyigganyizibwa yye n'abagoberezi be okuva mu b'ekika kye ekyaba Quraishi, bwatyo yasalawo okukoowoola ebika ebirala ebyajjanga okukola Hija, era wano ebimu ku bika eby'e Madiinah byakkiriza nebiyingira obusiraamu.

**Yassibwaako Qurani:**

Allah yassa ku Nabbi (s.a.w) Ekitabo ekisinga ekitiibwa Qur'an ekitaliimu wadde obulimba.

**Ye w'enkomerero mu ba Nabbi n'Ababaka:**

Allah yatuma Muhammadi (s.a.w) nga ye w'enkomerero mu ba Nabbi bonna, tewali Nabbi alijja oluvannyuma lw'okujja kwe nga Allah bw'eyagamba: **{Naye ye mubaka wa Allah era ye w'enkomerero mu Ba Nabbi}**. Surat Al-Ahzaab (40).




## 5 Okusenguka okudda e Madiinah

Yasenguka okugenda e Madiinah eyali emanyiddwa nga Yathrib mukiseera ekyo mu mwaka gwa (622) nga alina emyaaka 53 oluvannyuma lw'okuyigganyizibwa Aba Qurayishi mwabo ab'awakanya okukoowoola kwe n'okutuusa okwagala okumutta, Yabeera eyo okumala emyaka kkumi, ng'akoowoola abantu okuyingira n'okunyweerera ku busiraamu, era n'assibwaako ekiragiro ky'okusaala, okuwa zakat, n'amateeka g'Obusiraamu amalala.




## 6 Okubunyisa kwe Obusiraamu:

Omubaka wa Allah yatandikawo omusingi gw'enkulakulana y'Obusiraamu mu Madinah oluvannyuma lw'okusengayo (622-632), era yateekawo ebintu ebikulu mu basiraamu, n'aggyawo obusosoze bw'ebika n'amawanga, n'abunyisa okumanya n'obwasseruganda mu basiraamu, abantu bangi baagezaako okulwanyisa obusiraamu ne wagwaawo n'entalo ez'enjawulo, okutuusa Allah bw'eyataasa Eddiini ye n'omubaka we, olwo enkuyanja y'abantu ne yingira obusiraamu okuva mu bika n'amawanga ag'enjawulo nga beeyagalidde okuyingira Eddiini eno ey'ekitiibwa.



## 7 Okufa kwe:

Mu mwezi ogwokubiri, omwaaka 11 okuva ku kusenguka kwa Nabbi (s.a.w), oluvanyuma lw'okusomesa Obusiraamu bulungi mu bwesige, Eddiini n'ejjula bulungi, Nabbi Muhammadi yafuna omusujja omungi, obulwadde bwamuzitoowerera n'afa olunaku lwabbalaza, omwezi ogw'okusatu, omwaka 11 ku mbala y'obusiraamu, ng'awezezza emyaka 63, n'aziikibwa mu nnyumba ya mukyala we Aisha okumpi n'omuzikiti gwe Madiinah.

## Amakulu g'okukkiriza nti Muhammadi Mubaka wa Allah:

Okukkiriza obubaka bwe, n'okugoberera ebiragiro bye, n'okwewala ebyo by'eyagaana, n'okusinza Allah okusinziira ku ebyo Omubaka wa Allah bye yatuyigiriza.

### Biki ebiyingira mu ku kkiriza kwange nti Muhammadi Mubaka wa Allah?

1 Okukakasa obubaka Nabbi (s.a.w) bwe yatujjira nabwo nti bwa mazima mu mbeera zona omuli:

- Ebitalabikako ebyekweese, olunaku lw'enkomerero, Ejjana n'ebyengera byayo, omuliro n'ebibonerezo byagwo.
- Ebiribaaawo ku lunaku lw'enkomerero, n'ebiribeerawo mu biseera ebisembayo mu bulamu bwensi eno.
- Amawulire agakwaata ku mirembe egy'asooka n'egirisembayo wamu n'ebyo ebikwaata ku ba Nabbi ab'asooka n'emirembe gyabwe.

2 Okuteeka munkola ebiragiro bye n'okwewala bye yagaana era bino bibuna:

- Okuteeka munkola byonna by'eyalagira Nabbi (s.a.w) nga tukkiriza nti ebigambo bye bubaka okuva ewa Allah nga Allah bwe y'agamba: **{Omuntu bw'agondera Omubaka aba agondedde Alla}.** Surat An-Nisaa (80).
- Okwewala byonna by'eyaziyiza mu mpisa embi zonna, nga tukakasa nti teby'agaanibwa okujjako olw'ebigendererwa Allah bye yayagala n'olwemigaso gye tufunamu waddenga tuyinza obutagiraba oluusi.



> kyatteeka ku Musiraamu okukkiriza byonna ebyakakasibwa okuva ku Nabbi (s.a.w).

- Era tukakasa nti okuteeka munkola ebiragiro bye n'okwewala by'eyagaana, tulina obulungi bunene n'okwesiima okudda gye tuli kunsi ne kunkomerero nga Allah bw'eyagamba: **{Era mugondere Katonda n'omubaka We oba olyawo ne musaasirwa}**. Surat Al-i-mraan (132).

- Enzikiriza yaffe eri nti oyo yenna amenya ekiragiro kya Nabbi (s.a.w) agwanidde ekibonerezo ekiruma nga Allah bw'eyagamba: **{Era bateekwa beekeke abo abaawukana ku kiragiro kye okubatuukako ekikemo oba ebibonyobonyo ebiruma}**. Surat An-Noor (63).

## 3 Obutasinza Allah okujjako kw'ebyo byokka by'eyatulagira Nabbi (s.a.w), era kino kibuna ebintu bye tulina okutunuulira:

- Okumugoberera: Okumugoberera mu buli kimu, ebikolwa bye, ebigambo bye, bino byonna kyakulabirako mu mbeera z'obulamu bwaffe zonna, Allah y'agamba: **{Gamba (Abantu, Ggwe Muhammadi) nti: Bwe muba mwagala Allah, mungoberere; olwo Allah abaagale era abasonyiwe ebibi byammwe. Ne Allah Musonyiyi, Musaasizi}.** Surat Al-Imraan (31).

- Obusiraamu bwonnna: Nabbi (s.a.w) yatuusa eri abantu Eddiini yonna nga Allah bw'eyamulagira nga tewali kyakendezezzaamu, na bwe kityo tewali n'omu akkirizibwa kuzuula mu ddiini kusinza kwonna Nabbi (s.a.w) kw'atasomesa.

- Ennamula n'amateeka gonna agajja mu Quran ne Sunnahza Nabbi bituukana na buli mulembe ne mubuli kifo kyonna: Kino kitegeeza nti tewali muntu yenna amanyi birungi by'abantu okusinga Oyo eya batonda era eya batandikawo okuva mu butabeerawo.



- Okukwatagana ne Sunnah: Okusinza kwonna kulina kuba nga Nabbi (s.a.w) bwe yakusomesa, Allah y'agamba: **{N'omuntu asuubira okusisinkana Omulezi we, ateekwa akole emirimu emirongoofu (nga bwe gy'asomesebwa), era tagattanga mu kusinza Mukama we ekintu kyonna}.** Surat Al Kahfi (110).

- Okuwera okuzuula mu ddiini: Yenna agunja mu ddiini okusinza kwonna nga Nabbi (s.a.w) teyakusomesa, aba amenye ekiragiro kye nga Allah bw'agamba: **{Era bateekwa beekeke abo abaawukana ku kiragiro kye okubatuukako ekikemo oba ebibonyobonyo ebiruma}**. Surat An-Noor (63), ate n'agamba Nabbi (s.a.w) "Yenna azuula mu ddiini okusinza kwonna ng'obusiraamu tebwa kusomesa, kumuddizibwa" Yayogerwa Bukhari (2550), Muslim (1718).




Obusiraamu bwe bugaana okuzuula mu ddiini omulimu gwonna; buba bukuuma eddiini obutakyuusibwakyuusibwa, n'obutayingira ndowooza z'abantu n'okwagala kwabwe, ekyonno omuntu kimuyamba okutebenkera mukuyiiya n'okuzuula ebyama ebikusike munsi n'obutonde bwayo mu mbeera z'obulamu bwonna.

## Amakulu g'okukkiriza Allah

Kwe kukkiriza n'okukakasa okuva kuntobo y'omutima nti Katonda gyaali, Ye mulezi webitonde byonna, yasinzibwa mu butuufu, era alina amanya n'ebitendo ebirungi.

Katwogere ku bintu ebyo ebina mu bugazi:

### 1 Okukkiriza nti Katonda Gyaali

### Allah yakifuula nga kya butonde:

Okukkiriza nti Katonda Gyaali kya mu butonde bw'amuntu, tekyetaagisa nyo bwino na bujulizi, eno y'ensonga lwaki abantu abasinga obungi bakkiriza nti Katonda gyaali wadde nga balina eddiini n'enzikiriza zabwe ez'enjawulo.

Era ffe tukkiriza okuva kuntobo y'emitima gyaffe nti gyaali, tudda gyaali mu bizibu byaffe eby'enjawulo, nga tukkiririza mu bubumbwa bwaffe Allah bwe y'ateeka mu buli muntu, Wadde ng'abantu abamu abatono ennyo bakiwakanya kino.

Era tulaba abantu Katonda baayanukula nga bamusabye, esonga eraga nti gyaali.



Omuntu yennyini kimu ku bukakafu obusinga obukulu obulaga nti Allah gyaali eri afumiitiriza n'alaba; kubanga Katonda yamuwa ekyengera ky'amagezi n'ebiyungo ku mubiri gwe ebijjuvu, Allah y'agamba: **{Ne mu nsi mulimu obubonero obulaga obuyinza bwa Allah eri abategeevu. Ne mu mmwe bennyini (obubonero obwo mwebuli abaffe temulaba?}.** Surat Adh-Dhaariyat (20-21).

### Obujulizi obulaga nti Katonda gyaali bweyolefu bulungi, omuli:

- Kimanyiddwa bulungi eri buli muntu nti buli kiriwo, kirina eyakissaawo, ne bino ebitonde bye tulaba buli kaseera birina Omutonzi eyabitonda n'abissaawo, era ye Allah; kubanga tekisoboka kubaawo okujjako nga kirina Omutonzi eyakitonda, nga bwe kitasoboka kuba nga ky'ekyessaawo, nga Allah bw'eyagamba: {Oba baatondwa awatali kintu (awatali yabatonda), oba bo be baatonda (ebitonde nabo ne beetonda?}. Surat At-Tur (3) ne kikakasibwa nti balina Omutonzi waabwe nga ye Allah.

- Enteekateeka y'ensi eno n'ebigirimu omuli eggulu, emmunyeenye, n'emiti, n'ebirala kiraga ddala nti ensi eno erina eyagiteekawo nga ye Allah, okwo kwe kukola kwa Katonda eyanyweeza buli kimu.

Ekyokulabirako: Emmunyeenye zino ezitambulira ku nteekateeka Ennyweevu etalina kamogo, era buli mmunyeenye etambulira mu kkubo erigereke.

Allah atugamba: **{Enjuba terina kigisobozesa kusisinkana mwezi, wadde ekiro tekisobola kukulembera (budde) misana. Buli kimu kiwugira mu mutembo (gwakyo ogwakigerekerwa)}.** Surat Yaseen (40).

## 2 Okukkiriza nti Allah ye Mulezi waffe:

### Amakulu g'okukkiriza Obulezi bwa Allah:

Kwe kukkiriza okuva kuntobo y'omutima nti Allah ye Mulezi wa buli kintu, y'akirinako obuyinza, ye y'akitonda, y'akigabirira, y'akiwa obulamu, era yakitta, yakitusaako ekirungi oba ekibi, amakulu embeera zakyo zonna ziri mu mikono gya Allah.

N'olwekyo kwe kwawula Allah mu bikolwa bye ng'omusiraamu akkiriza:



Mazima Allah ye Mutonzi wa buli kintu, tewali Mutonzi mulala okujjako ye, nga bw'eyagamba Allah: **{Alla ye Mutonzi wabuli kintu}**. Surat Az-Zumar (62).

Wabula omuntu bw'akola oba n'abumba ekintu kyonna, kuba kukyuusa kintu okuva mu ngeri okudda mungeri endala, oba kukuŋŋaanya n'okugatta, tekuba kutondawo kintu ekitabaddeewo.

Era Allah ye Mugabirizi w'ebitonde byonna, tewali kirala kitali ye, nga bw'eyagamba: **{Tewali (na kimu) mu bitonde byonna ebitambula mu nsi okujjako kuli ku Katonda okubigabira}.** Surat Huud (6).

Era Mufuzi wa buli kintu, tewali mulala okujjako ye, nga bw'eyagamba: **{Bwa Katonda Obufuzi bw'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri mu zo}.** Surat Al-Maaida (120).

Era ye Mulabirizi wa buli kimu, tewali mulala okujjako ye nga bw'eyagamba: **{Alabirira ebigambo byonna okuva waggulu okutuusa ku nsi}.** Surat As Sajda (5).

Wabula obulabirizi bw'omuntu eri abantu abalala bwo bukendeevu, era buli wansi wa bulabirizi bwa Katonda, busobola okutuukirira oba obutatuukirira okusinziira ku kusalawo Katonda nga bw'eyagamba: **{Abange kukwe yekka okutonda n'okulabirira, yatukula Katonda Omulezi w'ebitonde}.** Surat Al-A'raaf (54).



**{Tewali (na kimu) mu bitonde byonna ebitambula mu nsi okujjako kuli ku Katonda okubigabira}** Surat Huud (11:6).

### Abawalabu abashiriku mu kiseera kya Nabbi (s.a.w) baali bakkiririza mu bulezi bwa Katonda:

Era abataali basiraamu ku mulembe gwa Nabbi (s.a.w) baali bakkiririza mu bulezi bwa Katonda n'obufuzi bwe, naye kino tekyabafuula basiraamu, nga Allah bw'eyagamba: **{Singa obadde obabuzizza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi? Mazima bagambira ddala nti: Katonda Omutonzi}.** Surat Luqman (25).

Kubanga yenna akkiririza mu bulezi bwa Katonda, kimukakatako okumusinza n'okumukoowoola mu bizibu bye byonna nga tasaba kirala kyonna.

Kijja kitya omuntu okukkiririza mu bwakatonda n'obulezi bwe, oluvannyuma omuntu oyo n'asaba emikisa eri ekitonde ekirala, buno bulyazamaanya bwakika kyawaggulu, kunsonga eno Luqmani y'agamba mutabani we nga amulunngamya: **{Owange Mutabani wange! Togattanga ku Katonda ekintu ekirala ng'omusinza. Mazima okugatta ku Katonda ekintu ekirala bwe bulyazaamaanyi obunene}.** Surat Luqman (13).

Nabbi (s.a.w) bw'eyabuuzibwa ku kyonoono ekisinga obunene, yaddamu n'agamba: "Kwe kugatta ku Allah ekintu ekirala kyokka nga ye Mutonzi wo" Yayogerwa Bukhari (4207), Muslim (86).

### Okukkiriza obulezi bwa Katonda kutebenkeza emitima:

Omuntu bw'amanya nti tasobola kusukka kw'ekyo Allah ky'eyamugerera, kubanga ye Mufuzi we era ye Mutonzi we, amukola ky'aba ayagadde okusinziira ku bigendererwa bye ebirungi, ebitonde ebisigadde byaavu era bidda gyaali okumusaba, Kino kissa mu mutima gwe okwenyweeza ku Katonda n'okumusaba ye yekka mu mbeera z'obulamu zonna, era omuntu ono tajja kudda wa kintu kirala kyonna kukisaba mukisa oba okujjawo ebizibu bye ebyenjawulo nga abamu bwe bakola.



> Okukkiriza obulezi bwa Katonda kutebenkeza emitima

## 2 Okukkiriza nti Allah ye Mutuufu okusinzibwa

### Okukkiriza okusinzibwa kwa Allah kyekki?:

Kwe kukkiriza okuva ku ntobo y'omutima nti Allah yekka y'asinzibwa mu butuufu, nga tumwawula mu nsinza zonna, gamba nga okusaba, okusiiba n'ebirala, omuntu takkirizibwa kusaba na kukoowoola kufuna buyambi okujjako Allah, nga Allah bw'eyagamba: **{Omusinzibwa wa mmwe omutuufu ali omu, tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako ye, ye Musaasizi ow'ekisa ekingi}.** Surat Al- Baqara (163).

Wano yatutegeeza Allah nti asinzibwa mu butuufu ye Ye yekka, tekikkirizibwa kusinza kirala kyonna okujjako ye.

### Obukulu bw'okukkiriza okusinzibwa kwa Allah:

Obukulu bw'okukkiriza okusinzibwa kwa Allah bulabikira mu bintu bingi:

1. Mazima kye kigendererwa lwaki abantu n'amaginni byatondebwa, tebyatondebwa okujjako kusinza na kusaba Allah yekka, Allah y'agamba: **{Saatonda maginni n'abantu okujjako lwa kunsinza nze}.** Surat Adh-Dhaariyat (56).


2. Y'ensonga lwaki Ba Nabbi baatumwa n'ebitabo ne bibakkako okuva mu ggulu, Allah y'agamba: **{Era mazima Twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti Musinze Katonda, mwekeke (okusinza) eby'obulimba}**. Surat An-Nahl (36).

3. Ky'ekyetteeka ekisooka okusomesebwa omuntu, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyalagira Muadhi bun Jabali okugamba abantu be Yamani: "Mazima ogenda kusisinkana bannanyini kitabo, naye ky'osooka okubagamba, bakkirizi ekigambao Laa ilaaha illa llah" Yayogerwa Bukhari (1389), Muslim (19).

Amakulu bakoowoole bakkirize nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah.

4. Okwawula Allah mu kumusinza ge makulu ga Laa ilaaha illa llah, ilaah kitegeeza ekisinzibwa kyonna, tewali kisinzibwa wadde ekisabibwa mu butuufuo= okujjako Ye, era tetuddira kusinza kwonna ne tukukolera ekitali Ye.

5. Okwawula Allah mu kumusinza by'ebibala ebiva mu kumusinza nti Allah ye Mutonzi Omufuzi, era Omugoba w'ensonga zonna.



> Okwawula Allah mu kumusinza ge makulu amatuufu aga Laa ilaah illa llah

## > Okusinza kye ki?

**Okusinza:** linnya eribuna buli kimu Allah ky'ayagala era nga Akisiima mu bigambo n'ebikolwa bye, ebyeeyolefu ng'okusaala, n'ebyoomunda ng'okwagala Allah n'omubaka we, n'ebirala.

### Okusinza mumbeera z'obulamu zonna:

Okusinza kuyingiramu ebikolwa by'omusiraamu byonna, bwaba agenderedde Allah ku musiima, okusinza tekukoma ku mirimu gya busiraamu nga esswala, okusiiba n'ebirala, wabula emirimu gy'omusiraamu gyonna emirungi kuba kusinza bw'agenderera Allah amusiime, omusiraamu bw'alya n'anywa, oba ne yeebaka n'ekigendererwa ky'okufuna amaanyi mu kusinza Allah, ekyo nno kuba kusinza era akifunamu empeera, n'ebirala bingi tetusobola kubimalayo.



> **Emirimu gyonna egirina okumalirira okulungi, kuba kusinza era Allah asasula nannyini gyo empeera ennungi**

### Okusinza ky'ekigendererwa lwaki twatondebwa:

Allah y'agamba: **{Saatonda majinni n'abantu okujjako ku lwa kunsinza. Saagala kuva mu bo kungabira, era saagala nti bandiise. Mazima Allah Ye ye Mugabi Ow'amaanyi}.** Surat Adh-Dhaariyat (56-59).

Allah n'atutegeezaa nti ekigendererwa ky'okutonda amajinni n'abantu kusinza ye yekka, era Allah Mugagga nnyo, abantu be beetaavu gyaali okumusinza; kuba bo baavu era beetaavu nnyo.

Omuntu bwalagajjalira esonga eyo ne yenyigira mu masanyu g'ensi, ne yeerabira ekyamutonza, afuuka ekitonde ekitalina mugaso gwonna ku bitonde ebirala ebiri ku nsi eno, Allah y'agamba: **{Abo abaagaana okukkiriza beeyagalira (mu nsi) ne balya nga ebisolo bwe birya, (kyokka nga) gwo Omuliro bwe buddo bwabwe}.** Surat Muhammadi (12), baafaanaanyizibwa ebisolo mu bikolwa byabwe ne bagaana okukozesa amagezi gaabwe; kubanga ebisolo tebitegeera.

### Empagi z'okusinza:

Okusinza Allah kw'eyalagira kulina empagi bbiri enkulu:

**Esooka:** Okwekkakanya okujjuvu okulimu okutya.

**Eyokubiri:** Okwagala Allah okujjuvu.

Okusinza Allah kw'eyalagira kulina okubeeramu okugonda n'okwetowaza eri Allah n'okumutya, n'okumwagala ng'osuubira gyaali buli kimu.

N'olwekyo okwagala Allah okutaliimu kumutya n'okwetowaza- kulinga okwagala kw'emmere ne ssente- tekuba kusinza, n'okutya Allah okutaliimu kumwagala- kulinga kutya nsolo eziruma oba omufuzi omubi, tekuba kusinza, bwe kwegatta okusinza n'okutya, nga kubalibwa nti kusinza, n'okusinza kwonna kwa Allah.

Okukwatagana n'ensomesa ya Nabbi (s.a.w) kikola mu kusinza kwokka nga esswala okusiiba n'ebirala, naye emirimu egisigadde nga okwebaka, n'okusuubula n'ebirala, akakwakkulizo kano tekalina kubaawo, wabula kimala obutagyeemera Allah mu kukola emirimu egyo.

## Obukwakkulizo bw'okusinza:

**Okusinza okutuufu kwetaagisa obukwakkulizo bubiri:**

1. Okutongoza Allah yekka mu kusinza okwo.
2. Okukwatagana n'okugoberera okusomesa kwa Nabbi (s.a.w).

Nga Allah bw'eyagamba: **{Wabula oyo ayeewaayo yenna eri Allah nga mulongoofu alina empeera ye awali Allah we; era abo tebalina kutya kwonna, wadde tebali bo bakunakuwala}.** Surat Al- Baqara (112).

Amakulu g'okwewaayo: kwe kutongoza Allah mu kusinza kwonna.

Nga mulongoofu: ng'agoberera Allah ky'asomesa n'omubaka Nabbi (s.a.w)



> **Okusinza okutuukirira kwetaagisa okutongoza Allah mu kusinza n'okugoberera Nabbi (s.a.w).**

## > *Okugatta ku Allah n'ekirala (Shirki)*

- Okugatta ku Allah n'ekirala kimenyawo obukkiriza obutuufu obw'okwawula Allah, bwe kiba nti okwawula Allah mu kusinza ky'ekyetteeka ekisinga obukulu, na bwe kityo Shiriki lye zambi erisinga obunene, Allah y'agamba: **{Mazima Katonda Tayinza Kusonyiwa oyo amugatta n'ebintu ebirala, naye asonyiwa kyonna ekitali ekyo ku oyo gw'ayagala}**. Surat An-Nisa (48).

- Shirki ayonoona emirimu emirungi gyonna, nga Allah bw'eyagamba: **{Singa nga baagatta ku Allah ekintu ekirala, byandibonoonekedde ebyo (byonna) bye baali bakola}**. Surat Aal-imraan (88).

Omukozi wa Shirki amukakasaako okuyingira omuliro lubeerera na lubeerera nga Allah bw'eyagamba: **{Mazima omuntu yenna akola Shirki, mazima Allah yaziyiza ku ye okuyingira Ejjana. N'obuddo bwe, muliro}.** Surat A-Maaida (72).

### Shirki wa bika bibiri, omunene n'omutono:

1 **Shirki omunene:** Ye muntu okusinza n'okusaba ekitali Allah, buli kigambo kyonna oba ekikolwa nga Allah aky'agala, okukizza ewa Allah buba bukkiriza butuufu, ate okukizza ew'ekitali Allah aba Shirki na bukaafu.

Eky'okulabirako ku Shirki omunene: Ye muntu okusaba n'okukoowoola ekitali Allah kimuwonye endwadde, oba kimugaziyirize eby'enfuna, oba okwesigamira ekitali Allah oba okuvunnamira ekitali Allah.

Allah y'agamba: **{Omulezi wammwe yagamba nti: Munsabe njakubaanukula}.** Surat Ghafir (60).

Era Y'agamba: **{Mwesige Allah bwe mubeera muli bakkiriza}.** Surat Al-Maaida (23).

Era y'agamba: **{Muvunnamenga ku lwa Allah mumusinzenga}.** Surat An-Najm (62).

Yenna azza okusinza eri ekitali Allah aba Mushirku nga si musiraamu.

2 **Shirki omutono:** Buli kigambo oba ekikolwa nga kkubo eriyinza okukutuusa ku Shirki Omunene n'okumugwaamu, aba Shirki mutono.

Eky'okulabirako: Kabandabe, nga omuntu okuwanvuya esswala olw'abantu okumulaba, oba omuntu okusitula eddoboozi lya Qurani olw'abantu okumuwulira bamusuute, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Ekintu ky'ensinga okubatiirira ye shirki omutono, nebamubuuza nti shirki omutono y'aliwa? N'agamba nti Kabandabe (omuntu okukola omulimu gwonna ogw'okusinza nga anonyaamu kumulaba so ssi kunoonya kusiima kwa Allah". Yayogerwa Ahmed (23630).

Wabula bw'aba tasinziza ddala okujjako kulw'abantu, nga singa sibantu abo tey'alisaaliddeko ddala, eno nno mbeera y'abannaanfuusi yennyini, era egwa mu shirki omunene aggya omuntu mu busiraamu.

## Abaffe, okusaba abantu aba shirki?

Obusiraamu bwajja okusumulula amagezi g'omuntu okuva mu nzikiriza enkyamu n'obulimba, n'okumujja mu kugondera ebitali Allah.

Tekikkirizibwa kusaba bafu oba ebintu ebitalina bulamu nga amayinja, ensozi n'ebirala wadde okwetowaza gy'ebiri, bino byonna bikyaamu era biba shirki.

Wabula okusaba abalamu ku kye balinako obusobozi, gamba ng'okumuyamba oba okumutaasa okubbira mu mazzi, oba okumusaba amusabire ewa Katonda, bino bikkirizibwa. Naye abantu abeeranga nti bagaba emikisa tetukkirizibwa kugenda gye bali ne bwe beeyita abasiraamu oba Bamaseeka.



> **Okusaba abalamu ku kye balinako obusobozi kiri munkolagana z'abantu eza bulijjo ennungi era tekirina buzibu.**

Abaffe, ky'osaba obuyambi tekirina bulamu oba osaba mufu?

Iye

Oyo aba shirki era kikontana n'obusiraamu; kubanga ekintu ekitassa n'omufu tebiwulira kusaba na kukowoola kw'abantu, atenga okusaba kuba kusinza, omuntu bw'asinza ekitali Allah aba akoze shirki, abawarabu baasinzanga ebintu bino obusiraamu nga tebunnajja.

Nedda

Okusaba kuli ku muntu omulamu awulira amusaba. Abaffe, tubuuza ekirala omuntu ono alina obusobozi bw'okuyamba?

Iye

Okusaba okwo kukkirizibwa era kiri mu bintu ebirungi, kubanga kitundu munkolagana yabantu mu bulamu obwabulijjo.

Nedda

Okusaba kuli ku muntu omulamu ku ky'atalinaako busobozi, gamba nga okumusaba emikisa, kino kikontana n'obusiraamu, era aba shirki ajja omuntu mu busiraamu kubanga ekyo kisabibwa Allah yekka.

## > Okukkiriza amannya ga Allah n'ebitendo bye

Kwe kukakasa n'okukkiriza kyonna Allah ky'eyetuuma oba Omubaka we (s.a.w) ky'eyamwogerako mu mannya n'ebitendo bye eby'ebitiibwa.

Allah alina amannya agasinga obulungi n'ebitendo ebijjuvu, Talina ky'eyenkanankana nakyo mu mannya ge n'ebitendo bye, nga Allah bw'eyagamba: **{Talina kintu nakimu kifaanana nga ye; Naye Awulira Alaba}.** Surat Ash-Shura (11).

### Agamu ku mannya ga Allah:

Y'agamba Allah: **{Ye Musaasizi Ow'ekisa ekingi}.** Surat Al-Fatiha (3).

Era y'agamba Allah: **{Naye Awulira era Alaba}**. Surat Ash-Shura (11).

Era Allah y'agamba: **{Naye ye w'ekitiibwa Omukakasa wa byonna}.** Surat Luqman (9).

Era Allah y'agamba: **{Allah y'oyo yekka asinzibwa mu butuufu, tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako ye Omulamu, Ayimiridde okulabirira ebitonde}**. Surat A-Bakara (255).

Era Allah y'agamba: **{Amatendo amajjuvu ga Alllah Omulezi w'ebitonde byonna}.** Surat Al-Fatiha (2).



## Ebibala ebiva mu kukkiriza amannya ga Allah n'ebitendo bye:

1 Okweyongera okumanya Allah, omuntu akkiriza amannya ga Allah n'ebitendo bye y'eyongera okumumanya n'okumwagala ennyo mumutima, n'abeeranga bwe buddo bwe mu buli kimu kyonna.

2 Okutenda Allah nga tukozesa amannya ge amalungi, era lino ly'ekkubo erisinga obulungi mu kujjukira Allah n'okumwogerako, nga bw'eyagamba: **{Abange mwe abakkiriza! Muyitirize nnyo okwogera ku Allah}**. Surat Al-Ahzaab (41).

3 Okusaba Allah nga tukozesa amannyage n'ebitendo bye, nga bw'eyatugamba: **{Allah alina amannya amalungi, kale mugasabise}**. Surat Al-A'raaf (180), ekyokulabirako: Owange gwe Omugabi nkusaba ongabirire, owanga gwe Omusaasizi nkusaba onsaasire.

## Obukkiriza obusinga okuba obwa waggulu:

Obukkiriza bulimu amadaala, kale nno obukkiriza bw'omusiraamu bukendeera okusinziira ku bulagajjavu n'obujeemu bwe, era obukkiriza bw'eyongera okusinziira ku mirimu emirungi egy'okutya Allah omuntu gy'akola.

N'eddaala erisinga okuba waggulu mu bukkiriza kwe kulongoosa mu kusinza Allah, era Nabbi (s.a.w) yakunnyonnyola n'agamba: "Kwe kusinza Allah nga olinga amulaba, newankubadde nga tomulaba mazima ye akulaba" Yayogerwa Bukhari (50), Muslim (8).

Kale jjukira mu mbeera zo zonna nti Allah akulaba kyokola kyonna era tomugyeemeranga ng'ate okimanyi nti akulaba, ogyeemera otya Katonda wo nga okakasa bulungi nti amanyi ebikufaako eby'ekyaama n'ebyolwaatu, kale nno bw'osobyanga Katonda wo yanguwanga okwenenya omusabe ekisonyiwo akusonyiwe.





Ebimu ku bibala by'okukkiriza Allah:

1 Mazima Allah alwanirira abakkiriza okuva mu bizibu byonna, era abataasa ne kubalabe baabwe, nga bw'eyagamba: **{Mazima Allah Alwanirira abo abakkiriza}.** Surat Al-Hajj (38).

2 Okukkiriza Allah kuleeta obulamu obulungi n'essanyu, Allah y'agamba: **{Omuntu akola obulungi, k'abe musajja oba mukazi, nga naye mukkiriza, Tugenda kumulamusa obulamu obulungi}.** Surat An-Nahl (97).

3 Okukkiriza Allah kutukuza emitima okuva mu bintu ebigunje n'ebijweteke, yenna akkiriza Allah mu butuufu bw'okumukkiriza, embeeraze zonna azizza wa Allah; kubanga ye Mulezi w'ebitonde byonna ateekeddwa okusinzibwa era omuddu oyo tatya kitonde kyonna kumutuusaako bulabe wadde okwesigamira kintu kyonna, okugeza nga abeeranga nti basoma edduwa, bwatyo nno bw'awona okugwa mu bijweteke.

4 Era ebiva mu bukkiriza obutuufu ebisinga obunene: Kwe kufuna okusiimibwa kwa Katonda n'okuyingira ejjana, n'okuwangula essanyu eritaggwaawo, n'okufuna okusaasira okujjuvu.

# > *Okukkiriza Bamalayika ba Allah*

## Amakulu g'okukkiriza Bamalayika:

Kwe kukkiriziza okunyweevu okubaayo kwa bamalayika, era nti bitonde ebitalabika, tebiringa bantu wadde amajiini, era ba bitiibwa abatya Allah, basinza Allah mu butuufu bw'okumusinza, era batuukiriza ebyo by'alagira awatali kumugyeemera.

Nga Allah bw'eyagamba: **{Baddu abagulumizibwa. Tebamukulembera na kigambo (kye kyonna), (wabula) nabo bakolera ku kiragiro kye}.** Surat Al-Anbiyaa (26-27).

N'okubakkiriza, emu kumpagi z'obukkiriza omukaaga, Allah y'agamba: **{Akkiriza Omubaka ebyo ebissiddwa gy'ali nga biva eri Katonda we n'abakkiriza (nabo babikkiriza. Buli omu mu bo akkiriza Katonda, ne Bamalayika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be}.** Surat Al-Bakara (285).

Ne Nabbi (s.a.w) y'agamba ng'annyonnyola ku bukkiriza: "Kwe kukkiriza Allah, ne Bamalayika be, n'ebitabo bye, n'ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, n'okukkiriza okugera kwa Allah nti ekibi n'ekirungi byonna biva wa Allah" Yayogerwa Muslim (8).

## Okukkiriza bamalayika kuzingiramu ki?

1. Okukkiriza okubaayo kwabwe, tukkiriza nti bitonde bya Allah gyeebiri, by'atondebwa mu kitangaala era bisinza nnyo Allah wamu n'okumugondera.
2. Okukkiriza amannya gaabwe getumanyiiko ne getutamanyi okutwaalira awamu.
3. Okukkiriza ebitendo byabwe, era mu byo:

- Mazima byo bitonde ebitalabika, bisinza nnyo Allah, tebirina bitendo bya Katonda era tebisinzibwa, wabula bitonde ebigondera ennyo Allah nga bw'eyagamba: **{Tebajeemera Katonda mw'ekyo ky'abalagira era bakola ekyo (kyennyini) ekibalagiddwa}.** Surat Al-Tahrim (6).

- Mazima bo baatondebwa kuva mu kitangaala, Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Bamalayika baatondebwa okuva mu kitangaala". Yayogerwa Muslim (2996).

- Mazima balina ebiwawatiro eby'enjawulo, Allah y'agamba: **{Buli kitendo (kyonna) kya Katonda Omutonzi w'eggulu n'ensi, eyassaawo Bamalaika ababaka abalina ebiwawaatiro, ow'ebibiri n'owebisatu n'ow'ebina. Ayongera ku kutonda ekyo ky'ayagala. Mazima Katonda Muyinza ku buli kintu}.** Surat Faatir {35:1}

4 Okukkiriza emirimu gyaabwe gyebakola Allah gy'eyabawa, era mugyo:

- Malayika akwasibwa obubaka okuva ewa Katonda okubutwaala eri Ba Nabbi be, ye Jiburiil.

- Malayika ajjamu emyoyo gyebitonde, ayitibwa Malaku Almautu n'abamuyambako.

- Bamalayika abavunanyizibwa okukuuma emirimu gy'abantu n'okugiwandiika, kagibeere mibi oba mirungi, Bano be bawandiisi ab'ebitiibwa.

## Ebibala ebiva mu kukkiriza Bamalayika:


Okukkuiriza Bamalayika kulina ebibala ebirungi, katunokoleyo ebimu:

1. **Okumanya obukulu bwa Allah,** n'amaanyi ge amajjuvu, kale omukkiriza yeeyongera okugulumiza Allah, kubanga Allah y'atonda bamalayika nga balina ebiwaawaatiro okuva mu kitangaala.

2. **Okunyweerera ku kugondera Omutonzi,** kale oyo yenna akkiriza nti bamalayika bawandiika ebikolwa bye byonna, kino kiyambako okutya Allah mu mutima gwe, nga tamugyeemera mu kyaama ne mulwaatu.

3. **Obugumiikiriza mu kugondera Allah,** n'okuwulira obutebenkevu mu mutima, omukkiriza bwakakasa nti ensi eno erimu bamalayika enkumi n'enkumi, agondera Katonda we mu mbeera esinga obulungi era etuukiridde.

4. **Okwebaza Katonda olw'okulabirira abantu**, mu mbeera nti yateekawo bamalayika okubakuuma.




> **Nabbi (s.a.w) yatutegeeza nti eggulu lizitowa n'ebyo ebigirimu, era tewali kifo munsi okujjako nga kirimu malayika ng'ayimiridde, afukamidde, oba avunnamye atendereza Katonda we.**

# > Okukkiriza Ebitabo bya Allah

## Amakulu g'okukkiriza Ebitabo:

Okukakasa nti Allah alina ebitabo bye yassa ku babaka be okugenda eri abaddu be, era ebirimu bigambo bya Allah eby'amazima, era nti ebitabo bino birimu amazima n'okulunngamya abantu.

Okukkiriza ebitabo bya Allah kimu kumpagi z'obukkiriza nga Allah bw'eyagamba: **{Abange mmwe abakkiriza! Mukkirize Katonda n'Omubaka We, n'Ekitabo kye Yassa ku Mubaka We era n'Ekitabo kye Yassa oluberyeberye lwe}.** Surat An-Nisaa (136).



**> Qurani ewandiikibwa n'obwegendereza wakati mukugoberera amateeka n'omutindo.**

Mu ay'ati eno Allah Alagira abakkiriza okumukkiriza ye mwennyini, n'omubaka we, n'ekitabo ky'eyassa ku Mubaka we nga ye Qur'an, nga era bw'abalagira okukkiriza ebitabo ebyassibwa olubereberye lwa Qur'an.

Kye bayita Obukkiriza Nabbi (s.a.w) y'akinnyonnyola nti: "Kwe kukkiriza Allah, ne Bamalayika Be, n'ebitabo Bye, n'babaka Be, n'olunaku olw'enkomerero n'okukkiriza okugera kwe okubi n'okulungi nti kwonna kuva eri Ye" Yayogerwa Muslim (8).

## Okukkiriza Ebitabo kutwaaliramu ki?

1. Okukkiriza nti byaava wa Allah
2. Okukkiriza nti ebirimu bigambo bya Allah.
3. Okukkiriza amannya Allah ge y'atugamboko mu bitabo bye, gamba nga Qur'an eyakka ku Nabbi Muhammadi (s.a.w), Taurati eyakka ku Nabbi Musa, Injil eyakka ku Nabbi isa okusaasira n'emirembe bibeere ku bo.
4. Okukakasa n'okukkiriza amawulire n'obubaka obuli mu bitabo bino.

## Enkizo ez'eyawulidde Ekitabo Qur'an:

Mzima Qur'an Eyekitiibwa: Bigambo bya Allah ebyassibwa ku Nabbi waffe Muhammad (s.a.w), n'olwekyo omukkiriza ateekawo okussa ekitiibwa mu kitabo kino, n'afaayo okukyenywerezaako ku mateeka gakyo, n'okukisoma nga bw'afumiitiriza ebigambo byakyo.

Kitumala nti Qur'an eno y'etulunngamya mu nsi, era y'ensonga y'obuwanguzi bwaffe kunkomerero.

Ekitabo Qur'an kirina enkizo n'ebikyeyawulidde bingi ku bitabo ebyaava waggulu ewa Allah ebirala, mubyo:

1. Qur'an Entukuvu yafunzafunza amateeka ga Allah, mu mbeera nti yajja nga ekakasa ebyo ebyajja mu bitabo eby'akulembera ebikwata ku kusinza Allah Omu yekka.


Allah y'agamba: **{Ne Tussa gy'oli (Ggwe Muhammadi) Ekitabo n'amazima, nga kikakasa ebyo ebiri mu maaso gaakyo, ebiri mu Kitabo (Tauraati ne Enjiri n'ebirala): Era nga kyeyimiridde ku kyo}.** Surat Al-maaaida (48).

Bwe tugamba (nga kikakasa ebyo ebiri mu maaso gaakyo): Amakulu kikwatagana n'enzikiriza n'obubaka obw'ayogerwaako mu bitabo eby'asooka. Era bwe tugamba nti: (Era nga Ky'eyimiridde ku kyo), amakulu kijulira ebitabo ebyaayita era ky'ekiramula ku byo.

2. Era kikakata ku bantu bonna nga tetutunuulidde nnimi zaabwe nabuwangwa bwabwe okwekwaata ku kitabo kino n'okukikolerako, okwawukanako n'ebitabo ebirala, byo byakka ku bantu bamu mu kiseera ekigere, Allah y'agamba: **{Eweerezeddwa gyendi eno Qurani, ndyoke mbalabule nayo, n'omuntu yenna gw'eba etuuseeko}.** Surat Al-An'aam (19).

3. Mazima Allah yeeyama okukuuma Ekitabo Qur'an, ky'ova olaba tekisoboka kukyuusibwa, Allah y'agamba: **{Mazima ffe twassa (Qurani) era ddala mazimaffe tujja okugikuuma}.** Surat Al-Hijir (9).






## Kiki ekitukakatako okukola eri Qur’an?

- Kitukakatako okwagala Qur’an, n’okugiwa ekitiibwa, kubanga bigambo bya Allah ow’ekitiibwa, mazima by’ebigambo ebisinga okuba eby’amazima n’obulungi.

- Kitukakatako okusoma Qur’an, n’okufumiitiriza ebigambo byayo wamu n’obubaka bwayo, omuli ebyafaayo, n’amateeka g’obusiraamu n’ebirala, Era tuwaayo obulamu bwaffe ku yo; tusobole okwawula amazima ku bulimba.

- Kitukakatako okuteeka munkola amateeka gaayo, n’okugoberera ebiragiro byayo wamu n’okugifuula enkola kwe tutambuliza obulamu bwaffe.

Amakulu ga Hadiithi eyo gali nti : Nabbi (s.a.w) obulamu bwe n’emirimu gye kwaali kuteeka munkola mateeka ga Qur’an, era obuvunanyizibwa buno yabutuukiriza mu bujjuvu; kubanga ye kyakulabirako kirungi eri buli omu ku ffe, nga Allah bw’eyagamba: **{Mazima mulina mmwe mu mubaka wa Katonda eky’okugoberera ekirungi kw’oyo abeera nga asuubira (empeera) za Katonda (n’okusisinkana) Olunaku Olw’enkomerero, n’ayitiriza okwogera ku Katonda}.** Surat Al-Ahzaab (21).




> **Abasiraamu bakakasa nti Ebitabo Taurati ne Injil byakka okuva ewa Allah, wabula by'ayingiramu okukyuusibwa mu bigambo byayo bingi, era tetukkiriza bigambo byayo okujjako ebikwatagana ne Qurani ne Hadiithi.**

## Kiki ekitukakatako eri ebitabo ebyakulembera?

Omusiraamu akkiriza Taurati nti yakka ku Nabbi Musa, ne injil nti yakka ku Nabbi Isa, era n'akkiriza nti byonna by'amazima ebyaava ewa Allah, mulimu amateeka, okubuulirira, n'amawulire nga bulunngamu n'ekitangaala eri abantu mu bulamu bwabwe n'oluvannyuma lw'okufa.

Wabula kye tulina okumanya nti Allah y'atugamba nti Abakristaayo n'Abayudaaya baakyuusakyuusa ebitabo byabwe, nebayongeramu wamu n'okuggyamu mu byo ebigambo bingi nnyo, kale nno tebyaasigala nga Allah bw'eyabissiza ku bantu abo.

Ekitabo Taurati ekiri mu mikono gy'abayudaaya mu kiseera kino, Ssi ye Taurati eyakka ku Nabbi Musa; kubanga Ekitabo ekyo Abayudaaya baakyuusakyuusa amateeka gakyo mangi, Allah y'aboogerako n'agamba: **{Mw'abo Abayudaaya mulimu abakyusa ebigambo okubiggya mu bifo byabyo}.** Surat An-Nisa (46).

Nabwekityo Ekitabo Injil (Bayibuli) ekiri mu mikono gy'abakristaayo, Ssi ye Injil eyakka ku Nabbi Isa, Abakristaayo baakyuusakyuusa amateeka gakyo mangi, Allah y'abogerako n'agamba: **{Era mazima ddala mulimu mu bo ekibiina ekikyusakyusa Ekitabo n'ennini zaabwe nga bakisoma, mulyoke mubirowooze nti bivudde mu Kitabo (Ebyo bye bagamba), sso nga tebivudde mu Kitabo, era ne bagamba nti: Ebyo byava eri Katonda sso nga tebyava eri Katonda; ne boogera ku Katonda eby'obulimba sso nga nabo bamanyi}.** Surat Al-Imraan (78).

Era y'abogerako n'agamba: **(Ne mw'abo abagamba nti: Mazima ffe tuli Bannasswara (Bakristaayo), Twatwala endagaano yaabwe, wabula ne beerabira omugabo kw'ekyo ekyababuulirwa. Olw'ekyo ne Tuteeka wakati waabwe obulabe n'okukyawagana okutuusa ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Katonda). Kyaddaaki Katonda Alibategeeza bye baalinga bakola}**. Surat Al-Maaida (14).

Eno y'ensonga lwaki ebitabo Baibuli ne Taurati ebiri mu mikono gy'abakristaayo n'abayudaaya olwaleero, birimu enzikiriza nnyingi enkyaamu, n'amawulire n'emboozi ez'obulimba, Era ffe abasiraamu tetukkiriza mawulire gabyo okujjako ebyo ebikwatagana ne Qur'an oba Hadiithi za Nabbi (s.a.w) entuufu, era ne tulimbisa ebyo Qur'an ne Hadiithi by'eby'alimbisa, nabwekityo tusirika ku bisigadde, mu mbeera nti tetubikkiriza wadde okubirimbisa.

Waddenga tukkiriza bwetutyo, Omusiraamu assa ekitiibwa mu bitabo bino, takkirizibwa kubivuma wadde okubivvoola; kubanga birimu ebimu kubigambo bya Allah ebitaakyuusibwa.



## Ebibala ebiva mu kukkiriza Ebitabo:

Okukkiriza Ebitabo kulina kuvaamu ebibala mubyo:

1. Okumanya okufaayo kwa Allah eri abaddu be, n'okubasaasira okujjudde, mu mbeera nti yatuma eri buli kibiina ky'abantu ekitabo ekibalunngamya n'okubatuusaako okwesiima kunsi ne kunkomerero.

2. Okutegeera Okumanya kwa Allah okwawaggulu n'amateeka ge; kubanga buli kibiina yakiwa ebikisaanira nga Allah bw'eyagamba: **{Twaawa buli kibiina kya Nabbi amateeka n'enkola ebasaanira}.** Surat Al-Maaida (48).

3. Okwebaza Ekyengera kya Allah olw'okussa Ebitabo bino, tulina okukimanya nti ebitabo bino kitangaala na bulungamu kunsi ne kunkomerero, n'olwekyo okwebaza Allah olw'ekyengera kino kiba kyattendo nnyo.

## > *Okukkiriza Ababaka ba Allah*

### Obwetaavu bw'abantu eri Obubaka:

Abantu beetaaga obubaka obuva ewa katonda obubatangaaza amateeka n'okubalunngamya mu kkubo ettuufu, tukimanye nti Obubaka mwoyo gwa nsi nakitangaala kya bulamu, kale ensi teyinza kubeera na bulamu nga terina mwoyo n'akitangaala.



Ky'ova olaba Allah yayita obubaka omwoyo mu Qur'an; kubanga omwoyo bwe gubulawo n'obulamu tebubaawo, Allah y'agamba: **{Era bwe kityo twakussaako Qurani (Ggwe Muhammadi) ku lw'ekiragiro Kyaffe, era wali tomanyi nti Ekitabo Qurani kye ki wadde kye ki Obukkiriza. Naye twagifuula (Qurani ) Ekitangaala nga tulunngamya nayo oyo gwe twagadde mu baddu Baffe}.** Surat Ash-Shuura (52).

Ekyo kiri bwekityo kubanga amagezi g'omuntu wadde nga gaawula ekibi n'ekirungi okutwaalira awamu, wabula tegasobola kumanya bikwata kw'ekyo n'ebitundu byakyo n'okumanya okwomunda, nabutya bwe tusinza mu ddiini okuggyako mu kkubo ery'obubaka okuva ewa Allah.

Tewali kkubo lyakufuna bulunngamu na kwesiima okujjako ery'ababaka, tewali ngeri yonna gye tuyinza kumanya birungi na bibi mu bugazi okuggyako okuyita mu kkubo lyabwe, era oyo yenna ay'esamba obubaka ajja kufuna okufiirwa n'ennaku okusinziira ku ddaala ly'okubuwakanya n'okubuvaako.

### Y'emu ku mpagi z'obukkiriza:

Okukkiriza Ababaka y'emu kumpagi z'obukkiriza omukaaga, Allah y'agamba: **{Akkiriza Omubaka ebyo ebissiddwa gy'ali nga biva eri Allah we, n'abakkiriza (nabo babikkirizza). Buli omu mu bo akkirizza Katonda, ne Bamalayika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be. (Bagamba abakkiriza) nti: Tetwawula wakati w'omu mu babaka Be}.** Surat Al-Bakara (285).

Ayati eno etulaga obw'etteeka bw'okukkiriza Ababaka bonna awatali kubaawulamu, tetukkirizaako Babaka bamu ate abamu ne tubaleka, nga bwe kiri ku Bayudaaya n'Abakristaayo.

Era Nabbi (s.a.w) y'agamba ku kye bayita obukkiriza: "Kwe kukkiriza Allah ne Bamalayika be, n'ebitabo bye, n'Ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero n'okukkiriza okugera kwa Alah nti ekibi n'ekirungi nti biva wa Allah" Yayogerwa Muslim (8).

### Amakulu g'okukkiriza Ababaka?

Kwe kukakasa okujjuvu nti Allah buli mulembe yagutumamu Omubaka ng'abakoowoola okusinza Allah yekka obutamugattako kirala kyonna, era Ababaka abo baamazima, tewali nakimu kye baakumpanya mu kutuusa obubaka eri abantu, nga Allah bw'eyagamba: **{Abaffe, tekiri ku babaka okuggyako okutuusa obubaka obunnyonnyofu?}.** Surat An-Nahl (35).

### Okukkiriza Ababaka kuzingiramu ki?

1 Okukkiriza nti obubaka bwabwe bw'amazima, era obubaka bwabwe omulamwa gwabwo guli gumu gwokka, nagwo kusinza Allah yekka awatali kumugattako kirala kyonna, Allah y'agamba: **{Era mazima Twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti Musinze Allah, mwekeke (okusinza) eby'obulimba}.** Surat An-Nahl (36).

Amateeka ga ba Nabbi agamu gaawukanamu mu matabi g'ebyo ebikkirizibwa n'ebitakkirizibwa, okusinziira ku bantu abo ebibasaanira, nga Allah bw'eyagamba: **{Buli kibiina ky'aweebwa amateeka agakisaanira}.** Surat Al-Maaida (48).

2 Okukkiriza Ba Nabbi bonna, gamba nga Muhammadi, Ibrahiim, Musa, Isa, Nuhu ebyengera n'emirembe bibeere ku bo, wabula n'abo betutategedde mubo manya gaabw tubakkiriza wamu kitole nti nabo babaka ba Allah, yenna awakanya obubaka bumu bwokka mu bubaka bw'aba Nabbi, aba ssi musiraamu.

3 Okukakasa amawulire n'eby'amagero byabwe ebiri mu Qur'an ne Hadiithi za Nabbi (s.a.w), nga ekyafaayo kya Nabbi Musa eky'ennyanja okweyasaamu amakubo (kumi n'abiri).

4 Okukolera ku Mateeka g'omubaka oyo eyatumibwa gyetuli, nga ye Muhammadi (s.a.w) abasinga enkizo, era y'ewenkomerero muba Nabbi ebyengera n'emirembe bibeere kubo.

## Mu bitendo by’ababaka mulimu:

| | |
|---|---|
| 1 | Mazima bo bantu nga abalala, wabula eky’eyawulidde bo ku balala kiri nti bo Allah yabawa Obubaka, Allah y’agamba: **{Era tetwatuma (babaka) oluberyeberye lwo wabula (baalinga) basajja, (nga ggwe Muhammadi) be twatumiranga gye bali}.** Surat Al-Anbiyaa (7).<br><br>Tebalina bitendo bya Allah era tebasinzibwa, okujjako bo baatuusa obubaka eri abantu baabwe mu bujjuvu, era endyo zabwe z’ezisinga enkizo, n’okutegeera kwabwe kwawaggulu, n’ennimi zaabwe ntangaavu, era balina obukugu mu kunnyonnyola, esonga ezo z’abafuula bannannyini kwetikka obubaka okuva ewa Allah okubuzza eri abantu baabwe.<br><br>Allah y’alonda Ababaka be ng’abajja mu bantu; balyooke babeere eky’okulabirako eri bannaabwe, awo nno okugoberera ababaka kibeera mu busobozi bwabwe nga tebalina kyebeekwaasa. |
| 2 | Allah y’abaawula n’okubawa obubaka, yabassaako obubaka ekintu ekitaakolebwa ku bantu abalala bangi, nga Allah bw’eyagamba: **{Gamba nti: Mazima nze ndi muntu nga mmwe. Watumiddwa gyendi nti ekituufu Omusinzibwa wammwe ow’amazima ye Katonda Ali Omu (Omutonzi}.** Surat Al-Kahf (110).<br><br>Obwa Nabbi n’obubaka tebifunibwa na muntu kuba mwoyo mutukuvu, oba nti mugezi nnyo, wabula Omutonzi ow’ekitiibwa y’alondawo gw’ayagadde mu bantu, Allah y’alonda ababaka ng’abajja mu bantu, nga bw’eyagamba: **{Allah y’amanyi awo w’assa obubaka bwe}**. Surat Al-An’aam (124). |
| 3 | Mazima bo tebasobya mu bye batuusa okuva ewa Allah okudda eri abantu baabwe wadde okusobya nga bateeka munkola kyonna ekiva ew’Omutonzi wabwe. |
| 4 | Ababaka bano b’amazima nnyo mu bigambo n’ebikolwa byabwe, Allah y’agamba: **{Kino ky’ekyo Allah kye yalagaanyisa, n’ababaka (ba Allah) baayogera mazima}**. Surat Yaseen (52). |
| 5 | Baguminkiriza nnyo, baakoowoola abantu okusiramuka nga basanyusa okufuna ebirngi era nga babaatiisa ebibi, baabonyaabonyezebwa mu buli ngeri era nebafuna n’ebizibu, naye bwe batyo ne bagumiikiriza era ne baguma nga kye baluubirira ekigambo ky’obusiraamu kibeere waggulu, Allah y’agamba: **{Kale gumiikiriza (Ggwe Muhammadi) nga bwe baagumiikiriza ababaka abavumu bannannyini bumalirivu (Abo abaakusooka}**. Surat Al-Ahqaf (35). |

## Obubonero bw'Ababaka n'ebyamagero byabwe:

Allah y'anyweeza Ababaka be n'obujulizi obukakafu obukakasa obubaka bwabwe, omuli okubawa eby'amagero ebyeyolefu nga tebiri mu busobozi bw'abantu ababuliggyo; Okusobola okulaga amazima gabwe n'okukakasa obwa Nabbi bwabwe.

N'ebyamagero bye tutegeeza: By'ebintu eby'enjawulo Allah by'ayolesa ku mikono gya ba Nabbi be n'ababaka ng'abantu abaabuliggyo tebasobola kubikola. Mu by'amagero ebyo mulimu:

- Okukyuusa omuggo gwa Nabbi Musa ne gufuuka omusota.
- Okubuulira kwa Nabbi Issa eri abantu be kye banaalya mu byokulya ne bye batereka mu maka gaabwe.
- Okweyasaamu kw'omwezi ebitundu bibiri ku lwa Nabbi Muhammadi (s.a.w).

## Enzikiriza y'omusiraamu eri Nabbi Isa okusaasira n'emirembe bibeere kuye:

1 Y'omu ku babaka ab'enkizo ab'amaanyi era abekitiibwa, eranga nabo beb'enkizo muba Nabbi, era baali bamalirivu mu babaka bwabwe, era be bano: Muhammadi, Ibrahim, Nuhu, Musa ne Issa bonna ebyengera n'emirembe bibeere ku bo, Allah y'anokolayo amanya gabwe mu Qur'an mu kigambo ekigamba: **{Era (jjukira) mu kiseera lwe twaggya ku Ba Nabbi obweyamu bwabwe, ne ku ggwe wennyini (Nnabbi Muhammadi) ne ku Nuuhu ne Ibrahiimu ne Musa ne Issa mutabani wa Mariyamu. Twabaggyako endagaano enzito}.** Surat Al-Ahzaab (7).

2 Mazima Nabbi Issa yali muntu ng'abantu abalala, wabula Katonda yamusukkulumya n'amusindika eri abaana ba Isirayiri n'akola ebyamagero ng'ayita mu mikono gye, Naye talina kintu kyonna kya ngeri za bwakatonda, era tasinzibwa, nga Allah bw'eyagamba: **{Tali ye (Issa) okuggyako omuddu (wa Katonda) gwe twagabira (obwa Nnabbi) ne tumufuula ekyokulabirako eri Abaana ba Israili}.** Surat Az-Zukhruf (59).

Era ddala ye talagirangako bantu ba kibiina kye kumufuula ye ne Maamawe abasinzibwa oba okuba bakatonda ababiri, wabula yabagambanga ekyo Omutonzi we kye yamulagiranga, nga bw'eyagamba Allah: **{Musinze Katonda wammwe Omulezi wange era Omulezi wammwe}.** Surat Al-Maaida (117).

3 Mazima Maama we Mariyamu Mukyala mulongoofu atya nnyo Katondawe, y'afuna olubuto lwa Nabbi Issa nga talina kitaawe olw'obuyinza bwa Allah, Kale yamutonda n'ekyamagero eky'olubeerera, nga bw'eyatonda Nabbi Adamu nga talina Taata na Maama, Allah y'agamba: **{Mazima ekifaananyi (ky'okutondebwa) kwa Issa awali Katonda kiringa ekifaananyi (ky'okutondebwa) kwa Adamu. Yamutonda mu ttaka oluvannyuma N'amugamba nti: Ba, n'aba (Omuntu}**. Surat Al-Imraan (59).

4 Tewali mubaka wakati we ne Muhammadi (s.a.w), era y'alanga obwa Nabbi bwa Muhammadi (s.a.w), nti alijja oluvannyuma lwe, nga Allah bwe'yagamba: **{Era (jjukira) mu kiseera (Nabbi) Issa mutabani wa Mariamu bwe yagamba: abange Abaana ba Israili! Mazima nze ndi mubaka wa Katonda (atumiddwa) gye muli, era ndi akakasa amazima g'ebyo ebiri mu maaso gange ebiri mu Taurati (Ekitabo Nabbi Musa kye yajja nakyo), era ndi mulanzi (alanga) Omubaka alijja oluvannyuma lwange, nga erinnya lye ye Ahmada (Muhammadi). Naye ate bwe yamala okubajjira (omubaka eyalangibwa) n'obujulizi obw'enkukunala (obwoleka amazima ge); ne bagamba nti: Kino (ky'aleese) ddogo eryeyolefu}.** Surat As-Saff (6).

5 Tukkiriza ebyamagero Allah by'eyakola eby'ayitira ku mikono gya Nabbi Issa, gamba nga engeri gye yajjanjaba omugenge n'omuzibe w'amaaso, okuzuukiza abafu, n'okubuulira abantu bye balya ne bye batereka mu maka gaabwe, wabula bino yabikola ku lwa buyinza bwa Allah, Allah kino y'akifuula ekiraga obutuufu bw'obubaka bwa Nabbi Issa.

6 Omuntu taba musiraamu okutuusa lwakkiriza Issa nti Muntu era Mubaka wa Katonda, era n'abayudaaya bye b'amwogerako ssi bituufu. Era twesamba enzikiriza y'Abakristaayo enkyaamu ku Issa olw'okumufuula ye ne nnyina abasinzibwa ababiri ne balekawo Omutonzi wabwe, abamu mu bo b'amuyita mwana wa Katonda, abamu ne bamuyita wa kusatu kubasatu, Allah yagulumira kwebyo bye b'amutenda nabyo olugulumira olunene.



> **Omusiraamu akkiriza nti Nabi Issa y'omu ku babaka ba Allah ab'enkizo, naye ssi Katonda, era teyattibwa wadde okukomererwa kumusaalaba.**

7 Mazima Teyattibwa wadde okukomererwa ku musaalaba, wabula Allah yamusitula n'amutwaala waggulu gy'ali ng'Abayudaaya bwe baayagala okumutta, era Allah yayambaza ekifaananyi kye omuntu omulala, bwe batyo ne bamutta ne bamukomerera ne balowooza nti basse Nabbi Issa, nga Allah bw'eyagamba: **{N'ekigambo kyabwe nti: Mazima ffe twatta Issa Masiiha mutabani wa Mariyamu, omubaka wa Allah Sso nga tebamuttanga era tebamukomereranga ku musaalaba, naye yafaananyizibwa gye bali, mazima abo abayawukana mu kyo bali mu kubuusabuusa mu kyo; tebakirinaako kumanya kukakafu wabula okugoberera okulowoorereza kwokka; Sso nga ekituufu tebamuttanga. Wabula Allah Yamusitula N'amutwala gy'Ali, ne Katonda wa Buyinza, Omukakasa. Mazima tewali n'omu mu Bannannyini Kitabo wabula (buli omu mu bo) agenda kumukkiriza nga tannatuusa kufa; ne ku Lunaku Lw'enkomerero (Issa) agenda kubeera ku bo omujulizi}.** Surat An-Nisa (157- 159).

Allah y'amutaasa n'amusitula gy'ali, era enkomerero nga enatera okutuuka ajja kukomawo ku nsi ng'alamuza nkola ya Nabbi Muhammadi (s.a.w), oluvannyuma afe aziikibwe mu ttaka, era ajjakuzuukira aveemu ng'abantu abalala; olw'ekigambo kya Allah ekigamba: **{Mu lyo (ettaka) mwe twabatonda, ate lyo mwe tulibazza (nga mufudde), era mu lyo mwe tulibaggya omulundi omulala (mube abalamu nate}**. Surat Taa-Haa (55).

## Okukkiriza Muhammadi nti Nabbi era Mubaka wa Allah:

- Tukkiriza nti mazima Muhammadi (s.a.w) Muddu wa Allah era Mubaka we, era nti yasinga ababaka bonna ab'oluberyeberye n'aboluvannyuma, era yalafuubana mukkubo lya Allah mubutuufu bw'okulafuubana, yatuusa bulungi obubaka bwe nga Allah bwe yamulagira.

- Tukakasa kyonna ky'eyayogera ne tugondera ebiragiro bye, era ne twesamba byonna by'eyaziyiza mu bigambo bye, era gwe tulina okugoberera mu buli kimu, Allah y'agamba: **{Mazima mulina mmwe mu mubaka wa Allah eky'okugoberera ekirungi kw'oyo abeera nga asuubira (empeera) za Katonda (n'okusisinkana) Olunaku Olw'enkomerero, n'ayitiriza okwogera ku Allah}.** Surat Al-Ahzaab (21).

- Era tulina okukulembeza okwagala kwa Nabbi (s.a.w) okusinga okwagala kwa taata, omwana n'abantu bonna, Okumwagala okwannamaddala kwe kuteeka munkola okusomesa kwe kwonna, awonno okwesiima okwannamaddala tujja kukufuna, nga Allah bw'eyagamba: **{Bwe muba nga mumugondedde, mujja kulunngama era tekiri ku mubaka (kirala kyonna) okuggyako kutuusa bubaka okweyolefu}.** Surat An-Nuur (54).

- Tulina okukkiriza Nabbi Muhammadi (s.a.w) by'eyajja nabyo n'okulamuzisa ebigambo bye wamu n'okubigulumiza, nga Allah bw'eyagamba: **{Nedda ndayidde Mukama wo, tebajja**

**kukkiriza (Mazima) okutuusa lwe banaakulamuzisanga ku buli ebyo ebyabayombesezza wakati waabwe, n'oluvannyuma ne batasigala mu myoyo gyabwe kakunkuna konna mw'ekyo ky'oba olamudde, wabula ne bagoberera olugoberera}.** Surat Al-Nisaa (65).

- Tulina okwewala okwawukana ku biragiro bya Nabbi (s.a.w); kubanga okubyawukanako y'ensibuko y'ebikemo n'ebibonerezo ebiruma, ku nsonga eno Allah y'agamba: **{Era bateekwa beekeke abo abaawukana ku kiragiro kye okubatuukako akabi oba ebibonyobonyo ebiruma}.** Surat An.Noor (63).

## Ebintu Eby'eyawulidde Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w):

Obubaka bwa Nabbi Muhammadi bulina enkizo ku bubaka obw'akulembera n'ebintu bino wammanga:

- Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w) bwe bw'aggalawo obubaka bwa Bannabi abaamukulembera, Allah y'agamba: **{Tabeeranga Muhammadi kitaawe w'omo mu basajja mu mmwe, naye ye mubaka wa Katonda era ye w'enkomerero mu Bannabbi}.** Surat Al-Ahzaab (40).

- Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w), bw'asangulawo obubaka obw'akulembera, Allah takkiriza ddiini ya muntu yenna etali ddiini ya Nabbi Muhammadi (s.a.w), eyo en'amuwanguza Ejjana ya Allah, Allah y'agamba: **{N'omuntu anoonya obutali Busiraamu okugifuula eddiini, ssi ya kukkirizibwa kuva gy'ali, naye ku Lunaku lw'Enkomerero aliba wa mu bafaafaaganiddwa}.** Surat Al-Imraan (85). Ne Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Ndayira Oyo awaniridde omwoyo gwa Muhammadi mu mukono gwe, tewali Muyudaaya oba Mukristaayo mu bantu b'ekibiina kyange kino, awulira okusomesa kwange okw'obusiraamu, n'afa nga takkiriza bubaka bwe nzize nabwo okuva eri Katonda, okuggyako nga ajja kuba omu ku batuuze b'omuliro Jahannamu". Yayogerwa Muslim (153) ne Ahmed (8609).

- Obubaka bwa Nabbi Muhammadi (s.a.w) bwa bitonde byonna amajinni n'abantu, Allah yatunyumiza ku bigambo by'amajinni n'agamba: **{Abange abantu b'ekibiina kyaffe! Mwanukule Omukoowooze wa Katonda (Nabbi Muhammadi}**. Surat Al- Ahkaaf (31). Era Allah y'agamba: **{Tetwakutuma (Ggwe Muhammadi) wabula eri abantu bonna ng'oli mubuulizi asanyusa abakkiriza era ng'oli mutiisa (atiisa abajeemu}.** Surat Saba (28). Era Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Nasukkulumizibwa ku Bannabbi ab'akulembera n'ebintu mukaaga: Ekisooka nnaweebwa Qurani nga ebigambo byayo bimpi wabula nga amakulu magazi nnyo, Ekyokubiri ntiibwa omulabe ne bwaba aliwala, Ekyokusatu nnaweebwa eminyago egiva mu lutalo lw'Eddiini, Ekyokuna ebifo byonna munsi byanfuulibwa nga bitukuvu bisaalirwaamu esswala, Ekyokutaano natumwa eri ensi yonna, Ekyomukaaga era nze nsebyeeyo mu Bannabi". Yayogerwa Bukhari (2815) ne Muslim (523).

## Ebibala ebiva mu kukukkiriza Ababaka:

Okukkiriza Ababaka kulina ebibala ebyamaanyi eranga mubyo mulimu:

1. Okumanya Ekisa kya Allah ky'alina ku baddu be, mu mbeera nti yabatumira ababaka babalunngamye ku kkubo eggolokofu, ne babannyonnyola butya bwe basinzaamu Omutonzi wabwe; kubanga amagezi g'omuntu tegetongodde mu kumanya obusiraamu okujjako mu kkubo ly'ababaka, Allah yatugamba ku Nabbi (s.a.w): **{Tetwakutuma (Gwe Muhammadi) okujjako nga oli ky'akusaasira eri ebitonde byonna}.** Surat Al-Anbiyaa (107).

2. Okumwebaza Allah olw'ekyengera kino Ekinene.

3. Okwagala Ababaka ba Allah n'okubasuuta n'ekyo ekibasaanira; kubanga baatutuusaako Ediini ya Allah nga basomesa abaddu be.

4. Okugoberera Obubaka obwo bwe bajja nabwo ababaka okuva ewa Allah, era nabwo kwe kusinza Allah yekka awatali kumugattako kirala kyonna, n'okukolera ku mulamwa ogwo, awo nno abakkiriza bafune obulamu obulungi n'okwesiima kuno kunsi ne kunkomerero

   Allah y'agamba: **{N'oyo yenna aligoberera okulunngamya Kwange (okulireetwa ababaka) talibula era talyonooneka. N'oyo alyawukana ku kigambo Kyange, mazima alina obulamu obufunda}.** Surat Taa-Haa (123-124).



> **Omuzikiti gwa Al-Aqsa gulina ekifo eky'enjawulo mu basiraamu, anti gwe muzikiti ogwokubiri ogwazimbibwa ku nsi oluvannyuma lw'omuzikiti gwe Makkah, era Nabbi Muhammadi (s.a.w) ne Bannabbi abalala baasaalirako mu Muzikiti guno.**

# > Okukkiriza Olunaku lw'enkomerero

## Amakulu g'okukkiriza Olunaku lw'enkomerero

Kwe kukkiriza okujjuvu nti Allah ajja kuzuukiza abantu okuva muntaana zabwe, oluvannyuma Abasasule emirimu gyabwe gye baakola kunsi kuno, okutuusa abaliyingira Ejjana lwe balitebenkerera mu bifo byabwe, n'abaliyingira Omuliro nabo nga batebenkedde mu bifo byabwe.

N'okukkiriza olunaku lw'enkomerero y'emu kumpagi z'obukkiriza omukaaga, omuntu yenna taba mukkiriza okujjako nga akkiriza olunaku luno, Allah y'agamba: **{Naye mazima obulungi (bwennyini) bw'oyo akkiriza Katonda Omutonzi n'olunaku lw'enkomerero}**. Surat Al-Bakara (177).

## Lwaki ddala Qur'an y'akkaatiriza okukkiriza olunaku lw'enkomerero?

Qur'ani y'akkaatiriza Okukkiriza olunaku lw'enkomerero mu nnyiriri nyingi nga ekakasaawo okubaawo kw'olunaku luno mungeri z'olulimi Oluwarabu ez'enjawulo, n'egatta okulukkiriza wamu n'okukkiriza Allah mu bifo eby'enjawulo.

Ekyo kiri bwe kityo kubanga Okukkiriza olunaku lw'enkomerero nsonga nnene eyongera amaanyi mu kukkiriza Allah n'obwenkanya bwe obulungi, tugaziya ensonga eno nga tugamba:

Mazima Allah tasiima bulyazamaanya era taleka mulyazamaanya nga tabonerezeddwa, wadde okuleka alyazamaanyibwa okuggyako ng'amuwa empeera n'asasulwa bulungi, wabula era tulaba mu bulamu bw'ensi eno abamu ku balyazamaanyi bafa nga tebabonerezeddwa, n'abamu ab'alyazamaanyiziddwa bafa nga tebasasuddwa bintu byabwe, kino abaffe kitegeeza ki ng'ate Allah takkiriza bulyazamaanya? Kino nno kitegeeza nti wateekwa okubaawo obulamu obulala obutali bulamu buno bwe tulimu, wateekwa okubaawo ekiseera ekirala omukozi w'ebirungi mw'anaasasulirwa n'omuntu omubi mw'anabonerezebwa, nabuli muntu ajja kuweebwa empeera ye emusaanira ku lunaku olwo.



> Obusiraamu butwesambya omuliro nga butukubiriza okuyisa obulungi abantu abalala kakubeere okusaddaaka ekyenkana ekitundu ky'entede.

## Okukkiriza Olunaku lw'enkomerero kutwaaliramu ki?

Okukkiriza olunaku olw'enkomerero kutwaaliramu bino:

1 Okukkiriza okuzuukiza abafu okuva muntaana, n'okuzza emyoyo mu mibiri gyabwe, abantu bayimirire mu maaso g'Omutonzi wabwe, Olwo nno balikungaanyizibwa wamu mu kifo kimu, nga tebalina ngatto era nga bali bukunya nga bwe b'azaalibwa omulundi ogwasooka.

Okukkiriza okuzuukira kulina obujulizi okuva mu Qur'ani ne Sunnah n'amagezi aga bulijjo, kale nno tukkiriza n'obukakafu nti Katonda ajja kuzuukiza abo abali mu ntaana, era emyoyo gijja kuzzibwa mu mibiri gyabwe, era abantu bajja kuyimirira eri Omutonzi w'ebitonde byonna.

Allah y'agamba: **{Nate! Mazima mmwe oluvannyuma lw'ekyo muli ba kufa- Oluvannyuma ate mugenda kuzuukizibwa ku lunaku lw'okuyimirira mu maaso ga Katonda}.** Surat Al- Muminoon (15-16).

Era ebitabo byonna eby'ava ewa Katonda byakkiriziganya n'omulamwa guno, obulamu buno bujja kuggwaawo ate tudde eri Omutonzi waffe atusasule empeera olw'ebyo by'eyatulagira okukola kunsi nga biyitira ku nnimi z'ababaka be, Allah y'agamba: **{Abaffe mwalowooza nti mazima ddala twabakola lwa muzannyo; era nti ddala mmwe temuli ba kudda gye tuli?}.** Surat Al- Mumnoon (115).

## Obujulizi bwa Qur'an obulaga obukakafu bw'okuzuukira:

- Mazima Allah y'eyatandikawo ebitonde byonna, nabwekityo talemererwa kubizza gye byaava, Allah y'agamba: **{Era Y'oyo atandikawo (okutonda) ebitonde, bw'alimala n'abizzaawo (ku kuzuukira oluvannyuma lw'okubiggyawo}.** Surat Ar-Room (27), Era y'agamba nga ayanukula eyali awakanya okuzuukiza amagumba nga gamaze okuba amamulungufu: **{Gamba nti: Agenda kugazuukiza Oyo eyagatandikawo omulundi omuberyeberye. Naye Mumanyi ku buli kitonde}.** Surat Yaseen (79).
- Ensi akaseera ako ettaka lyakwo lijjakuba kkalu lyonna nga tekuli kiramu, tekuli bimera na miti gya kiragala, olwo enkuba etonnye buli kya kiragala kikomewo nga kiramu ku mutindo gw'ebimera omulungi. Nabwekityo Oyo alina obusobozi bw'okubiwa obulamu nga bimaze okufa ebimera wbyo, era y'alina obusobozi bw'okuzuukiza abafu ne balamuka, Allah y'agamba: **{Ne tussah okuva mu ggulu amazzi ag'omukisa ge tumeza nago amalimiro n'ebimera by'empeke ezikungulwa–N'emitende emiwanvu (egyalengeera) nga girina engo (z'ebirimba) eziberekaganye– Nga kyakulya ky'abantu ne tumulamusa nago (amazzi agava muggulu) ensi eba efudde (ekaze n'eddamu n'esibuka buto). (Mungeri y'emu) bwe kutyo bwe kuliba okuzuukira (kw'abafu okuva mu ntana}**. Surat Qaaf (9-11).

- Buli muntu alina amagezi akimanyi nti yenna asobola okukola n'okutandikawo ekinene, ate ekitali ekyo nga kitono kitegeeza tekiyinza kumulema. Ne Allah eyakola Eggulu n'ensi n'emmunyeenye eziri kubutonde obwewunyisa, era alina ye obusobozi okuzuukiza amagumba g'abafu nga nago gamaze okumulunguka kuba ky'ekitono ennyo ekyo, Allah y'agamba: **{Abaffe, tali Oyo eyatonda eggulu n'ensi ayinza okutonda ekifaananyi kyabwe (abantu, omulundi ogwokubiri)? Yee (Asobolera ddala)! Naye Ye Mutonzi, Omuyitirivu w'Okumanya!}.** Surat Yaseen (81).

**2** Tulina okukkiriza Okubalibwa n'emirimu gyaffe okupimibwa ku Minzaani: Allah ajjakubala emirimu gy'ebitonde byonna kw'ebyo bye baakolanga kunsi, yenna alinyweerera ku busiraamu bwe n'abufiirako, mazima okubalibwa kwe kujja kuba kwangu, ate alyesamba obusiraamu n'agatta ku Mutonzi we ekirala kyonna nga bw'ayonoona kunsi, okubalibwa kwe kujja kuba kuzibu nnyo nga kuzibu.

Emirimu giggya kuteekebwa ku Minzaani gipimibwe, emirungi giteekebwe ku kibatu kya Minzaani, na bwekityo emibi gibeere ku kibatu ekirala, Kale oyo yenna ebikolwa bye ebirungi gwe birisinga ebikolwa bye ebibi, olwo alibeera mu bantu b'ejjana, n'oyo ebikolwa bye ebibi gwe birisinga ebirungi, olwo alibeera mu bantu b'omuliro, era Allah talyazamaanya kintu kyonna.

Allah y'agamba: **{Tulissaawo ebipimo eby'obwenkanya ku Lunaku Lw'okuyimirira (mu maaso ga Allah) ne gutalyazaamaanyizibwa omwoyo kintu kyonna (mu mirimu gyagwo) ne bwe gulibeera (omulimu ogwo) obuzito bwagwo bwenkanankana obw'empeke entono ennyo, tugenda kuguleeta. Kimale okuba nga Ffe babazi (abalibala emirimu gy'abantu}.** Surat Al-Anbiyaa (47).

**3** Tukkiriza Ejjana n'omuliro nti gyebiri: Ejjana y'ennyumba y'ebyengera ebitaggwaawo, Katonda yagitegekera abakkiriza abamugondera, abawulize eri Ye n'Omubaka we, mulimu buli kika kya byengera eby'olubeerera, ebyo emyoyo gy'ebiwankirawankira, era ebitebenkeza amaaso mu byaagalwa eby'engeri zonna.

Y'agamba Allah, ng'akubiriza abaddu be okwanguyiriza okukola ebirungi basobole okuyingira Ejjana nga obugazi bwayo yenkana nga eggulu n'ensi: **{(Mweyunire (ng'abali mu mpaka) eri okusonyiyibwa okuva eri Mukama wammwe n'eri Ennyumba Ey'emirembe (Al-Jjanat), obugazi bwayo eyenkana nga eggulu n'ensi eyateekerwateekerwa abatya Katonda}**. Surat Al-Imraan (133).

Ate kye bayita Omuliro y'ennyumba y'ebibonerezo eby'olubeerera, Allah y'abitegekera abakaafu bonna abo ab'agyeemera Allah n'omubaka we, era erimu ebika by'ebibonerezo ebiruma bye tutalabangako wadde okubifumitirizaako oba okubirowoozako.

Allah y'agamba nga y'ewaza era nga yekesa abaddube okuyingira omuliro gw'eyategekera abakaafu: **{Mutye omuliro ogwo enku zagwo oba okukumwa kwagwo gukumirwa ku bantu n'amayinja, gwateekerwateekerwa abatakkiriza}**. Surat Al-Bakara (24).

Tukusaba Allah ow'ekitiibwa otuwe Ejjanah era otwanguyize okukola kyonna ekitusembeza gyeri mubikolwa n'emubigambo, era otutaase Omuliro n'okutwekesa okukola ebitusembeza okumpi nagwo mubigambo ne mubikolwa.

## 4 Tukkiriza Ebibonerezo bya Kaburi (entaana) n'ebyengera byayo, ne tukkiriza n'okufa nti kw'amazima, Allah y'agamba: **{Bagambe (Ggwe Nnabbi) nti: Agenda kubatta Malayika Walumbe oyo eyabakwasibwa (okubatta): oluvannyuma mulizzibwa eri Mukama Katonda wammwe}.** Surat As-Sajda (11).

Eno ensonga erabwaako buli omu, tekirina kubuusabuusibwa, era tukkiriza nti buli afa oba n'attibwa n'ensonga yonna, eyo y'eba entuuko ye ey'okuva munsi, era nti entuuko eyo bwetyo bweyamugerekerwa awatali kwongeramu wadde okukendeeza, Allah y'agamba: **{Bwe kiba kituuse ekiseera kyabwe, tebalindirizibwa kiseera (kya ssaawa) era tebakulembezebwa}**. Surat Al-A'raaf (34).

- Era buli muntu afa enkomerero ye eba etuuse nga atandise obulamu bwayo.

- Obujulizi mu ddiini y'obusiraamu bungi butukakasa okubaawo kw'ebibonerezo bya Kaburi eri abagyeemu n'ebyengera ebirungi eri abakkiriza abalongoofu, kino tukikkiriza bwe tutyo nga bwe kyajja nga tetuyingizaamu magazi gaffe mangi; kubanga kiri mu bitalabwaako ebyekusifu Allah by'eyatukweeka, gamba nga omuliro n'ejjana tebiri mu birabwaako, wabula amagezi g'omuntu gasobola okulamula ku bintu bye galabako kuno kunsi kuno.

- Nabwekityo Embeera za Kaburi n'ebibeerayo biri mu bitalabwaako, Singa byaali birabwaako omugaso gw'okukkiriza ebitalabwaako guba teguliiwo, era abantu b'alitiddenga okuziikanga bannabwe, Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Singa sikutya nti mujja kutya okuziikanga bannamwe nnaalisabye Allah abawulize ku bibonerezo bya Kaburi nga bwembiwulira nze", Hadiithi yayogerwa Muslim (2868) ne Annasaai (2058). Olw'okuba nti ekigendererwa kino ebisolo tebikirina, byo by'aweebwa okuwulira ebibeera muntaana.



## Ebibala by'okukkiriza Olunaku lw'enkomerero:

1 Okukkiriza olunaku lw'enkomerero kirina akakwaate kanene ak'okubuulirira abantu mu kukola emirimu emirungi n'okwesamba olunkulu olw'okwefaako ne kabandabe mu kukola emirimu emirungi.

Olw'ensonga eyo Obusiraamu bw'agatta okukkiriza olunaku luno wamu n'okukola emirimu emirongoofu, nga Allah bwe'yagamba: **{Mazima alabirira Emizikiti gya Allah y'oyo eyakkiriza Allah n'Olunaku lw'enkomerero}.** Surat At-Tauba (18), Era y'agamba Allah: **{N'abo abakkiriza obulamu obw'oluvannyuma bagikkiriza (Qur"an) nabo ku sswala zaabwe beekuuma}**. Surat Al- An'aam (92).

2 Okugolokosa n'okujjukiza abagayaavu abettanidde obulamu bw'ensi ennyo okutandika okulongoosa emirimu gyaabwe badde eri Omutonzi waabwe nga bamugondera, era bakimanye nti Obulamu bw'enkomerero bwalubeerera tebuliggwaawo.

Allah bw'eyasuuta Ababaka be y'ayogera ebirungi bye balina n'ensonga eviirako okuba nga balongoofu n'agamba: **{Mazima Ffe twabaawula n'ekizo (ennungi ddala), (nayo) kwe kujjukira Ennyumba Ey'obulamu Obw'oluvannyuma}**. Surat Saad (46).

Amakulu nti Emirimu gyaabwe Emirungi gy'abafuula ab'enkizo mu kujjukira Olunaku lw'enkomerero, ekintu eky'abatuusa ku bifo eby'ebbeeyi eby'ekitiibwa.

Abasiraamu abamu bwe besamba okwanukula omulanga gwa Allah n'Omubaka we y'agamba Allah: **{Abaffe musiimye obulamu bw'ensi okusinga obw'oluvannyuma? Tekuli okwesiima kw'obulamu bw'ensi ku bw'oluvannyuma wabula kintu kitono nnyo}.** Surat At-Tauba (38).

Omuntu bw'akkiriza olunaku luno, akakasa nti buli ky'engera ekiri kunsi tekigeraageranyizibwa ku byengera by'olunaku lw'enkomerero, na bwekityo buli kibonerezo ekyokunsi tekigeraageranyizibwa ku bibonerezo ebiribaawo nga enkomerero etuuse.

3 Okufuna obutebenkevu nti omuntu ajja kufuna omugabo gw'eyakolerera kunsi, bw'asubwa okufuna ekirungi tanakuwala wadde okutuuka okwetta olw'ennaku, wabula aguma n'akkiriza nti Omutonzi we tajjakubulankanya mpeera ye ne bweeba yenkana empeke entono ennyo ajja kugifuna kunkomerero, omuntu anakuwala atya nga amanyi nti Nnannyini kusala musango wakati we ne gwafunye naye obutakkaanya Ye talayazamaanya era Mwenkanya?

## > Okukkiriza okugera kwa Allah

### Amakulu g'okukkiriza okugera kwa Allah:

Kwe kukkiriza okujjuvu nti buli kibi n'ekirungi biva wa Allah era y'abigera, tewali kintu kyonna munsi kisukka kugera kwe, waddenga kiri bwe kityo, Kyokka Allah y'alagira era n'agaana abaddu be ebintu ebyenjawulo, naabafuula ab'esalirawo ku bikolwa byabwe, tebawalirizibwa wadde okukakibwa ku bikolwa byabwe, wabula babikola n'okusalawo kwabwe n'okwagala kwabwe, era tukimanye nti Allah y'eyabatonda n'atonda n'obusobozi bwabwe, Alunngamya oyo yenna gw'ayagadde n'okusaasira kwe, n'abuza oyo yenna gw'ayagadde olw'okumanya kwe.Tabuuzibwa ku by'akola wabula ebitonde byo bibuuzibwa.

N'okukkiriza Okugera kwa Allah emu kumpagi z'obukkiriza, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba ng'ayanukula ky'ebayita Obukkiriza: "Kwe kukkiriza Allah, ne Bamalayikabe, n'ebitabo bye, n'Ababaka be, n'Olunaku lw'enkomerero n'Okukkiriza Okugera kwa Allah nti ekirungi n'ekibi biva eri Allah". Yayogerwa Muslim (8).

### Okukkiriza Okugera kwa Allah kutwaaliramu ki:

Okukkiriza Okugera kwa Allah kutwaaliramu Ebintu Bina:

- Okukkiriza nti Allah yamanya dda buli kimu mu bugazi ne mubufunda, era y'amanya ebitonde bye nga tannaba kubitonda n'amanya ebyokulya byabyo, obulamu bwabyo, ebigambo byabyo n'ebikolwa byabyo, n'entambula zaabyo zonna n'ebifo mwe bibeera nabuli kimu kyonna ekibikwaatako, era y'amanya dda muntu ki aliyingira Ejjana n'ani aliyingira Omuliro, Allah y'agamba: **{Ye ye Katonda, tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Ye, Amanyi Eby'ewala ebitalabikako n'ebirabikako}.** Surat Al-Hashir (22).

- Okukkiriza nti Allah y'awandiika byonna ebyakulembera okumanya kwe nabissa ku Lubaawo olukuumibwa (llauhu Almahfudhu), Obujulizi bw'ekyo ky'ekigambo kya Allah ekigamba: **{Tewali kabi kagwawo mu nsi wadde (okugwa) ku mmwe mwennyini okuggyako nga kaawandiikwa mu Kitabo (kya Katonda ekiri w'Ali) oluberyeberye nga tetunnaba kukateekawo}.** Surat Al-Hadiid (22). N'ekigambo kya Nabbi (s.a.w) ekigamba: "Allah yawandiika Ebigero by'ebitonde emyaka emitwalo etaano oluberyeberye nga tannatonda ggulu na nsi". Yayogerwa Muslim: (2353).

- Okukkiriza okwagala kwa Katonda n'okusalawo kwe okwo okutasazibwaamu na kintu kyonna, ebintu byonna bigwaawo olw'okwagala kwa Allah n'okusalawo kwe, ky'ayagala kibeere kiba ne ky'atayagadde kibe tekiba. Allah y'agamba: **{Temuyinza kwagala, okuggyako nga Katonda Omulezi w'ebitonde ayagadde}**. Surat At-Takwir (29).
- Okukkiriza nti Allah Ye y'atandikawo ebintu byonna, era mazima Mutonzi waabyo Yekka, ebisigadde bitonde butonde, Nabwekityo Ye Muyinza wabuli kintu kyonna era akirinako obusobozi obw'enkomeredde, Allah y'agamba: **{Era y'atonda buli kintu N'akigera olugera ne kituukirira}**. Surat Al-Furqan (2).

## Omuntu alina okusalawo n'okwagala kwe:

Okukkiriza okugera kwa Allah tekigyaawo nti Omuntu alina okusalawo kwe mu bikolwa bye by'ayagadde, n'obusobozi okubikola; kubanga Obusiraamu n'obutonde bujulizi obukakasa ensonga eno.

Mu Shariya obujulizi tubujja mu Qur'an Allah y'agamba: **{Olwo lwe lunaku olw'Amazima (olw'okubaawo era tewali kirirugaana kubaawo). Omuntu ayagala anoonye eri Katonda we obuddo}.** Surat An-Naba (39).

Era Y'agamba kunsonga y'obusobozi bw'omuntu: **{Katonda Tawaliriza mwoyo okuggyako ekyo kye gusobola. Gusasulwa buli kirungi kye gukoze, ne gubonerezebwa ku buli kibi kye gwekoledde}**. Surat Al-Bakara (286).

N'obujulizi mu butonde mazima buli muntu amanyi nti alina okusalawo n'obusobozi kubikolwa bye by'akola ne by'asalawo okuleka, era ayawula wakati w'ebyo ebibaawo mu by'ayagadde, gamba ng'okutambula, n'ebyo ebibaawo nga tayagadde, gamba ng'okukankana n'okugwa wansi okw'amangu, wabula okusalawo kw'omuntu n'obusobozi bwe biri wansi wa kwagala n'amaanyi ga Allah Ow'ekitiibwa, Allah y'agamba: **{Eri oyo ayagala mu mmwe okulunngama. Temuyinza kwagala okuggyako nga Allah Omulezi w'ebitonde ayagadde}**. Surat At-Takwir (28-29), wano nno Allah y'akakasaawo okwagala kw'omuntu n'oluvannyuma n'akakasa nti okusalawo kw'omuntu kuyingira mu kusalawo kwe Allah, n'olw'okuba obutonde bwonna bwa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna. Tewali mu bufuzi bwe kintu kyonna okuggyako nga kiri mukumanya kwe n'okusalawo kwe.




**> {Ddala Ffe twamulunngamya (ne tumulaga) ekkubo (eggolokofu); (kati kiri gy'ali) oba yeebaza (n'akkiriza Obulunngamu) oba agaana (okukkiriza}. Surat Al-Insaan (3).**

## Omuntu okusobya n'eyeekwaasa okugera kwa Allah

Obusobozi n'okusalawo kw'omuntu by'ebirina akakwaate ku muntu okulagibwa n'okumugaana ekintu kyonna mu ddiini, kale nno omuntu akola ebirungi ajja kusasulwa olw'okulondawo ekkubo ery'okulunngama, era omukozi w'ekibi ajja kubonerezebwa olw'okulondawo ekkubo ery'obubuze

Allah Ow'ekitiibwa teyatulagira kuteeka munkola mateeka ge okuggyako nga tugasobola era Takkiriza muntu yenna aleka eky'amulagirwa oba okukola eky'amugaanibwa nga yeekwasa nti ekyo Allah y'akingerera bwatyo.

Ekirala Omuntu ono nga tannakola kibi kyonna, tamanyi kiki Katonda ky'eyamugerera okuggyako nga kimaze kubaawo, era Katonda yamuwa obusobozi n'okusalawo, n'amutegeeza amakubo g'ebirungi n'ebibi, kale nno bw'agyeemera Omutonzi we, ab'agyeemye n'akusalawo kwe ng'omuntu, era alindirire ekibonerezo okuva ewa Allah.



> **Singa omuntu akulumba n'atwala ssente zo n'akulumya, oluvannyuma n'akwetondera omusonyiwe nga yeekwasa Katonda nti y'akimugerera akikole, tosobola kukkiriza ky'eyeekwaasizza ekyo ekitali kituufu, era oba ojjakumubonereza n'okumuggyako ssente zo; kubanga ekyo y'akikola mu kw'esalirawo n'okwagala kwe..**

## Ebibala by’okukkiriza Okugera kwa Allah:

1 Okugera kwa Allah ky’ekimu ku bintu ebizzaamu amaanyi okukola ennyo n’obujjumbize, n’okufuba okusiimisa Katonda mu bulamu buno.
Abakkiriza balagibwa okukozesa amakubo ag’enjawulo okutuuka ku bye baagala n’okwesigamira Allah, Era n’okukkiriza nti amakubo ago tegavaamu kintu okuggyako ekyo Allah ky’eyagera edda, kubanga Katonda ye y’atonda amakubo ago wamu n’ebigavaamu.
Nabbi Muhammadi (s.a.w) y’agamba: “Faayo nnyo okukola ebyo ebikugasa, era osabe Allah akuyambe mu nsonga zo zonna, tokkiriza kulemererwa, ekikutuukako ekibi togambanga nti: Singa nakola bwenti kyandibadde bwekiti, wabula gamba nti: Katonda y’ageze era ky’ayagadde ky’akola, mazima ekigambo (Singa) kiggulawo emirimu gya Sitaane”. Yayogerwa Muslim (2664).

2 Omuntu okumanya obunafu bwe, n’atekuluntaza; kubanga tasobola kumanya ky’amugererwa, n’ebyo ebiribaawo mu maaso, n’olwekyo omuntu yennyini y’ekakasaako obukendeevu n’okulemererwa, n’obwetaavu eri Omutonzi we lubeerera na lubeerera.
Omuntu bw’afuna ekirungi yeegulumiza n’eyeeraba nga wakitalo, ate bw’afuna ekibi n’emitawaana atya n’anakuwala, omuntu tagenda kuwona kwekuluntaza na bujeemu ng’afunye ekirungi, wadde okuwona ennaku ng’afunye ekibi, okuggyako nga akkiriza okugera kwa Allah okubi n’okulungi, era n’akkiriza nti kyonna ekimutuukako ky’agerebwa dda Omutonzi Ow’ekitiibwa era y’akimanya.

3 Kuggyawo era ne kukendeeza ensaalwa, omukkiriza takwatibwa nsaalwa bantu balala kw’ebyo Allah by’eyabawa mu birungi n’ebyengera bye; kubanga Allah y’eyabagabirira n’abagerera ekyo, era akimanyi mukaseera w’akwatibwa ensaalwa ku muntu yenna ab’awakanyizza ekyo Allah ky’eyamugerera.

4 Okukkiriza okugera kwa Allah kuteeka mu mitima okwolekagana ebizibu n’obuguminkiriza; kubanga emitima gikkiriza nti ebbanga lyagyo n’ebyenfuna by’agerebwa dda, era omuntu tatuukibwaako kintu okuggyako eky’amuwandiikibwako edda.

5 Okukkiriza okugera kwa Allah kusiga mu mutima gw’omusiraamu obwennyini bw’obukkiriza, omulaba buli kaseera yesigamira Allah buli mbeera ye, nga bw’ateekawo amakubo agamutuusa ku ky’ayagala.

6 Okukkiriza okugera kwa Allah kuteeka obutebenkevu mu mwoyo, kale nno omukkiriza akimanyi nti ekimutuukako tekyaali kya kumusubwa, ate ekimusubwa tekyaali kya kumutuukako.



# *OKUTUKULA KWO*



# 2

Allah y'alagira Omusiraamu atukuze munda mu mubiri n'omutima gwe biveemu Shiriki n'endwadde z'emitima, gamba nga ensaalwa, okwekuluntaza, obutayagaliza n'okulongoosa kungulu obutayonoona n'okukola amazambi ameyolefu, omusiraamu bw'akola bwatyo, akakasibwaako okwagala kwa Allah nga bw'eyagamba: {**Mazima Allah ayagala abeenenya, era ayagala abeetukuza**}. Surat Al-Bakara (222).

## Ebiri mu mulyango guno:

**Amakulu g'okwetukuza oba Okweyonja**

**Okwetukuza okuva mu bikyaafu:**

- Okujjawo obukyaafu
- Empisa z'okutawaaza n'okumala Ekyetaago Emmanju

**Ekizuusi:**

- Ekizuusi Ekitono N'okufuna Wudhu

**Nfuna Ntya Wudhu?**

- Okwejjako Ekizuusi Ekitono
- Ekizuusi Ekinene N'okunaaba Omubiri
- Omusiraamu anaaba atya Janabah oba Ekizuusi Ekinene?
- Omuntu bwa alemererwa okukozesa amazzi

# > *Amakulu g'okwetukuza*

Ensibuko y'amakulu g'okwetukuza mu lulimi oluwarabu kitegeeza okweyonja n'okulongoosa.

Allah y'alagira Omusiraamu okwetukuza munda mu mubiri n'omutima gwe biveemu Shiriki n'endwadde z'emitima gamba nga ensaalwa, okwekuluntaza, obutayagaliza n'okulongoosa kungulu obutayonoona n'okukola amazambi ameyolefu, omusiraamu bw'akola bwatyo, akakasibwaako okwagala kwa Allah nga bw'eyagamba: **{Mazima Allah ayagala abeenenya, era ayagala abeetukuza}.** Surata Al-Bakara (222).

Allah y'atulagira okweyonja nga tugenda okusaala kubanga mu kusaala omuntu ab'ayogera butereevu na Mutonzi we, Kimanyiddwa bulungi nti omuntu yeeyonja n'ayambala engoye ze ezisinga okulabika obulungi bw'aba agenda kusisinkana kabaka oba pulezidenti, ate butya kwoyo agenda okusisinkana Kabaka wa bakabaka Omutonzi w'ebitonde byonna.

## Kwetukuza ki okwetaagisa okukolebwa ku sswala?

Allah y'alagira Omusiraamu okweyonja okw'Obusiraamu nga kwatteeka bw'aba agenda kusaala, ne bukubiriza okweyonja ku muntu asoma Qurani, okusaba Allah, n'okwebaka n'ebirala.

Omusiraamu agenda okusaala alina okweyonja okuva mu bintu bibiri:

1. Obukyaafu
2. Ekizuusi



> **Allah y'alagira Omusiraamu okwetukuza munda mu mubiri n'omutima gwe biveemu Shiriki n'endwadde z'emitima, n'okulongoosa kungulu obutayonoona n'okukola amazambi ameyolefu**

# > Okwetukuza okuva mu bikyaafu

- **Ebikyaafu:** By'ebintu ebirabwaako Obusiraamu bye bw'alamulako nti bikyaafu ne butulagira tubyetukuzeeko nga tugenda okusinza Allah.

- Ensibuko y'ebintu byonna kwe kuba nti bitukuvu bikkirizibwa, wabula obukyaafu bujjawo buzzi ku bintu ebyo, eky'okulabirako: Bwe tubuusabuusa obuyonjo bw'olugoye lwonna ne tutakakasa kubaawo kwa bukyaafu ku lugoye olwo, tudda kunsibuko yalwo nti lutukuvu.

- Ekiseera Ky'esswala bwe kituuka tulina okweyonjaako ebikyaafu ku mibiri gyaffe n'engoye wamu n'ekifo aw'okusaalira.



> Kimala okujjawo ebikyaafu kasita obukyaafu bwennyini buvaawo n'ekintu kyonna.

### N'ebintu Ebikyaafu:

| | |
|---|---|
| 1 | Omusulo gw'omuntu n'empitambi. |
| 2 | Omusaayi, wabula bwe guba mutono nnyo gusonyiyibwa. |
| 3 | Omusulo n'obusa bwa buli nsolo etaliibwa mu busiraamu. (laba olupapula 187) |
| 4 | Embwa n'embizzi. |
| 5 | Ebisolo Ebifudde byokka, wabula abantu abafudde, ebyennyanja n'ebiwuka byo bitukuvu ne bwe biba bifudde byokka. (laba olupapula 188) |

### Okwetukuzaako Ebikyaafu:

Kimala okujjawo ebikyaafu ku mubiri, engoye, ebifo eby'okusaaliramu n'ebirala – kasita obukyaafu obwo buvaawo mungeri yonna eba ekozeseddwa, gamba nga okukozesa amazzi ne bwe guba mulundi gumu ogw'amazzi n'ebirala; kubanga obusiraamu tebwaatukakasaako mirundi gimanyiddwa, ekikulu kasita obukyaafu buvaawo, okuggyako obukyaafu bw'embwa (amalusu gaayo, omusulo n'obubi bwaayo), bino bbyo binaazibwa emirundi musanvu ng'omulundi ogumu kugyo tukozesa gwa ttaka nga obusiraamu bwe bugamba, wabula ebikyaafu ebisigadde tetutunuulira mirundi, ekikulu kasita obukyaafu buvaawo, ne bwe wasigalawo ebbala oba olusu lw'obukyaafu, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba omu ku bakyala mu kunaaza omusaayi ogwa buli mwezi ku bakyala: "Kikumalira okunaazaawo omusaayi ogwo era ebbala erisigalawo terikosa". Yayogerwa Abu Dawud (365).

## Empisa z'okutawaaza n'okumala Ekyetaago Emmanju:

- **Kyagalwa nnyo** omuntu bw'ayingira emmanju oba ekinaabiro asooseeyo ekigere ky'ekya kkono, olwo ayogere ebigambo bino: (Bismillah Allahumma inni Audhu bika mina Alkhubuthi Wa Alkhabaithi).
- **Bw'afulumayo asoosa** kigere kye kyaddyo n'agamba: (Gufranaka).
- **Alina okusiikiriza** obwereere bwe abantu obutamulaba nga amala ekyetaago emmanju.
- **Kigaanibwa okumala** ekyetaago mu bifo abantu bye babeeramu.
- **Kigaanibwa gy'ali** bw'aba ku lukalu okumala ekyetaago ku mayinja olw'okuba kubeerako ebisolo ebimu, asobole obutakosebwa nabyo obutakosebwa.
- **Kikakata ku Musiraamu** obutayolekera Kibula oba okukikuba amabega ku lukalu n'ebifo by'ekyereerezi, wabula ekyo tekirina buzibu bwaba nga ali mu mazimbo okugeza nga ebinaabiro, olw'ekigambo kya Nabbi (s.a.w) ekigamba: "Bwe mugenda okumala ekyetaago, temwolekeranga eKibula wadde okukikuba amabega nga mumala ekyetaago ekitono oba ekinene". Yayogerwa Bukhari (386) ne Muslim (264).
- **Era alina okwegendereza** obukyaafu obutamansuka ku mubiri ne kungoye ze ng'amala ekyetaago, era bw'ekibaawo abunazeeko amangu ddala.
- **Bw'amala Ekyetaago** alina okukola ebintu bibiri:

| | | |
|---|---|---|
| Asobola okukozesa amazzi nga yetawaaza | Oba | Okukozesa obutambaala bw'empapula (Toilet paper), oba amafunfugu asatu oba ekirala kyonna ekikozesebwa okweyonja emmanju. |

- **Okukozesa omukono** ogwa kkono nga yeerongoosa oba nga yetawaaza.

## > Ekizuusi

- **Ekizuusi:** Y'embeera etuuka ku muntu ng'emulemesa okusaala okuggyako ng'amaze okweyonja n'atukula, era embeera eno terabwaako nga bwetwogedde ku bukyaafu.

- **Ekizuusi kiva ku musiraamu** kasita afuna wudhu oba nanaaba omubiri n'amazzi agatukula, n'amazzi amatukuvu: Geego agatatabuddwamu bukyaafu negatakyuuka langi yaago, oba obuwoomi bwaago oba empunya yaago.

- **Bw'afuna wudhu** aba mutukuvu era asobola okusaala esswala okutuusa bw'afuna ekizuusi ekijjawo wudhu ye.

**Ekizuusi kya Miteeko Ebiri:**

- Ekizuusi ekyeetaagisa omuntu okufuna wudhu yokka kimuveeko, era kye tuyita (Ekizuusi Ekitono).
- Ekizuusi ekyeetaagisa omuntu okunaaba omubiri gwonna kimuveeko, era kye tuyita (Ekizuusi Ekinene).

### Ekizuusi Ekitono N'okufuna Wudhu:

Obutukuvu bw'omusiraamu buvaawo ng'alina kufuna wudhu ndala okusaala kasita atuukibwaako bino wammanga:

1. Buli kyonna ekiva mu makubo abiri gamba nga omusulo, empitambi n'ebirala ng'okuyisa omukka, Allah y'anokolayo ebimu ku byonoona wudhu n'agamba: **{Obanga azze omu mu mmwe ng'ava okweyamba}** Surat An-Nisaa (43), Ne Nabbi (s.a.w) yayogera ku muntu abuusabuusa mu sswala, n'eyeebuuza wudhu ye eyonoonese oba nedda n'agamba: "Tava mu sswala okutuusa bw'awulira eddoboozi ly'okuyisa omukka oba n'awulira akasu" Yayogerwa Bukhari (175) ne Muslim (361).

2. Okukwata ku bwereere n'obwagazi, Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Yenna akwaata ku bwereere bwe alina okufuna wudhu". Yayogerwa Abu Dawud (181).

3. Okulya Ennyama y'enngamiya, era kino ky'abuuzibwa Nabbi (s.a.w) nti: "Abaffe, tufune wudhu nga tulidde Ennyama y'enngamiya, n'addamu nti "ye". Yayogerwa Muslim (360).

4. Amagezi g'omuntu okugenda n'otulo oba okugwa eddalu oba okutamiira.

OKUTUKULA KWO

## > Nfuna ntya Wudhu?

Okufuna Wudhu n'okwetukuza biri mu mirimu emirungi ennyo egisonyiyisa ebyonoono byaffe, Nabbi (s.a.w) Y'agamba: "Omuntu bw'afuna wudhu n'anaaza ekyenyi kye n'amazzi kivaamu buli kibi kyatunulako n'amaasoge, ate bwanaaza emikonogye n'amazzi, givaamu bui kibi kyakwatako, bwann=aaza ebigere bye n'amazzi, bivaako buli kibi kyalinnyako okutuusa bwatukula  yenna nga talina zambi" Yayogerwa Muslim (244).

### *Nfuna ntya wudhu ne nnejjako ekizuusi ekitono?*

Omusiraamu bw'agenda okufuna wudhu alina okumalirira mu mutima gwe, kubanga okumalirira kalombolombo akatukisa emirimu gyonna nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Buli mulimu gukolebwa nakumalirira" Yayogerwa Bukhari (1) ne Muslim (1907), oluvannyuma olwo n'atandika okufuna wudhu mu nsengeka gye tugenda okulaba n'okuliraanisa wakati w'ebikolwa by'okufuna wudhu.



**1**

Agamba nti (Bismillah).




**2**

Azzaako okunaaza ebibatu bye n'amazzi emirundi esatu.




**3**

Ayumunguza mu kamwa n'ayozaamu bulungi n'amazzi, olwo n'agawanda ebbali emirundi esatu, bw'akikola omulundi gumu nakyo kimala.



**4**

Afeesafeesa amazzi munnyindo, amakulu asika otuzzi tutono n'atujjayo, era kino kikulu nnyo kuba kirongoosa munnyindo n'etukula okujjako nga omuntu yasiibye awo tasika nnyo mazzi oluusi gayinza okutuuka mu lubuto, kino kikolebwa emirundi esatu, wabula ogumu nagwo gumala.




## 5



Okwo azzaako okunaaba ekyenyi, nakyo kitandikira ku kutu okutuuka ku kutu okw'okubiri mu bugazi, ate nekitandikira okuva ku bumerero bw'enviiri okutuuka ku kalevu mu buwanvu emirundi esatu naye n'ogumu gumala, wabula tujjukire nti Amatu tegabalibwa mu maaso oba ekyeenyi.

## 6



Ekiddako kunaaza mikono gye ng'atandikira ku nnwe z'engalo nga atwaliddemu n'enkokola, atandikira ku ddyo naddako kkono, kyagalwa nnyo okuginaaza emirundi esatu naye n'ogumu gumala.

## 7

Ekiddako, asiiga amazzi n'engalo embisi omulundi gumu ku mutwe gwonna okuva wegutandikira okutuuka ku nkoona, ate bw'amala n'aguzza ng'ava ku nkoona okutuuka ku ntandikwa y'omutwe, nga taleseewo katundu konna.



## 8

Oluvannyuma engaloze zebayita vva mu mba aziyingiza mu matu ge gombiriri olwo nno n'asiigisa kyalakisajja ku ngulu kwa matu, kino eky'okusiiga ku mutwe ne kumatu kikolebwa omulundi gumu.



## 9

Asembyaayo okunaaza ebigere by'ombiriri ng'atwaliddemu n'obukongovule, ng'akulembeza ddyo ku kkono. Era kirungi okusunsula obugere, bw'aba ayambadde Sitokisi asiigako kungulu wabula kino kiriko obukwakkulizo bwe tugenda okulaba mu bigambo byaffe ebijja, mu bufunze eyo y'engeri gyetufunamu wudhu. (laba olupapula 97)



## Ekizuusi Ekinene n'okunaaba Omubiri gwonna:

### Ebintu Ebitukakasaako Okunaaba:

Bino by'ebintu ng'omusiraamu bw'abikola kimukakatako okunaaba nga tannaba kusaala sswala yonna, era takkirizibwa kwetoloola Kaabah, omuntu ali mumbeera eno nga tannaba kunaaba aweebwa ekitendo eky'ekizuusi ekinene.

**Ebintu ebyo bye bino wammanga:**

1 **Okuvaamu** amazzi agazaala n'obwagazi mu mbeera yonna k'ebeere yatulo oba ssi tulo.

N'amazzi ago gaba meeru agava mu muntu n'obwagazi obw'amaanyi.

2 **Okwegatta,** kye tutegeeza wano bwe bweerere bw'omusajja okuyingira mu bw'omukazi amazzi agazaala ne bwegatajja, era kino kye bayita Janabah, Allah y'agamba: **{Bwe mubanga mulabaganye ne bakyala bammwe (nga mulina janabba), mwetukuzenga nga munaaba (omubiri gwonna}**. Surat Al Maaida (6).

3 **Omukyala** okuva munsonga yabuli mwezi n'okuggwaayo kw'omusaayi gw'okumala okuzaala (Haidhi ne Annifaasi):

- **Haidhi:** Guba musaayi ogwobutonde oguva mu nnabaana y'omukyala ng'omukyala akuze oba nga atuuse mu myaaka gy'omusaayi guno. Omusaayi guno gufuluma mu mukyala mu biseera ebimanyikiddwa, n'ekiseera ekisembayo obutono eky'omusaayi guno lunaku lumu n'ekiro kyalwo, ate ekisembayo obunene naku kumina ttaano.



> Kimala mu kunaaba okwetteeka okubunyisa amazzi omubiri gwonna.

- **Annifaasi:** Musaayi oguva mu nnabaana y'omukyala ng'amaze okuzaala, tewali kiseera kimanyikiddwa eky'omusaayi guno ekisembayo obutono, omukyala yenna aba azadde w'alabira omusaayi guno nga tegukyajja ateekeddwa okunaaba n'atandika okusaala.

Abakyala abali mu mbeera za Haidhi ne nnifaasi tebakkirizibwa kusaala n'okusiiba, wabula ennaku z'atasiibye mu mwezi gwa Ramadhani aziriwa ng'omwezi guweddeko, wabula esswala zo taziriwa, era mu kiseera ekyo omusajja takkirizibwa kwegatta na mukyala we ng'ali mu nsonga ezo, era omusaayi bwe guggwaayo bakakatibwaako okunaaba omubiri gwonna.

Allah y'agamba: **{Kale mwawukane n'abakayala (obuteegatta nabo) nga bali mu bulwadde bwabwe (nga bali mu Heezi). Temubasembereranga okutuusa nga lwe batukula ne banaaba. Bwe babeera nga batukudde (ne banaaba, olwo) mugendenga gye bali mu kifo awo Katonda we Yabakkiriza (mwegattenga nabo emberi waabwe, sso ssi mabega}**. Surat Al-Bakara (222).

## Omusiraamu anaaba atya Janabah oba yejjako atya ekizuusi ekinene?

Kimalira omusiraamu okunaaba okwetteeka okubunyisa amazzi omubiri gwonna.

- Wabula ennaaba esinga obulungi yeeno: Omuntu okutandika okunaaba n'agamba (Bismillah), oluvannyuma anaaza ebibatu bye emirundi esatu, n'atawaaza obwereere n'ekifo ekibwetoolodde naddala awali obukyafu, olwo n'afuna wudhu nga tanaazizza bigere kuba byo abisembyaayo nga anaaba, oluvannyuma anaaba mu mutwe gwe wamu n'amatu emirundi esatu, ne yeekuuta omubiri gwe oludda olwaddyo ne ssabuuni bulungi nadda kulwakkono bw'atyo, naye afuba okulaba nti ebifo byonna ebyo ku mubiri byonna biyonjebwa nga munkwaawa n'amaviivi newalala wonna.
- Bw'amala okunaaba bulungi kimumalira obutafuna wudhu, wabula tulabye ennaaba esinga obulungi erimu n'okufuna wudhu olw'okuba y'eyajjibwa ku Nabbi (s.a.w).

### Omuntu alemererwa okukozesa amazzi:

Omusiraamu bw'alemererwa okukozesa amazzi okufuna wudhu oba okunaaba omubiri; olw'ensonga y'obulwadde, obanga amazzi tegaliiwo, obanga agaliwo gamala kunywa na kufumbisa kyokka, obusiraamu bumugamba afune wudhu ey'ettaka wansi (gye tuyita Attayammamu) okutuusa lw'afuna amazzi.

**Engeri y'okufuna wudhu ey'ettaka:** Ateeka ebibatu bye ku ttaka eddungi n'asiiga mu maasoge ne kungulu kw'ebibatu bye n'ettaka omulundi gumu.

## Okusiiga ku Sitokisi:

Ebimu ebiraga obulungi bw'obusiraamu kwe kuba nti omusiraamu asobola okusiiga ku Sitokisi z'ayambadde mu bigere bye n'engaloze embisi awatali kunaaza n'amazzi ng'afuna wudhu, wabula kino kiriko obukwakkulizo era bwe buno: Akasooka alina kuba yazambadde nga alina wudhu ey'okunaaza ebiyungo byonna n'amazzi, ak'okubiri alina okusiigira mu budde obumanyikiddwa eritasukka saawa 24 ku muntu atali mutambuze (atali mu safaari), ate ku muntambuze essaawa 72, z'ennaku ssatu.



Okuggyako mu kunaaba Janabah alina okunaaba omubiri gwonna talina ky'asiiga, eby'okusiiga ku sitokisi kukola ku wudhu yokka.

OKUTUKULA KWO



# *ESSWALAYO*



# 3

Esswala y'emu kumpagi z'eddiini ennene era enkulu, eyunga omuddu wakati we ne Katonda we, Allah y'alagira omusiraamu okugyekwaatako mumbeera ze zonna, k'abeere mutambuze, oba mutuuze, oba mulamu obanga mulwadde esswala alina okugisaala ebbanga ly'amala ng'ategeera bulungi n'amagezige.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Ekifo ky'esswala mu busiraamu n'obulungi bwaayo**

**Ebirungi by'esswala**

**Esswala ettaano ez'etteeka n'ebiseera byazo**

**Ekifo ky'esswala**

**Engeri y'okusaalamu esswala**

**Nsaala ntya?**

**Empagi z'esswala n'ebyetteeka byaazo**

- Ebyonoona Esswala
- Ebitamwa mu sswala

**Esswala ezitali zatteeka z'eziriwa?**

**Esswala ya Jamah**

**Okwaziina**

**Okwewombeeka mu sswala**

**Esswala ya Jumah**

**Esswala y'omuntu ali mu lugendo**

**Esswala y'omulwadde**

# Esswala

Esswala mu lulimi oluwarabu kitegeeza “okusaba”, Esswala mu nnamula y’eddiini y’obusiraamu: Kuba kusinza okulimu ebigambo n’ebikolwa nga etandika n’ekigambo Allahu Akabar, n’ekomekkereza ne Salaamu.



Esswala y’eyunga era n’egatta wakati w’omuddu n’Omutonzi we, ayolesa omuddu obugonvu, obwetowaze n’okwagala eri Omutonzi we, era y’empagi esinga obukulu oluvannyuma lwa “Laa ilaaha illa Allah muhammadu Rasulu Allah” olw’okuba ereeta ekitangaala n’okutebenkera mu mutima gw’omuntu, era omuntu agye kwaatako emuziyiza okugwa mu bwonoonefu bungi, era Allah Asangula ku nnannyini kwekwata ku sswala ebyonoono bingi kuye. Allah y’agamba: **{Mazima esswala eziyiza (oyo agisaala) okukola eby’obuwemu n’ebitayagalwa (mu Busiraamu}**. Surat A-Ankabuut (45).

## > Obukulu bw’esswala n’obulungi bwayo

Esswala gw’emulimu ogusinga obukulu ogukolebwa omubiri, era kusinza okubuna omutima, amagezi n’olulimi, era obukulu bw’esswala bulabikira mu bintu bingi omuli:

### Esswala erina ebifo eby’enkizo mu busiraamu:

1 Esswala mpagi nkulu nnyo mu busiraamu, era eri ku ddaala lya kubiri munsengeka y’empagi z’obusiraamu; kubanga empagi esooka ye shahada y’obusiraamu, (amakulu okukkiriza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah n’okukkiriza nti Nabbi Muhammadi mubaka wa Allah), nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: “Obusiraamu bw’azimbibwa ku mpagi ttaano: Esooka ye “ Ash- hadu Allaa ilaaha illa Alla wa –ashhadu Anna Muhammada Rasuul Allah”, amakulu okukkiriza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah n’okukkiriza Nabbi Muhammadi mubaka wa Allah, eyokubiri kusaala sswala ettaano…” Yayogerwa Bukhari (8) ne Muslim (16).

2 Obusiraamu bw'afuula esswala nga y'enjawulo eri wakati w'omusiraamu n'atali, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Wakati w'omuntu Omusiraamu ne Shiriki n'obukaafu kuleka sswala" Yayogerwa Muslim (82). Era n'agamba: "Enjawulo eri wakati waffe abasiraamu na Batali basiraamu y'esswala, yenna aleka esswala aba akaafuwadde nga si musiraamu" Yayogerwa Tirmidhi (2621) ne An-Nasa'i (463).

3 Allah Ow'ekitiibwa y'alagira okwekwaata ku sswala mu mbeera yonna. K'ebeere ya bulamu, bulwadde, ya lugendo, si lugendo ne bweeba ya lutalo era esaalibwa okusinziira ku busobozi bwabwe, Allah y'agamba: **{Mwekuume okuyimirizaawo esswala (zonna) {2:238}, era yatenda abaddu be abakkiriza n'agamba: (Era be bo abakuuma okutuukiriza esswala zaabwe}.** Surat Al-Muminuun (9).


## Ebirungi bye tufuna mu kusaala:

Waliwo obujulizi bungi obwogera ku bulungi bw'esswala okuva mu Qur'an ne Hadiithi omuli:

1 Mazima zo zisangulawo amazambi amatono ku muntu azekwaatako, Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Esswala ettaano n'esswala ya Jumah buli wiiki bisangulawo amazambi amatono kasita amanene geewalibwa" Yayogerwa Muslim (233) ne Al-Tirmidhi (214).

2 Esswala kitangaala ekimasamasa eri Omusiraamu mu bulamu bwe bwonna, eziyiza obwonoonefu n'empisa embi singa omuntu agisaala mungeri entuufu, Allah Y'agamba mu Qur'an: **{Mazima esswala eziyiza (oyo agisaala) okukola eby'obuwemu n'ebitayagalwa (mu ddiini}.** Surat Al-Ankabuut (45) ne Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Esswala kitangaala" Yayogerwa Muslim (223).


3 Gw'emulimu omuntu gw'agenda okusooka okubalibwa ku lunaku lw'enkomerero, bw'erisangibwa esswala nga yali nnungi emirimu egisigadde gijja kukkirizibwa, wabula bwe birigaanibwa esswala, emirimu egisigadde nagyo gijja kugaanibwa, nga bw'ekyajja mu Hadiithi ya Nabbi (s.a.w) mu (Al-Mujam Al-Awsat Al-Twabarani 1859).



**> Allah y'alagira okwekwaata ku sswala mu mbeera z'omuntu zonna, kazibeere za ntalo oba ez'ebizibu.**

## Esswala Ekakata kw'ani?

Esswala ekakata ku buli musiraamu omukulu ategeera obulungi, n'omukyala atuuse okugenda munsonga zabuli mwezi, wabula tasaala ng'ali munsonga, n'akaseera ng'amaze okuzaala okutuusa omusaayi lwe guggwaayo. (laba olupapula 96)



Esswala ky'ekiseera ekisinga obuwoomi eri omukkiriza ng'akoowoola Omutonzi we ng'asaala.

Era afuna obutebenkevu, emirembe, n'okubeesa beesabwa okuva ew'Omutonzi we Allah.

Y'eyasinga okutebenkeza Nabbi (s.a.w) nga bw'eyagamba: "Nafuulirwa esswala ekitebenkeza omutima gwange" Yayogerwa Al-Nisa'I (3940).

Era Nabbi (s.a.w) y'agamba nga Omwaziinyi we Bilali Allah y'asiima ku ye: "Owange Bilaal kima esswala tutebenkere nayo" Yayogerwa Abu Dawud (4985).

Era Nabbi (s.a.w) buli bw'eyafunanga embeera emunakuwaza yaddanga eri okusaala esswala. Hadiithi yayogerwa Abu Dawud (1319).

**Era omusiraamu alamulwaako nti muntu mukulu bw'afuna ekimu ku bubonero buno wammanga:**

| |
|---|
| Bw'aweza emyaka "15". |
| Bw'amera enviiri mu bifo bye eby'ekyaama. |
| Bw'atandika okuvaamu amazzi agazaala, k'abeere nga yeebase oba atunula. |
| Omukyala bw'atandika okugenda munsonga zabuli mwezi. |

## > *Bukwakkulizo ki obulina okubeerawo ku sswala?*

1 **Okwejjako kw'ekizuusi** n'okwewala obukyaafu nga bwe twabinnyonnyodde.

2 **Okubikka obwereere:**

Kyatteeka okubikka obwereere n'ekyambalo ekitalaga biyungo bya mubiri. N'obwereere bwa mirundi esatu:

**Obwereere bw'omukyala mu sswala:** Omubiri gwe gwonna okujjako ekyenyi kye n'ebibatu bye.

**Omwana omuto:** Obwereere bwe buli mu bifo bibiri, awayita omusulo n'awayita empitambi.

**Omusajja:** Obwereere bwe butandikira ku kkundi okutuuka wansi wa maviivi.

Allah y'agamba: **{Abange Abaana ba Adamu! Mwambalenga ebyo ebibikka obwereere bwammwe, n'ebyo ebibalabisa obulungi mu ngoye ennyongyo awali buli Muzikiti (oba mukifo aw'okusaalira}.** Surat Al-A'raaf (31).



> **Kyatteeka omukyala Omusiraamu okubikka omubiri gwe gwonna ng'asaala okuggyako ekyenyi kye n'emikono.**

ESSWALAYO

## 3 Okwolekera ekibula:

Allah y'agamba: **{Era buli wonna w'obanga oli yolekezanga amaaso go ku ludda lw'omuzikiti Ogw'emizizo ogwe Makkah (mu kaseera k'esswala); era buli wonna we mubanga muli (mmwe Abasiraamu) mwolekezenga amaaso gammwe ku ludda lwagwo (bwe muba musaala)}.** Surat Al-Bakara (149).

- N'ekibula abasiraamu gye batunula nga basaala ye Kaabah eyazimbibwa Nabbi Ibrahiim, era tukikakasa bulungi nti yo terina mugaso gw'etuusa ku muntu wadde okumukosa, wabula Allah y'atulagira okwolekera oludda lwayo nga tusaala; abasiraamu bonna basobole okubeera obumu n'okwegatta ku ludda lumu, kale nno tusinza Allah n'oludda olwo.



> Allah y'agamba: {Mazima esswala zaalaalikibwa ku bakkiriza ebiseera ebigerek}. Surat An-Naisaa{4:103}

- Kyatteeka ku basiraamu bonna okwolekera ku ludda lwa Kaabah, wabula abo abali ewala, kibamalira okwolekera oludda lwe Kibuga Makkah, Okukyuukamu akatono ku ludda lwakyo tekikosa, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Wakati w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba kibeera kiblah" Yayogerwa Tirmidhi (342).
- Omusiraamu bw'alemererwa okutunula eri ekibula olw'obulwadde oba ekirala kyonna obwetteeka obwo bumuvaako kuba tasobodde, kino kitegeeza buli kyatteeka eky'alagirwa mu busiraamu kiva ku muntu olw'obutasobola, nga Allah bw'eyagamba: **{Mutye Allah okusinziira ku busobozi bwammwe}.** Surat At-Taghaabun (16).

## 4 Okuyingirawo kw'ekiseera ky'esswala:

Kano kakwakkulizo kakulu nnyo, era esswala teba ntuufu ng'ekiseera kyayo tekinnatuuka, era tekikkirizibwa kugikeereya okusukka ekiseera kyayo ekigereke, nga Allah bw'eyagamba: **{Mazima esswala zaalaalikibwa ku bakkiriza ebiseera ebigereke}.** Surat An-Nisaa (103).

**Kitugwanidde okwetegereza nga ekiseera ky'esswala kituuse nga tusinziira ku bino wammanga:**

- Ekisinga obulungi kusaala sswala mu budde bwaayo obusookera ddala.
- Kyatteeka okusaalira esswala mu budde bwayo obumanyiddwa, era tekikkirizibwa kugikeereya wabweeru wa budde bwayo mu mbeera yonna.
- Oyo yenna ayitwaako esswala olw'okwebaka oba okwerabira alina okwanguwa mbagirawo okugisaala akaseera k'agijjukiriramu.

## > Esswala Ettaano N'ebiseera byazo Ebigereke

Mu busiraamu tulina esswala taano ezikakata ku buli musiraamu yenna omusajja n'omukazi okuzisaala buli lunaku, esswala ezo z'ezino wammanga wamu n'ebiseera byazo nga bwe ziddiringana musengeka y'azo:

**Esswala ya Fajir oba Subuhi:** Ya Raaka bbiri, Esswala eno etandika kumakya nga emmambya esaze kuggulu n'erabika, ate ekiseera kyayo ne kigwaako nga enjuba evuddeyo ku ggulu ku ludda lwayo olw'ebuvanjuba.





**Esswala ya Dhuhuri:** Ya raaka nnya. Etandika okuva enjuba lw'ekyuuka okuyita mu makkati ge ggulu, n'edda ku ludda enjuba gyegwiira, ate ekiseera kyayo kikoma kasita ekisiikirize ky'ekintu kyonna kyenkanankana n'ekintu ekyo mu buwanvu. Kitegeeza ekisiikirize bwe kyenkanankana n'ekintu ekyo oba omuntu oyo, Dhuhuri eba eweddeko nga Aswiri eyingiddewo.

**Esswala ya Aswiri:** Ya raaka nnya, ekiseera kyayo kitandika amangu ddala nga Dhuhuri eweddeko, (amakulu kasita ekisikirize ky'omuntu yenna kyenkanankana n'obuwanvu bwe), awonno ne kiggwaako ekiseera kyayo nga enjuba tennaba kufuuka ya kyenvu.





**Esswala ya Maghribi:** Ya raaka satu, ekiseera kyayo kitandika nga enjuba egoloobye n'eggweerayo yonna; kubanga oluusi esobola okubulira mu bire, oba kunsozi, abamu ne balowooza enjuba egoloobye, sso nga tennaba, era kino ky'ekiseera kyennyini omusiibi ky'asiibulukukirako, ate n'ekiggwaako nga ebire ebimyuufu bivudde ku ggulu. Kino omuntu tasobola kukimanya okujjako ng'atunudde ku ggulu ne yetegereza bulungi nti ebire ebimyuufu by'ebivuddeko, sso ssi ebire ebyeeru.

**Esswala ya Ishae:** Ya raaka nnya, ekiseera kyayo kitandikirawo nga Magaribi eweddeko, n'ekigendera ddala mpaka wakati w'ekiro, oba mpaka ku kitundu ky'ekiro ekisooka.
NB: Kalenda eziraga ebiseera by'esswala n'ezokumasimu zisobola okwesigamwaako, ne tutatunula waggulu kubimanya.



**Omusiraamu asobola okwesigamira amakubo gonna agamumanyisa okutuuka kw'ebiseera by'eswalah, era nga tekimukakatako kutunuulira kuyingira kwabudde bwa swalah ye kennyinyi.**

ESSWALAYO

## > *Ekifo Aw'okusaalira*



Allah y'alagira okusaala esswala awamu mu Jjamah, era n'atukubiriza okusaalira mu muzikiti; kiyambeko abasiraamu okukunngaanira awamu nga bali bumu; obwasseruganda n'okwagalana wakati wabwe bw'eyongere, era ne bugifuula nga esinga esswala y'omuntu omu amadaala mangi, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Esswala y'omuntu mu Jjamah esinga asadde obw'omu amadaala 27". Yayogerwa Bukhari (619) ne Muslim (650) ne Ahmed (5921).

Wabula esswala ekkirizibwa okusaalibwa mu buli kifo, era kino kiraga okusaasira kwa Allah gye tuli n'okutwanguyiza, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Nafuulirwa ebifo byonna munsi nga bitukuvu bisaalirwaamu esswala, omuntu yenna mukibiina kyange esswala w'emusangira asaalire mu kifo ekyo" Yayogerwa Bukhari (328) ne Muslim (521).

### Ebirina okutunuulibwa mu kifo aw'okusaalira Esswala:

Obusiraamu bulambika nti ekifo eky'okusaaliramu kiteekwa okuba nga kiyonjo, Allah y'agamba: **{Ne Tulagira Ibrahiimu wamu ne Ismaili nti: Mutukuze Ennyumba Yange (Kaaba) ku lw'abo abagyetooloola, n'abo abagituulamu n'abakutama okuvunnamiramu nga basaala}.** Surat Al-Bakara (125), ensibuko y'ebifo bino kuba nti biyonjo, wabula obukyaafu bujjawo buzzi, kale omuntu bw'aba tamanyi kubaawo kwa bukyaafu, alina kukitwaala nti ekifo kiyonjo, era tekimukakatako wansi kuteekawo mukeeka oba musaalo oba ekintu kyonna.

**Waliwo ebintu ebiwerako ebirina okutunuulirwa mu kifo ky'okusaaliramu, omuli:**

1. Obutakosa bantu mu kifo aw'okusaalira, gamba ng'oyo asaalira mu makubo, n'awayita abantu n'awagaanibwa okuyimirira, kubanga kino kireeta omujjuzo gw'abantu, ate nga Nabbi (s.a.w) y'agaana okukosa abalala n'agamba: "Omuntu takkirizibwa kwekosa wadde okukosa abantu abalala" Yayogerwa Ibn Majah (2340) ne Ahmad (2865).
2. Tekirina kubaamu kintu kyonna kiwugula musaaze, gamba ng'ebifaananyi, amaloboozi amangi, oba ennyimba.
3. Obutasaalira mukifo obusiraamu webukakkanyizibwa gamba nga okusaalira mukifo webajeeja n'okujerega omusaaze nga ebbaala , ate Allah yatugaana okuvuma abatali basiraamu bye basinza, baleme kuvuma Allah olw'obulumbaganyi awatali kumanya, Allah y'agamba: **{Temuvumanga ebyo bye basinza abatali basiraamu, kubanga bandivuma Katonda ku lw'obulumbaganyi awatali kumanya…}.** Surat Al- An-Aaam (108).
4. Ekifo kirina okuba nga tekitegekebwaamu kugyeemera Katonda, gamba nga ebiduula n'ebifo ebisanyukirwamu nga ebivvulu, era kitamwa okusaalira mu bifo ebyo.



ESSWALAYO

## > *Ekifo Aw'okusaalira*



Abaffe, osobola okusaalira mu muzikiti wamu n'abasaala (mu jjamah)?

Bwekiba nti Yee: Awonno kikakata ku musajja okusaalira esswala mu Jjamah, era ky'ekimu ku mirimu egisinga obukulu era egyagalibwa Katonda, wabula abakyala baddembe nabo okusaalira ku muzikiti naye ssi tteeka ku bo.

Bwekiba nti Nedda:

Bw'oba tosobola kusaalira ku muzikiti, ekibuuzo, ekifo aw'okusaalira wakyaafu?

Bwekiba nti Yee: Kigaanibwa okusaalira mu kifo ekikyaafu, era Katonda yatulagira okwetukuza nga twe tegekera esswala.

Nedda:

Ekifo bwe kiba nga ssi kikyaafu, tubuuza, ekifo ekyo okukisaaliramu kinakuwaza abantu abalala, ng'okuba nga kkubo mwe batambulira?

Bwekiba nti Yee: Kigaanibwa okunyiiza abantu n'okubakosa ne bwe kiba kiseera kya sswala, era olina okufuna ekifo ekirala.

Bwekiba kiba nti Nedda:

Ekibuuzo, ekifo ekyo kiriimu ebiwugula omusaaze gamba ng'ebifaananyi oba amaloboozi agawaggulu?

Bwekiba nti Yee: Awo nno kikubirizibwa obutasaalira mu kifo ekiwugula ebirowoozo by'omusaaze nga ebiduula n'ebirala.

Nedda: Ekimu ku by'eyawulidde Obusiraamu nga tebyaweebwa mirembe mirala, kwe kuba nti Allah y'afuula buli kifo ekikkirizibwa okusaaliramu esswala munsi yonna.

# > Engeri gye tusaalamu Esswala

**1 Okumalirira:**

Okumalirira kalombolombo k'esswala okuba entuufu, amakulu omuntu bw'agenda okutandika esswala ateeka mu mutima gwe nti agenda kusaala Sswala ya Magarib ey'eraka satu (3), era talina kwatula na kwogera bigambo ebyo, wabula bikoma mu mutima gwe n'atandika okusaala; olw'okuba Nabbi (s.a.w) ne Ba Swahaba be tebagyoogeranga.

**2 Ayimuka Omusaaze n'ayolekera eri Ekibula,** n'aleeta takbiira eggulawo esswala nga asitudde emikonogye n'agamba nti: Allahu Akbaru , engaloze azigatta wamu ku ntandikwa ya takbiira neyenkanya emikonogye n'ebibegabegabye, oba n'eyenkanya emikonogye n'amatuge, era omugoberezi naye ayogera takbiira eyo nga Imaamu amaze eyiye, mu kwogera takbiira zino ayolekeza amaasoge ku kifo w'avunnamira omutwe gwe, Imaamu akulembera abantu mu kusaala agyogera lwaatu, era ne takbiira endala zonna azireeta mulwaatu; abamugoberera basobole okuziwulira, wabula bo abagoberezi bazoogera mu kyaama, ekirala omuntu asaala yekka naye azoogera mu lwaatu.





Kyatteeka okwogera takbiira eno, era y'eggulawo esswala, esswala teba ntuufu okujjako nga omusaaze y'agyogedde kuntandikwa, takbiira eno amakulu gaayo gali nti Allah Munene era wakitiibwa okusinga buli kimu.

**3 Oluvannyuma** lwa takbiira ateeka emikonogye gyombiriri ku kifuba kye, ekibatu kye ekya ddyo akissa ku kibatu ky'omukono ogwa kkono amaaso ge n'agatunuza w'anaavunnamira.

**4 Asoma edduwa eggulawo esswala n'agamba:** (Subuhanaka Allahuma Wabihamdika Watabaraka ismuka, Wa taala jadduka Wala ilaaha ghayiruka).

**5 Ayogera n'agamba:** (A-uudhu billaahi mina shayitwaani rrajiim), amakulu: Nneekingiriza okuva ewa Allah obubi bwa sitaani.

**6 Ayogera n'agamba:** (Bismillaahi rrahmaani rrahiim), amakulu: Nsooka okusoma ku linnya lya Allah Omusaasizi ennyo Ow'ekisa ekingi.

**Akola atya oyo atamanyi bisomebwa mu sswala alfatiha n'ebisomebwa mu sswala?**

Omuntu eyakasiramuka nga tannaba kumanya kusoma Alfatiha n'ebisomebwa mu sswala alina okukola bino:

- Alina okunyiikira ennyo okuyiga ebyo ebyetteeka ebisomebwa mu sswala, kubanga birina kusomebwa mu luwarabu, nabyo bye bino:

Alfatiha ne takbiira eggulawo esswala, Subhaana Rabbi Al adhwiimi, Samia Allahu liman hamidah, Rabbana laka Alhamduh, Subhaana Rabbii Al aala, Rabbi Ighifirli, Attahiyatu ne Assalaamu alaikm warahmatullah emaliriza esswala.

- Kyatteeka ku musiraamu mu sswala nga tannaba kuyiga byogerwa mu sswala okuddingana edduwa z'eyakayiga mu sswala okutuusa bw'anaayiga ebisomebwa mu sswala byonna, Allah y'agamba: **{Mutye Allah okusinziira ku busobozi bwammwe}**. Surat At-Taghabun (16).
- Mu mbeera eno omusiraamu alina okunyiikira okusaalira esswala mu Jjamah ku Muzikiti bw'aba musajja, kimuyambe okutereeza esswala ye, n'olw'okuba nti Imaamu amalira abasaalira emabega we ensobi entonono mu kusaala.

7 **Asoma Surat Alfatiha,** era ye Surat esinga enkizo mu kitabo Qur'an

- Allah y'asitula eddaala Omubaka we olw'okumussaako Surat eno mu kigambo kye ekigamba: **{Mazima Ffe Twakuwa (essuula eyo eya a'ya omusanvu- Alfaatiha) eddinnganwa mu kusoma ne Kuraane Ey'ekitiibwa}.** Surat Al-Hijir (87), surat eno eyitibwa ey'omusanvu olw'okuba erina ayati musanvu.
- Kikakata ku buli musiraamu okuyiga essuula eno; kubanga okugisoma mu sswala mpagi mu mpagi zaayo.

8 **Alfatiha** bw'emala okusomwa omusaaze agamba nti (Amiin), kitegeeza "Ayi Allah yanukula".

9 **Asoma oluvannyuma** lwa raka ebbiri essuula yonna oba ayat mu Qur'an, wabula ku raka ey'okusatu n'ey'okuna akoma ku Alfatiha yokka.

- Okusoma Alfatiha n'ekisomwa kyonna oluvannyuma lwayo, bisomwa mu lwaatu bwe tuba tusaala esswala ya Fajiri ne raka ebbiri ezisooka ku sswala ya Magharib ne Ishae, era zino n'ezikolebwa mu kyaama mu sswala ya Dhuhuri ne Aswiri.
- Ebigambo ebirala byonna bisomwa mu kyaama.

## N'amakulu ga Alfatiha geegano:

(Al-Hamdulillaahi rabbil alamiin): Ntendereza Katonda n'ebitendo bye byonna, ebikolwa bye, emikisa gye emyoyolefu n'egy'ekyaama, wamu n'okwagala n'okumugulumiza, Omulezi y'Oyo omutonzi Omufuzi owa waggulu Omukyuusakyuusa wabuli kimu era Omugabi w'ebyengera, ate ebitonde ky'ekintu kyonna ekitali Allah Omuyinza w'ebintu byonna okuva mu majinni, abantu, bamalayika, ebisolo, ebiwuka, ensozi n'ebirala byonna.

(Arrahmaani rrahiim): Gano manya abiri mu mannya ga Allah amalungi, Arrahmaani kitegeeza ekisa kya Allah ekibuna buli kitonde, ate Arrahiim kuno kusaasira okuli kubakkirizza bokka.

(Maaliki yawumi ddiini): Amakulu Omufuzi Omukyuusakyuusa wa buli kimu ku lunaku lw'okubalibwa , n'olwekyo kino kijjukiza omusiraamu ku lunaku lw'enkomerero, awo nno alafuubane mu kukola emirimu emirungi

(Iyyaaka naabudu wa iyyaaka nasta een): Ffe mazima gwe wekka gwetusinza nga tuli bagonvu, tetukugattako kirala kyonna mu kusinzibwa kwo, era gwe wekka gwetusaba obuyambi mu mbeera zaffe zonna, buli kintu kyonna kiri mu mikono gyo tewali nakimu akirinako wadde akatono akenkana nga empeke ya kasooli

(Ihdina swiraatwa almustakiim): Tulunngamye ku kkubo Eggolokofu era olitunyweerezeeko okutuusa lwe tulikusisinkana, n'ekkubo Eggolokofu Y'eddiini Busiraamu eyo ey'amazima mu nzikiriza zonna, era yeeyo Nabbi Muhammadi (s.a.w) gye y'atulekera twekwateko.

(Swiraatwa lladhiina an-amta- alaihim): Amakulu Ekkubo ly'abo be wagabira Ekyengera ky'okulunngama n'okunyweererera ku busiraamu obutuufu omuli Ba Nabbi, Abantu abaali abalongoofu abo abaamanyikibwa n'amazima wamu n'okugagoberera.

(Ghairil mag dhuubi alayihim wala dhaalin): Ayi Allah twesambye era otutaase amakubo g'abo be wasunguwalira n'obanyiigira; olw'okumanya amazima ne batagakolerako, nabo be Bayudaaya na bonna ab'abagoberera, era otutaase ekkubo ly'abo abataalunngama ku mazima olw'obutamanya, nabo be Bakukristaayo na bonna abaakola ebikolwa byabwe ebikyaamu.



10 Oluvannyuma aleeta takbiira emutwaala ku maviivige nga bw'ayogera nti "Allahu Akbar". ekyo akikola nga bw'asitula e mikonogye gyombiriri nga bw'eyagikoze kuntandikwa y'esswala.

11 Omusaaze akutama ku maviivi naateeka emikonogye ku maviivige n'abanga agakutte, era ayanjuluza engaloze n'agolola omugongogwe olwonno n'agamba nti: "Subuhaana Rabiyal Adhwim", era ebigambo ebyo abisoma emirundi esatu, wabula bwasoma omulundi ogumu gumala, n'okukutama ku maviivi kiraga okuwa Allah ekitiibwa ekyawaggulu.

N'amakulu g'ebigambo ebyo ebisomwa ku maviivi bitegeeza nti: Ngulumiza era n'emutukuza Allah okuva mu bukendeevu n'engyogera ebigambo bino nga nkutamye ku maviivi n'obugonvu obwawaggulu.



12 Bwamala avaayo ku maviivi n'asitula omutwe gwe ng'agamba nti: Samia llahu liman Hamidahu, bw'atereera bulungi nga ayimiridde agamba nti: (Rabbana walakal Hamdu, Hamdan Kathiira Twayyiban Mubaarakan Fiihi Mil-assamawaati Wa Mil-amaa Shiita Min Shayin Ba-adahu), Omuntu asaalira emabega wa Imaamu ye bw'asitula omutwegwe okuva ku maviivi tagamba Samia llahu liman Hamidahu, wabula agamba nti: "Rabbana Walakal Hamdu" awo n'ayongerezaako ebiddako nga bwe tubirabye.

13 Oluvannyuma agenda wansi n'avunnama ku ttaka n'ayogera Takibira nga e mikonogye tagissa ku mbiriizi, n'olubuto lwe talussa ku bisambibye, ate n'ebisambi abijja ku ntumbweze, ebibatu bye abyenkanyankanya n'ebibegabega bye, atuulira ku busongezo bw'ebigerebye, ennwe z'ebigerebye n'ezengalo ziba zolekedde ekibula.



14 Olwo nno n'agamba nti: "Subhaana Rabbiyal A-ala". Abyogera emirundi esatu naye nga asobola n'okugisussaamu.

Okuvunnama wansi kimu ku bifo ebisinga okwanukulwa kw'omusabi yenna asaba Omutonzi we, omusaaze bw'amala ebigambo ebisomwa wansi, asobola okusaba Allah kyonna kyayagala mu kaseera ako mu bwetaavu bwe obw'ensi ne nkomerero, Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Omuddu akaseera kasinga okubeera okumpi n'Omutonzi we, k'eko nga avunnamye, kale saba nnyo Allah mu kaseera ako" Yayogerwa Muslim (482).

Amakulu g'ebigambo: (Subhaana Rabbiyal A-ala) gategeeza nti: Ntenda Allah owa waggulu mu kitiibwa kye ali waggulu wa magulu omusanvu, atendebwa obutaba na bukendeevu wadde obumogo bwonna, era mu bigambo bino mulimu okujjukiza oyo avunnama wansi ku ttaka, ajjukire enjawulo eri wakati we n'Omutonzi we ali waggulu, awonno amwetowalize nga mugonvu.



15 Asitula wansi omutwegwe n'atuula nga bwayogera takbiira, kino kye bayita okutuula wakati w'envunnama ebbiri era nakwo: kwe kutuula ku kugulu kwe okwa kkono naasimba okwaddyo naaweta ennwe z'ekigere ekyaddyo nga azolekeza mu kibula.

- Entuula zonna ezibeera mu sswala kikubirizibwa zituulibwe muntuula eyo waggulu gye tunnyonnyodde okujjako olutuula lwa attahiyatu esembayo, yo kirungi aggyeyo ekigere kye ekya kkono n'atuulira ku butuuliro bwe wansi.

ESSWALAYO

- Oyo yenna atasobola kutuula mu sswala mu ntuula eyo gyetunnyonnyodde ku ttahiyatu esooka oba ey'okubiri, olw'okulumwa amaviivi oba olw'okuba tazimanyidde entuula ezo, olwo atuule mu mbeera esinga okumuwa obwangu asobole okusaala bulungi.



16 Bw'atuula wakati w'envunnama ebbiri asoma ebigambo bino nti: (Rabbi ig-fir-lii) akyogera emirundi esatu.

17 Awonno avunnama oluvunnama olwokubiri nga bw'eyakoze ku lusooka.

18 Oluvannyuma asitula omutwe gwe nga bw'aleeta Takbiira n'asituka naddayo waggulu ng'asitukira ku bibatu by'ebigere bye, n'asaala raaka eyokubiri, n'asoma Alhamdu na kyonna ky'asobodde mu Qur'an nga bw'eyakoze mu raaka esooka.

19 Asaala raaka eyokubiri ddala nga bw'eyasadde eyasoose.

20 Bw'amala Sujuud eyokubiri ku raaka eyokubiri atuula wansi n'asoma ttahiyatu n'agamba: (Attahiyaatu lillaahi wa sswalawaatu wattwayibaatu, Assalaam alayika ayyuha Nabiyyu warahmatullahi wabarakatuh, assalaamu alayina wa-alaa ibaadi llaahi swalihiin, Ash- hadu alla ilaaha illa Allah wa-ash-hadu anna Muhammada Abduhu wa Rasuluhu).

21 Esswala bweba ya raaka satu oba nya. Eya raaka essatu nga Magarib, ey'ennya nga Dhuhuri, Aswiri ne Ishae, bw'asoma Tahiyatu n'atuuka ku kigambo wa-ash hadu anna Mahammada Abuduhu wa Rasuuluhu, ayimuka ng'aleeta takbiira n'asitula emikonogye n'asaala ebisigadde nga bw'eyakoze mu raaka ezasoose, wabula tasoma mu lwatu mu raaka zino era asoma Alfatiha yokka tayongerako ssuula ndala.

Bweba esswala ya raaka bbiri, nga Swalat Alfajir, esswala y'ejjuma n'esswala ya Iddi. Atuula wansi ng'amaze okuvunnama oluvunnama olwokubiri, n'asoma Tahiyaatu esembayo; kubanga esswala eya raaka ebbiri ebeera na Tahiyatu emu yokka, ateeka omukonogwe ogwa kkono ku kisambikye ekya kkono, n'ogwaddyo n'agussa ku kya ddyo, engaloze ku mukono gwa ddyo zonna azifunyaako, n'alaza n'engalo nvva mu mba, oba n'afunyaako nnasswi n'egiddirira, ate kyala kisajja n'agiweta ng'engango ng'agikwasa ku yawakati, olwo nno naasongesa nvva mu mba, oluvannyuma n'asoma Attahiyaatu esembayo.

22 Awo nno ku raaka esembayo oluvannyuma lwa Sujuud eyokubiri n'asoma ttahiyatu esembayo, eno esomebwa nga esooka wabula omusaaze bw'atuuka ku kigamba nti: wa-ash-hadu anna Muhammada Abduhu wa Rasuluhu, ayongerezaako bino: Allahumma swalli, alaa Muhammadi wa-ala aali Muhammadi kama swallayita alaa Ibrahima, wa-ala aali Ibrahima, innaka Hamiidun Majiid, wa baarik alaa Muhammadi wa-ala aali Muhammadi kama baarakta ala Ibrahiima wa-ala aali Ibrahiima innaka Hamiidun Majiid.

Era kirungi oluvannyuma lw'ebyo okwogera bino: (A-uudhu billahi min Athaabi Jahannam, wa min Athaabi Al Kabri, wa min Fitnat Almahya Wa Almamaati wa min Fitnati Almasiih Addajjaal), oba okusaba kyonna ky'ayagadde mu byetaago bye.

23 Oluvannyuma akyuusa omutwe gwe ku ludda olwa ddyo n'atoola salaam n'agamba" (Asslaamu Alaikm warahmatu Allahi wabarakatuh) ne ku kkono bwjatyo.

N'okutoola ssalaamu, omusaaze aba amalirizza okusaala; kubanga esswala eggulwaawo na ttakibiira ate n'eggalwaawo na ssalaamu.



24 Kikubirizibwa eri omusiraamu bwa'amala okusaala esswala ey'etteeka okugamba:

1. (Astaghfurulla) emirundi esatu.
2. Bw'amala ekyo n'agamba: (Allahumma anta ssalaamu wa minka ssalaamu, tabaaraka ya dha Aljalaal wa Al ekraamu), (Allahumma laa mania limaa Aa- atwayita walaa mu utwi limaa mana- ata wala yanfau dha Aljaddu minka Aljaddi).
3. Oluvannyuma n'agamba: (Subhaana Allah) n'akiddingana emirundi 33, ne (Wal-Hamdulillah) emirundu 33, ne (Allahu Akbar) emirundi 33, n'amaliriza n'ebigambo bino: (Laa ilaaha illa Allah wahdahu la shariika lahu, lahul mulku walahul hamdu wahuwa ala kulli shayi e kadiir) emirundi (100).

## > Abaffe, Nsaala Ntya Esswala yange? (Okuyimirira- Okukutama- Okuvunnama)


1

Asituka n'ayimirira n'agamba (Allahu Akbar) nga yenkanya emikonogye n'ebibegabegabye, oba yenkanya emikonogye n'amatuge



2

Ateeka emikonogye gyombiriri ku kifuba kye, ekibatu kye ekya ddyo akissa ku kibatu kya kkono n'asoma Surati Alfatiha na kyonna ky'asobodde mu Qur'an bweeba raaka esooka oba ya kubiri.



3

Akutama ku maviivige nga bw'ayogera nti (Allahu Akbar) naateeka emikonogye ku maviivige n'agolola omugongogwe, olwonno n'agamba nti: (Subuhaana Rabiyal Adhwim), ebigambo ebyo abisoma emirundi esatu





**4** Bwamala asitula omutwegwe ng'agamba nti: Samia llahu liman Hamidahu, bw'atereera bulungi nga ayimiridde agamba nti: Rabbana walakal Hamdu. Omuntu asaalira emabega wa Imaamu yye bwasitula omutwegwe okuva ku maviivi tagamba Samia llahu liman Hamidahu, wabula agamba nti: (Rabbana Walakal Hamdu).



**5** Oluvannyuma agenda wansi n'avunnama ku ttaka nga bwaleeta Takibiira nga tasitudde mikonogye, n'avunnamira ku biyungo musanvu: Ekyenyi n'ennyindo, Emikono ebiri amaviivi abiri, n'ebigere bibiri, olwo nno n'agamba nti: (Subhaana Rabbiyal A-ala) emirundi esatu.

**6** Asitula wansi omutwegwe n'atuula nga bwayogera takbiira, atuulira ku kugulukwe okwa kkono naasimba okwaddyo naaweta ennwe z'ekigere ekyaddyo nga azolekeza e kibula n'ateeka emikonogye ku maviivi n'agamba nti: (Rabbig-fir-lii), akyogera emirundi esatu, bw'amala avunnama omurundi ogwokubiri nga bw'eyakoze ogwasoose.



## > *Nsaala Ntya? (Raaka eyokubiri, Attahiyatu, okutoola ssalaamu)*

7

Asitula omutwegwe nga bwaleeta takbiira n'asituka naddayo waggulu ng'asitukira ku bibatu by'ebigerebye, n'asaala raaka eyokubiri, n'asoma Alhamdu na kyonna ky'asobodde mu Qur'an nga bw'eyakoze mu raaka esooka.



8

Oluvannyuma lwa Sujuud eyokubiri ku raaka eyokubiri omusaaze atuula wansi olutuula nga lw'eyatudde wakati w'envunnama ebbiri n'asoma ttahiyatu esooka (Attahiyaatu lillaahi wa sswalawaatu wattwayibaatu, Assalaam alayika ayyuha Nabiyyu warahmatullahi wabarakatuh, assalaamu alayina wa-alaa ibaadi llaahi swalihiin, Ash-hadu alla ilaaha illa Allah wa-ash-hadu anna Muhammada Abduhu wa Rasuluhu).



9

Esswala bw'eba ya raaka satu oba nnya asituka n'asaala raaka eyokusatu n'asoma by'eyasomye mu raaka ebbiri ez'asoose, wabula talina ky'asoma oluvannyuma lwa Alfatiha.

10 Bw'amala raaka esembayo ng'amaze sujuud eyokubiri, asoma ttahiyatu nga bw'eyagisomye eyasoose, bw'atuuka kukigambo wa "anna Muhammada Abduhu wa rasuuluhu", asaalira Nabbi n'agamba: (Allahumma swalli, alaa Muhammadi wa-ala aali Muhammadi kama swallayita alaa Ibrahima, wa-ala aali Ibrahima, innaka Hamiidun Majiid, wa baarik alaa Muhammadi wa-ala aali Muhammadi kama baarakta ala Ibrahiima wa-ala aali Ibrahiima innaka Hamiidun Majiid).





11 Awo nno atoola ssalaamu ku ludda olwa ddyo n'agamba: (Assalaamu Alaikm warahamatullah) oluvannyuma ne ku kkono n'agamba bwaatyo: (Assalaamu Alaikm warahamatullah).

## > *Empagi n'ebyetteeka by'esswala*

**Empagi z'esswala:** By'ebitundu by'esswala Ebikulu ebyo nga Esswala esazibwaamu bw'ebirekebwa mu bugenderevu oba mu kweerabira. Era bye bino wammanga:

Takbiira ey'emizizo eggulawo esswala, Okuyimirira kw'oyo alina obusobozi, Okusoma Surati Alfatiha, Okukutama ku Maviivi, Okukutaamulukuka okuva ku maviivi, Okuvunnama wansi ku ttaka, Okutuulamu wakati w'envunnama ebbiri, Oluvunnama olwokubiri, Tahiyyaatu esembayo n'olutuula lwaayo, Obutebenkevu mu mpagi z'esswala, okutoola salaamu emaliriza esswala.

Eby'etteeka by'esswala: By'ebitundu by'esswala eby'etteeka ebyo nga Esswala esazibwaamu bw'ebirekebwa mu bugenderevu, wabula bw'abyerabira omusaaze agenda mu maaso n'esswala, oluvannyuma n'avunnama envunnama bbiri kunkomerero.

**N'ebyetteeka by'esswala byebino:**

Takbiira zonna ezibeera mu sswala okujjako eggulawo esswala, ekigambo Subhaana Rabbiyal adhwimi omulundi gumu, Imamu n'oyo asaala yekka balina okwogera samia llahu limani hamidah, ekigambo Rabbana walaka alhamduh, ekigambo Subhaana Rabii Al–aala ku sujuud omulundi gumu, Ekigambo Rabbi ighfiriri wakati w'envunnama ebbiri omulundi gumu, Attahiyatu esooka, bino byonna byatteeka omusaaze bw'abireka nga yeerabidde, avunnama Sujuud sahawi kunkomerero y'esswala.



## Ebikubirizibwa mu sswala:

Buli kintu ekitali mu mpagi na byatteeka by'esswala mu bigambo n'ebikolwa biba Sunna nga bikubirizibwa okukolebwa, wabula esswala tesazibwaamu bw'ebirekebwa.

### Sujuud sahwi:

Z'envunnama ebbiri omusaaze z'avunnama Okutereeza ensobi ezibaawo mu sswala.

**Ddi Omusaaze lw'avunnama Sujuud sahawi?**

Omusaaze avunnama Sujuud sahawi mu mbeera zino wammanga:

1. Omuntu bw'ayongera mu sswala, gamba nga okukutama omulundi omulala mu raaka emu, oba okuvunnama oba okuyimirira oba okutuula mu mbeera ey'okwerabira, avunnama Sujuud sahwi.
2. Bw'akendeeza mu mpagi z'esswala alina okugiriwa empagi eyo amale avunname Sujuud Sahwi kunkomerero y'esswala.
3. Bw'aleka eky'etteeka mu by'etteeka by'esswala, ng'okwerabira Attahiyat esooka, alina okuvunnama Sujuud sahwi.
4. Bw'abuusabuusa omuwendo gwa raaka, azimbira ku bukakafu nabwo bwe butono, olwo nno avunname sujuud sahwi.

**Tuvunnama tutya:** Avunnama envunnama bbiri ng'atuula wakati wazo nga bw'avunnama envunnama z'esswala ez'abuli raaka.

**Akaseera ka sujuud sahwi:** Okuvunnama okw'okwerabira kukolebwa mu biseera bibiri omusaaze alondako kyonna ky'ayagala.

- Oluberyeberye lwa ssalaamu nga Attahiyatu esembayo ewedde avunnama sujuud sahwi oluvannyuma n'atoola salaamu.
- Oluvannyuma lwa salaamu eggalawo esswala avunnama sujuud sahwi awonno n'atoola salaamu endala.

## Ebyonoona Esswala:

1 Esswala esazibwaamu kasita empagi mu mpagi y'esswala elekebwa oba akalombolombo mu bugenderevu oba okwerabira ng'ate omusaaze alina obusobozi obukikola.

2 Esswala esazibwaamu kasita eky'etteeka mu by'etteeka by'esswala kirekebwa mu bugenderevu.

3 Esswala esazibwaamu ng'omusaaze agyogereddemu ebigambo by'ebweru.



> Kitamwa okuzannyisa ekyenyi oba emikono mu sswala.

4 Esswala esazibwaamu n'okuseka ennyo.

5 Esswala esazibwaamu n'ebikolwa ebisusse ebitali bya sswala gamba nga okwetakulira mu sswala.

## Ebitamwa mu sswala:

By'ebintu ebikendeeza esswala y'omusaaze wabula tebigimenyawo yonna:

1 Kitamwa okumagamaga mu sswala; kubanga Nabbi (s.a.w) y'abuuzibwa kw'ekyo? Y'agamba: "Kuno kuba kubulankanya Sitaani kw'abulankanya esswala y'omuntu". Yayogerwa Bukhari (718).

2 Kitamwa okuzannyisa ekyenyi n'omukono okuguteeka mu kiwato, n'okufunyafunya engalo.

3 Kitamwa okuyingira esswala ng'omutima gw'omusaaze gulina obwetaavu bwemmanju oba obwetaavu bw'okulya, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Tewali sswala esaalibwa nga emmere ejjuddwa, wadde ekiseera ky'obwetaavu bw'emmanju obunene n'obutono" Yayogerwa Muslim (560).



> Empeera y'omusinza yeeyongera okusinziira ku kwetowaza kw'alina eri Katonda we ngaali mu kusaala.

## > Esswala Ezitali zatteeka (ezekyeyagalire) z'eziriwa?

Omusiraamu akakatibwaako emisana n'ekiro okusaala esswala ttaano zokka.

Wadde kiri kityo, Eddiini era ekubiriza Omusiraamu okusaala esswala ezitali zatteeka, kubanga y'ensonga ereeta okwagalwa Allah ennyo eri omuddu, era zijjuuliriza obukendeevu obukolebwa mu kusaala esswala ettaano.

**N'esswala ziwerako naye enkulu muzo:**

1 **Esswala ezisaalibwa** oluberyeberye lw'esswala ettaano n'oluvannyuma lwazo, kirungi nnyo okuzisaala.

Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Tewali Musiraamu asaala buli lunaku raaka kkumi na bbiri ezakyeyagalire, okuggyako nga Katonda ajja kumuzimbira ennyumba mu Jjana" Yayogerwa Muslim (728).

**Nazo z'ezino:**


| | |
|---|---|
| 1 | Raaka bbiri oluberyeberye lwa Fajir. |
| 2 | Raaka nnya oluberyeberye lwa Dhuhuri, ne raaka bbiri oluvannyuma lwayo. |
| 3 | Raaka bbiri oluvannyuma lwa Maghribi |
| 4 | Raaka bbiri oluvannyuma lwa Ishae. |

2 **Esswala ya Witir:** Eno y'esswala esaalibwa raaka ez'esuusuuba mu budde bw'ekiro oluvannyuma lwa Ishae gamba nga raaka emu, satu n'okwambuka waggulu, era eno sswala nnungi nnyo, y'agamba Nabbi (s.a.w): "Musaale esswala ya witir mmwe bannannyini Qurani" Yayogerwa Tirmidhi 453 ne Ibn Majah (1170).

Ekiseera kyaayo ekisinga obulungi okusaalibwaamu bw'ebudde obusembayo mukiro nga esswala ya Fajir tennatuuka, omusiraamu asobola okugisaala ekiro kyonna oluvannyuma lwa Ishae okutuusa nga Fajir tennatuuka.

N'ekigero kyayo ekitono raaka emu, wabula kirungi zibe raaka ssatu, era omusiraamu waddembe okwongerako z'ayagadde, Nabbi (s.a.w) ye y'asaalanga raaka11.

Ekikolo mu sswala ezitali zatteeka kusaala raaka bbiri bbiri ne salaamu emu, na bwekityo omusaaze amaliriza n'esswala ya Witir raaka emu obudde bwekiro, esswala zino azisaala nga esswala ettaano bw'ezisaalibwa, era kirungi ku raaka esembayo ekiro oluvannyuma lw'okuvaayo ku maviivi omusaaze okuwanika emikono n'asaba Allah.



ESSWALAYO

## Ebiseera Eby'aziyizibwa okusaalibwaamu Esswala zino:

Ebiseera byonna omuntu akkirizibwa okusaaliramu esswala eza Sunnah (ezitali zatteeka), okuggyako ebiseera Obusiraamu bye bugaana okusaaliramu; Kubanga kiseera ekikozesebwa abatali basiraamu, kale nno tetusaaliramu sswala okuggyako emu ku sswala ettaano nga yalekeddwa olw'okwerabira oba okwebaka, oba esswala ezibeerawo olw'esonga ebaddewo, gamba nga esswala y'okuyingira mu muzikiti.

**N'ebiseera ebitasaalibwaamu by'ebino:**

| | |
|---|---|
| 1 | Oluvannyuma lw'esswala ya Fajir okutuusa Enjuba lw'etandika okumulisa kumakya ku ggulu ekigero ekyenkanankana effumu, kitegeeza Enjuba eba tennavaayo bulungi. |
| 2 | Enjuba bw'etebenkera mu makkati g'eggulu okutuusa bw'ekyuuka, akaseera kaba katono nnyo akaba kabulayo esswala ya Dhuhuri etuuke. |
| 3 | Oluvannyuma lwa Aswir okutuusa Enjuba lw'egwa. |



> **Tekikkirizibwa kusaala sswala ya sunna Oluvannyuma lwa Aswir okutuusa Enjuba lw'egwa.**

# > Esswala ya Jjamah

Allah y'alagira abasajja okukuŋŋaana wamu okusaala esswala ettaano mu Jjammah, era baakusasulwa empeera ennene mu kugisaala, Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Esswala ya Jjamah esinga esswala y'omuntu asadde yekka amadaala abiri mu musanvu" Yayogerwa Bukhari (619) ne Muslim (650).

Ekigero ky'abagisaala abatono babiri Imaamu n'omugoberezi, wabula buli muwendo gw'abantu bwe guba omungi Allah ky'aba asinga okwagala ennyo eri abaddu abo.

## Amakulu g'okugoberera:

Ye musaaze okugatta ye n'oyo gwagoberera – Imaamu – awatali kumusooka wadde okumwawukanako, ng'amugoberera ku maviivi n'okuvunnama, era ng'awuliriza by'asoma, talina kumusooka ku kiyungo kyonna wadde okumwawukanako mu mbeera yonna, wabula ekikolebwa Imaamu naye ky'akola.

Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Imaamu yatekebwaawo kugobererwa, Bw'agamba Allahu Akbaru nammwe mukyogere, temwogera Allahu Akbar nga tannakyogera, bw'agenda ku maviivi nammwe mugendeyo, temukutama ku maviivi nga tannaba kukutamayo, bw'agamba Samia Allahu liman hamidah mugambenga Rabbana walaka Alhamd, bw'avunnama n'omutwe wansi nammwe muvunname, temuvunnama nga tannaba kuvunnama…", Yayogerwa Bukhari (701) ne Muslim (414) ne Abu Dawuud (603).



## Ani alondebwa ku bwa Imaamu?

Alondebwa okusaaza abantu esswala y'oyo abasinga okusoma ekitabo kya Allah oluvannyuma addako okumanya enkola za Nabbi Muhammadi (s.a.w), bw'eyagamba: "Akulembera abantu mu kusaala y'oyo mu bo asinga okusoma Ekitabo kya Allah, era bwe baba nga benkanankana mu kusoma, olwo oyo abasinga okumanya Sunnah", Yayogerwa Muslim (673).

## Imaamu n'abagoberezi bayimirira ludda ki mu kusaala?

Kikubirizibwa ku Imaamu okuba mu maaso g'abasaaze era abakubirize okisimba ennyiriri emabega we, bajjuze olunyiriri olusooka n'oluddako okutuuka ku lusembayo, singa asaazibwa muntu omu, ayimirira ku ludda lwa ddyo olwa Imaamu.

## Omusaaze ajjuza atya ebimuyiseeko mu sswala?

Oyo yenna ayingira mu sswala nga Imaamu asaaza, ng'alina eky'amuyiseeko ku raaka, ayogera takbiira n'eyeegatta ku sswala ya Imaamu okutuusa Imaamu bw'atoola ssalaamu, oluvannyuma asituka n'ajjuza ebyamuyiseeko mu sswala.

Atwaala ky'eyatandise ne Imaamu nga ky'ekisooka mu sswala ye, olwo nno ky'ajjuza ky'ekiba enkomerero y'esswalaye.

## Ddi omusaaze lwa balibwa nti asanze raaka mu kusaala?

Yenna asanga Imaamu ku maviivi raaka ab'agisanze era tagijjuza, wabula bw'amusanga ng'avuddeyo ku maviivi eba emuyiseeko, era alina okugijjuza nga Imaamu atodde salaamu.

**Ebyokulabirako ng'omugoberezi alina eky'amuyiseeko ku sswala ne Imaamu.**

Yenna asanga Imaamu ku sswala ya Fajir ku raaka eyokubiri, kimukakatako oluvannyuma lwa salaamu ya Imaamu okujjuza raaka emuyiseeko; kubanga esswala ya Fajir ya raaka bbiri ate ye asanzeeko emu.

Yenna asanga Imaamu ng'ali ku Attahiyatu esembayo ku sswala ya Maghribi, kimukakatako oluvannyuma lwa salaamu okusaala raka satu zonna; kubanga asanze imaamu ku Attahiyatu esembayo, atenga raka esangibwa na kusanga Imaamu ku maviivi.

Yenna asanga Imaamu ku raaka eyokusatu ku sswala ya Dhuhuri, ab'asanze raaka bbiri ne Imaamu (era omugoberezi azibala nga ezisooka ku sswala ye), Imaamu bw'atoola salaamu omugoberezi asituka n'asaala raaka bbiri ezijjuza esswala ya Dhuhuri (Raaka 4).

# > OKWAZIINA



> Okwaziina kuli mu mirimu Allah gy'ayagala ennyo egy'ekitiibwa.

Allah y'alaalika okwaziina nga kukoowoola abasiraamu n'okubategeeza nti ekiseera ky'esswala kiyingiddewo, era n'alaalika okukima esswala ng'etegeeza nti esswala etandise okusaalibwa, ebiseera eby'edda ng'obusiraamu bwakajja abantu tebaalina mwaziinyi:

Okutuusa Umar Allah y'asiima ku ye- bwe y'agamba: "Mulaba mutya omuntu omu bw'ayita esswala, Nabbi (s.a.w n'agamba: "Owange Bilal genda oyaziine oyite abantu okusaala", Yayogerwa Bukhari (579) ne Muslim (377).

## Engeri y'okwaziina n'okukima esswala:

- Kyatteeka okwaziina n'okukima esswala ku sswala ya Jjamah okujjako ku muntu asaala omu, ku ye ssi kyatteeka, abantu bonna bwe baleka okwaziina n'okukima esswala, esswala yabwe etuuka wabula bafuna omusango.
- Kikubirizibwa okwaziina n'eddoboozi erya waggulu eddungi abantu baliwulire baggye eri okusaala
- Engeri y'okwaziina eyasinga okujjibwa ku Nabbi Muhammadi (s.a.w) y'eno:

**Okwaziina:**

1. Allahu Akbar, Allahu Akbar, Allahu Akbar, Allahu Akbar.
2. Ashhadu alla ilaha illallah, Ashhadu Alla ilaha illAllah.
3. Ashhadu anna Muhammada Rasulullah, Ashhadu anna Muhammadar Rasulullah.
4. Hayya alas-Salah, Hayya alas-Salah.
5. Hayya 'ala-l-falah, hayya ala-l-falah.
6. Allahu Akbar, Allahu Akbar.
7. Laa ilaaha illa Allah.

ESSWALAYO

**Okukima Esswala:**

1. Allahu Akbar, Allahu Akbar.
2. Ashhadu alla ilaha illallah.
3. Ashhadu anna Muhammadar Rasulullah.
4. Hayya alas-Salah
5. Hayya ala-l-falah.
6. Kad kaamati sswala, kad kaamati sswala.
7. Allahu Akbar, Allahu Akbar.
8. Laa ilaaha illa Allah.

## Okuddinngana omwaziinyi by'ayogera:

Kikubirizibwa kw'oyo awulidde okwaziina okuddinngana ebigambo by'omwaziinyi okujjako bw'agamba: Hayya alas-Salah ne Hayya ala-l-falah, wano wo agamba: (Laa hawla wala kuwwata illa billah).

Oluvannyuma oyo awulidde okwaziina nga kuwedde agamba: (Allahumma Rabba hadhihi Dda-awat ttaama wasswaalaat Alkaa ima Aati muhammada Alwasiilat wa Alfadhiilat wa-bu-athuhu Almakaama Almahmuud Aladhii wa-attahu).



> Allah asasula empeera ennungi Omusiraamu buli luta lw'ekigere ky'atambula ng'agenda okusaala ku muzikiti.

## > *Obwetowaze n'obwewombeefu mu sswala*



> **Ekifo omuddu kyasinga okubeera okumpi ne Allah nga avunnamye.**

N'obwewombeefu mu sswala- kye tutegeeza wano- kwe kutebenkera kw'omutima nga n'ebiyungo by'omubiri bikiraga, nga omusaaze talina byalowoolereza mu sswala bya mabbali okujjako eby'esswala.

Kino kikubirizibwa nnyo eri Omusaaze ne Allah y'akiggumiza mu Qur'an n'agamba: **{Mazima ddala besiinye abakkiriza. Abo mu kusaala kwabwe (ababa) nga beewombeefu}**, Surat Al-mu-uminoon (1-2).

Nabuli muntu ey'ekwaata ku kitendo kino eky'okwetowaza mu sswala akomba ku buwomerevu bw'obukkiriza, na bwekityo Nabbi (s.a.w) y'agamba: "Nafuulirwa esswala ekitebenkeza omutima gwange", Yayogerwa An-Nasa'i (3940).

### Amakubo agayambako okwetowaza mu sswala:

Amakubo gawerako agayambako okwetowaza mu sswala mugo:

**1 Kirungi okwetegekera esswala oluberyeberye lwayo.**

Kino kikolebwa mu mbeera ey'okukeera ku muzikiti ng'obudde bukyaali eri abasajja, n'okusaalayo sunnah ezikulembera esswala, n'okwambala engoye ennungi ezisaanira, n'okutambula okugenda eri esswala n'obutebenkevu.

**2 Okuggyawo ebintu byonna ebiwugulaza omusaaze mu kifo awasaalirwa:**

Tasaalira mu kifo ekirimu ebifaananyi oba ebidongo n'ebivuga ng'awulira amaloboozi gabyo, era tasaala nga mwetaavu wa kugenda mmanju, n'enjala nga emuluma oba ennyonta mu maaso g'emmere n'ebyokunywa, bino byonna biwugula ebirowoozo by'omusaaze n'okumujja ku nsonga ennene, nga eno y'esswala gy'ayogera n'Omutonzi we.

### 3 Okutebenkerera mu sswala:

Nabbi (s.a.w) yatebenkeranga mu sswala ku maviivi ne ku sujuud okutuusa buli kiyungo okudda ku kifo kyakyo, era y'alagira swahabah eyali atalongoosa sswalaye okutebenkera obulungi ng'asaala mu bikolwa byonna eby'esswala, era n'agaana okupakuka mu sswala, ng'akigeraageranya n'okubojjerera kwa nnamunngona.

N'agamba Nabbi (s.a.w): "Omubbi asinga obubi mu bantu y'oyo abba mu sswala ye", ne bamubuuza owange omubaka wa Allah kijja kitya abbe mu sswalaye? N'agamba: bw'aba tatebenkera bulungi ku maviivi ge ne ku sujuud ng'asaala", Yayogerwa Ahmed (22642).

N'omuntu atatebenkera mu sswalaye tasobola kwewombeeka wadde okwetowaza eri Omuntozi we.

### 4 Okumanya nti Omusaaze agenda kuyimirira mu maaso ga Mutonzi we:

N'ajjukira obukulu bw'Omutonzi we n'obunafu bw'omusaaze mwennyini nti mazima agenda kuyimirira mu maaso ga Allah ng'amukoowoola nga mwewombeefu gy'ali, n'ajjukira n'ebyo Allah by'eyategekera abakkiriza ebirungi, ne by'eyategekera Abashirku mu bibonerezo ebiruma, era n'ajjukira akaseera k'anaayimirira mu maaso ga Allah ku lunaku lw'enkomerero.

Omusaaze bw'ajjukira ebyo mu sswalaye, ab'ali mw'abo Allah b'eyatenda n'agamba: **{Mweyambisenga okugumiikiriza n'okusaala esswala (nga munoonya obuyambi okuva eri Katonda): Mazima ekyo kizito nnyo okujjako ku bantu abagondera Allah. Abo abakkiriza nti ddala bajja kusisinkana n'Omutonzi waabwe, era nti gy'Ali y'eri obuddo bwabwe}**. Surat Al-Bakara (45-46).

Era Omusaaze bw'ajjukira nti mazima ddala Allah Amuwulira era amulaba ng'asaala, afuna obwewombeefu okusinziira ekigero kyajjukiriramu ekitiibwa kya Allah.

### 5 Okufumiitiriza ayat za Qur'an ezisomebwa mu sswala amakulu gaazo wamu n'edduwa zaayo.

Qur'an yakka lwa nsonga yakufumitirizibwa na kwebuulirira mu bulamu bwaffe, Allah y'agamba: **{Ekitabo (Kuraane) Twakissa gy'oli (Ggwe Nnabbi Muhammadi), nga kya mukisa balyoke (bafumiitirize) beetegereze ebigambo byakyo, era beebuulirire nakyo abalina amagezi}**, Surat Saad (29). Okufumiitiriza tekubaawo okuggyako nga tulina okumanya mu makulu g'ebyo ebisomebwa okuva mu Qur'an n'edduwa (entendereza) z'esswala.

## > Esswala ye Jjumah

Katonda y'alaalika ku lunaku lwokutaano mu kiseera kya Dhuhuri esswala enkulu ennyo mu busiraamu, ng'abasiraamu bakuŋŋaana omulundi gumu mu wiiki ne bawuliriza okubuulira n'okusomesa kwa Imaamu w'olwokutaano. n'oluvannyuma n'ayimirizaawo esswala y'ejjuma.

### Ebirungi By'olunaku Lw'okutaano:

Olunaku lwokutaano lwe lunaku olusinga obukulu olw'ekitiibwa mu wiiki, nga Katonda bw'eyalulonda okusinga ennaku endala, era n'alusukkulumya ku nnaku endala n'ebirungi ebiwerako, omuli:

- Mazima Allah y'agabira ekibiina kya Nabbi (s.a.w) olunaku lwokutaano ky'ataawa kibiina kirala nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Allah yabuza ebibiina eby'atusooka olw'okwesamba olunaku lwokutaano, Abayudaaya ne balondawo olwomukaaga, n'Abakristaayo ne balondawo olwassande, ffe Allah n'atugabira era n'atulunngamya n'olunaku lwokutaano", Yayogerwa Muslim (856).
- Olunaku luno lwe lwatondebwaako Nabbi Adamu, era lwe lujja okuyimirirwaako olunaku lw'enkomerero, nga Nabbi (s.a.w) bw'eyagamba: "Olunaku olusinga obulungi enjuba lw'eyavaayo n'eboneka ku ggulu lwe lwokutaano, ku lwo Adamu kw'eyatondebwa, ku lwo kw'eyayingizibwa mu Jjana, era ku lwo n'afulumibwaamu, era olunaku lw'enkomerero terulibaawo okuggyako ku Lwokutaano", Yayogerwa Muslim (854).



> Abasaaze balina okuwuliriza okubuulira kw'ejjuma baleme kuwugulibwa ku bintu birala.

### Ejjuma ekakata kw'ani okugisaala?

Ejjuma yatteekka ku:

1. Musajja: kitegeeza omukyala temukakatako.
2. Omuntu omukulu ategeera obulungi: Si yatteeka ku mulalu n'omwaana omuto atannaba kukula mu busiraamu.
3. Omutuuze ku kyaalo kye: Omuntu ali mu lugendo temukakatako wadde oyo awangaalira mu byaalo ebiri ewala n'ebibuga ebinene oba ebitono.
4. Omuntu omulamu obulungi: Ssi yatteeka ku mulwadde oyo atasobola kutambula kugenda gy'esalibwa, wano bategeeza ebyaalo eby'esudde abantu nga teri Muzikiti.

ESSWALAYO

## Engeri gyetusaalamu ejjuma n'okumanya ennamula zaayo:

1 **Kikubirizibwa ku lwokutaano omusiraamu** okunaaba omubiri gwonna oluberyeberye lw'esswala y'ejjumah n'ayambala engoye ezisinga obulungi.

2 **Abasiraamu bakunngaana mu muzikiti,** era Imaamu n'abakulembera, bwatyo n'alinnya ku kituuti n'ayolekera gye bali abasaaze n'ababuulirira emirundi ebiri ng'atuulamukko katono wakati w'embuulira ezo ebbiri, ng'abajjukiza okutya Katonda wabwe mu bulamu bwabwe bwonna.

3 **Abazze okusaala Ejjumah balina okuwuliriza Khutubah ya Imaamu (Okubuulira kwe),** era kigaanibwa okwogera n'okuzannyiikiriza ekintu kyonna ekibalemesa okuwuliriza ebigambo bya Imaamu ne bwe kiba kufunyafunya ngalo oba okukwaatirira engoye oba obuti obutono wadde obuyinja bwa wansi.

4 **Olwo Imaamu bw'amala Khutuba** ava ku kituuti esswala n'ekimibwa, n'asaaza abantu raakat bbiri, ng'asoma mu lwaatu bulungi.


5 **Esswala y'ejjuma yalaalikibwa ku bantu abakunngaanye awamu,** era tekkirizibwa muntu kinn'omu kugisaala, esswala eno gw'eyitako oba n'agiragajjalira awatali nsonga ya busiraamu emugaanye, wano nno ye alina kusaala Dhuhuri, ejjuma emuvaako n'eyeenenya ewa Allah olw'okulagajjalira esswala eno.

6 **Wabula oyo akeereye n'asanga Imaamu** ng'amalirizza raakat bbiri, Imaamu bw'atoola ssalaamu asituka n'ajjuliriza raaka 4 eza Dhuhuri.

7 **Oyo atavunaanibwaako kusaala Jjuma** gamba ng'omukyala n'omutambuze bw'asaala ejjuma wamu n'abasiraamu esswala ya Dhuhuri emuvaako ejjuma n'emumalira.

## Ani aweebwa olukusa obutajja kusaala sswala ya Jjuma:

**Sharia yakkaatiriza** obwetteeka bw'okwetaba mu sswala ya Jjuma eri abo abalina okugisaala, era n'eyeewaza okugiragajjalira olw'ebyamaguzi by'ensi eno, Allah y'agamba: **{Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubeeranga (muwulidde) okukoowoola (okwaziina) okugenda eri Okusaala ku Lunaku Lwokutaano (Olunaku lw'Ejjuma), kale musitukirengamu (okugenda) eri okwogera ku Katonda, muyimirizenga okutunda Ekyo kye kirungi gye muli bwe mubeera nga mumanyi}.** Surat Al-jumu'a (9).





> Allah y'agamba: {Bagambe nti: Ebyo ebiri awali Katonda bye birungi (eby'emiganyulo) okusinga ebinyumu n'ebyobusuubuzi}. Surat Al-Jumu'a (11).



**Era n'eyeewaza n'abo abagiragajjalira** awatali lukusa lwa busiraamu, y'agamba Nabbi (s.a.w) ku bo nti: "Yenna aleka esswala y'ejjuma wiiki satu olw'obulagajjavu awatali lukusa lwa busiraamu, Allah ateeka ku mutima gwe envumbo", Yayogerwa Abu Dawud (1052) ne Ahmad (15498).

**N'olukusa olusonyiyisa** esswala y'ejjuma buli kimu ekikuleetera obuzibu obutali bwa bulijjo, oba ky'otya nti kijja kutuusaako obulabe obw'amaanyi ku bulamu bwo, gamba ng'obulwadde n'ebirala.

## Abaffe, emirimu gyaffe ejabulijjo lukusa olulekesa Esswala y'Ejjuma?

Ekikolo oba etteeka eryawamu liri nti emirimu egy'olubeerera ssi lukusa eri Omusiraamu okuleka esswala y'ejjuma, ng'ate Allah atulagira tuleke emirimu gyaffe tugende twetabe mu kusaala ejjuma, n'agamba: **{Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubeeranga (muwulidde) okukoowoola (okwaziina) okugenda eri Okusaala ku Lunaku Lwokutaano (Olunaku lw'Ejjuma), kale musitukirengamu (okugenda) eri okwogera ku Katonda, muyimirizenga okutunda}**, Surat A-jumu'a (9), Omusiraamu alina okulonda emirimu mw'asobola okukolera emirimu gya Allah.

Era Allah y'agamba: **{N'omuntu yenna atya Katonda, (Katonda) Amuteerawo obufulumiro (n'ava mukunyigibwa kwaba alimu ka kube kwa kika ki). N'amugabira awo w'abadde tasuubira. N'omuntu ayeesiga Katonda naye amumalira (mu byonna}**, Surat At-Talaaq (2-3).

**Ddi omulimu lwe guba olukusa omuntu okuleka esswala y'ejjuma:**

Omulimu ogw'olubeerera tegutwalibwa ng'ensonga y'okuleka esswala y'ejjuma eri abo abakakatibwaako, okuggyako mu mbeera bbiri:

1. Omulimu okuba ogw'omugaso ennyo ogutalekeka okujjako okugusigalako, n'okuva ku mulimu nga kireeta obubi oba obulabe obunene obuyinza okubaawo.

**Ebyokulabirako:**

- Omusawo mu motoka ezitambuza abalwadde (ambyulensi) ajjanjaba embeera z'abalwadde ez'amangu n'obuvune.
- Omukuumi n'omupoliisi akuuma emmaali z'abantu n'emirimu gyabwe obutabbibwa n'okutangira ebikolwa eby'obumenyi bw'amateeka.
- Oyo alabirira emirimu gy'amakolero amanene n'ebirala ebiringa ebyo, ebirina okulabirirwa n'okulondoolwa buli kaseera na buli kadde.

2. Singa omulimu y'ensibuko yokka ey'okubezaawo obulamu bwe nga ne mukamaawe amukozesa tamuwa kadde kusaala Jjuma, era nga talina kyakulya oba eky'okunywa, n'ebintu ebyetaagisa gy'ali n'ab'omu maka ge okujjako omulimu ogwo, olwo kikkirizibwa okusigala ku mulimu n'okuleka esswala y'ejjuma olw'obwetaavu obwo okutuusa lw'anaafuna omulimu omulala, oba n'afuna eby'okulya, n'ebintu ebyetaagisa ebimala ye n'abo baalaabirira.

## > *Esswala y'omulwadde*

Kye tulina okumanya kiri nti esswala yatteeka ku buli musiraamu mu mbeera zonna kasita omuntu abanga ategeera bulungi, wabula obusiraamu bwatunuulira embeera ez'enjawulo n'ebyetaago by'abantu, gamba ng'omulwadde.

**Okutangaaza embeera eno tugamba:**

- Okuyimirira mu kusaala kulekebwa eri omulwadde atasobola kuyimirira, oba nga okuyimirira kumukaluubiriza oba ng'okuyimirira kukeereya obujjanjabi bwaliko, mu mbeera eno asaale nga atudde, bw'atasobola asaale nga yeebakidde ku ludda lwe oba mu mbeera yonna gy'asobodde, y'agamba Nabbi (s.a.w): "Saala ng'oyimiridde, bw'oba tosobola olwo Saala ng'otudde, era bw'oba tosobola, olwo saalira ku ludda lwo". Yayogerwa Bukhari (1066).
- Oyo yenna atasobola kukutama ku maviivi oba okuvunnama wansi, asaale ng'alaza bulaza nga bwasobodde.
- Bwe kiba kizibu gy'ali okutuula wansi, atuula ku ntebe n'ebirala ebiringa eyo.

- Oyo yenna asanga obuzibu okufuna wudhu mu buli budde bw'esswala; olw'obulwadde, kikkirizibwa ku ye okugatta Dhuhuri ne Aswir mu kiseera kimu ku zo, ne wakati wa Maghrib ne Ishae mu kiseera kimu kuzo.
- N'oyo asanga obuzibu okukozesa amazzi olw'obulwadde, akkirizibwa okufuna wudhu y'ettaka eyitibwa (tayammum) asobole okusaala.

## > *Esswala Y'omutambuze ali mulugendo*

- Kikubirizibwa ku mutambuze, bw'aba mu lugendo, nga kuli wansi wa nnaku nnya, okusala ku sswala ez'eraaka nnya n'eziba bbiri, n'olwekyo asaala esswala ya Dhuhuri, Aswir ne Ishae raaka bbiri bbiri ekifo ky'ennya okujjako bw'asaala ne Imaamu atali mutambuze, ajjuza n'eziba nnya wamu ne Imaamu.

- Mu lugenda alakeyo okusaala esswala z'oluberyeberye lw'esswala n'oluvannyuma lwazo okujjako eya Fajir ne Witiri ey'ekiro.
- Kikkirizibwa ku Mutambuze okugatta Dhuhuri ne Aswir, Maghrib ne Ishae, mu kiseera ky'emu kuzo, naddala mu kaseera k'olugendo, olw'okukendeeza n'okusaasira, omutambuze mu lugendo lwe.



ESSWALAYO



# OKUSIIBA KWO



# 4

Allah yalaalika kubasiraamu okusiiba mu mwaaka gwonna omwezi gumu gwokka oguyitibwa Ramadhan, era nga okugusiiba okugusiiba yakuna mu mpagi z'obusiraamu, sso nga nga gy'egimu kumizimbo gy'e diini emikulu Allah agamba: **Abange mmwe abakkiriza mulaalikiddwa okusiiba nga bwe kwalaalikibwa kw'abo abaababakulembera mulyoke mutye Allah.** (2:183)

Ebiri mu mulyango guno:

**Amakulu g'okusiiba**

**Obulungi bw'okusiiba omwezi gwa Ramadhan**

**Ekigendererwa mu kusiiba**

**Obukulu bw'okusiiba**

**Ensonga ezonoona ekisibo**

**Ebisonyiyisa okusiiba**

- Omuntu omulwadde
- Omuntu alemeredwa okusiiba
- Omutambuze/ ali kulugendo
- Omukyala Ali munsonga wamu n'oyo Avaamu omusayi gw'okuzaala
- Omukyala ow'olubuto noyo Ayonsa

**Okusiiba okwekyeyagalire**

**Eidi ai-fitri/ Eyekisiibo ey'omukisa**

- Biki ebiragirwa okukola Kulunaku lwa iddi

# *Okusiiba omwezi gwa Ramadhani*

## Amakulu g'okusiiba:

Okusiiba mu busiramu: kwekusiinza Allah nga tweziyizaako byonna ebisibulukusa nga okulya n'okunywa okwegatta wakati wa bafumbo, n'ebintu ebirala ebimenya ekisiibo okuva ku makya emaambya lwesaze - nga kino kye kiseera omwaziinyi wayaziinira ku fajri - okutuusa enjuba okugwa - nga kino kye kiseera omwaziinyi wayaziinira esswala ya magaribi.

## *> Obulungi bw'omwezi gwa Ramadhan*

Ramadhan mwezi ogw'omwenda (9) mu mumbala y'Obusiraamu, era gwe mwezi ogusinga obulungi mu mwaka, kubanga Allah yagwawula mu ngeri nyingi okwawukanako n'emyezi emirala, mu bulungi buno mulimu:

1. Gwe mwezi Allah gwe yalonda okussizaamu ekitabo ekisinga obukulu era eky'ekitiibwa: **Qur'an Entukuvu, nga Allah Omuyinza w'ebintu byonna bwe yagamba: "mwezi gwa Ramadhan, Kur'ani mwe yakkira. Nga (Kur'ani) kitabo kya kulungamya eri abantu. Era nga mulimu obujulizi obunnyonnyola obulungamu era nga mulimu ogulaga enjawulo wakati w'amazima n'obulimba. N'olwekyo omuntu abeerangawo ng'omwezi gwa Ramadhan gutuuse ateekwa okugusiiba".** (Al-baqarah 2: 185).

2. Omubaka Wa Allah , yagamba nti: "Ramadan bw'etandika, emiryango gy'eggulu giggulwawo, n'emiryango gya Jahannam (geyeena) ne giggalwa, ne zi zisitaane ne zisibwa enjegere" (Bukhari 3103, Muslim 1079), Allah yateekerateekera Abaddu embera ebayambako okulongosa n'okuleka ebibi mu kisiibo.

3. Oyo yenna asiiba emisana n'ayimirirako ekiro (Taraweehe), asonyiyibwa ebibi bye Nabbi (swala-llahu alaihi wasalam): ya gamba "Oyo yenna asiiba Ramadhan mu kukkiriza n'okusuubira empeera ewa Allah, asonyiwa ebyakulembera mu bibi bye" (Al -Bukhari 1910, Muslim 760), era n'agamba nti, "Oyo yenna Asaalako ekiro mu Ramadhan mubu kukkiriza era mu kusuubira empeera, ajja kusonyiyibwa ebyakulembera " (Bukhari 1905, Omusiraamu 759).

4. Mu Ramadhan mulimu ekiro ekisinga obunene n'obuzito mu mwaka gwonna: Lailatul Qadri (ekiro eky'okugera era ekyekitiibwa), Allah kye yagamba mu kitabo kye nti emirimu emirungi egikoleddwa mukiro kino gisinga egikoledwa mu emyezi 1000, bwe kityo n'agamba " Layila-tul-kadri kiro kirungi okusinga emyezi olukumi (1000)" gyemyaka (83 ne myezi 4) egyenkanaankana emyaka (83 ne myezi 4). (al-Qadr . 3) , n'oyo yenna ayimirira ekiro kino muku kkiriza era mu kusuubira empeera, asonyiyibwa ebibi bye.Era kye kimu ku biro ekkumi ebisembayo mu Ramadhan, era tewali amanyi kiseera kyakyo mu ngeri ey'enjawulo

# > Ekigendererwa mu kusiiba

Allah yassaawo okusiiba olw'ensonga nnyingi n'ebigendererwa bingi eby'eddiini ne mu nsi. Nebimu kubyo

## 1 Okufuna obwennyini bwokutya Allah

kubanga okusiiba kikolwa kya kusinza Allah omuntu mw'asemberera Allah we ng'aleka eby'obwagazi n'okwegomba kwe, n'olwekyo okusiiba kutendeka okutya Allah mu buli kifo n'ekiseera mu ky'ama, ne mu lujjudde. Allah Omuyinza w'ebintu byonna Agamba: **Abange mmwe abakkiriza mulaalikiddwako okusiiba nga bwe kwalaalikibwa kw'abo abaabakulembera mulyoke Allah.** (2:183)

## 2 Omuddu ayiga okwewala ebibi n'ebyonoono

Asiiba bweyeewala ebikkirizibwa ng'agoberera ekiragiro kya Allah, olwo ajja kusobola nnyo okwe wala ebikolwa eby'obujeemu n'ebibi, okuyimirira mu nsalo za Allah (nga aleka eby'o ebyaganibwa), omubaka wa Allah, Nabbi (swala-llahu alaihi wasalam) yagamba: "oyo yenna atava mu kwogera bulimba n'okubukolerako, tewari nsonga lwaki aleka emmere ye na kunywa kwe" yayogerwa (Bukhari 1804) amakulu, oyo atalekera awo kulimba mu bigambo ne mu bikolwa aba tatuukiriza kigendererwa kya kusiiba

## 3 Okujjukira n'okubudaabuda abantu abataliiko mwasirizi

Ekisiibo kijjukiza n'okubudaabuda abantu abaavu n'ababonaabona, bw'atyo omuddu n'ajjukira baganda be abaavu n'engeri gye babonaabona ennyo olw'enjala n'ennyonta, n'agezaako okuwaayo obuyambi .



> **Omusiibi alina essanyu lyabika biribiri: essanyu bw'aba nga asiibulukuka n'essanyu nga asisinkanye Mukama we Allah.**

## > *Obulungi bw'okusiiba*

Okusiiba kulina ebirungi bingi era nga ebimu ku byo:

1 Omuntu Asiiba nga Akkiriza nti Ramadhani mwezi Allah yagulaalika era okugusiiba kuliko empeera Asonyiyibwa ebyakulembera mubyonoono bye Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuye yagamba: "Oyo yenna asiiba Ramadhan mu kukkiriza n'okusuubira empeera ewa Allah, asonyiibwa ebyakulembera mu bibi bye" yayogerwa (Al-Bukhari 1910, Muslim 760), era n'agamba nti, "Oyo yenna Asaalako ekiro mu Ramadhan mubu kukkiriza era mu kusuubira empeera, ajja kusonyiyibwa ebibi bye" (Bukhari 1905, Muslimu 759)

2 Omusiibi asanyukira empeera n'essanyu ly'afuna ng'asisinkanye Katonda olw'okusiiba kwe, nga Omubaka wa Allah , okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, bwe yagamba nti: "Omusiibi alina essanyulyabika bibiri: essanyu bw'aba nga asiibulukuka n'essanyu nga asisinkanye Mukama we Allah." (Bukhari 1805, Muslim 1151).

3 Mu Jjana mulimu omulyango oguyitibwa Al-Rayyan, mwe bajja okuyingira abo abasiiba bokka Omubaka wa Allah, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, bwe yagamba nti: Mu Jjana mulimu omulyango oguyitibwa Al-Rayyan, Abasiiba bajja kuyingira mu gwo ku lunaku lw'enkomelero era balikowoolebwa nti baliwa abasiiba olwo basituke bagende, era tewali mulala yenna ajjakuguyingiramu okujjako bbo yayogerwa" (Bukhari 1797, Muslim) 1152

4 Mazima Allah empeera y'okusiiba yagesigaliza, noyo yenna nga Allah kenyini yagenda okumwesasulira nolwekyo asaana asanyuke olwekyo Allah kyeyamutegekera Nabbi (swala-llahu alaihi wasalam) agamba: Buli mulimu omusiramu gwakola gumanyidwa empeera yaagwo, okuggyako okusiiba, okwo kwange era nja kusasula abasiibi empeera ennyuvu" yayogerwa (Bukhari 1805, Muslim 1151)



> **Ramadhan mwezi ogw'omwenda (9) mumbalaya kalenda y'Obusiraamu**

## > *Eby'onoona Okusiiba*

Nabyo by'ebintu omusiibi byateeka okwewala era byebino:

1. Okulya n'okunywa mu bugenderevu Allah yagamba: **Mulye era munywe okutuusiza ddala ewuzi enjeru (nga kye kitangaala) bwenebeeyolekera okuva mu wuzi enzirugavu (nga ye nzikiza) ng'okwo kwe kusala kw'emmambya.** (2:187)

Wabula Singa omusiibi alya anywa nga yerabidde ekisiibokye kituufu era tafuna musaango, nabbi waffe omuluungi yagamba: "Singa omusiibi alya oba nanywa nga yelabide agenga mumaaso nekisiibokye kubanga Allah yaaba amulisiza era yaaba amunyeseza" (Bukhari 1831, muslim 1155)

2. **Buli kyonna ekikola nga emmere oba ekyokunnya okugeza:**

- Nga eddagala eririmu ebirungo ebiriisa ebikkiriza omubiri ne bigwongera amanyi, bitwalibwa nga emmere
- Ekyupa z'omusayi; kubanga kigendererwa ky'okulya n'okunywa Kubanga omusaayi mulamu era ngagutambula bulungi.
- Okunywa ssigala mu bikaabye byonna, kubanga kireeta obutwa nobulwadde mumubiri

3. **Okwaegatta munsonga zobufumbo emisana, sinsonga omusajja amaliriza oba nedda**

4. **Okwemazisa mumbeera ey'okwetongolera**

Wabula okwelotelera tekwonoona kikisiibo.

Wabula yye omusajja talina buzibu kunywegera mukyala bwe kibanga tekimutanula

5. **Okusesema mubugenderevu,** okujyako nga tekibade kigenderere olwo nno okusiiba kuba kutuufu, Omubaka (swala-llahu alaihi wasalam) agamba nti "Oyo yenna awangulwa okusesema ng'asiiba, ekisiibo kye kituufu, wabula oyo yenna eyegoga aseseme alina okuliwa olunaku olwo" yayogerwa (Al-Tirmidhi 720, Abu Dawuda 2380)

6. **Omukyala okugenda mu nsonga,** oba omusayi oluvannyuma lw'okuzaala, ne bwe waba nga wabulayo dakiika emu ng'enjuba ebulireyo, omukyala olunaku lwe luba lufudde, oba nga abadde mu nsonga n'atukula mu kiseera ekisembayo eky'o mu lunaku abalina kuliwa lunaku olwo, oba singa atukula okuva mu nsonga oluvannyuma lwe mambya okusala oba obude'okukya, ekisiibo kye tekiba kituufu, era aba tasiiba Olunaku olwo, kubanga Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "omukyala bw'agenda mu nsonga tasaala wadde okusiiba?' (Bukhari 1850).

Wabula omusaayi oguva mu mukyala olw'obulwadde, nga gwawukana ku gwa bulijjo ogwabuli mwezi, n'okuggyako omusaayi oluvannyuma lw'okuzaala, teguziyiza kusiiba.

## > *Ebisonyiyisa okusiiba mu Ramadhani*

Bano wamanga bakirizibwa okusiibulukuka mu Ramadhani ne baliwa oluvanyuma

1. **Omulwadde akosebwa olw'okusiiba,** akkirizibwa okusiibulukuka n'aliwa oluvannyuma lwa Ramadhan.

2. **Yenna atasobola kusiiba olw'obukadde oba obulwadde obutasubirwa kuwona,** kale kikkirizibwa gy'ebali okulya emisana ga Ramadhan n'ebaliisa buli lunaku miskiini ekigero kye emmere kilo emu n'ekituundu (1.5kg).

3. **Omutambuze ali mu lugendo** lwe n'okubeera kwe o**kw'ekiseera okumala ennaku ezitakka wansi wa nnya (4), akkirizibwa okusiibulukuka n'aliwa oluvannyuma lwa** Ramadhan. Allah agamba nti **"Naye oyo asangibwa nga mulwadde, oba ng'ali ku lugendo ennaku ezo azibale azisiibe mu kiseera ekirala. Bulijjo Katonda abaagaliza bwangu so si kubakaluubiriza"** (Al-Baqara: 185)

4. **Omukyala ali munsonga n'oyo Eyakamala okuzaala** (Nakawere) tebakkirizibwa kusiiba nebwe basiiba mubeera eno okusiiba kwabwe tekukurizibwa (laba olupapula 96)

5. **Abakyala ab'embuto n'abayonsa,** bwe baba batya obulabe eri bo bennyini oba eri omwana, basiibulukuka ne baliwa ennaku zebalidde

### Alamulwa atya oyo Asiibulukuse mu Ramadhan?

Yenna gwekatanda nasiibulukuka mu bugenderevu awatali nsonga alina okwenenya eri Allah olw'okuba akoze ekibi eky'amaanyi n'okujeemera ekiragiro ky'Omutonzi Allah, era kimukakatako okusasula olunaku olwo lwokka, okuggyako oyo awonoona ekisiibo kye n'okwegatta munsonga z'obufuumbo, abalina okusasula olunaku olwo, era nawa omutango okuta omuddu, i.e. ng'agula omuddu Omusiraamu n'amuta, era Obusiraamu bukkatiriza obukulu bw'okuta omuntu okuva mu buddu mu mbeera ezenjawulo, singa omuddu tabaawo, nga bwe kiri leero, olwo asiiba emyezi ebiri egy'omuddiring'anwa, era bw'aba tasobola, olwo n'aliisa abaavu nkaaga (60).



## > *Okusiiba okw'e kyeyagalire*

Allah ya tulaalikako okusiiba omwezi gumu gwokka mu mwaka, naye n'atukubiriza okusiiba ennaku endala eri abo abafunye obusobozi n'okwagala okusiiba okwa sunna, okusobola okwongera ku mpeera, n'ezimuku naku ezikubirizibwa okusiiba:

1. **Olunaku lwa Ashura,** n'olunaku olulukulembera (9) oba oluvanyuma lwalo (11), olunaku lwa Ashura lwe lunaku olw'ekkumi mu mwezi gwa Muharram omwezi ogusooka mu kalenda y'Obusiraamu, nga lwe lunaku Allah lwe yataasa Nabbi ye Musa ku Falaawo . Era n'azirika Falaawo n'abo abali naye, Omusiraamu n'alusiiba nga yebaza Allah olw'okutaasa Nabbi Musa era n'okugoberera omubaka waffe kuba yalusiiba, (swala-llahu alaihi wasalam) era n'agamba nti, "Musiibireko n'olunaku olw'omwenda (9) oba olwe kumi n'olumu (11) ' yayogerwa (Ahmed 2154) , era bwe yabuuzibwa, (swala-llahu alaihi wasalam) obulungi obuli mukulusiiba, n'agamba nti,» Alusiiba asonyiwibwa eby'onoono by'omwaka ogwayita" yayogerwa (Muslim 1162).

2. **Olunaku lwa Arafa**, nga lwe lunaku olw'omwenda mu mwezi gwa Dhul-Hijjah, omwezi ogw'ekkumi n'ebiri ku kalenda y'Obusiraamu, era luno lwe lunaku abalamazi emakka lwe bakuŋŋaanira mu Lusenyi Arafa, ne basaba Allah Omuyinza w'ebintu byonna n'okumwegayirira, era lwe lumu ku nnaku ezisinga obulungi mu mwaka, era kikubirisibwa nyo abatali balamazi okusiiba, era bwe yabuziibwa Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, ku ky'okusiiba ku lunaku lwa Arafa, n'agamba: "Asiiba olunaku luno Asonyiyibwa eby'onoono by'omwaka ogwayita n'ogugya" yayogerwa (Muslim 1162).

3. **Ennaku mukaaga eza Shawwal,** Shawwal gwe mwezi ogw'ekkumi. Ye, NAbbi (swala-llahu alaihi wasalam), yagamba nti: "Oyo yenna asiiba Ramadhan n'oluvannyuma n'agigobereza n'ennaku mukaaga mu Shawwal, afuna empeera z'oyo asiibye omwaka mulaamba" yayogera (Muslim 1164).



# > Eid y'e kisiibo

Edi y'emu ku mikolo gy'eddiini, era Nabbi,  okusaasira n'emirembe bibeere ku ye  bwe yasengukira emadina nalaba Ba nswari- abasiraamu bwo mu madina – nga bazannya era nga bajaguza mu nnaku bbiri mu mwaka, n'ababuza nti, "Nnaku ki zino ebbiri ze mujaguza?" nebamugamba nti: twazannyanga muzo nga obusiraamu tebunajja, Omubaka wa Allah (swala-llahu alaihi wasalam), kwekugamba nti, "Allah abakyusiriza mu kifo ky'enaku ezo, ennaku biri zisinga ezisinga obulungi: olunaku lwa Eid Alduha, ne Edi yafitir (Abu Dauda 1134), yagamba, Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye   ng'alaga nti ennaku Za Edi bubonero bukulu: "Buli bantu balina ennaku zabwe, era ennako za Edi nnaku zaffe za kugyaguza " (Bukhari 909, Muslim 892).

## Eid mu Busiramu

Eid Busiraamu lunaku kwetusanyukira nga tumaliriza ekisiibo, nga twebaza Allah Omuyinza w'ebintu byonna olw'okutulung'amya n'okutusobozesa mu kusinza, era tukubirizibwa okuteka essanyu mu mitima gy'abantu nga twambala engoye ezi labika obulungi n'okuwaayo sadaka eri abali mu bwetaavu, songa tukiribwa n'okujaguza n'emikolo egireeta essanyu mu mitima gya buli muntu n'okubajjukiza ekisa kya Allah ku bo.

## Eid z'abasiramu/ Ensanyuka zabasiraamu

Abasiraamu balina edi bbiri mu mwaka ze bakuza, era tekikkirizibwa kuteekawo lunaku lulara lutariz edi ebiri, kwe kugamba: Eid Al-Fitr, nga lwe lunaku olusooka mu mwezi gwa Shawwal , ne Eid Al-Adha, nga lwe lunaku olw'ekkumi mu mwezi gwa Dhul-Hijjah



OKUSIIBA KWO


## Eid Al-Fitr

Eid Al-Fitr lwe lunaku olusooka mu mwezi gwa Shawwal, omwezi ogw'ekkumi, era lujja oluvannyuma lw'ekiro ekisembayo mu mwezi gwa Ramadhan okuggwaako, era y'ensonga lwaki lwayitibwa Eid al-Fitr, kubanga abantu basinza Katonda nga basiibulukuka ku lunaku luno, oluvanyuma lwo kusiiba Ramadhan, kale bakuza Edi nga beebaza Allah abasoboseza okumaliriza Okusiiba omwezi gwa Ramadhan ogw'omukisa Allah Agamba: **"Kale nno mujjuze ennaku Za Ramadhan era mutendereze Allah olw'okubaluŋŋamya nemusobola okusiiba, olwo mubeere abeebaza"**yayogerwa (Al-bakar:185)

## Biki ebikolebwa Ku Edi

1. **Sswala ya Iddi:** Esswala eno obusiraamu bwagikkaatirizza nyo, era n'ebukubiriza Abasiraamu okugenda okugisaala wamu n'abakyala n'abaana. Ekiseera kyayo kiva okuva enjuba nge maze okuvaayo kumakya ekigero ky'effumu, nga lisukka mita emu. Z'eddakiika nga kkumi na ttaano oluvannyuma lw'enjuba okuvaayo

**Enngeri gy'esaalibwa:** Eswala ya Eid ya raka'ah bbiri imam asoma mu ddoboozi ery'omwanguka, era abuulira oluvannyuma lw'esswala.Mu swala ya Eid, imam n'abagoberezi b'ongeramu takbeera ku ntandikwa ya buli raka'ah, Aleeta takbeera mukaaga mu raka esooka nga ojjeeko takbiira eggulawo nga tannasoma Al-fatiha, ate mu eyookubiri ayogera takbeer ttaano ezitali takbiira ey'okuyimirira okuva mu kuvunnama.



2 **Zakat al-Fitr:** Allah yagiraalika kwa abo abalina ebisukka ku bye beetaaga emisana n'ekiro kya Eid, nga bawaayo ekipimo ky'emmere y'abantu b'ekituundu nga ey'omuceere, eŋŋaano oba enteende eri abaavu n'abali mu bwetaavu Abasiraamu, ku lunaku lw'a Eid waleme kubaawo muntu yenna alina bwetavu, kyova olaba Kikkirizibwa okuggya omuwendo gw'emmere mu ssente singa kiba nga ky'ekisinga okugasa abaavu.

**Obudde bwa yo :** okuva enjuba nga egudeyo ku lunaku olusembayo mu Ramadhan okutuuka ku swala ya Edi, era kikkirizibwa okugiwaayo ekiro kimu oba bibiri nga Eid tennatuuka.

Ekigero ky'emmere gy'awayo ky'enkanankana kilo ssatu (3 kilo) mu mmere enkulu ey'abantu b'ekituntu gamba ng'eŋŋaano, omuceere, entende, n'ebirala ebiringa ebyo. Era okubalira mu kiro kyangu kuba yembala y'omulembe guno okwawunanako ne swa'a (amalebe), era nga mu kilo kyenkana nga kilo 3 nga bwetulabwe

Kikakata kuli muntu okweerayo, n'abo balabilira nga omukyala n'abaana, era kirungi okuwelayo n'omwana mulubuto, emmere ekigero y'akkilo 3.

Era Omubaka wa Allah (swala-llahu alaihi wasalam), yagifuula yatteeka eri oyo alina obusobozi kubanga "etukuza ekisiibo okuva mu bigambo ebitaliimu nsa, n'obuseegu, songa mmere eri abaavu.yenna giwayo nga eswala ya eid tennabaawo, eba zakat ekkirizibwa, era oyo yenna agitoola oluvannyuma lw'okusaala, ebalibwa nga wadde saddaaka sosi zakatul Al-fitri" (Abu Dawud 1609)



3 **Kikubirizibwa okubunyisa essanyu n'okujyaganya e'waka,** mu bato n'abakulu, abasajja n'abakazi, mu ngeri yonna ekkirizibwa, okwambala engoye ezisinga obulungi, n'okusinza Allah ne tusiibulukuka n'okulya mu lunaku olwo, era kigaanibwa okusiiba ku Iddi.


4 **Kiragirwa okuyitiriza okuleeta Takbiira** (Allahu akbar/ Allah yasiinga era Yemuyinza w'ebintu byonna) okutandikira mu kiro kya eid, nga bafuluma okugenda okusaala Eid, era ekiseera kya Takbiiri kiggwaako n'okusaala Eid, Takbeera ziletebwa mubeera yakulaga essanyu olw'okumaliriza ekisiibo kya Ramadhan eky'omukisa n'okwebaza Allah olw'okusiiba: Allah Agamba: **"Kale nno mujjuze ennaku Za Ramadhan era mutendereze Allah olw'okubaluŋŋamya nemusobola okusiiba, olwo mubeere abeebaza"** Surat (Al-bakar:185)

N'engeri Takbeer gy'eletebwamu: Allahu Akbar, Allahu Akbar, Lailaha ila Allahu, Allahu Akbar, Allahu Akbar, WAlillahil Hamd.

Era asobola okwongerako: Allahu Akbar Kabiira, Walhamdulilahi Kathira, Wa Subhana Allahi bukratan wa'Asiila



> **Abasiraamu Oluvannyuma Lwokufuluma mu swala ya Eid**



# *EZAKA YO*



# 5

Allah yalaalika zakah, n'agifuula empagi eyokusatu mu pagi z'Obusiraamu, era nategekera abo abatagiwa ebibonerezo ebiruma, songa yo n'okwenenya, wamu n'eswala muguwa ogugata Abasiramu era ogunweza oluganda lwabwe, ng'Allah bwa agamba: **Naye bwe baba beenenyezza nebava ku bikolwa ebyo ne bayimirizaawo e sswala nebawa zzaka, olwo nno baba bafuuse baganda ba mmwe mu ddiini"** AL-TAubah:11

Era ye Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku ye , yagamba nti, "Obusiraamu bwazimbibwa ku mpagi ttaano ... n'okusaala, n'okuwayo Zakat" Yayogerwa (Bukhari 8, Muslim).

## Ebiri mu mulyango guno:

**E bigendererwa bye Zzaka**

**Ebintu Ebijjibwaamu Zzaka:**

- Zaabu ne ffeeza
- Ensimbi oba ssente
- Eby'obusuubuzi
- Ebijjibwa mu ttaka
- Obulunzi

**Ani Awebwa Zzaka?**

# Zzaka

Zzaka kigero kitono nnyo Allah kya'alagira Abasiraamu Okutoola. Era nga etoolebwa abagagga okuyamba abali mu bwetaavu, n'ebigendererwa ebirala.

## Ebigendererwa bye Zzaka

**Allah yassa zaka ku basiraamu olw'ebigendererwa ebinene, ebimu ku byo:**

1. Okwagala ssente butonde bwa muntu era bumu leetera okuzikuuma n'okutamwa okutolako, kale Sharia (Obusiramu) n'efuula Zakat nga yatteeka okugitoola, okulongoosa emitima okuvaamu obubi n'omululu, n'okuggyawo okwagala kw'ensi okususse. Allah a'gamba: **"Gya mu mmaali yaabwe Saddaaka obatukuze era obalongoose nayo"** Tawuba:103

2. Okutoola zakah kuziimba oluganda n'okukwatagana wakati wabasiramu, kubanga ky'abutonde Omuntu okwagala oyo Amuyisa obulungi, era nga bwe batyo Abasiraamu bwebabeera mu mukwano, nga bakwatagana n'ebaba nga omuzimbo ogumu. n'empisa embi,nga okunyaga n'okubulankanya bikendeera.

3. Zakat eggyayo era n'eyolesa Amakulu g'obuddu, n'okugondera ddala Katonda Omugagga. Omuntu bwawaayo zaka abatadde mu nkola etteeka lya Katonda nga atukiriza ekiragiro kye, songa abaye baziza ekyengera ky'Allah kuye nga Allah w'agamba: **singa mwebaza nja kubongerera ddala** (surat Ibrahim:7)

4. Ezzaka eyambako engabanya ennenkamu eyebyenfuna. Mu kugaba zakah eri banyini yo, obugagga tebukuŋŋaanyizibwa mu bagagga bokka wabula emitendera gyabantu gyonna mu byenfuna gigabana obugagga. Katonda Omuyinza w'ebintu byonna bw'agamba: **" Emmaali eyo ereme kuba nga abeegasa nayo bagagga bokka mu mmwe"** suratu Al- hashri:7



**> Okwagala ssente butonde bwa muntu, naye Obusiramu butukubiriza, okulongoosa emyooyo okuva mu Omululu.**

EZAKA YO

## Biki ebiggibwaamu Zakat

Zakah tegibwa mwebyo ebiyimirizawo obulamu obw'omuntu , gamba ng'ennyumba mw'abeera, ne bw'eba ya bbeeyi etya, wadde mmotoka ye gy'akozesa, ne bw'eba ya kitiibwa, era kye kimu n'engoye, emmere, n'ebyokunywa`

Wabula Allah y'alagira zakah okiggibwa mubika bya mmaali ezitali za byetaago ebitandikibwako, nga nayo enkula era ne yeeyongera nga:



**1 Zaabu ne ffeeza ebitakozesebwa mukwambala oba mu by'okwewunda:**

Zaka teggibwa mu maali okuggyako ng'ewezeza akigero ekitandikibwako oba muwendo ogw'atekebwawo (niswabu) era nga ssente ezo ziyiseeko omwaka omujjuvu ogwembala y'omwezi ogw'ennaku 354.

Ekigero kya zaka ya Zaabu ne ffeeza kiri bwe kiti,

Zaabu alinakuweza grams nga obuzito bwa 85 songa ffeeza alinakuweza gram nga 595

Omusiraamu bwaweza ekigero ekyo ekiyitako omwaka, olwonno agyamu zaka ekigero 2.5%



**2 Ensimbi oba ssente za buli ngeri gamba nga silingi, dollar n'endala, ka zibeere mumikono gye tugeze, mu nju oba mu bbanka.**

Okuwayo zakah: Niswab ya ssente esinziira ku muwendo gwa zaabu .by'egubanga gwenkana nisab ya zaabu oba okugisingako, grams 85 mu kiseera ky'okuwaayo zaka, era omwaka ogw'omwezi nga guyiseko ku ssente ezo nga ziri mu mikono gye, olwonno Omusiramu agyamu zaka ekigero 2.5%

Eky'okulabirako: Bbeeyi ya zaabu ekyukakyuka, era singa tukitwala nti bbeeyi ya gram ya zaabu yenkana dolar (25), olwo nisab ya ssente eba bweti:

25(ebbeeyi ya gram ya zaabu, nga eno ekyukakyuka)* 85 (omuwendo gwa gram, tegukyuka) = 2125 dollars ye niswab ya ssente 25*25=2126



### 3 Eby'obusuubuzi

Nga nabyo Bizingiramu: Eby'obugagga byonna ebitegekebwa okusuubula ng'ebizimbe, ettaka, oba emmere n'ebintu ebikozesebwa.

Engeri y'okuwamu zaka ye by'obusubuzi: Omuntu abalirira omuwendo gw'ebyo byonna eby'obusuubuzi, singa omwaka omujjuvu guyitawo, abalira ku bbeeyi y'akatale ku lunaku olwo lwe yayagala okutoola zaka, emaali bweba eweza ekigero feeza ajjamu 2.5%.



### 4 Ebiva mu ttaka mubirime, ebibala n'empeke:

Allah Agamba nti: **"Abange mmwe abakkiriza muweeyo ku birungi byemuba mukoze ne mwebyo byetubaggira wansi mu ttaka"** Al-baqarah: 267

Zaka esasulwa mu bika by'ebirime ebitongole, so si byonna, kasita bituuka ku kigero ekirambikiddwa mu mateeka.

Waliwo enjawulo mukigero ekiweebwa mu zakat wakati w'ebyo ebifukirirwa enkuba n'emigga, n'ebyo ebifukirirwa oba ebirabirirwa abantu.

### 5 **Ebisolo nga ente,** eŋŋamiya n'endiga oba embuzi, singa biba by'elunda ate nga nnyini byo tebimuzitoowerera mukulabilira nga n'okwelisa kwabyo.

Singa kituuka okukirya omwaka gwonna oba ogusinga obungi, olwo ebisolo tebigibwamu Zakat

Okweyongera okumanya Omuwendo gwa zakat n'ekigero ekigibwa mubuli maali biwandiikiddwa mu bujjuvu mu bitabo by'amateeka gobusiraamu



## Baabi abaweebwa zakat

**Obusiraamu bwalambika emiteeko zaka mwe zisaasaanyizibwa.** Era Kikkirizibwa omusiraamu okugiteeka mu muteeko gumu gwokka oba egisukka mu gumu, oba okugiwa ebitongole n'ebibiina n'ebigigabira abo abagisaanidde mu basiraamu, songa ekisinga obulungi kwe kujigabira abantu bekitundu mwawangalira.

**Emiteeko gy'abo abalina ebisaanyizo ebiwebwa zaka gye bino wammanga**


1. **Abaavu n'abali mu bwetaavu.** Nga bebo abatafuna bintu bimala n'ebyetaago ebisookerwako.
2. **Abo abasolooza n'abagaba zaka**
3. **Omuddu eyeegula ku mukama** we aweebwa ensimbi n'eyegula afuuke Omwana wabwobwe (Na'ava mubuddu)
4. **Oyo eyeetikka ebbanja ly'atasobola kusasula,** kalibeere ebbanja nga liri mu obulungi eri abantu nga okutabaganya wakati wa basowaganye.
5. **Abali mu kkubo lya Katonda,** era nga bebo abalwanirira eddiini yaabwe n'ensi yaabwe, era nga mu yingiramu buli mulimu ogulimu okusaansaanya eddiini
6. **Abo emitima gyabwe nga gy'akwagazisa bwagazisa obusiraamu,** era nga be bakaafiiri abasiramuka ngabetaaga okunweera oba abo abasubirwa okuva mu bakaafiiri, era ekika kino tekiweebwa zakah bantu babulijjo, wabula Omukulembeza oba oyo gwawadde obuyinza Okugigaba nga ebitongole ebyakirizibwa singa baba balabye obulungi mu kuwa abantu bano.
7. **Omutambuze akutuse kulugendo nga yeetaaga ssente,** ne bw'aba alina ssente nnyingi mu kituundu wawangalirwa.

Katonda Owa waggulu, ng'annyonnyola ensaasaanya ya zaka yagamba: **"Mazima ddala zzaka eweebwa abaavu, n'abanaku, n'abagikolako, naabo e mitima gyabwe egisikirizibwa, (abaakasiramuka), ne mu kununula abaddu, n'abo amabanja begatuuse mu bulago, ne mu kulafuubana mu kuweereza mu kkubo lya Katonda, n'omutambuze"** suratu tawuba :60



> Abaavu bebo abatalina busobozi bwetusaako eby'etaago ebisookerwako nga bibamala mu bulamu bwabulijjo.

EZAKA YO



# *HIJJA YO*



# 6

Okulamaga, okugenda e Makka ye mpagi ey'okutaano ey'Obusiraamu, era kusinza omuli engeri zw'okusinza zonna nga okusiinza kw'omubiri, omutima n'ensimbi, era hijja elina okukolebwa abo abalina obusobozi mu mubiri ne mu by'ensimbi omulundi gumu mu bulamu.
Allah agamba: **"era Katonda alaalise ku bantu okulambula e nyumba eyo kwoyo aba asobodde ebyetaagisa okutuuka gyeri, naye omuntu awakanya (obukakafu bwa Hijja) mazima ddala Katonda talina kyeyeeguya ku bantu"** (Al -Imran 97).

## Ebiri mu mulyango guno:

**Ebirungi bya Makka n'Omuzikiti Ogwemizizo**

**Amakulu ga Hajja**

**Ebikwata kubusobozi bw'omusiraamu okukola Hijja**

**Akakwakulizo ka, Mahram mu kulamaga kw'abakyala**

**Ebirungi bya Hijja**

**Ebigendererwa bya Hijja**

**Umrah**

**Eid al-adha**

- Biki ebikolebwa ku lunaku lw'a Eid?
- Obukwakulizo by'ensolo esalibwa.
- Ennyama ya dhuhiya.

**Okulambula ekibuga kya Nabbi (SWA)**

# Hijja oba Okulamaga

## Ebirungi bya Makka n'Omuzikiti Ogwemizizo

**Omuzikiti Ogwemizizo gusangibwa mu kibuga Makkah ekyekitiibwa mu bukikira kkno bw'ekyombo ky'Abawalabu, era gulina ebirungi bingi mu Busiraamu, omuli:**

1 **Mulimu Kaaba etukuvu**

Kaaba kizimbe kya nsonda nya era kiziimbe kiwanvu ddala, esangibwa wakati mu Muzikiti ogwemizizo mu Makkah Al-Mukarramah

Era nga kye kibula abasiraamu gye bakyukira mu kusaba n'ebikolwa ebirala eby'okusinza Katonda bye yalagira nga edduwa.

Yazimbibwa Nabbi Ibrahim ne mutabani we Ismail, emikisa n'emirembe bibeere ku bo bombi, ku kiragiro kya Katonda owekitibwa, naye oluvanyuma omuziimbo gwayo ne guzzibwa obuggya enfunda eziwera.

Allah agamba: **" Era jjukira ekiseera Ibrahim ne Ismail bwe baasitula omusingi gw'enyumba (Kaaba) nga bagamba nti; ayi mukama omulezi waffe (Katonda) kkiriza omulimu gwaffe guno mazima ggwe oli muwulizi era mumanyi."** (surat Al baqarah: 127)

Era Nabbi Muhammad (SWA), yeetaba n'ebika by'abawarabu mu Makkah Al-Mukarramah (eyekitiibwa) mu kuteeka Ejjinja Hajarul Aswadi (eridugavu) mu kifo kyalyo bwe baali baddamu okuzimba Kabah.



> **Omulyango gwa Kaabah nga guwandiikiddwako ayat ezimu mu Qur'ani**

2 **Kaaba gwe muzikiti ogwasooka ku nsi:**

Era Abu Dharr, Allah Amusiime, bwe yabuuza omubaka wa Katonda, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye , Ayi omubaka wa Katonda, muzikiti ki ogwasooka okuteekebwa ku Nsi? Nagamba nti: Masjid al-Haram (EMakka), Abu dharr nabuza nti: Olwo nekudako muzikiti ki? nagamba nti Masjidil -aqsa , Abu Dhari kwekumubuuza nti: Wayita bbanga ki oluvannyuma lwa masjidi Y'emakka olwo Aqswa ezibibwe? Nagamba Nabbi nti: "Emyaka amakumi ana, naye esswala yonna gy'ekusaanze saalira Awo kubanga emizikiti gyonna girimu obulungi" (Bukhari 3186, Muslim 520).

### 3 Esswala esaliddwa mu muzikiti guno ekubisibwamu emirundi nemirundi mu empeera

Yagamba nti: “Esswala esaaliddwa mu muzikiti gwange guno – nga ategeeza omuzikiti gwa Madina – esinga esswala lukumi ezisaliddwa mu mizikiti emirala okuggyako Omuzikiti Ogwemizizo ogwe makka, n’okusaala mu Omuzikiti gwa Al haram (ogwe makka) gusinga esswala emitwalo kikumi ewalala” (Ibn Majah 1406, Ahmed 14694).

### 4 kifo Allah yakifuula kyamizizo n’omubakawe (SWA)

Allah Owa waggulu Agamba: **“Gamba (ggwe Nabbi Muhammad) nti mazima nalagirwa okuba nga nsinza Allah omulabirizi w’ekibuga kino (Makkah) oyo eyakifuula e ky’emizizo era buli kintu kyonna kikye era nnalagirwa okubeera mu beewa ewa Katonda”** (Anamuli : 91)

Makkah Katonda yagigaana ebitonde okuyiiramu omusaayi, oba okusobya ku muntu yenna mu yo, oba okuyigga ensolo zaayo, oba okutema emiti gyayo n’omuddo gwonna.

Nabbi yagamba nti: “Makkah Katonda yagifuula yamizizo, ssosi bantu, n’olwekyo tekikkirizibwa omuntu akkiririza Allah n’olunaku olw’enkomerero okuyiiramu omusaayi, wadde okutema omuti mu yo” (Bukhari 104, Muslim 1354).

### 5 Kye kibuga ekisinga okwagalibwa Katonda n’eri Omubaka we Muhammadi, Katonda amuwe emikisa era amuwe emirembe

Omu ku ba Swahaaba yagamba: Nalaba Omubaka wa Katonda, okusaasira n’emirembe bibeere ku ye , ng’ali ku ngamiya ye, ng’ayimiridde e Al-Hazura (kafo mubufo bwo mu Makkah) ng’agamba nti: “Ndayira Katonda, makka oli kibuga ekisinga obulungi mu nsi ya Katonda, era ekisinga okwagalibwa mu nsi eri Katonda, era singa tebanfulumiza mu ggwe, sandikufulumye” (Al-Tirmidhi 3925, Al-Nisa’i mu Al-Kubra 4252).

### 6 Katonda yalalika okulamaga ku Nnyumba Ye Entukuvu eri abo abasobola

Ibrahim emirembe gibeere ku ye, yakoowoola abantu okukola Hijja, bwe batyo abantu nebeyiwa okuva buli wamu, era bannabbi emirembe gibeere ku bo, ne balamaga, ng’Omubaka, essaala za Katonda n’emirembe bibeere ku ye, bwe yagamba. Allah yagamba: **“Era koowoola abantu baggye okukola Hijja, bagenda ku kujjira abatambuza ebigere, n’abalijjira ku nsolo enkovvu nga bava mu buli kkubo eryewala”** (Al-Hajj: 27).



> Twawaf okwetoloola Kaaba emirundi musanvu y'emu ku mpagi za Hijja ne Umrah

## > *Okulamaga/ Hijja kyeki?*

Hijja kwe kugenderera okugenda kunnyumba Entukuvu ya Katonda okukola emikolo, nga najjo bye bikolwa ne bigambo ebyava ku Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, gamba ng'okuyingira mu mbeera ya ihram (emizizo), okwetooloola kabah emirundi musanvu, okutambula emirundi musanvu wakati w'ensozi ebbiri eza Swafa ne Marwah, okuyimirira mu Lusenyi Arafah, okukuba amayinja ebiwaji e Mina, n'ebirala.

Songa mulimu emigaso mingi eri abaddu, gamba ng'okwolesa obwomu bwa Katonda, okusonyiwa okunene abalamazi kwe bafuna, okumanyigana wakati w'Abasiraamu, okuyiga Amateeka g'eddiini, n'ebirala.

**Ebiseera by'okulamaga:** Emirimu gya Hijja gibeera wakati w'olunaku olw'omunaana n'olw'ekkumi n'esatu mu mwezi gwa Dhul-Hijjah, nga guno gwe mwezi ogw'ekkumi n'ebiri mu mbala y'obusiraamu.

### Ani akakatibwako okukola Hijja?

Hijja okukakata kumuntu atekedwa okuba musiraamu, akuze ate nga alina obusobozi (era obukulu wano kitegeza -nga bwe kyayogelwako emabegako- ge magezi, amakulu nga ategera bulungi

**Amakulu g'obusobozi:**

Kwekuba nobusobozi okutuuka ku Nnyumba Entukuvu (Kaaba) ng'ayita mu makubo amatuufu era ag'amateeka, n'okuba n'obusobozi bw'okukola emikolo gya Hijja awatali buzibu buyitiridde obusukka ku bwa bulijjo obw'olugendo, nga talina na kweralikirira bulamu kumuvaako ne ssente, era nga alina n'obusobozi obweyimilizaawo mu Hijja na abo abamukakatako okulabilira.

## > *Embeera z'obusobozi bw'omusiraamu okukola Hijja*

1. Bwaba asobola okwekozesa Hijja yekka, era nga asobola okutuuka aMakka bulungi nga talina buzibu buyitiridde okusinga kubwa bulijjo, era ng'alina ssente ezimala, Ono Hijja emukakatako.

2. Singa tasobola kukola Hijja yekka, olw'obulwadde oba n'obukadde, naye nga asobola okufuna omuntu akola Hijja ku lulwe, era nga asobola okuwaayo ssente gy'ali okukola Hijja eyo ku lulwe, Aba alina okuwa omuntu oyo ssente n'amukolera Hijja.

3. Omuntu bw'aba tasobola kukola Hijja yekka oba n'okukola n'omuntu omulala yenna, tekimukakatako kukola Hijja kasita aba nga tasobola.

Ng'omuntu atalina ssente zisukka ku byetaago bye n'okulabirira maka ge ,abo Hijja tebakakatako.

Omuntu sikyatteeka kuye okukungaanya ssente okukola Hijja, naye wonna wafunidde obusobozi obukola Hijja lwemukakatako.

Abaffe: Abaffe Olina ssente ezimala n'obusobozi bw'omubiri okukola Hijja?

Yee → Hijja ekukakatako okukola.

Nedda → olina ssente ezimala, naye nga tolina busobozi bwa mubiri kukola Hijja olw'obulwadde, obutasuubirwa kuwona Oba okaddiye?

Yee → Olina okuwa ssente omuntu okukola Hijja ku lulwo.

Nedda → Bw'oba tolina ssente zimala kukola Hijja ezisukka ku byetaago byo n'ebyetaago by'abo b'olina okulabilira, olwo okukola Hijja tekukukakatako, era tolina kusolooza ssente kukola Hijja.

## > Akakwakkulizo ka Mahram eri omukyala

**Hijja,** okukakata kumukyala atekeddwa okubeera nga awerekeddwako omu ku ba mahram be mu Hijja, Ba mahram (abamuzira okufumbirwa) beba: bba oba omwami yenna amuzira okufumbirwa, nga taata, jjajja, abaana n'abaana babwe, nabaana ba muganda we, n'abaana babwe , kojja ne kojja wa maama. (laba olupapula 205)

Singa omukyala akola Hijja nga talina mahram ngekubo okutuuka mu hijjah lilina obukuumi, Hijja ye eba ntuufu era emumala.

## > Ebiruungi bya Hijja

**Hijja erina ebirungi bingi ebyogerwako ebimu kubyo:**

1. Gwe gumu ku mirimu egisinga obulungi, Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yabuuzibwa nti: Milimu ki ebisinga obulungi? Yagamba nti: 'Okukkiriza Katonda n'omubaka we.' Kyagambibwa nti: Olwo kiki? Nagamba nti: 'okulwana mu kkubo lya Katonda'. Nabuzibwa nti: Onooluvanyuma kiki? Nagamba nti: "Hijja ekkirizibwa" (Bukhari 1447, Muslim 83)

2. Sizoni nnene ey'okusonyiyibwa. Ye Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti, "Oyo yenna akola hijja n'ateetaba mu bikorwa bya bufumbo, n'atayonona, akomawo nga asonyiyidwa ebibibye byonna ngalinga olunaku nnyina lwe yamuzaala" (Bukhari 1449, Muslim 1350), kwe kugamba, nga talina bibi ng'alinga eyaakazaalibwa.


3. Mukisa munene gw'akusumululwa okuva mu muliro Jahannam, Omubaka wa Katonda Allah amuwe emirembe n'emirembe, yagamba nti: 'Tewali lunaku Allah lw'asinga okusumulula abaddu okuva mu Jahannam okusinga olunaku lwa Arafa' (Muslim 1348)

4. Empeera ya Hijja Jjana.Ye Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye: "Hijja ekkiriziddwa terina mpeera wabula Jjana"yawogerwa (Bukhari 1683, Muslim 1349)

Ebirungi bino ebya Hijja ebiingi n'ebirala ebitayogedwa bye yawulidde abo bokka nga ebigendererwa byabwe ebituufu, abalongoosa embera zabwe ez'ekyaama, n'agoberera enkola y'Omubaka wa Katonda Muhammadi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, entuufu.

## > *Ebigendererwa bya Hijja*

Okulamaga kulina ebigendererwa bingi, ebimu bidayo ku Omwoyo n'empaangala ya bantu, era eno y'ensonga lwaki Allah yagamba oluvannyuma lw'okwogera ebikakata ku mulamazi mu kusala ensola kulunaku olwekumi (yawumu Nahari) Allah Agamba : **"Ennyama ya zo n'omusayi gwa zo tebituuka ku Katonda naye atuukwako okumutya okuva mu mmwe"** (Al-Hajji: 37). era Nabbi nagamba nti, "Mazima okwetooloola kaaba n'okutambula wakati wa Al -Safa ne Marwah n'okukuba ebiwagi by'atekebwawo okujjukira Katonda" (Abu Dawood 1888)



**> Buli yenna ayagala okukola Hijja ne Umrah alina okuyiga amateeka agabikwatako**

**Mu biruubirirwa n'ebigendererwa bino mulimu:**

### 1 Okulaga obwetoowaze n'okugondera Katonda

kubanga omulamazi agaana eby'okwejalabya n'okwewunda, n'ayambala ebyambalo bya ihram, ng'alaga obwetavu eri Mukama we Allah, ne yeekutula ku nsi n'ebintu byayo ebimuwugula okuva ku Mukama we, ekyonno nekimuletera okusonyiyibwa n'okusaasirwa, olwo n'ayimirira mu Arafa nga yeegayirira Mukama we, ng'amutendereza, amwebaza emikisa gye n'obulungi, era ng'anoonya okusonyiyibwa ebibi bye.

### 2 Okwebaza ebyengera Bya Allah

Okwebaza mu kukola Hijja kulabikira mu bintu bibiri: okwebaza Allah ekyengera kya ssente, n'okwebaza olw'obulamu bw'omubiri, nga bino by'ebimu kubyengera ebikulu mu nsi.era okwebaza ebyengera kyateeka mumagezi gabuligyo n'eddiini.

## 3 Kunganiro lyabasiramu nakkuumiro lyaluganda lwabwe

Abasiraamu okuva mu nsi yonna bakuŋŋaana mu Hijja, era ne bamanyigana. ssonga, okwawula wakati evawo era omugagga n'obwavu, n'enjawulo mu kikula ky'abantu ne langi, n'enjawulo mu nnimi tebaawo bonna baba kimu. Ekigambo ky'Abasiraamu kyegatta mu lukungaana lw'abantu luno olusinga obunene. Era n'ebalamirigana okutya Allah, amazima, kigendererwa kino kinene era kiyunga obulamu bwo kunsi n'obwenkomerero.

## 4 Okujjukira Olunaku Lw'enkomerero

Okulamaga kujjukiza Omusiraamu olunaku lw'e nkomelero, Nanti awo omulamazi bwa yambula engoye ze, nayambala ihrami, n'ayimirira mu lusenyi Arafat n'alaba n'abantu nonna nga engoye zaabwe ze ngeru ajukira oluna lwenkomelero. Era kino kimuyambako okulwetegekera.

## 5 Okwolesa okwawula Allah mubwanamunigina n'okumwawula mubigambo n'emubikolwa:

Akabonero ka ba hajji kyekigaambo talbiya (Labbaykal lahumma labbayka, labbayka la sharika laka labbayka, innal hamda wa-n-niʿmata laka wa-l-mulka la sharika lak). Amakulu "Ayi Allah nyanukudde omulanga gwo, Ayi Allah, ndi mu buweereza bwo, tolina nedda kikugatibwako, okutendereza n'ekisa bibyo era obwakabaka bubwo, tolina kikugatibwako. Nga Jabir (Allah Amusiime) wagaamba nti: "Bw'atyo Nnabi n'atendereza n'eTawheed" (Muslim 1218), era Tawheed erabika bulungi mu mikolo gyonna egya Hijja, mu bikolwa n'ebigambo




## > *Emikolo gya umrah*

Kwe kusinza Katonda ng'oyingira mu Ihram (Emizizo), okwetooloola Kaaba emirundi musanvu, n'okutaambula wakati wa Safa ne Marwah emirundi musanvu, olwo n'osaloko enviiri oba n'okendeza ko.

**Ennamula yaa umrah:** Umrah ekakata kubuli yenna alina obusobozi omulundi gumu mu buwangazibwe, era kikubirizibwa okukiddiŋŋana.

**Ekiseera kyayo:** Kikkirizibwa okukola umrah omwaka gwonna, naye okujikolera mu mwezi gwa Ramadhan kilina empeera ekubisiddwamu, nga Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Umrah mu Ramadhan yenkanankanka mpeera za Hijja " ( Bukhari 1764, Muslim 1256)



> **Umrah ekakata kubuli yenna alina obusobozi omulundi gumu mu bulamu.**

# *Eid ya Aduha*

Luno lwe lunaku lwa eid ey'okubiri eri Abasiraamu era lubawo ku lunaku olw'ekkumi mu mwezi gwa Dhu al-Hijjah (omwezi ogw'ekkumi n'ebiri ku kalenda y'Obusiraamu), era mulimu ebiruungi biingi , omuli:

1 Lwe lumu ku nnaku ezisinga obulungi mu mwaka: Ennaku ezisinga obulungi mu mwaka ze nnaku ekkumi ezisooka mu mwezi gwa Dhu al-Hijjah, nga ye Nabbi waffe (SWA), bwe yagamba nti: "Tewali nnaku emirimu emiruungi egikolebwa muzzo nga kya galwa nyo okusinga ennaku zino ekkumi.' Baagamba nti: Ne jihad ku lwa Katonda? Naddamu nti: "kakube kulwana mukumu kubo lya Allah, okuggyako ng'omusajja afulumye mukubolya Allah ne ssente ze ate n'atakomawo n'ekintu kyonna" yayogera (Bukhari 926, Al-Tirmidhi 757)

2 Lwe lunaku lwa hijja olusinga obunene anti emikolo gya Hijja egisinga obukulu era egy'ekitiibwa mwegikolerwa, gamba ng'okwetooloola Kaaba, okusala ensolo ey'okusaddaaka, n'okukuba Ekiwaji ekinene .

## Biki ebiragibwa okukola ku lunaku lwa Eid al-Adha

Ebiragibwa ku lunaku lwa Eid al-Adha eri abatali balamazi byebimu n'ebiragirwa ku Eid al-Fitr ey'omukisa, nga bwe kyayogerwako ku (p. 144), okuggyako zakat al-Fitr, yeetongodde ku Eid al-Fitr yokka.

Eid al-Adha emanyiddwa nti kikubirizibwa nyo okusala Dhuhiya nekigendelerwa eky'okusembera eri Katonda.

**OKusala ensolo mumbeera eya Ssaddaaka:** enngamiya, ente oba endiga ng'ekigendelerwa eky'okusembera eri Katonda ku lunaku lwa Eid al-Adha, okuva oluvannyuma lw'okusaala Eid okutuusa enjuba lw'egwa ku lunaku olw'ekkumi n'esatu mu mwezi gwa Dhu al-Hijjah. Nga Allah bwe yagamba: **N'olwekyo wenywereze ku kusaala ku lwa Katondawo, era osale n'ebisolo, nga osaddaaka ku lwa Katondawo"** (kauthar:2), esswala wano eyogerwako ye eddi ey'okusala ebisolo.

Dhuhiya elamulwa etya? Dhuhiya Sunnah enkulu enyo eri oyo alina obusobozi, bwatwo Omusiraamu asala kululwe n'abantu be.

Era kiragirwa eri oyo anasala ensolo (okusaddaaka), obutaggya kintu kyonna ku nviiri ze, enjala, oba olususu okuva ku lunaku olusooka mu mwezi gwa Dhu al-Hijjah okutuusa nga amaliriza okusala Dhuhiya.



> Abasiraamu nga basaala Idi ey'ebisolo.

## Obukwakkulizo bw’ensolo esalibwa ku Dhuhiyah:

1 Etekeddwa okuba ensolo esalibwa emu ku nsolo ezirundibwa ewaka nga: endiga, embuzi, ente oba engamiya, era tekiba kituufu kusaddaaka bisolo bitaribino oba binyonyi. Abo abaagala okukola Hijja ne Umrah balina okuyiga ensala z’amateeka ezibakwatako.

Endiga oba embuzi emarila omusajja n’abomu nnyumba ye, era kikkirizibwa Abantu omusanvu okwegatta ku nte emu oba engamiya emu.

2 Ensolo Okutuuka emyaka egyetaagisa, n’emyaka egyetaagisa: mu ndiga, emyezi mukaaga, mu mbuzi omwaka gumu, mu nte emyaka ebiri, ne mu ŋŋamiya emyaka etaano

3 Ensolo terina bulemu bwonna obweyolefu .Ye, okusaasira n’emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: “Ebintu bina tebikkirizibwa mu ssaddaaka: ensolo eyeeliso erimu, endwadde obulwadde obweyolefu, ezirina obulema bwazo obweyoleka, n’engonvu etaliimu obusomyo” (Al-Nisa’i 4371, Al-Tirmidhi 1497).

## Biki ebikolebwa ku ssaddaaka oba duhiya?

- Kizira okutunda ekintu kyonna okuva ku kisolo kya Dhuhiya gamba nge ennyamayayo oba eddiba.
- Kirungi ennyama yaayo okugigabanyamu emiteeko esatu, kimu kya kusatu kikye, kimu kya kusatu kiweebwa ng’ebirabo, n’ekitundu eky’okusatu kiweebwa abaavu.
- Kikkirizibwa omuntu okukwasa omuntu omulala obuvunanizibwa bw’okumusalira oba n’awaayo ssente oba naziwa ebitongole by’obuyambi ebyesigika n’ebisala Dhuhiya ne bagigabira abetaavu.



> Obusiraamu bulambika nti ensolo esaddaakibwa erina okuba nga terina bulemu.

# *Okulambula ekibuga kya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye (Madina)*



Ekibuga kya Nabbi, kyekibuga Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, gye yasengukira nga ava e Makkah olw'obulabe abashiriku bwe baamukolako.

Era ekintu Nabbi emirembe gibeere ku ye, kye yasooka okukola nga yakatuuka mu madiina kwe kuzimba Omuzikiti gwe ow'ekitiibwa, ogwafuuka ekifo eky'okumanya, n'okubunyisa ebirungi mu bantu.

Okulambula omuzikiti gwa Nabbi mazima ddala kikubirizibwa nyo, ka kibeere mu sizoni ya Hijja oba mu biseera ebirala.

Okukyalira omuzikiti tekirina kakwate na mikolo gya Hijja, ssonga tekirina kadde keyawulidde okikola wabula obudde bwonna.

Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Tekikiribwa okusiba ngungu n'okutambulira okuggyako mu mizikiti esatu: Al-Masjid Al-Haram, omuzikiti gwange guno, n'omuzikiti gwa Al-Aqsa" yayogerwa (Bukhari 1139, Muslim 1397, Abu Dawood 2033)

Era ye, Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Esswala mu muzikiti gwange guno esinga esswala lukumi awalala wonna, okuggyako Omuzikiti Omutukuvu ogwe makka" (Bukhari 1133, Muslim 1394)

## Biki ebikubirizibwa okukola nga olambula kibuga kya Nabbi?

Ekigendererwa ky'Omusiraamu mu kugenda e Madiina kyandibadde kugenda mu muzikiti gw'Omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, n'okusaliramu, w'atuuka e Madiina, akubirizibwa okukolabino wamanga:

1 **Okusaalira mu Al-Rawdah AlSharifah:** Rawdah kafo keyawulidde kali mu maaso g'omuzikiti wakati w'ennyumba ya Nabbi, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, n'emibari ye Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Wakati w'ennyumba yange n'emiimbari yange ye Rawdah kafo mu nsuku zomu jjana" (Bukhari 1137, Muslim 1390)

**2** **Okutolera ku Nabbi salamu:** ekyonno kikolebwa nga ogenze okulambula entaana ya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, n'oyimirira mu maaso g'entaana ye ng'otunudde mu maaso, n'ogamba mu mpisa era mu ddoboozi erikakamu nti: Emirembe gibeere ku ye, omubaka wa Katonda, n'okusaasira kwa Katonda n'emikisa gye.nkakasa nti watuukiriza obuvunanizibwa n'obubaka byewakwasibwa, Era n'osomesa abantu wamu n'olafubana mu kkubo lya Allah, Nabbi essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Tewali muntu yenna antoolera ssalaamu okuggyako Katonda anziriza omwoyo gwange ne nziramu salamu ye" (Abu Dawud 2041)

Olwo n'akyuka ku ddyo okulamusa Abu Bakar Al-Siddiq, Katonda amusiime, omusika w'Omubaka wa Katonda era asinga obulungi mu ba Swahaaba oluvannyuma lwa Nabbi

Olwo n'akyuka ku ddyo okulamusa Umar, Katonda amusiimye, nga ye khalifa owokubiri oluvannyuma lw'omubaka wa Katonda era asinga mu ba swahaba oluvannyuma lwa Abu Bakar

Omubaka wa Katonda Muhammadi, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, newankubade y'asinga ebitonde byonna ekitiibwa Talina buyinza kugasa wadde okukosa omuntu yenna, n'olwekyo tekikkirizibwa kumwegayirira wadde okumusubiramu obuyambi. Wabula, okwegayirira n'okusinza okw'engeri zonna bya Allah yekka, atagatibwako kintu kyonna.

**3** **Okulambula omuzikiti gw'e Quba:** Quba Gwe muzikiti ogwasooka okuzimbibwa mu Busiraamu nga Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, tanazimba omuzikiti gwa Nabawi. kikubiriziwa eri abo abaali mu Madiina okulambula omuzikiti gw'e Quba, Anti ye Nabbi (SWA) yagulambulanga, Era nagamba nti: "Oyo yenna eyetukuza mu nnyumba ye, olwo n'ajja ku muzikiti gw'e Quba n'asaalira eyo, ajja kufuna empeera nga akoze Umrah" (Ibn Majah 1412)



> Omuzikiti gwe Kubah e Madiinah kiri Sunnah okugulambula n'okugusaaliramu.



# *ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI*



# 7

Obusiraamu bwassaawo ebiragiro byonna n'amateeka agayamba omuntu n'okukuuma eddembe lye ery'ebyensimbi n'eby'emirimu, mugagga oba mwavu, era nga biyamba mu kukwatagana, okukulaakulanya n'embeera z'abantu mu mbera zobulamu zonna.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Etteeka erifuga enkolagana y'ebyensimbi wakati wabantu liri nti bikirizibwa**

**Ebintu nga byo byenyi bwaziyizibwa**

**Ebintu ebitakirizibwa olwekubo lye bigiddwamu**

**Riba**

- Riba owe'bbanja
- Riba owokuwola
- Ennamula ya Riba
- Akabenjye ka riba ku ssekinnoomu n'ekifo w'awangalira

**Okuwuddisa, okulimba n'obutamanya mu bisineensi**

**Obutali bwenkanya n'okutwala emmaali y'abantu mu bukyamu**

**Okuzannya zzaala**

- Obulabe obuli mu kuzannya zzaala ku muntu ssekinnoomu n'ekitundu

**Empisa ezikakasibwa Obusiraamu mu nkolagana y'ebyensimbi:**

- Obwesimbu
- Amazima
- Obukugu

# *Enkolagana y'ebyensimbi*

**Katonda yatukubiriza nyo okutamba mu nsi okunoonya eby'enfuna, era kino kyeyolekera mu nsonga zino wammanga:**

- Yagaana okusabiriza abantu ssente kasita omuntu aba nga asobola okukola n'amaanyi ge, era n'agamba nti oyo asaba abantu ssente so nga ye asobola okukola n'okufuna ssente afuuka munyomoofu mu maaso ga Katonda ne mu bantu, era Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Omuntu tagenda kulekerawo kusabiriza okutuusa lw'anaasisinkana Katonda we kulunaku lwenkomelero nga talina nnyama mu maaso ge" yayogerwa (Bukhari 1405, Muslim 1040)

Era Omubaka wa Katonda, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Oyo yenna obwavu gwe bunyize, n'eyesigamira ku bantu mukifo kya katonda tagenda kuvamubwavu paka, era oyo agezeseddwa n'obwavu n'eyesigamira katonda Ow'ekitiibwa, Katonda amugaggawaza" yayogerwa (Ahmed 3869, Abu Dawud 1645)

- Emirimu gyonna egy'amakolero, egy'obuweereza n'okusiga ensimbi n'emirala, mirimu gya kitiibwa ebanga lyegimala nga tegwawukana na ngigiriza y'obusiramu, Obusiramu butulaga nti bannabbi baali bakola mu mirimu egikkirizibwa egy'aliwo mubiseera ebyo Nga Nabbi (SAW), bwe yagamba nti: "Katonda teyatuma ko nnabbi wabula nga Nabbi oyo yalundako ku mubuzi" yayogerwa (Bukhari 2143), era Zakariya yali mubazzi (Muslim 2379), ne bwe batyo bannabbi abalala baali bakola emirimu egy'engeri eno.



> Emirimu gyonna egikkirizibwa gya kitiibwa era sikamoga okugye nyigiramu.

- Omuntu bwaba n'ekigendererwa ekirungi mu mulimu gwe, nga okwemalira ebyetaago bye wamu n'abaantu be nga tasabiriza bantu, n'okuyamba abetavu, afuna empera mumaso ga Allah olw'omulimu o'gwo n'obunyiikivu bwe.

## Ekikolo ekifuga ennamula y'ebyensimbi

Ennamula mu nkolagana zonna ez'ebyensimbi, gamba ng'okugulangana, okutunda, okupangisa, n'ebirala abantu bye beetaaga eri nti bikkirizibwa okuggyako ebyo ebiri Haraam kulwabyo byennyini oba olwensonga endala.

## Obusiraamu bye bugaana ku lwabyo byennyini:

Na'byo by'ebyaganibwa olwokubanga byo byennyini tebikirizibwa, n'olwekyo tekikkirizibwa kubisuubulamu, kubitunda, kubipangisa, n'okubibunyisa mu bantu.

**Eby'okulabirako by'ebyo Obusiraamu bye bugaana ku bwabyo:**

- Embwa n'embizzi.
- Ebisolo ebifudde oba ekitundu kubyo.
- Omwenge n'ebyokunywa ebitamiiza.
- Ebilagalalagala na buli kimu eky'obulabe eri obulamu.
- Ebintu byonna ebibunyisa obuseegu mu bantu, gamba ng'obutambi, emikutu gy'empuliziganya egy'obuseegu.
- Ebifaananyi na buli kintu ekisinzibwa ebitari Katonda.

## Ebiri Haram olwensonga endala

Y'emmali ekkirizibwa mu nsibuko yayo, wabula engeri gyefuniddwamu nga tekirizibwa era nga ekosa omuntu ssekinnoomu n'ekitundu, kale n'eganibwa olw'ensonga eyo, era ensonga eziretera Enkolagana mu byensimbi okufuuka Haramu ze zino:

Riba, obulimba, n'obutamanya mu bisineensi, Obulyake n'ezaala.

**Katubi nnyonnyola kimu ku kimu:**

## > *Riba/ Enfissi*

**Riba: y'enyoongeza e'gaanibwa mu mateeka go'busiramu; Olw'obulyaake obulyazaamanyi n'obulabe obwe leeta mu bantu.**

Riba wabika ebiwerako, wabula asinga okumanyika n'okugaanibwa ye Riba o'wokukola enfissi mu mukuwola n'amabanja, era nga kwe kwongera mu ssente nga totunda ky'amaguzi nga bwetugenda okulaba, Era Riba ono wabika bibiri:



> **Buli kuwola oba ebbanja erikola amagoma eri omuwozi amagoba ago aba Riba singa omuwozi akateekawo nga akakwakkurizo.**

- **Raba al-Daini/ Okukola amagoba mu banjya**

Nga nakwo Kwe kwongera ku bbanja nga nsalesale w'okusasula atuuse singa omubanja aba tasobola kusasula.

**Okugeza:** Singa (Saidi) yeewola ddoola 1,000 okuva ku (Khalid) nga okuzisasula kwa luvannyuma lw'amwezi gumu, era omwezi bwe gwaggwaako n'ekiseera eky'okusasula ne kituuka, nga (Saeed) tanafuna sente ezo, olwo omuwozi (Khaled) n'ateekawo nti azisasula kati awatali kwongera  Oba azisasula oluvannyuma lw'omwezi ku ddoola 1100, ate bw'aba tasobola, olwo oluvannyuma lw'emyezi ebiri asasula ddoola 1200.

- **Riba w'okuteeka obukwakulizo kumuntu eyewoze**

**Era Riba eno:** y'omuntu oba ekitongole okwewola ssente ku muntu oba mu bbanka, n'akakwakkulizo nti ssente bazisasula n'amagoba ge bakkiriziganyaako ku bitundu 5% oba 10% buli mwaka, okusiinzira bweba bateseza.

**Eky'okulabirako:** sula ayagala okugula ennyumba ebalibwaamu (100000 dolla) ate nga talina

ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI

ssente zimala, bwatyo agenda mu bbanka n'emuwola ssente (100000 dolla) okugula ennyumba, Bbanka n'emugamba agya kugidiza (dollar 105000) nga asasulalira mubitundu buli mwezi okumala emyaka etaano

Era Riba ari Haraamu era nga bye bimu kubyonoono ebinene kasita okuwola kuba n'emigaso egyeyawulide kawola, ka libeere nti ebbanja lya kuteeka ssente mu by'obusuubuzi oba amakolero, oba okugula eby'obugagga ng'okugula ennyumba n'ebizimbe, oba mu by'okwejalabya.

Wabula okugula ebintu nga ssente osasula mu bitundutundu n'ezisukka ku bbeeyi yaabyo mu ssente ezobuliwo, oyo taba Riba wabula kugulagana okukirizibwa.

Ng'omuntu agula essimu ku ddoola lukumi mu ssente enkalu oba Dollar 1200 mu kibanya mpola buli mwezi nga asasula omutunzi ddoola kikumi okumala omwaka gumu.

## Riba alamulwa atya

Riba agaanibwa nnyo mu Qur'an ne hadith za Nabbi, essaala n'emirembe gya Katonda bibeere ku ye, era kye kimu ku byonoono ebinene ddala Era Katonda talaganyisangako lutalo ku bujeemu bwonna okujjako kwoyo alya Riba nabuli yenna alina akakwate ku Riba, Era okuwera kuno kwajja mu bitabo ebyasooka wabula si Busiraamu bokka  Naye etteka lyo kugaana Riba baalikyusa, nga bwe bachusa amateeka amalara. Nga Allah wagamba, ng'annyonnyola ensonga lwaki yabonereza era n'anyigira abantu b'Ekitabo (Abayudaaya na bakatukiki).

## Ebibonerezo eboyo eyenyigira mu Riba

1. Omuntu alya Enfissi aba aguddewo olutalo waki we n'eKatonda n'omubaka we, Allah Agamba: **"Bwemutaave ku Riba mumanye nti Katonda n'omubakawe babalangiriddeko olutalo naye bwe muba mwenenyezza sente zammwe (Capital) zemwassaamu muzigyeeyo, mukino mube nga temufiiriza wadde okufiirizibwa."** suratu (Albaqarah:279) ate nga olutalo luno lukosa omuntu mu mbera zonna, era kiretera abantu okweraliikirira, okwennyamira, n'okunakuwala. bwekiba nga ku nsi bwekitwo bwekiri ate olwo ku nkomelero!.

2. Omuntu wa Riba yakolimirwa n'agobebwa mu kusaasira kwa Katonda, n'oyo yenna amuyamba ko, Jabir, yagamba nti: "Omubaka wa Katonda, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye , yakolimira oyo Alya Riba, oyo agisasula, oyo agiwandiika, n'abajulira bombi kundagaano yayo.' Era n'agamba nti: "Bonna bebamu " (Muslim 1598)

3. Omulyi wa Riba ajja kuzuukira ku lunaku lw'amazuukira mu ngeri esinga okuba ey'entiisa, nga alinga owensimbu n'eddalu. Allah yagamba: **"Abo abalya Ribba (emaali ey'okuwola okw'okwongeramu) ku lunaku lwokuzuukira tebagenda kuyimuka wabula nga bwayimuka oyo aba akubiddwa Sitane naagwa eddalu"** (Albaqarah:275)

4. Ssente ezo ez'aRiba, ne bwe ziba nnyingi zitya, zizikirila kubanga temuba mukisa, era omuntu tazisangamu, sanyu, wadde obutebenkevu, Allah yagamba: **"Katonda agya emikisa mu mmaali ya Ribba kyokka naayaza emmaali etoolwamu Saddaaka"** (Albaqarah:276)

## Akabenjye ka riba ku ssekinnoomu n'abantu okutwaalira awamu

Obusiraamu Riba bwa tulaga nti Haraam olw'okukosa okwamanyi kwereta ku muntu ssekinnoomu n'egwanga omuli:

### 1 Obulyazamanya mu ngabanya y'obugagga. Kino kiretewo Enjawulo ennene wakati w'abagagga n'abaavu

Enfissi/ Riba efundiza ssente mu mikono gya bagagga bokka mu nsi ate abalala nebatafuna ku mukisa ogwo, kino nno kireta engabanya yobugagga eyekyekubiire mu bantu ekivirako ebikolwa ebikyamu nga ensaalwa, obutemu, obubbi n'emizze emirala.

### 2 Kizuula omuze gw'okudiibuda n'obuteeterekera oba okuseviinga

Okwanguyiza okuwola okw'okwongeramu Amagoba kiretera bangi okudiibuda, kubanga afuna amuwola buli bwafuna obwetavu, nekiletera obutetegekera ebiseera eby'omu maaso, nadda mu kwejalabya okutuusa ng'amabanja gamukuŋŋaanako n'obulamu ne bumufunda.

### 3 Riba mu kunsonga eziviirako abagagga okugaana tebaag siga ensimbi mubintu ebyomugaso:

Nnannyini ssente mu nkola ya Riba afuna enfissi ku ssente zo era aba anoonya byamaangu, kino ne kimuwugula okuva kukussa ssente ze mu pulojekiti z'amakolero, eby'obulimi n'ebyobusuubuzi, ne bwe ziba za mugaso zitya eri abantu, anti ekimulemesa nno ekyo kubanga zo zirimuko kusubira loosi era zizimbidwa kulafuubana n'okukola.

### 4 Enfissi oba Riba nsonga evaako emikisa okuva mu mmali n'okugwa kw'ebyenfuna:

Era okugwa kw'ebyenfuna kwonna n'okugwa kw'ebitongole na abantu okwavuwala kuva ku kulemera ku nfissi etakirizibwa, era nga gegamu kumakubo agagya emikisa mu mmali, okwawukanako n'okulongosa eri abantu, ebiwa omukisa ssente n'okweyongera, Allah Owekitiibwa agamba **"Katonda agya emikisa mu mmaali ya Ribba kyokka naayaza emmaali etoolwamu Saddaaka"** (Al Baqarah: 276)



**> Enfissi nsonga evaako okuzikirira kwe Emmali n'okugotaana kwe byenfuna.**


## Kiramulwa kitya omuntu okusiramuka nga alina endagaano ya Riba?

Omunti Singa asiramuka ngalina n'endagaano y'aribah ensayiniinge nge ebbannga lwayo telinatuuka, ekyonno kirimu engeri biri:

1. Bwaba nga ye mulya nfissi (kawola) olwonno addizibwa ssente ze zeyawola zokka, nga temuli nyongeza oba nfissi yonna kubanga obusiramu tebugikiriza. Allah y'agamba **"naye bwe muba mwenenyezza sente zammwe (Capital) zemwassaamu muzigyeeyo, mukino mube nga temufiiriza wadde okufiirizibwa"** (Al Baqarah: 279)

2. Ate Bwaba y'asasula enyongeza era engeri ziri biri:

- Bw'aba asobola okusazaamu endagaano eyo n'agivaamu nga tafunye kukosebwa kwa maanyi, olwo kimukakatako okugivaamu.
- Naye bw'aba tasobola kusazaamu ndagaano okuggyako nga akoseddwa nnyo, olwo agenda mu maaso n'endagaano wabula amalira obutaddayo kwenyigira mu Ribah, Allah yagamba: **"Kale nno oyo anaatuukwako okubuulirira okuva eri Katonda naava kunkola eya Ribba ebyo byeyakola mukusooka tebimuvunaanwa, ensonga ze zisigadde wa Katonda we, naye oyo anaddayo okukolagana ne Ribba, abo nno, be bantu b'omu muliro ba kugubeeramu obugenderevu."** (Al-Baqarah: 275)



## > Obulimba n'obutamanya mubye nfuna



**Nekigendererwa wano y'enkolagana mu sente erimu etalimu bulambulukufu, ekiyinza okuvaako enkaayana n'obutakwatagana wakati w'enjuyi zombi, oba obulyazamanyi.**

Obusiraamu bwagaana Emize gino nga bugendereramu okuziyiza okusika omuguwa n'obulyazamanyi, n'olwekyo giri Haraamu ne bwe kiba nti abantu bakkiriziganyizzaako, anti Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yagaana okugulanngana ekintu omuli Obulimba n'obutamanya (Muslim: 1513).

### Eby'okulabirako by'obulimba n'obutamanya mubye nfuna

1. Okutunda ebibala ng'atebinayengera nga tebinatuuka okukungulwa, kino Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yakigaana olw'okusubira nti byandiyonooneka nga tebinnaba kwengera.
2. Singa Omuguzi asasula omuwendo gw'ensimbi okugula ensawo ng'ebirimu tebimanyiddwa, biyinza okuba by'amuwendo oba layisi. Kye kimu n'omuntu okutunda by'atalina, n'ebyo by'atasobola kukwatako.

### Obutamanya ddi lwebukosa mu bizineensi?

Obulimba n'obutamanya tebifuula busuubuzi Haraam okuggyako nga biyitirivu ate nga biri mu bisinensi yennyini so si bigigoberera nga ebirabo ebiwebwa abaguzi.

Kikkirizibwa omusiraamu okugula ennyumba, okugeza, ne bw'aba nga tamanyi kika kya bintu ebyakozesebwa mu kuzimba, okusiiga langi, n'ebirala, kubanga obutamanya buno butono, ekyokubiri okugula kulikunyumaba wabula ssi bikozesebwa.

ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI

## > *Obulyazamanyi n'okutwala Emmaali y'abantu mu ngeri etali ya bwenkanya*

Obulyazamanya kye kimu ku bikolwa eby'ekivve ennyo Obusiraamu bye bulabula, era Nabbi, emirembe ne kisa kya Allah bibeere ku ye, yagamba nti: "Obulyazaamanyi bujja kuba kizikiza ku lunaku lw'enkomerero kwoyo eyabukola" yayogerwa (Bukhari 2315, Muslim 2579) Era okutwala emmali y'abantu mubulyazamanya, ne bweba ntono etya, kye kimu ku bibi ebisinga obunene era ebiriko n'ebibonerezo eby'amaanyi ennyo ku lunaku lwenkomerero, nga ye Nabbi, emirembe ne kisa kya Allah bibeere ku ye bwe yagamba nti: "Buli kiisi abba ettaka kalube luta lumu bweluti, ajja kubonerezebwa n'okulyetikka lyonna ku nsingo ye ku lunaku lw'amazuukira" yayogerwa (Bukhari 2321, Muslim 1610)

### Eby'okulabirako byobulyazamanya mu by'enfuna:

1 **Okukaka omu kubagulangana**: Okukaka n'ebika byakwo byonna mu kugulanngana Tekukkirizibwa, era Obusuubuzi butuuka nakusimagana, nga Nabbi, emirembe ne kisa kya Allah bibeere ku ye, bwe yagamba nti: "Okutunda kwesigama ku kukkiriziganya kwa bagulanngana" yayogerwa (Ibn Majah 2185)

2 **Obufere n'obukuumpanya :** Bino bikolebwa kulya mmaali ya bantu mu ngeri y'obulyazamaanya, era kino kye kimu ku bibi ebinene, nga Nabbi, emirembe ne kisa kya Allah bibeere ku ye, bwe yagamba nti"Oyo yenna afera si wamu ffe" (Muslim 101), Nabbi, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye ayogerabino bwe, yagenda mu katale n'asanga Mulenga gw'emmere y'emmere, bwatyo n'ayingizamu omukono gwe n'asangamu obunnyogovu, olwo n'agamba omutunzi nti: Owange Ayi nnannyini mmere, kino kiki? N'agamba nti: Enkuba yagikubye emmere eyo kyenvudde ngiteka munda tebagilaba, Omubaka wa Katonda, bwatyo n'agamba nti: Lwaki togiteeka waggulu abantu basobole okugiraba? Awo n'agamba nti: "Afera si omu ku ffe" (Tirmidhi 1315)

3 **Okukozesa amateeka mu lukujukujju:** okutwala emmaali mu ngeri etali ya bwenkanya, omuntu ayinza okuba n'amagezi n'olukujjukujju ebimusobozesa okutwala ssente z'abantu ng'ayita mu mateeka ne mu kkooti, naye ensala y'omulamuzi tefuula bulimba amazima, nga Nabbi essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye bweyagamba "Nze ndi muntu nga mwe, wabula muggya gyendi okubalamula naye abamu ku mmwe bakugugu mukuwoza okusiinga abalala, Kale nennamula okusiinzira kubwempulidde, naye oyo yenna amanyi nti akintu kyatutte sikikye takitwalanga, kubanga ogwo muliro gwa tutte." (Bukhari 6748, Muslim 1713)

4 **Enguzi:** nga nayo y'emuntu okusasula ssente oba obuweereza okusobola okufuna obwangu mu nsonga so nga tasanidde, era kye kimu ku bika by'obulyazaamanyi ebisinga obubi. Kubanga Nabbi essaala za Katonda n'emirembe bibeere kuwe yakolimira Awa enguzi n'agitwaala" (Tirmidhi 1337).

Enguzi teyinza kusaasaana mu kibiina ky'abantu, okuggyako nga Amangu ddala eyonoona enkola yonna n'esasika, era ebyenkulaankulana nebigootana.

## Alamulwa Atya omuntu Asiramuka naye nga yali yafuna ssente mu ngeri emenya amateeka nga tanasiramuka?

Yenna asiramuka n'galina emmaali eya Haramu, gyeyafuna ku abantu mu bulyazamanyi, bulumba ganyi, bubbi n'ebirala; Alina okugiddiza bannannyini yo bw'aba aba amanyi era ng'asobola okugibatuusako awatali kumutuusaako bulabe.

Kubanga newankubadde ekyo kyaliwo nga tanasiramuka , emmaali eyatwalibwa mungeri etakirizibwa ekyali mu nsiingoye, kale nno aba alina okugizzaayo Allah Agamba: **"Mazima Katonda abalagira okutuukiriza obuvunaanyizibwa eri abo bemuteekwa okubukolera"** (Nisa:58)

Nannyiniyo bwaba amunoonya oluvannyuma lw'okunyiikirira natamulaba, agikwate agisadaake mu makubo amalungi.

ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI




> Omubaka wa Allah yakolimira Awa enguzi n'oyo agitwaala

ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI

# > Kimaaru nezaala

## Okuzannya zzaala kye ki?

Okuzannya zzaala kubaawo mu mpaka n'emizannyo ng'abazannyi bombi, abavuganya oba abasiimbawo bombi bateekawo nti singa omu ku bo awangula, awangula ssente zonna ezisimbiddwawo. Buli eyeetabye mu mpaka zino abeera wakati w'okuwangula ssente okuva ku muntu omulala, oba okugifiirwa.

## Zaalaa Alamulwa Atya:

**Okuzannya zzaala tekikirizibwa, era obujulizi bungi bwajja okuva mu Qur'an ne Sunnah nga bukigaana.**

1. Obubi bwa zzaala n'obulabe bwe biingi nyo okusinga omugaso oguvaamu. Allah nagamba **"Bakubuuza ebikwata ku mwenge ne zzaala, bagambe nti mu by'ombiriri mulimu ekibi kinene, nga bwe mulimu emigaso emitono eri abantu. Naye ekibi kyabyo kye kinene okusinga emigaso egibirimu"** (Al-Baqarah:219)

2. Zzaala mulimu mukyafu olw'obulabe bwalina eri omuntu ssekinnoomu n'ensi, era Allah atulagira okumwewala, kubanga nsonga ereetera okwawukana n'okukyawagana, n'okuva ku swalah n'okujjukira katonda, Allah Agamba: **Abange mmwe abakkiriza mazima ddala omwenge ne zzaala, namasanamu n'okweraguza, n'obulaguzi bibi bya mu bikolwa bya Sitane, muteekwa okubyewala kibayambe okuba mu balituuka ku buwanguzi ku lunaku lw'enkomerero*Mazima ddala Sitane ayagala okussa wakati wa mmwe obulabe n'obukyayi olw'omwenge ne zzaala, era ebawugule ku kutendereza Katonda n'okusaala, abaffe e bikolwa e byo munaabireka** (al-maedah 90-91)



> Okuzannya zzaala muzze okukosa obulamu bw'omuntu

## Obulabe bwa zzaala ku muntu ssekinnoomu n'ensi:

Obulabe obuva mu zzaala bungi ku muntu ssekinnoomu n'ensi, ng'ebimu ku bye bino:

1. Atondawo obulabe n'obukyayi mu bantu, kubanga abazannyi abasinga baba bamukwano ng'abaagalana, kale omu ku bo bw'awangula n'atwala ssente zaabwe, tewali kubuusabuusa nti bamukyawa n'ebamukolera n'ensalwa bapaanga n'okumutuusaako obulabe olw'okufiirwa kwa batuusizaako, era kino kituufu buli omu ky'ajulira era kikakasa ebigambo bya Allah

"Mazima ddala Sitane ayagala okussa wakati wa mmwe obulabe n'obukyayi olw'omwenge ne zzaala" ate era n'awugula okuva ku ssaala n'ebiragiro ebilara, nga esswala, n'okujjukira Katonda, Allah bwa tugamba "era bibawugula ku kutendereza Katonda n'okusaala"

2 Zzaala ayonoona ssente n'obugagga, era abazannyi ba zzaala bafiirwa nnyo emmali zabwe.

3 Zaala gufuuka omuze, nti buli lwawangula, yeeyongera omululu nadamu n'azannya, n'agenda mu maaso n'okufuna ssente zekibi, ate bw'afiirwa, alina okuzannya zzaala asobole okweddiza bya yafiiriddwa, era embeera eno biviirako okuzikirira kw'ekitundu.

## Ebika by'azzaala

**Ebika by'azaala bingi, eby'aliwo edda n'ebiriwo omulembe guno, Ebimu ku by'omulembe guno mwemuli:**

1. Buli muzannyo nga, singa omu ku bazanya awangula, ajja kuwangula ssente okuva eri oyo awanguddwa. Okugeza nga abantu bwe bazannya ne kaadi, buli omu ku bo asiimbawo ssente, nga oyo abawangudde kubo azitwala zonna.

2. Okuzanya bbeeti ku buwanguzi bwa ttiimu oba omuzannyi nebirala ababeera basaayo omusingo, buli omu nakuba bbeeti ku buwanguzi bwa ttiimu oba omuzannyi we.Ttiimu ye bw'ewangula, y'awangula ssente, era ttiimu bw'ekubwa, ye afiirwa ssente.

3. Okuzannya akalulu, gamba ng'okugula tikiti ne doola okwetaba mu kuwangula omutwalo gwa ddoola ng'a ayita mu kalulu.

4. Emizannyo gya zzaala gyonna egy'okukozesa omubiri nga Omupiira, oba egy'amasannyalaze, oba egy'okuyita ku mikutu gya yintaneeti, omuzannyi mw'ayolekedde ebintu bibiri ebisoboka: okuwangula oba okufiirwa ssente.



>Emizannyo gya zzaala gyonna egy'okukozesa omubiri nga omupiira, egy'amasannyalaze ne mirara tegikirizibwa era byebimu kubyoonoono ebinene.

## *Empisa Obusiraamu bwezaakubiriza mu nkolagana y'ebyensimbi*




**Nga Obusiraamu bwe bwatangaaza ku mateeka agafuga enkolagana mu by'ensimbi, bwebutyo bwakubiriza empisa eziwerako mu busuubuzi omuli**

### Obwesigwa

**Obwesigwa mu nkolagana ye byenfuna n'abalala ka babeere Basiraamu oba nedda, y'emu ku mpisa ezisinga obukulu ez'Omusiraamu agoberera ebiragiro bya Katonda, era kino kirabika mu bino wammanga:**

- Allah Agamba: **" Mazima Katonda abalagira okutuukiriza obuvunaanyizibwa eri abo bemuteekwa okubukolera"** (Nisa:58)
- Omubaka wa Katonda, emirembe gya'katonda gibeere ku ye, yalaga nti obutali bwesigwa n'obukumpanya bubonero bwa bunnanfuusi, nagamba nti: "Obubonero bw'omunnanfuusi buli busatu: bw'ayogera alimba, bwa suubiza tatuukiriza, bwa weebwa obuvunanyibwa akumpanya" (Bukhari 33, Muslim 59).
- Obwesimbu y'emu ku ngeri z'abakkiriza enkulu ennyo: Nga Allah bwagamba: **Mazima abakkiriza batuuse ku buwanguzi* Abo abeewombeka mu sswala zaabwe* Era abo abatabeera mu bintu bitaliimu makulu* Era abo bbo abajjumbize mu kutoola Zakka*Era abo bbo abakuuma obwereere bwabwe* Okugyako ku be baafumbiriganwa nabo, oba abo emikono gya bwe egya ddyo be gyafuna (abazaana) anti mazima bbo, ku ekyo tebanenyezebwa* Naye oyo anaasukka ku ekyo abo bbo be babuuka ensalo (z'amateeka ga Katonda)* (Abakkiriza) era beebo bbo abakuuma obutiribiri obwesigwa bwa bwe n'endagaano zaabwe* Era bbo beebo abeekubiriza okutuukiriza esswala zaabwe* Abo nno bbo be bagenda okusikira (okuyingira e jjana).** (Al-muminun:1-8)
- Omubaka wa Allah, emirembe gya'katonda gibeere ku ye, yayitibwanga owamazima omwensimbu mu Makkah nga tana funa bwa Nabbi, kubanga yali kyakulabirako ekyengyawulo mu bwesigwa mu nkolagana.

2



## Amazima

**Amazima zimu ku nsonga enkulu Obusiraamu zebwa ssaako essira:**

- Ye Nabbi emirembe gya'katonda gibeere ku ye, yayogera ku mutunzi n'omuguzi nagamba: "Bwe baba b'amazima era nga beerufu, bafuna omukisa mu kugulangana kwabwe, naye bwe bakweeka ne balimba, omukisa gujibwamu mu busubuzi bwabwe" (Bukhari 1973, Omusiraamu 1532).
- Nabbi, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Mulina okuba abamazima, kubaanga amazima gatuusa ku butuukirivu nokutya Allah, n'obutuukirivu butuusa ku jjana Era omuntu tagenda kwogera mazima nagenda mu maaso n'okubeera ow'amazima okutuusa lw'awandiikibwa ewa Katonda ng'ow'amazima' (Muslim 2607)
- Zambi ddene mubusiraamu omuntu okulaira okwobulimba mukutunda, nga Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye , bwe yagamba nti: "Waliwo abantu basatu Katonda be tagenda kwogera nabo ku lunaku lwa Okuzuukira, wadde okubatunuulira mugeri yo kusasira, wadde okubatukuza, era bajja kufuna ekibonerezo ekiruma.' nayogera mu bo: n'oyo atunda ebintu bye ng'alayira omulimba' (Muslim 106)

3



## Obukugu n'okunyiriza omulimu

**Kikakataku buli musiraamu alina omulimu gwakola okugufaako n'okunyiriza mungeri esinga obulungi n'okugukolanga mungeri yekikugu.**

- Allah , Owa waggulu, yassa okusaasira ku buli kintu, era n'alagira okuyisa abalala obulungi mu mbeera zonna ez'obulamu, ne mu nsonga eziyinza okulabika mu kusooka nga tezisoboka, gamba ng'okuyigga n'okusala ebisolo. Nabbi yagamba "Era bwe muba musala ebisolo, musale bulungi, era omu ku mmwe awagale ekiso olwonno awummuze ensolo ye."(Muslim 1955)
- Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye , yeetabya mu kuziika omu ku bantu, era nalagiranga ba Swahaaba okutereeza entaana n'okuziika obulungi. Awo n'abakyukira n'abagamba nti: 'kino ekyokutereeza entana tekigasa mufu wadde okumutuusaako obulabe,wabula Katonda ayagala omukozi bw'aba akola omulimu agulungiye.(Al-Bayhaqi mu shu'abul iman 5315), ne mu ngyogera endala: "Katonda ayagala nnyo singa omu ku mmwe akola omulimu agunyirize bulungi" (Abu Ya'la 4386, shu'abul iman 5312). (tunulako mu 185)



# *EMMERE YO N'EBYOKUNYWA*



# 8

Emmere ya Halaali erina ekifo kinene mu Busiraamu, anti y'emu kunsonga ezanukuza edduwa, ezireeta emikisa mu ssente n'amaka. Emmere eya halaali y'eyo obusiraamu gye bwakkiriza, nga efuniddwa mu ngeri ekkirizibwa era n'ensimbi ennyonjo awatali bulyazamaanyi oba okukosa abalala.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Etteeka erifuga eby'okulya n'okunywa**

**Ebimera n'ebibala**

**Ebitamiiza n'omwenge**

**Ebiragalalagala**

**Ebiriibwa ebiva mu mazzi**

**Ebisolo by'okuttaka**

- Amateeka agafuga okusala ebisolo.
- Enamula y'ennyama etundibwa mu bifo n'amaduuka g'abatali basiramu

**Amateeka g'okuyigga**

**Empisa zokulya n'okunywa**

# *Emmere yo n'ebyokunywa*

## Etteeka elyawamu elifuga emmere n'ebyokunywa

Eteeka erifuga ebyokulya n'ebyokunywa byonna liri nti bikkirizibwa, okuggyako ebyo ebiggyiddwa mu bintu ebigaaniddwa ebikosa obulamu bw'omuntu, ebyawukana nempisa, z'eddiini Era Allah Ajjukiza abantu nti yabatondera byonna ebiri ku nsi basobole okubiganyulwamu okujjako ebyo bye yabagaan. Allah Agamba: **"Ye Allah y'oyo eyabatondera byonna ebiri mu nsi"** (2:29)

## *> Ebimera n'ebibala*

Ebimera byonna abantu bye balima oba bye baggya ku miti, ebibira, omuddo, ebya buli ngeri bikkirizibwa okulya, okuggyako ebyo eby'obulabe eri omubiri n'obulamu, oba ebibikka ebirowoozo, gamba ng'omwenge oba ebiragalalagala, ebyo byo tebikirizibwa olw'obulabe n'okukosa obwongo.



# > *Ebitamiza n'omwenge*

Buli kyona ekibikka obwongo, ne kibutabula, oba nekibukyusa: mwenge era tekikirizibwa kukinywa, Nabbi SAW yagamba: "Buli kitamiiza kibeera Mwenge Era buli mwenge gwonna guli haram tegukkirizibwa kunyweebwa" (Muslim 2003), ka kibeere nga kikoleddwa mu bibala ng'emizabbibu, ensukusa, emiti n'emizabbibu, oba okuva mu mmere ey'empeke ng'eŋŋaano, emwanyi, kasooli oba omuceere, oba okuva mu biwoomerera nga omubisi gw'enjuki. Ne bwe gugatibwa mubyokunywa ebyo'obutonde oba ebiwomerera nga swiiti ne chocolate."



> Obusiraamu bwakuuma obwongo ku buli kyonna ekibukosa.

## Okukuuma obwongo

Eddiini yaffe Busiramu yajja n'obulungi eri abantu ku nsi n'enkomerero, era yajja kukuuma ebyetaago ebitaano obulamu bwonna kwebutamurila nga naby'o:okukuuma eddiini, emyoyo, amagezi, Emmali, n'ezzadde.

Amagezi g'omuntu kakwakulizo ku mulimu gwonna, nolwekyo eddiini yagya obukuuma obutakosebwa nakintu kyonna ekyandibuleetedde okukyankalana oba okunafuwa.

## Omwenge gulamulwa gutya mu busiramu:

Omwenge kye kimu ku byonoono ebinene era ebizito, era okuwera omwenge n'obubi bwagwo byakakata mu Qur'an ne Bigambo bya Nabbi:

- Allah Owawagulu **"Agamba Abange mmwe abakkiriza mazima ddala omwenge ne zzaala, namasanamu n'okweraguza, n'obusaale obulagula bibi bya mu bikolwa bya Sitane, muteekwa okubyewala kibayambe okuba mu balituuka ku buwanguzi ku nsi ne ku lunaku lw'enkomerero".** (5:90) Allah nayogera ku mwenge ng'obucaafu era nti gwe gumu ku mirimu gya Sitaani kale n'atulagira okugwewala bwe tuba twagala okwesiima n'okutuuka ku buwanguzi.
- Omubaka wa Allah, emirembe gibeere ku ye, yagamba nti "Buli kitamiiza kibeera Mwenge Era buli mwenge gwonna guli haram tegukkirizibwa kunwa Era oyo yenna eyanywa

omwenge ku nsi n'afa ng'amunyi, tagenda kugunywa ku nkomerero" (Muslim 2003)

- Omubaka wa Allah, emirembe gibeere ku ye, ya gamba nti okunywa omwenge kukendeza obukkiriza "Era omukkiriza tanywa mwenge okugyako nga obukkiriza bwe bukendeera" (Bukhari 5256, Muslim 57)
- Obusiraamu bwatekawo ekibonerezo ku oyo anwa omwenge, n'ekitiibwa kye kiswazibwa, era obwenkanya bwe nebugwa mu bantu.
- Era oyo yenna eyagenda mu maaso n'okukozesa omwenge n'ebirala ebiringa gwo n'atenenya okutuusa lw'afa, ebibonyobonyo ebiruma bimulindiride, Omubaka wa Katonda, essaala za Allah n'emirembe bibeere ku ye, agamba nti, "Katonda Owaawagulu yalaganyisa abo abanywa obitamiiza okumunwesa mu olweje lw'omuliro jahannamu era nga kino kyakunwa kya abantu ba mu muliro, obucaafu bwabwe, amasira gaabwe .
- Era buli eyetaba oba ayamba mu kunywa omwenge mumbera yonna ayingira mukulabula kuno .Omubaka wa Katonda emirembe gya Allah gibeere ku ye, yakolimira Abantu kkumi ku nsonga y'omwenge: agukamudde, n'oyo asaba okugumukamulira, agunywa, n'oyo agusitula, n'oyo gwe bagutwalira, n'oyo aguteka muchuppa oba mugilasi, oyo agutunda n'oyo alya ssente eziguvamu, n'oyo aguguze na gutumya' (Tirmidhi 1295)

## > *Ebiragalalagala*

Okukozesa biragalalagala - ka bibeere nga biva mu bimera oba mu butonde, era nga binusiddwa bunusibwa, oba nga oba nga biyisidwa mu mpiso, kibi nnyo era zaambi ddene. kuba tebikoma kukusaanyaawo bwongo, wabula by'onoona nenkola y'obusimu bw'omubiri gwontu (Nervous system), n'endwadde ezeenjawulo, eziyinza okuviirako omuntu okufa. Allah agamba nti **"Temwetemulanga. Mazima Katonda bulijjo waakisa ku mmwe"** (4:29)

## > *Eby'okulya byomumazzi*

Eby'ennyanja byebyo ebiwangalira mu mazzi gokka, era obulamu bwabyo ku lukalu butono.

Ennyanja wano ge mazzi amangi, n'olwekyo emigga, ennyanja, n'ebintu ebirala ebirimu amazzi amangi nga ebidiba biyingiramu.

Era ebyennyanja byonna, ka bibeere ebisolo byamu ebiyiggidwa oba ebisangidwa nga bifudde oba ebimera byamu, Bikkirizibwa okubirya kasita biba nga tebirina bulabe eri obulamu.

Allah Agamba: **Mukkirizibwa okuvuba n'okulya e biva mu nnyanja ku lw'okuyimirizaawo obulamu bwa mmwe"** (al-maeda:96)

Ensolo Eyigiddwa yeyo efumitiddwa n'esangibwa nga ekyalinamu, songa ate emmere y'enyanja by'ebyo ebyayo esangiddwa nga bi fudde okugeza nga ey'ennyanja.

## > Ensolo z'okulukalu

**Obukwakkulizo bubiri bulina okutuukirira Okukkirizibwa okulya ebisolo by'o kulukalu:**

1. Birina okubeera ebisolo ebikkirizibwa Okulya.
2. Ensolo erina okuba nga eyiggidwa oba nga esalidwa mu ngeri ey'obusiramu.

### Bisolo ki ebikkirizibwa okuliibwa?

**Ennamula eyawamu ku bisolo byonna eri nti bikkirizibwa okulwa, okuggyako ebyo Qur'an ne Sunnah bye by'alaga nti tebikirizibwa.**

Ebisolo ebitakirizibwa kuliibwa by'ebino wamanga:

1 Embizzi: embizzi yemu kunsolo ezigaanibwa okulibwa mu Busiraamu era nga nsolo nkyafu n'ebitundu byayo byonna,n'ebyo ebigiggyibwamu, nga Allah bw'agamba nti: **"Muziyiziddwa okulya ennyamanfu n'omusayi (Kafece) nennyama y'embizzi" era Allah n'agamba musula endala "era muganiddwa okulya e'nnyama ye mbizzi, mazima e kikolwa e ky'okugilya kivve era kyenyinyalwa"** Al-An'am: 145

2 Ensolo zonna enkambwe: nazo nga z'ensolo enkambwe ezikozesa amannyo n'enjala okuyiga ennyama, si nsonga nnene ng'empologoma, engo, oba ntono nga Kapa n'ebirala ebiringa ebyo, omuli n'embwa.

3 Ebinyonyi byonna ebirina enjala: era nga byebyo ebinyonyi ebirya ennyama, gamba nga empungu, kamunye, ebiwugulu n'ebirala ebiringa ebyo, mwebyo ebirya enyama.

4 Ebiwuka: Ebiwuka byonna eb'yokulukalu tebikkirizibwa kubanga tebisobola kusalibwa, okuggyako enzige, Amayanzi, enswa n'ebyo ebibifanana mu bitakosa byo bikkirizibwa okulya, nga Nabbi, (swala-llahu alaihi wasalam), bwe yagamba nti: "Ebintu bibiri ebifudde by'akkirizibwa okuliibwa gye tuli: ebyenyanja n'enzige" (Ibn Majah 3218)

5 Emisota, ssalambwa, sigga, n'ebyakikula ekyo tebikirizibwa kulya, era twalagirwa okubitta: Nabbi waffe (swala-llahu alaihi wasalam): "Ebintu bitaano bikyamu, bittibwa wonna webisangibwa, mu kifo by'onna n'ebifo ebitukuvu (makka): omusota, Namungoona, ekibe, emmese, embwa ey'obutwa, n'esega" (Bukhari 3136, Muslim 1198).

6 Endogoyi: Nayo ensolo ekozesebwa mu byalo okutambulilako n'okusitula ebintu.

## Ebika bye Ebisolo ebikkirizibwa okuliibwa:

Ebisolo ezakirizibwa okuliibwa zangeri biri:

- Ebisolo ebiwangalira mu ddungu nga bitya abantu, era nga tebisoboka kukwatibwa n'ekisalibwa ensala e'yobusiramu: bikkirizibwa gye tuli wetubiyigga mu ngeri ekkiribibwa.

- Ekika ky'ebisolo z'omubantu oba ezawaka era nga nyangu za kukwatibwa: tezikkirizibwa kuliibwa okujyako nga zisaliddwa mu mateeka.

## Okusala ebisolo mu mateeka

Okusala ebisolo mu mateeka: kwe kutuukiriza ebisaanyizo by'amateeka g'obusiramu nga ensolo esalibwa.

**Obuloombo loombo bw'Okusala ebisolo mu mateeka:**

1. Omusazi atekeddwa okubeera mu bantu aba kirizibwa Okusala, era abakkirizibwa okusala: ye Musiraamu oba omuyudaaya n'Omukristaayo akuze era nga lina ekigendelerwa ekyokusala.

2. E'kyambe oba kyonna ekikozesebwa okusala kitekeddwa okuba nga kyooji bulungi nga omusaayi kufuluma mumisuwa. songa nga tekikkirizibwa okukozesa ekintu ekizito okutta ensolo gamba nge biyingya, nabwekityo okukubisa ensolo, n'amasannyalaze mukifo kyo kusala mumateeka byonna ebyo tebikirizibwa.




> Allah Owawagulu yatukkirizza emmere y'Abantu b'ekitabo (Abayudaaya n'Abakristaayo) singa eba esaliddwa mu ngeri ey'amateeka.

3. Okwogera erinnya lya Allah nga ogamba nti BismiLLah (Amakulu Mu linnya lya Allah nsala Ensolo eno) nga tonatandika okusala.

4. Okusala byonna ebirina okusalibwa, nga nabyo bye: eddokooli, emimiro, n'emisuwa ebiri egy'omu bulago, nga gino gye misuwa eminene ebiri mu bulago eg'obulamu, oba esatu ku ena egyogeddwa.

**Singa obukwakkulizo buno butuukirira, ensolo olwonno ekkirizibwa okuliibwa, naye singa akamu ku bukwakkulizo buno tekatuukirira, olwo eba tekkirizibwa.**

## Ebika bye Nnyama Esangibwa Mu bifo eby'okulya n'amaduuka

1. Tekikkiriziwa kulya ebyo ebisaliddwa abatali basiraamu n'abantu b'ekitabo, gamba ng'Ababuda, Abahindu, n'abatali ba ddiini, kino twaliramu n'ennyama esangiddwa mu bifo eby'okulya n'amaduuka mu mawanga ng'abantu ba ago abasinga si Basiraamu era nga si bantu akitabo, kale tekirizibwa kulya okutuusa nga kikakasiddwa nti kisaliddwa mu mateeka.

2 Ekisaliddwa omusiraamu oba omuyudaaya n'Omukristaayo mu mateeka, kyo kikkirizibwa okuliibwa.

3 Ekisalibwa omusiraamu oba omuyudaaya n'Omukristaayo mu mbeera etali ya mateeka gamba nga okuttisa ensolo amasanyalaze, oba okugibika mumazi okutuusa wefa, ennyama eno tekkiribwa kuliibwa.

4 Ebyo ebisaliddwa aba uyudaaya n'Abakristaayo, nga embeera mwebisaliddwa temanyiddwa, awamu n'ebyo ebisangibwa mu bifo byabwe eby'okulya n'amaduuka bikkiribwa okulya nga oyogede Bismillah nga to nnalya, wadde nga ekisinga obulungi kwekunoonya ennyama etukagana n'amateeka ge Diini Busiramu

## > *Okuyigga okukkirizibwa*

**Okuyigga kukkirizibwa ku bisolo n'ebinyonyi ebikkirizibwa okuliibwa era ebitalibyangu bya kusala,** gamba ng'ebika by'ebinyonyi ebiwangalira mu byalo n'ebyo ebitalya nnyama, n'abwekityo empeewo, engabi n'obumyu bwokuttaka n'ebirala nga byo.

**Obukwakkulizo bw'okuyigga bwe buno wamaanga:**

1 Omuyizzi alina okuba ng'ategeera era ng'agenderera kuyigga, nga Musiraamu muyudaaya oba mukrisitu. Nolwekyo tegukkirizibwa omuyiggo gwo'musamize n'abamufanana nga abalalu.

2 Ensolo eteekeddwa okuba nga tesobola kusalibwa olw'okutya abantu nga engabi oba nga sinyangu yakukwata, era bw'eba esobola okusalibwa, gamba ng'enkoko, endiga, oba ente, olwo tekikkirizibwa kugiyigga wabula esalibwa mumateeka nga wetwakulembedde.

3 Ekikozesebwa okuyigga Kiteekeddwa okubanga kifumita nokuyingira, gamba ng'akasaale, essasi, n'ebirala. Songa ekyo ekitta n'obuzito bwakyo, gamba ng'amayinja oba amafunfugu, tekikkirizibwa kulya nsolo eyiggiddwa mugeri eyo okuggyako nga esangidwa nga tennafa, n'esalibwa mu mateeka olwonno ekkirizibbwa.

4 Omuyizzi Alina okwogerako erinnya lya Allah n'agamba nti: Bismillah (Mu linnya lya Allah) nga tannasindika kasaale, ffumu, ssasi nebirara mu ebyo ebikkiribwa okuyigisa.

5 Singa asanga ensolo oba ekinyonyi ekiyiggidwa nga kiramu nga teki nafa, alina okukisala mu nsala ey'obusiramu.

6 Tekikkirizibwa okuyigga ebisolo nga tolina kigendererwa kya kulya, gamba ng'abo abayigga olw'okwesanyusamu n'okunyumirwa okutta ebisolo.

## > *Empisa z'emmere n'okunywa*



Obusiramu bwatuterawo empisa eziwerako ezifuga emmere n'ebyokunywa nga zituukagana nebigendelerwa eby'obwa Katonda, gamba ng'okujjukiza abantu ekisa Katonda gyebali, okuziyiza endwadde, n'obutadiibuda n'okwe wala amalala.

Mu mpisa zino

1. Tekikkirizibwa kulya n'okunywera mu byombo oba ebikopo ebisiigiddwako oba ebikoledwa mu zaabu ne ffeeza, kubanga okwo kudiibuda, n'akuva kungigiriza y'obusilamu, era kino kimenya emitima gy'abaavu. Omubaka wa Katonda, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: "Temunywera mu byombo bya zaabu ne ffeeza, era temubiriira ko, kubanga okubilirako n'okubinywerako kya batakiriza ku nsi ate byabakkiriza bokka ku lunaku lwe nkomerero." (Bukhari 5110, Muslim 2067)

2. Okunaaba mu ngalo nga tonnalya n'oluvannyuma lw'okulya, kino kikakata nyo singa engalo zibako obukyafu oba nga tezitukude buluungi.

3. Okwogera Bisimilla (ku lwe linnya lya Allah) nga tonnatandika kulya oba kunywa, amakulu: Nnywa oba ndya nga nsaba omukisa n'obuyambi ku lwe linnya lya Katonda. Bw'aba yeerabidde n'ajjukira ng'alya, agamba nti Bismilla Awalihi wa akirihi (ku lwe linnya lya Katonda, mu ntandikwa n'ekunkomerero).

Nabbi, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, yalaba omulenzi omuto eyali tamanyi mpisa za kulya, bwatyo n'amugamba ng'amusomesa nti: "Owange mulenzi, somo erinnya lya Katonda ogambe Bismillah nga otandika okulya, ate olye n'omukono gwo ogwa ddyo, era olye emmere ekulinaanye mumaasogo" (Bukhari 5061, Muslim 2022)

4. Okulya n'okunywesa omukono ogwa ddyo. Ye Omubaka wa Allah essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti, "Tolya na mukono gwa kkono, kubanga sitaani alya n'omukono ogwa kkono."(Muslim 2019).

5. Kikubirizibwa obutanywa wadde okulya nga oyimiridde.

6 Okulya nga otandika n'emmere eri okumpi naawe nota nonooza mmere ekuliwala, kubanga okunoonoza mmere eri ewala tekilaga mpisa ky'ova olaba NAbbi essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, yagamba nti: " era olye emmere ekulinaanye mumaasogo".

7 Kikubirizibwa Okulonda emmere eba egudde wansi, okukoomba engalo, we kiba nga kisobose okujjako obukyafu, kubanga mukuloonda emmere n'okukomba engalo ki kukuumira omukisa n'ekyengera ky'emmere.

8 Obutayogera bumogo bwa mmere, okuvuma oba okunyooma emmere, omuntu kirungi agiwaane oba agireke asirike, ky'ova olaba Omubaka waffe, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, teyavumirira mmere nanti bweyabanga ayagadde yagirya nga, ate bw'aba nga tagisiimye yagirekanga yayogerwa (Bukhari 5093, Muslim 2064).

9 Sikiruungi okuyitiriza okulyalya, ekyo nno kireeta endwadde n'obugayaavu, era nga embera yawakati yesiinga obulungi mu bintu gyonna, nga ye Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, bwe yagamba nti:"Omuntu tajjuza kisawo kisinga bubi olubuto lwe, emmere entonotono emumalira okuyimirizawo omulamu bwomuntu, wabula Bwe kiba nga tekyewalika kale agabanye olubolwe ebituundu bisatu: kimu kya kusatu kibe eky'emmere, ekitundu kimu kya kusatu kibe ky'akyakunywa kwe, n'ekitundu kimu kya kusatu akireke nga ky'akusizaamu. Yayogerwa (Tirmidhi 2380, Ibn Majah 3349).

10 Bw'amala okulya, agamba nti: Alhamdulila (Allah atenderezebwe), olwo n'atendereza Katonda olw'omukisa guno gwa muwa dde abantu bangi gwe batabasobodde kufuna (Alhamdulila alathi Ata amani warazakhaniih min gayiri hawli minni walakuwa) amakulu:Amateendo gonna Allah andiisiza kino era na'angabilira nga tebubadde busobozi bwange wadde amanyi gaange.



> **Nabbi, essaala za Katonda n'emirembe bibeere ku ye, y'agamba nti, "Mazima Allah Asiima omuddu alya emmere n'a mutendereza n'agamba nti: Alhamdulila oba nanywa ekyokunywa kyonna n'amusiima" (Muslim 2734)**

EMMERE YO N'EBYOKUNYWA



# *ENYAMBALAYO*



# 9

Ebyambalo kyengera okuva ewa Allah eri abantu nga Allah bwa tutegeza **“Abange mmwe abaana ba Adam mazima twabawa e byambalo e bibikka obwereere bwa mmwe, netubawa ne byambalo bye mwewunda nabyo, wabula e kyambalo ky’okutya Katonda kyo kye kisinga obulungi. Bino bye bimu ku bigambo bya Allah bya batumira mube nga mweebuulirira”** al arafu: 26

## Ebiri mu mulyango guno:

**Okwambala mu busiramu**

**Ebyambalo ebitakkirizibwa**

- Olugoye lwonna Olulaga obweleere telukilizibwa kufulumiramu.
- Ebyambalo ebyeyawulide Abaami omukyala takkirizibwa kubyambala nebyeyawulide bakyaala abaami tebakkiriziwa kubyambala.
- Ebyambalo ebye yawulide abatali basiraamu gamba nga eggandula Zaba faaza.
- Ebyambalwa olw’okweraga n’okwekuluntaza.
- Ebyambalo bya siliki oba zaabu (golodi) tekkilizibwa ku baami nebwebiba sibya siliki oba zaabu yekka wabula siinga biba nga byebisiinga mu materiyo era tekkilizibwa.
- Engoye eziyitiridde oba ezisukkiridde okudiibuda.

# *Okwambala mu Busiraamu*

Engoye z'omukkiriza zirina okuba nga nnungi era nga nnyonjo naddala nga wa kusisinkana abantu oba nga agenda okusiinza, Allah Agamba: **"Abange abaana ba Adam mwambalenga bulungi buli lwe mugenda okusaala"** (7:31)

Era e Diini ekubiriza abantu okufaayo kundabika yabwe wamu nenyambala Allah Agamba : **"Gamba nti ani yaziza e by'okwewunda bya Katonda e byo bye yawa abaddu be ne Riziki ennungi!!, gamba nti abasiraamu bakkirizibwa okubikozesa mu bulamu obwensi, naye bigenda kubeera byabwe bokka ku lunaku lwenkomerero, bwe tutyo nno bwe tutottola e bigambo eri abantu abamanyi"** (7:32)

### Emigaso gyengoye

**1** Ebyambalo bibikka ebituundu byo mubiri ebirina okubikibwa mulujyudde songa biyambako okukuuma ensa, n'ensonyi **"Abange mmwe abaana ba Adam mazima twabawa ebyambalo e bibikka obwereere bwa mmwe, netubawa ne byambalo bye mwewunda nabyo"** (7:26)

**2** Engoye zikugira omubiri obubi bwe bbugumu, n'obunnyogovu, ebiva ku nkyukakyuka y'obudde songa bikosa n'omubiri singa omuntu ayambala, kyava Allah owekitiibwa atuziyizaako ebyambalo nga bwa nnyonnyola, **" era naabateerawo ebyambalo ebibajuna ku bbugumu n'ebyambalo ebirala ebibakuuma mu ntalo zammwe bwatyo Allah bwajjuliza ebyengerabye ku mmwe kibayambe okukkiriza."** (16:81)



> Ebyambalo birina emigaso mingi era egyenjawulo

ENYAMBALAYO

# > *Amateeka agafuga enyambala*



> **Tewali kyambalo kyeyawulidde ddiini busiraamu kye bwatekawo kyova olaba omusiramu akubirizabwa obutawukana nanyambala yekitundu mwawangalira ebanga ebyambalo lyebimara nga tebyawukana nansomesa ya busiraamu.**

**Obusiraamu ddiini ya bubumbwa ekwatagana n'obutonde bwo muntu, era amateeka gaayo gatuukagana n'obulamu bwa bantu n'amagezi aga bulijjo.**

**Etteeka eri fuga ebyambalo mu musiramu liri nti ebyambalo byona bikkirizibwa:**

Obusiramu tewali kika kyalugoge kyeyawuride kyebulagila, era tewali lugoye lwebugaana ebanga lyelumala nga lutukagana nensomesa yaabwo era nga terusuka kkomo lyebwatekawo.

Nabbi muhamadi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yayambalanga nga abantu bekiseera kye bwebayambala nga ,teyalagira ngoye ze yawuride wadde okugaana engoye ezenjawulo , wabula waliwo ebika bye ngoye bye yagaana,

Etteeka erifuga ebyenkolagana nga n'enyambala mwogitwalidde liri nti bikkirizibwa, okugyako nga waliwo obujulizi obweyawulide obugaana enkolagana eyo. Kino kyawukana ko ne bikolwa eby'okusinza nti omuntu takiribwa kugunjaawo nsinza yonna okugyako nga afunye obugulizi okuva mu Ddiini.

Nabbi yagamba: **"Mulye, muwe sadaaka, era mwambale buluungi awatali kusussa wadde okunoonya kabandabe "** (Nasai 2559)

## Ebyamabalo ebitakkirizibwa:

1. **Buli kyambalo ekiraga obweraere:** omusiramu ateekwa okubikka obwereere bwe nebyambalo nga Allah bwa gamba: **"mazima twabawa e byambalo e bibikka obwereere bwa mmwe, netubawa ne byambalo bye mwewunda nabyo"** (7:26)

Obusiraamu bwateekawo ekkomo ly'okubikka obwereere bw'abasajja n'abakazi, obwereere bw'omusajja buva kukuundi okutuuka ku maviivi, n'obwereere bw'omukazi mu

ENYAMBALAYO

maaso g'abasajja abatali ba mahram (abamuzira), gwe mubiri gwe gwonna okuggyako mu maaso n'emikono.

Omuntu takkirizibwa kwambala ngoye zimu miima n'eziraga n'ebiyungo byomubiri gwe gamba nga ebitundu byekyama. Era takkiribwa kwambala ngowe ntangavu eziraga obwereere, nabbi agamba: Bantu babika bibiri Bakuyingira omuliro: mubo mulimu Abakyala abambala obwereere.

2. **Ebyambalo ebyekikula ekyenjawulo:** abaami okwambala ebyambalo bya bakyala n'abakyala okwambala ebyeyawulidde abaami, era nga byebimu kuby'onoono ebinene, songa kizingiramu n'okukopa engeri gye boogera, entambula neneyisa, kuba Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye "yakolimira Abaami abambala ebyambalo ebyabakyaala, nabakyala abambala ebya baami" (Abu Dauda 4098), "na baami abefanyiriza abakyala nabakyala abefanyiriza Abaami" yayogerwa (Bukhari: 5546), -nekigambo kikolimo kitegeza okugwobwa mukusasira kwa Allah-obusiramu bwayagala omwami ayambale mungeri egya mubutonde bwe n'omukyaka bwatyo. Era nga yendaba entuufu eye nsonga.

3. **Ebyambalo ebyeyawulide** abatali basiramu okugeza ebyambalo ebiriko obubonero obwe yawulidde bbo, nga ebyambalo bya bakabona, oba ebiriko obubonero bwabwe obwe ddiini, tebikkiribwa kwambala. Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye yagamba: "oyo yenna eyefaniriza abantu abawamubo". (Abu Daud 4031), muyingiramu na bulikyambalo ekiriko obubonero obwe bibiina ebikowoola eri obubuze era omusiramu ayambala ebyambalo bino takoma kukufuna musango gwokka wabula kiraga nti akyabulamu okwenyumiriza mu ddiini ye.

Si kwefaananyiriza bakafiiri omusiraamu okwambala engoye ezibunye mu nsi ye, ne bwe kiba nti abatakkiriza abasinga bazambala. Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yayambalanga ng'abashiriku a'ba ba Quraish bwe bambala, okuggyako ebyo Obusiraamu bye bwa gaana.



> Tekikkirizibwa okwambala ekintu kyonna ekyeyawulide abatakkiriza, oba ekirina obubonero bw'eddiini etali ya Busiraamu

ENYAMBALAYO

4 **Engoye ezireeta omuntu okwekuluntaza wamu n'okweraga,** ezo Nabbi SAW yazitugaana nagamba: "Siwakuyingira janna oyo yenna alina okwekuluntaza n'olunkulu muye" (Muslim 91).

Kyova olaba obusiraamu bwagana Abaami okukweyesa engoye, oba kwambala engowe ezisuka obukongovule kubanga ekyo kireetera omuntu olunkulu, amalala nekabandabe, nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye yagamba "yenna akweyesa engoyeze olwa kwelaga Allah siwakumu tumutunuza liiso lyakisa ku lunakunaku lwenkomelero" (bukhari 3465, muslim 2085)

Era e ddiini eno ennungi yagaana engoye ezettutumu, nga zino ze ngoye omuntu bw'azambala zisasamaza era abantu neba mwewuunya ne bamwogerako, songa zireetera nyinizo okwetwalira wagulu, nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye wagamba: oyo yenna ayambala kuko ku nsi olugowe olusasamaza olwakabandabe oba kabampulire agenda kwambazibwa obunyomofu kulunaku lwenkomerero" yayogerwa yayogerwa (Ahmad 5664, Ibn majah 3607)

5 **Omusajja takkirizibwa kwambala zaabu oba lugowe olukoleddwa mu siliki yekka,** kuba kino obusiramu bwakigana nga Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye bwa gamba "mazima zaabu ne siliki bigaaniddwa eri abasajja b'ekibiina kyange, bikkirizibwa eri abakazi baabwe " (ibn majah, Abu Dauda 4057).

Siliki agaanibwa abasajja okwambala: y'oyo alikubutonbwe atagatiddwamu kintu kilara kyonna (matiriyo ndala)

6 **Engoye ezijudde okwonoona nokwejalabya,** okusaasira n'emirembe bibeere ku ye ya gamba: "Mulye, mu sadaake, era mwambale awatali kuyitirira wadde okudiibuda" yakogerwa (An-Nasai 2559).

Kino kyawukana okusinziira ku mbeera n'enfuna ya buli muntu, omugagga talina buzibu kugula byambalo byabeyi okusinzira kumbeeraye okwawukanako n'oyo nga enyigiza ye ntono, buli omu akola ekituukagana ne nfunaye nga kwogase n'obuvunazibwa obulala nga okuyimirizawo amaka nebirala.



> **Tekikkiribwa kudiibuuda munyambala era Kino kyawukana okusinziira ku mbeera ne nfuna ya buli muntu n'obuvunanizibwa obwetolodde buli muntu.**

ENYAMBALAYO



# AMAKAAGO



# 10

Obusiraamu bwafaayo nnyo okulunngamya n'okutebenkeza amaka, nokugakuuma eri ebyo byonna ebinyiiza nokutaataaganya omuzimbo gwago, kubanga amaka bwe galunngama negaba awamu kiviirako okulunngama kw'abantu sekinnoomu n'ensi yonna okutwalira awamu.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Ekifo ky'amaka mu busiraamu**

**Ekifo ky'omukyala mu busiraamu**

- Abakyala obusiraamu bebukubiriza okubalabirira
- Tewali kifo kyabukuubagano wakati w'abaami n'abakyala
- Emiteeko gyabakyaala okusiinziira ku basajja
- Amateeka agafuga enkolagana wakati w'abasajja n'abakyala abatali baaluganda
- Ensalosalo za hijaabu (Okwebikkirira)

**Obufumbo mu busiraamu**

**Okuwasa Omukyala asukka kw'omu**

**Abafumbo okwawukana (Talaqa)**

**Ebivunaanyizibwa by'abazadde ababiri**

**Ebivunaanyizibwa by'abaana**

# > Ekifo ky'amaka mu busiraamu

**Okufaayo enyo kw'obusiraamu eri amaka kulabikira mu bintu bino wammanga:**

1 Obusiraamu bwassa nnyo essira kunsonga y'obufumbo, nokutandika amaka, nebufuula obufumbo egimu ku mirimu egy'ekitiibwa, era emu kunkola yaba Nabbi, nga Nabbi – okusaasira n'emirembe bibeere kuye- bwe yagamba nti: "Naye nze ekyamazima nsiiba ate ne nsibuulukuka, ne nsaala ekiro ate era ne neebaka, nempasa n'abakyala, kale omuntu yenna ava kunkola yange ssi wa mukibiina kyange" yayogerwa Bukhar ne Musirimu.

- Qur'an eyekitiibwa obufumbo yabuteeka mu bumu ku bubonero obwamaanyi Allah bweyatonda olw'obutebenkevu n'okwagalana, okwebeesa beesa wamu n'okusaasirigana wakati womwani n'omukyala we, Allah yagamba: **{Ne mu bubonero bwe (ebyengera bya Allah eri mmwe abantu) kwekubatondera mmwe nga aggya mu mmwe mwennyini abakyala mulyoke mutebenkerere gye bali, era yassa wakati wammwe okwagalana nokusaasiragana…}** Surat Ar-ruumi (21).
- Era Nabbi (s.a.w) natulagira okwanguyiza nokuyambako yenna ayagala okuwasa asobole okukuuma ensa ze, yagamba (s.a.w) "Abantu bamiteeko esatu ki kakata ku Allah okubayambako, mubo nanokolayo "Omuntu ayagala obufumbo olwokukuuma ensa ze". Yayogerwa Tirimidhi (1655).



> Qur'an eyekitiibwa yayogera ku butebenkevu nokwagalana wakati w'abafumbo nti kimu kubyengera ebyamaanyi

- Era yalagira abavubuka embula kalevu okuwasa nga bakyalina amanyi, kubanga okuwasa kulimu okubatebenkeza obutonde bwabwe, nokuba nti lyekkubo eryokukkuma ensa zabwe, nobwagazi bwabwe.

2 Obusiraamu bwawa ekitiibwa buli muntu yenna mu maka, mukazi oba musajja

Obusiraamu bw'awa taata ne maama obuvunaanyizibwa obwamanyi obwokulera abaana baabwe, Hadith nga eva ku Abdallah bun Umar- Allah yasiima kuye- yagamba nti yawulira Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere kuye nga agamba: "Mwenna muli balunzi, era buli mulunzi avunaanyizibwa kwebyo by'alunda, Imaam mulunzi era avunaanyizibwa kwabo abali wansi we, n'omusajja ye yenna mulunzi eri abantu b'ennyumba ye, n'omukyala munnyumba ya bba mulunzi, era avunaanyizibwa kubyonna ebigirimu, n'omukozi munnyumba ya mukama we mulunzi era avunaanyizibwa kwebyo byalabirira" Yayogerwa Bukhar (853), Muslim (1829).

AMAKAAGO

3 Obusiraamu bwafaayo nnyo okusiga – mu mitima gy'abantu okugulumiza n'okuwa ekitiibwa ba taata ne ba maama, okubalabirira n'okubagondera okutuusa okufa.

Abaana abobuwala n'abobulenzi sinsonga bakuze kyenkana wa kibakakatako okugondera bakadde baabwe n'okubayisa obulungi, era nga Allah ekyo yakirinaanyisa okumusinsa, era n'agaana okusitula eddoboozi mukwogera nabo, kakube okwekaanya nga balina kyebatusabye, Allah yagamba: **{Yasalawo Omulezi wo Allah nti temusinza nga kintu kirala kyonna okujjako ye yekka (gwe muba musinza) era nakubiriza nti n'abazadde bombiriri mubayisenga bulungi, singa mazima batuuka mu myaka egy'obukadde, omu kubo oba bombiriri nebakaddiwa nga wooli, togezanga nobeekkaanya, wadde okubakaayukira, era yogeranga nabo ebigambo byokubagulumiza nokubawa ekitiibwa}** Surat Al-israa'I (23).

4 Obusiraamu bwalagira abazadde okukuuma ebivunaanwa by'abaana abawala nabalenze, era ne bubalagira okwenkanyankanya wakati wabwe mukubagabirira nokubalabirila ne mubuli bintu byonna ebyeyolefu.

5 Obusiraamu bwalaalika kubuli musiraamu okuyunga oluganda, era nga ekyo kitegeeza Omuntu okuwuliziganya nokweyisa obulungi eri abennganda ze, kuludda lwa taata we ne maama we.

Era nga bano muzingiramu baganda be, ne bannyina, ba taata abato neba maama abato, bakkojja ne basenga wamu nabaana baabwe, era nga ekyo kiri mu mirimu emirungi egisembeza omuntu eri Allah we, era nebutwewaza nnyo okukutulawo oluganda oba okweyisa obubi gyebali, era ekyo kiri mu mazambi amanene, Omubaka wa Alla (s.a.w) yagamba: "Tajja kuyingira Janna omutu yenna akutula wo oluganda" Yayogerwa Bukhar (5638) ne Muslim (2556).



> Obusiraamu busiga mubaana okussa ekitiibwa mu bazadde n'okubebaza

AMAKAAGO

# > *Ekifo ky'omukyala mu busiraamu*

Obusiraamu bw'awa abakyala ekitiibwa nokubata okuva mu kufugibwa obuddu kw'abasajja, era nebubata okubawonya okubeera ebituundibwa ebya laisi ebitalina wadde akatiibwa, era nga ebyokulabirako ebiraga okugulumiza abakyala byebino wammanga:

- Bw'awa abakyala eddembe lyokusika, nebubawa emigabo mubwenkanya, era nga ebiseera ebimu abakyala bafuna emigabo kyenkanyi nabasajja, era ebiseera ebirala emigabo gyabwe negyawukana okusinzira ku Luganda lwabwe nabalala nobuvunaanyizibwa obw'esente buli omu bwalina, kubanga abasajja balabirira amaka nga buno buvunaanyizibwa eddiini bweyabawa ate bbo abakyala tebavunaanyizibwa kulabirira maka.
- Bwenkanyankanya wakati w'omusajja n'omukyala munsonga nyingi nga nebyenfuna mw'obitwalidde, okutuusa Nabbi (s.a.w) lweyagamba nti "Abakyala bannyina babasajja". Yayogerwa Abu Dauda (236).
- Bw'awa abakyala eddembe lyokwerondera Omwami owokufumbirwa, era nebuwa omukyala ekitundu kinene mubuvunaanyizibwa bwokulera abaana, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba nti: "Omukayala mulunzi munyumba yabba, era nga avunaanyizibwa kwebyo by'alunda" Yayogerwa Bukhar (853), Muslim (1829).
- Bwalekera omukyala erinnya lye nga afumbiddwa era asigala ayitibwa mannya gakika kya taata we, Omukyala bwafumbirwa takyusa mannya ge kweyita mannya ga bba, nga bwekiri munsi ezenjawulo, wabula asigaza amannya ge ekyonno kiraga obwetengereze munsonga ze.
- Bwalagira omusajja okulabirira abakazi abali mubufuzi bwe, okugeza nga mukyala we, maama we, bawala be, awatali kubalangira nakubalalaasa nga bwababakoledde ebirungi.
- Bw'assa essira kubukulu bwokuyambako abakyala abanafu abetaaga obuyambi, abo abatalina mwasirizi, kababeere nga sibanganda zaabwe era nga tebabalinaako kakwate konna, era nebukubiriza abaddu abakkiriza okwenyigira mukukola omulimu guno ogwetendo, era nga bwagufuula egimu kumirimu emirungi mu maaso ga Allah, Nabbi (s.a.w) yagamba: "Omuntu yenna alabirira namwandu oba omunaku abanga omuntu alwana mukkubo lya Allah (Jihaad), oba afaananako nga Omuntu ayimirira nasaala ekiro nga takoowa, oba okufaananako nga Omusiibi asiiba nga tasiibulukuka" yayogerwa Bukhar (5661) ne Muslim (2982).

## Abakyala Obusiraamu bebukubiriza okubalabirira

**Maama wo,** Hadith nga eva ku Abu Hurairah –Allah yasiima kuye-yagamba: "Lumu Omusajja yajja awali Nabbi (s.a.w) namubuuza nti: Muntu ki gwennina okusinga okuyisa obulungi, Nabbi namugamba nti: Maama wo, nagamba nti ate ani oluvannyuma? Nabbi namugamba nti, Maama wo, nagamba nti, ate ani oluvannyuma, namugamba nti: Maama wo, namugamba nti ate ani oluvannyuma: Nabbi naugamba nti Taata wo" yayogerwa Bukhar (5626) ne Muslim (2548).

AMAKAAGO

**Muwala wo,** Hadith nga eva ku Uqubah bun A'mir –Allah yasiima kuye- yagamba: Nawulira Omubaka wa Allah –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- nga agamba: "Omuntu yenna alina abaana abawala basatu, nabeera muguminkiriza gyebali, nabalabirira bulungi (okubaliisa, n'okubanywesa) nabambaza ku sente ze, bajja kubeera engabo ye kulunaku lw'enkomerero obutayingira muliro" yayogerwa Ibun Maajah (3669).

**Mukyala wo**, Hadith nga eva ku Aisha- Allah yasiima kuye- yagamba, yagamba Omubaka wa Allah – Okusaasira n'emirembe bibeere kuye- "Asinga obulungi mummwe yabasinga okubeera omulungi eri abantu be, ate Nange nze basinga okubeere Omulungi eri abantu bange" Yayogerwa Tirimidh (3895).

> Obusiraamu butwala enkolagana wakati womwami n'omukyala nti yakwejjuuliriza anti buli omu kubo ajjuuliriza obukendeevu bw'omulala, mukuzimba ensi ensiraamu.

### Tewali kifo kyabukuubagano wakati w'abaami n'abakyala

**Olutalo lw'okusika omuguwa wakati w'abaami n'abakyala lwakomekkereza:** Abaami nga bawangudde abakyala, nga bwekyali mu biseera byomutamanya (Jahiriyya), oba nga abakyala bafuuse kyewaggula, mumbeera ekontana nobubumbwa bwabe nga abakyala nga bwekiri e bulaaya mu bitundu ebyesamba amateeka ga Allah

Ekyonno tekyandituusewo singa tekwali kwesamba mateeka ga Allah omukenkufu, -ateeka buli kimu mukifo kyakyo- bwatyo Allah yagamba: **{Era temwegomba nga ebyo Allah bye yasinza nabyo abamu ku bannaabwe, Balina abasajja omugabo gwekyo kye baba bakoze nabakyala balina omugabo mw'ekyo ke baba bakoze (temukwatirwa gana bugya) wabula musabe Allah mu birungi bye ebigabwa}** Surat Annisa (32), buli kyonna ky'eyeyawulidde nakyo, kikye, era yakigaba, era buli omu alafuubana kudda eri ebirungi bye , amateeka g'obusiraamu tegajja lwabasajja oba bakyala bokka, wabula gajja lwabantu bonna abasiraamu.

Nolwekyo embeera y'okusika omuguwa wakati wabaami nabakyala terina kifo kyonna munkola ensiraamu, wadde okubeerawo obulabe wakati wambwe olwokwagala ebyenfuna bwensi, era tewali bwetaavu bwakukola bulumbaganyi wakati wabwe, oba okutuusa kumunne obulabe, okwewakanya ekitasaanidde, oba okunoonya obumogo bw'omulala buli kadde.

Ebyo byonna muzannyo, era ntegeera etali ntuufu eri obusiraamu, n'obutamanya buvunaanyizibwa bwabuli omu eri omulala, era buli omu alina okusaba Allah amuwe kubirungi bye.

### Emiteeko gyabakyaala okusiinziira ku basajja:

Abakazi okusiinziira ku basajja baawulwamu emiteeko esatu:

**1 (Omukazi) ayinza okubeera mukyala we:**


Mumbeera eno Omusajja akkirizibwa okwesanyusa ne mukyala we nga bwaba ayagadde, nga era n'omukyala akkirizibwa okwesanyusa ne bba mungeri y'emu, era Allah abafumbo bombiriri buli omu yamuyita kyambalo kya munne, nga ekifaananyi ekisinga okulaga enkwatagana yabwe, kungulu ne munda, Allah yagamba: **{Bo (abakyala) kyambalo kyammwe nammwe (abasajja) muli kyambalo kyabwe}** Surat Al-baqara (187). (laba olupapula 200)

## 2 Ayinza okubeera ow'oluganda lwe amuzira okuwasa ebbanga lw'obulamu lyonna:

Era nga Omuteeko guno gulimu abantu bano wammanga:

| | |
|---|---|
| 1 | Maama wo, oba Jajja omukyala kuludda lwa Taata oba Maama okugeza nga Maama wa maama, ne Maama wa taata n'okudda waggulu. |
| 2 | Muwala wo, oba muzzukuluwo kuludda lwa muwalawo oba kulwa mutabani wo, nokudda wansi. |
| 3 | Mwannyoko gwemugatta Taata ne Maama, oba gwemugatta naye Taata, oba gwemugatta naye Maama. |
| 4 | Senga wo, bwebagatta ne Taata wo Maama ne Taata, Oba bwebagatta Taata yekka, oba bwe bagatta Maama, era muno muyingiramu Senga wa taata ne senga wa Maama. |
| 5 | Maama omuto, nga naye ye muganda wa Maama wo bwebagatta taata ne Maama, oba bwebagatta taata, oba bwebagatta Maama era muno muyingiramu maama omuto owa taata ne maama omuto owa maama. |
| 6 | Muwala wamuganda wo bwemugatta taata ne maama, oba bwemugatta naye taata, oba maama, okugeza nga muwala wamutabani wa mugandawo n'okukka wansi. |
| 7 | Muwala wa mwannyoko bwemugatta taata ne maama, oba bwemugatta taata, oba bwemugatta maama, okugeza nga muwala wa muwala wa mwannyoko n'okukka wansi. |
| 8 | Nazaala wo, sinsonga muwalawe mukyali bafumbo oba wayawukana naye, maama we ali mubakuzira okuwasa mumbeera zonna, nabwekityo maama wa nazaala wo. |
| 9 | Muwala wa mukyala wo - oba omwana omuwala omujja nannyina. |
| 10 | Mukwamana wo, nokukka wansi okugeza nga mukyala wa muzzukuluwo (mukyala w'omwana wa mutabani wo). |
| 11 | Muka kitaawo, nokudda waggulu, kugeza nga mukyala wa Jajja wo (mukyala wa taata wa taata wo) |
| 12 | Maama eyakuyonsa mu myaka egy'obuto ebiri egisooka nga wakazaalibwa, omukyala bwayonsa omwana omuto emirundi etaano egikkusa, obusiraamu bwamufuula maama wo olw'okukuyonsa. |
| 13 | Mwannyoko olwokuyonka, nga naye ye muwala w'omukyala eyakuyonsa mu buto, nabwekityo buli mukyala ow'oluganda lwo mukuyonka akuzira okufaananako aboluganda lwo mumusaayi, okugeza nga senga wo mukuyonka, oba maamawo omuto mukuyonka oba mwannyoko, oba muwala wa mwannyoko mukuyonka. |

AMAKAAGO




Abantu abo abamuzira kikkirizibwa okufuluma ne bagenda gyali nga bolesezza ebitundu byabwe ebirabika mumbeera ezabululijjo, okugeza nga emikono, ensingo, enviiri, n'ebirala ebigwa muttuluba eryo, awatali kusukka kkomo.

## 3 Ayinza okubeera Omukyala owebbali:

Omukyala owebbali, ye mukyala yenna atali mwabo abakuzira okuwasa betulabye waggulu, sinsonga omulinako oluganda lw'omumusaayi okugeza nga muwala wa taata omuto, oba muwala wa senga, oba muwala wa maama omuto, oba mukyala wa mugandawo, nabengandazo abalala bwemuva mukika ekimu, oba gwotalinaako kakwaate ka mumusaayi wadde okubeera nakakwate nabo mukika ekimu, oba obuko.

Obusiraamu bwateekawo amateeka agafuga enkolagana wakati womusajja nomukyala owebbali – atakuzira kuwasa-olwokwagala okukuuma ensa n'ebitiibwa by'abantu, okwo gattako okuggala emiryango nemikwesese sitaani mweyinza okuyita okubakozesa ensobi, Ye nga Allah eyatonda omuntu yasinga okumumanya, nokumanya ebimuyamba nebimugasa, Allah yagamba: **{Abaffe – Allah tamanyi ebyo by'eyatonda- Oyo eyatonda nga naye Ye Mukwata mpola omumanyi wekyama}** Surat Al-Muluk (14).

Buli lunaku alipoota ziraga omuwendo omupya ogwabakyala abakabasanyiziddwa, okwo gattako omuwendo gwabantu abali mu mukwano mungeri emenya amateeka, okuva mu maka mangi mubitundu ebyesamba okuteeka munkola amateeka ga Allah.

Buli lunaku alipoota ziraga omuwendo omupya ogwabakyala abakabasanyiziddwa, okwo gattako omuwendo gwabantu abali mu mukwano mungeri emenya amateeka, okuva mu maka mangi mubitundu ebyesamba okuteeka munkola amateeka ga Allah.

## Amateeka agafuga enkolagana wakati w'abasajja n'abakazi abebbali:

### 1 Okukkakkanya amaaso:

Omusajja omusiraamu takkirizibwa kutunuulira bwereere bwa mukyala, oba okutunuulira ekintu kyonna ekisitula obwagazi bwe, wadde okutunuulira omukyala n'eriiso eryenkaliriza awatali bwetaavu.

Allah y'alagira abaami n'abakyala okukkakkanya amaaso gaabwe, kubanga kiyamba okukuuma ensa zaabwe, nebitiibwa byabwe, kubanga okutunuza amaaso kubuli kintu awatali kkomo kiviraako amazambi mangi nokugwa mubwonoonefu, wakitiibwa Allah yagamba: **{Gamba abakkiriza abasajja bakkakkanya ku maaso gaabwe era bakuume obwereere bwabwe , ekyo kyekisinga obutukuvu gye bali Mazima Allah Mumanyi wa byama by'ebyo bye bakola * Era gamba abakkiriza abakyala bakkakkanyenga ku maaso gaabwe, era bakuumenga obwereere bwabwe}** Surat Nuulu (30-31).



> Okukuuma amaaso obutatunuulira Allah byeyaziyiza limu ku kkubo lyokukuuma ensa z'omuntu, nekitiibwa kye.

AMAKAAGO

Wabula singa kituukawo Omusiraamu n'atunuulira Omukyala mubutanwa, kimukakatako okukyuusa amaaso ge n'atunula ebbali kubanga kiri haraamu okumutunuulira enkaliriza, Okukuuma amaaso kizingiramu okugakuuma ku mikutu gyonna egyamawulire ne intanenti – (emikutu gi mugatta bantu), era Kiri haraamu Omusiraamu okutunuulira ekintu kyonna ekisitula obwagazi bwe ku mikutu egyo.

## 2 Okwogera n'empisa ennungi:

Omusajja bwaba nga ayogera n'omukyala atamuzira kuwasa, nomukyala nga ayogera n'omusajja atamuzira atekeddwa okwogera n'empisa ennungi, wakati mukwewaala embeera yonna esikiriza omulala, eyo nno y'ensonga lwaki:

- Allah- owekitiibwa- yagaana abakyala okuwunda amaloboozi gabwe nga bogera n'abasajja abatabazira, era nabalagira okukozesa ebigambo ebyeyolefu ebitaliimu bigendererwa bikyamu, Allah yagamba: **{Temwegonzagonzanga (nemuwunda amaloboozi) mukwogera, nalulunkana oyo alina obulwadde mu mutima gwe, n'olwekyo mwogere nga ekigambo eky'obuntubulamu}** Surat Al-ahzaabu (32)

- Era Allah yabalabula nabagaana okukola ekintu kyonna ekiyinza okusikiriza abasajja, okugeza nga okutambula nga beemoola, oba nga bakoona obukondo bwengatto, wamu nokwolesa ebimu kubyokwewunda byabwe, Allah yagamba: **{Era tebaggunda (wansi) amagulu gaabwe ku lwokumanyisa ebyo ebikisibwa mu byokwewunda kwabwe}** Surat Nuulu (31).

## 3 Okwewala okweyawula nomuntu atakuzira kuwasa nakufumbirwa

Ekigaanibwa wano ye musajja okweyawula n'omukyala atamuzira mukifo kyonna awatali muntu yenna, embeera eno Obusiraamu byagigaana kubanga limu kumakubo Sitaani mweyita okusuula abantu muntata nebakozesa ebikyamu, Omubaka wa Allah –(s.a.w) yagamba: Omusajja yenna tayinza kweyawula namukyala atamuzira okujjako nga sitaani ebeera yakusatu kubo. Yayogera Tirimith (2165)




AMAKAAGO

## 4 Okwebikkirira (Hijaabu):

Allah ow'ekitiibwa- yalaalika okwebikkirira eri abakyala, ekitali ku basajja, kubanga abakyala mubutonde bwabwe balungi era nga basikiriza, ekyonno kibafuula ekikemo eri abasajja, ekiyinza okubaleetera okugwa mu mazambi.

Allah yalaalika okwebikkirira olwensonga ezenjawulo, era muno mulimu zino wammanga:

- Kibasobozese okukola emirimu gyabwe mubulamu obwabulijjo, nemubitongole ebyengiririza mumbeera ennungi ekuuma ekitiibwa kyabwe nensa zaabwe awatali kutaataaganyizibwa kwonna.
- Okukendeeza emikisa gy'okufuuka ebikemo ekyo kiyambeko okukuuma ensi nga ntukuvu, era mungeri endala kiyambako omukyala okukuuma ekitiibwa kye.
- Kisobole okuyambako kubasajja abataalira amaaso mungalo okwekomako obutatunuulira bakyala, nokuteera, basobole okukogalagana naye nga omuntu omuyivu era omukulaakulamu, so ssi nga omuntu owokwegatta naye, nga akola kimu kumalira basajja bwetaavu bwabwe.

### Hijaabu Yomukyala erina ku koma wa:

Allah yalagira abakyala okubikka emibiri gyabwe gyonna – nga bali awali abasajja abatabazira- okujjako amaaso nebibatu, Allah yagamba: **{Era teboolesanga eby'okwewunda byabwe, wabula ebyo ebyeyoleka mubyo}** (surat Nuul 31), ebyeyoleka mubyo mulimu ekyenyi n'ebibatu, wabusa singa wabaawo ebikemo mukwolesa ekyenyi n'ebibatu; olw'obulungi bwabwe, mumbeera eno kikakata kubo nabyo okubibikka.

### Amateeka agafuga Hijaab y'omukyala

Omukyala akkirizibwa okulonda ekikula, omusono ne langi y'olugoye lwonna lw'ayagala okwambala kasita lutuukiriza obukwakkulizo buno wammanga:

1. Hijaabu etekeddwa okubikka ebituntu by'omubiri gwonna ebiteekeddwa okubikkibwa.
2. Eteekeddwa okubeera engazi bulungi awatali kumukwata nakumumiima mu mubiri gwe.
3. Obutabeera lugoye lutangaavu olulaga ebitundu by'omubiri gwe.



> Hijaab ekuuma ensa z'omukyala era n'emusobozesa okukola emirimugye mukifaanayi ekirungi eky'obuntu.

AMAKAAGO

## > *Okuwasa Mubusiraamu*



**> Okuwasa kimu kubintu ebigatta wakati w'abantu, era yensonga lwaki obusiraamu butukubiriza okuwasa n'okufumbirwa.**

Obufumbo ky'ekimu kubintu ebigatta wakati wabantu, era kyekimu kubintu obusiraamu bwekyassaako ennyo essira, era nebukubiriza abantu okuwasa, okwogattako okufuula okuwasa emu kunkola zaba Nabbi. (laba olupapula 200)

Obusiraamu bwafaayo nnyo okulambulula amateeka agafuga obufumbo, nempisa zabwo, nokunnyonnyola ebivunaanwa byabafumbo ababiri buli omu eri munne, ekyonno kiyamba okukuuma nokutwala mu maaso enkolagana wakati wabafumbo, era nga bwekiyamba okuzimba amaka amatebenkevu agayamba okugunjula abaana abakkakkamu, era abatereevu ku ddiini yabwe, ekyonno nekibayamba okubeera obulungi mumbeera z'obulamu bwabwe bwonna.

### Agamu ku mateeka ago gegano wammanga:

Obusiraamu bwassaawo obukwakkulizo nebyeteekwa ebigobererwa eri buli muntu yenna ayagala obufumbo mubakyala nabaami, basobole okubeera mubufumbo obutuufu era obutukuvu, mubyo muli bino:

## Obukwakkulizo obusiraamu bwe bwassa Kumukyala:

1 Omukyala atekeddwa okubeera musiraamu, obusiraamu butukubiriza mukiseera kyokulonda omubeezi okulonda omukyala omusiraamu alina eddiini; kubanga yagenda okubeera maama omugunjuzi wabaana bo, era yakuyambako okukola obulungi nokutereera kuddiini, nga Nabbi (s.a.w) bwe y'agamba: "Faayo nnyo kukulonda omukyala munnaddiini, emikonogyo tegijja kusaaba ttaka (okwewala ebizibu)" yayogera Bukhar (4802) ne Muslimu (1466).

2 Omukyala ateekeddwa okuba n'ensa, kizira okuwa omukyala amanyiddwa nti malaaya mwenzi, nga Allah bweyagamba: **{Nabakyala abakkiriza ab'ensa abaana baboobwe, nab'ensa abaana baboobwe mwabo abaweebwa ekitabo oluberyeberye}** Surat Al-maida(5).

3 Ateekeddwa obutabeera mwabo abakuzira okuwasa olubeerera, nga bwe twakinnyonnyodde gyebuvuddeko katono, era omusajja takkirizibwa kugatta wakati wabakyala ababiri oboluganda mubufumbo bumu, wadde okugatta wakati w'omukyala ne senga we, oba maama we omuto mubufumbo bumu.

## Obukwakkulizo obusiraamu bwebwassa ku mwami

Omwami ateekeddwa okuba Omusiraamu, era nga obusiraamu buziyiza omukyala omusiraamu okufumbirwa omusajja atali musiraamu, kabeere wanzikiriza ki yonna, sinsonga ava mwabo bannannyini kitabo (Abakristaayo Nabayudaaya) oba nedda, era obusiraamu bukkaatiriza ebimu kubitendo Omusajja byateekeddwa okuba nabyo okumukkiriza okuwasa:

- Okubeera omutereevu era Omunywevu ku ddiini.
- Okubeera n'empisa ennungi.

Omubaka wa Allah –okusaasira n'emirembe bibeere kuye – yagamba: "Omusajja yenna bwajjanga gyemuli okwogereza nga ali mwabo bemusiima eddiini ye n'empisa ze, Mu mufumbize nga" Yayogerwa Al-tirimidh (1084), ne Ibun Maajah (1967).



## > *Ebivunaanyizibwa by'omwami n'omukyala*



> **Kikata ku musajja okulabirira mukyala we nabaana be mubulungi**

Allah yalaalika kubafumbo ababiri omwami n'omukyala ebivunaanyizibwa buli omu eri munne, era nebukubiriza buli omu okufaayo okutuumbula n'okukuuma enkolagana wakatiwe ne munne, obuvunaanyibwa obwo buli kumpuyi zombiriri, era abafumbo ababiri buli omu talina kusaba munne kyatalinnako busobozi, nga Allah bweyagamba: **{Era balina abakyala (bye bavunaana abasajja) okufaanana nga ebyo ebiri ku bo (abasajja bye bavunaana) nga babikola mungeri y'obuntu bulamu}** Surat A-baqarah (228), watekeddwa okubaawo okwerekereza, okusonyiwa gana, okwetonera ebirabo, obulamu busobole okubanguyira nokutambula obulungi, nokukola amaka amalungi agateredde enteende.

### Ebivunaanwa by'omukyala eri Omwami

**1 Okumulabirira n'okumusuza**

- Kikakata ku mwami okulabirira mukyalawe mukumuliisa n'okumunywesa, nokumwambaza, nokumufunira enyumba waasula era wawangalira egya mukitiibwa kye sinsonga omukyala mugagga oba nedda.
- Ekipimo ky'okulabirira Omukyala: Omukyala alabirirwa mubulungi okusinziira kunfuna y'omusajja awatali kudiibuuda wadde okukodowala, nga Allah ow'ekitiibwa bweyagamba: **{Alina okuwaayo eyeesobola okusinziira mu kusobola kwe, n'oyo eyafundizibwa enfuna ye, naye alina okuwaayo mw'ebyo Allah byeyamuwa}** Surat Twalaaq (7).
- Wabula okulabirira okwo kusaana obutabaamu kulalaasa oba okulangira nakukakkanya, naye nga Allah bweyakwogerako nti, kubeerewo mubulungi, so ssi kwesukkulumya, kubanga kimu kubivunaanwa byomukyala eri omwamiwe

AMAKAAGO

- Omusajja omusiraamu bwatuukiriza obuvunaanyizibwa bwe nalabirira omukyala nabantu be, afuna empeera nnene okuva eri Allah; y'ensonga lwaki Nabbi (s.a.w) yagamba: " Omusjja – omusiraamu bwalabirira abantu be, nekigendererwa ekirungi –ekyokufuna-empeera, Allah amubala nga asaddaase" Yayogerwa Bukhar (5036), ne Muslim (1002).
- Era Nabbi (s.a.w) yagamba: "Mazima omuddu tayinza kuwaayo saddaaka yonna kulwa Allah amusiime, okujjako nga Allah amuwaamu empeera, kakube okuwa abantu be ekyokulya- era afunamu empeera-" yayogerwa Bukhar (56), ne Muslimu (1628).



> Kikakata ku mwami okuteeka munkola obukwakkulizo obwakkanyizibwako nga bafumbiriganwa.

Era nomuntu yenna agaana okulabirira abantu be, oba nakendeeza kubuyambi bwalina okubawa awamu n'ekyo nga alina obusobozi, afuna omusango munene mu maaso ga Allah, nga Omubaka wa Allah (s.a.w) bweyagamba: "Kimala bumazi okufuna omusango kasita olagajjalira abo bolina okulabirira" Yayogerwa Abudawuda (1692).

## 2 Okuwangaala naye Obulungi:

Nekigendererwa mupangaala ennungi, z'empisa ennungi, obukwata mpola, nobukakkamu mukwogera, nokugumira ensobi za munno n'obukendeevu bwe obutewalika muntu yenna, Allah yagamba: **{Era Mukolaganenga nabo mungeri ennungi, bwemuba nga mubatamiddwa (temubatanga) kubanga oba olyawo mwanditamwa ekintu ate Allah n'akissaamu obulungi obungi}** Surat Nisaa-I (19)

Omubaka wa Allah okusaasira n'emirembe bibeere kuye yagamba: "Omukkiriza asinga obujjuvu bwobukkiriza, yooyo abasinga empisa ennungi, n'omuntu abasinga obulungi yooyo abasinga okweyisa obulungi eri bakyala be" Yayogerwa Tirimidhi (1162).

Omubaka wa Allah (s.a.w) yagamba: "Mazima ddala Omukkiriza asinga obujjuvu bwobukkiriza, yooyo abasinga empisa ennungi, era abasinga obukwata mpola eri abantu be" Yayogerwa Tirimidhi (2612), ne Ahmad (24677).

Era Omubaka wa Allah (s.a.w) yagamba: "Abasinga obulungi mummwe, yabasinga obulungi eri abantu be" Yayogerwa Tirimidhi (3895).

Omu kuba Swahaabah yabuuza Omubaka wa Allah (s.a.w) nagamba nti: "Owange Omubaka wa Allah, Biki buli omu muffe byavunnanwa eri Mukyala we,? Namugamba nti: Okumuliisa nga olidde, Nokumwambaza nga oyambadde, era togezanga nomukuba mukyenyi, wadde okumubijjiwaza, kakube okumusenguka okujjako nga osengukira munnyumba (wemuwangaalira)" Yayogerwa Abudawuda (2142).

### 3 Obuguminkiriza n'okwerekereza

Omusajja yenna awaka atekeddwa okusoma embeera z'obutonde ezamukyalawe, kubanga mazima zawukanira ddala n'ezomusajja, era alina okufaayo ennyo okutunuulira embeera z'obulamu mu mpuyi zonna, nga ageraageranya wakati webirungi nebibi, kubanga teri muntu mutuukirivu, kale nno tuteekeddwa okubeera abaguminkiriza nokulaba ebintu mundaba ennungi, Allah ow'ekitiibwa yannyonnyola abafumbo nti balina okulaba ebintu mundaba eyenjawulo nagamba: **{Era temwerabiranga obulungi obuddewo wakati wammwe}** Surat Al-baqarah (237).

Era Omubaka wa Allah (s.a.w) yagamba: "Omukkiriza Omusajja tayinza kutamwa mukkiriza munne omukyala yenna, Kubanga bwamutamwako empisa ezimu, ate amusiimako empisa endala" Yayogerwa Muslimu (1469).

Era Nabbi (s.a.w) akubiriza abasajja okufaayo eri abakyala n'okweyisa obulungi gyebali wakati mukujjukira olubeerera nti abakyala b'atondebwa mungeri yanjawulo kubasajja, kale enjawulo eyo eleme kufuuka nsonga yakwawukana wakati wabwe, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: " Abasajja mulaamirigane nga (wakati wammwe) okuyisa abakyala obulungi, kubanga mazima omukyala yatondebwa nga ajjibwa mulubiriizi olwewese, nolwekyo tasobola kubeera mutereevu nga bwomwagala, kale nno bwobanga osazeewo okwesanyusa naye, wesanyuse naye nga okimanyi nti ekyo ky'ekikula kye , bwekakutanda noyagala okumugolola (aveemu ekkoona), ojja kumumenya, nga n'okumumenya kwawukana naye" Yayogerwa Bukhar (3153) ne Muslimu (1468).

### 4 Okubeera n'omukyala ekiro

Omwami akubirizibwa okubeera ekiro n'emukyalawe, era nga kino asaanye ekikole wakiri mubiro bina omulundi gumu, era nga kikakata kuye okusala ebisanja wakati wabakyalabe kyenkanyi bwabanga alina abakyala abasukka kwomu.

### 5 Okumuwa obukuumi n'okukuuma ekitiibwa kye:

Omusajja bwawasa omukyala afuuka engabo ye era avunaanyizibwa okukuuma ekitiibwa kye mumbeera yonna obutassa mukono nebwekiba nga kisobola okumuviirako okuttibwa, kubanga Nabbi (s.a.w) yagamba: " Omuntu yenna attibwa olwokulwanirira abantu b'omumaka ge abeera nga afiiridde mulutalo lweddiini" Yayogerwa Tirimidhi (1451) ne Abudawuda (4772).

AMAKAAGO

### 6 Obutafulumya byama bya bufumbo:

Omwami takkirizibwa kubuulira muntu yenna byama byamukyala we, wadde okunyumya ensonga zabwe ezomukisenge, era nga Nabbi (s.a.w) y'agamba kunsonga eno: "Mazima ddala abantu abasiinga okubeera abawansi ennyo eri Allah kulunaku lwenkomerero, Ye musajja abikkulirira mukyala we ensa ze, n'omukyala namubikkulira ezize, ate oluvannyuma nanyuma ebyama byabwe ebyekisenge eri abantu abalala" Yayogerwa Muslimu (1437).

### 7 Omwami takkirizibwa kutulugunya mukyala nokumubonyabonya:

Obusiraamu bwateekawo emisingi namakubo agayitwamu okugonjoola obutakkaanya wakati wabafumbo, mubwo:

- Kisaana okugonjoola obutakkaanya wakati wabwe nga bayita mukwogerezeganya n'ebigambo ebirungiebyamagezi,n'okuwabuligana, n'okwebuulirira, okusobola okugolola ensobi eziguddewo.
- Obugulumbo bwebugenda mu maaso Omusajja akkirizibwa okusenguka omukyala n'agenda mulusirika, wabula kino talina kusukka naku satu, ekyo bwekitayamba amusenguka mukusula, naye alina kusengukira munnyumba webasula.
- A'isha –Allah yasiima kuye – yagamba: "Omubaka wa Allah –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- Teyakuba ku mukyala yenna wadde omuddu, Okujjako mpozzi nga alwana mukkubo lya Allah"

### 8 Okumusomesa n'okumuwabula:

Omusajja ateekeddwa okulunngamya abantu be awaka nga abalagira okukola obulungi nokubaziyiza okukola obubi, era alina okufaayo ennyo okubayambako ebyo ebinabayamba okubatuusa eri ejjanah ya Allah, era n'abekesa okuyingira omuliro, nga ateekawo embeera ebanguyiza okukola emirimu emirungi, nokubagaana okukola ebyaziyizibwa nebabyesambira ddala, Nomukyala mungeri y'emu alina okufaayo okubuulirira omwami we nokumuwabula ssaako okumulunngamya eri buli kirungi, era nga bwavunaanyizibwa okulera n'okugunjula abaana baabwe mungeri ennungi, Allah yagamba: **{Abange mmwe abakkiriza mwekese emyoyo gyammwe negyabantu bammwe okuyingira omuliro}** Surat Tahariimu (6).

Era ne Nabbi (s.a.w) yagamba: "Omusajja mulunzi eri abantu be, era abavunaanyizibwako" Yayogerwa Bukhar (2416) ne Muslimu (1829).

### 9 Okuteeka munkola obukwakkulizo omukyala bwataddewo

Omukyala singa ateekawo akakwakkulizo konna mukiseera kyokumuwasa mwebyo ebikkirizibwa, okugeza nga okusaba ekisulo ekyenjawulo, n,engeri yokumulabiriramu, omwami bwakkiriza ebintu omukyala byasabye kimukakatako okubiteeka munkola, era nga obwo bwe bumu kubukwakkulizo obukakafu era obwetteeka mukuteeka munkola; Nabwekityo kubanga ezo zezimu kundagaano ezamaanyi mubusiraamu, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: "Mazima obumu kubukwakkulizo obwemutekeddwa okubussa munkola, bwebwo obwabakkirizisa okuwasa abakyala abo munsonga z'obufumbo" yayogerwa Bukhar (4856) ne Muslim (1418).

## Ebivunaanwa by'omwami eri Omukyala:

### 1 Okumugondera mubulungi

Allah yawa abasajja obuvunaanyizibwa bw'okulabirira abakyala, okubalagira, okubawabula n'okubabudaabuda, ekyonno kiri bwekityo olwekikula nengeri Allah gyeyatondamu abasajja n'abasukkulumya ku bakyala, okwo gattako ensimbi abasajja zebasaasaanya ku bakyala, Allah yagamba: **{Abasajja bebayimiriddde ku kulabirira abakyala kulwebyo Allah byeyasinza abamu ku bannaabwe, nekulwebyo bye baawaayo mu mmaali zaabwe}** Surat Nissa-I (34).

### 2 Omukyala okumalira omusajja obwetaavu (n'okukakkanya ensa ze)

Obumu kubuvunaanyizibwa bw'omukyala eri Omwami we, kwekumumalira ekyetaago eky'obutonde asobole okukakkanya ensa ze, era nga kigwanidde omukyala okwewundira omwami we n'okwetegekera ensonga eyo, era omukyala singa agaana okwegatta ne bba awatali nsonga yassimba afuna omusango, wabula bwaba nekisonyiyisa nga okubeera munsonga ezabuli mwezi, oba okuba nga yasiibye okusiiba okwetteeka, oba okuba nti mulwadde nebirala ebigwa mumbeera eyo awo tafuna musango, wabula alina okumunnyonnyola embeera gyalimu so ssi kugaana bugaanyi.

Omubaka wa Allah – Okusaasira n'emirembe bibeere kuye- Yagamba: "Omusajja singa ayita mukyala we, okwesanyusa naye, n'agaana, omwami n'asula nga amunyigidde, malayika za Allah zimukolimira ekiro kyonna okutuusa obudde lwebukya" Yayogerwa Bukhar (3065) ne Muslimu (1436).

### 3 Obutakkiriza muntu yenna Omusajja gwatamwa kuyingira munnyumba:

Obumu kuvunaanyizibwa bw'omukyala eri omwami we, bwe butakkiriza muntu yenna omwami gwatayagala kuyingira munnyumba.

Omubaka wa Allah (s.a.w) Yagamba: "Tekikkirizibwa eri omukyala omufumbo okusiiba (olusiiba olwa sunnah) nga Baawe wali okujjako nga afunye olukusa okuva gyali, era Omukyala takkirizibwa kuyingiza muntu yenna munnyumba okujjako nga omwami akkiriza" Yayogerwa Bukhar (4899).

### 4 Omukyala obutafuluma waka okujjako nga omwami amukkiriza

Ebimu kwebyo omwami byabanja Omukyala, bwebutafuluma kuva waka okujjako nga afunye olukusa okuva eri bba, sinsonga olukusa lweyawulidde kukufuluma okweyawulidde oba nga lubuna okufuluma kwonna okuva awaka olwokumala obwetaavu bwe oba okukola.

### 5 Omukyala okuweereza Omwami we:

Kigwanidde omukyala okuweereza omwami we mubulungi, mukumufumbira emmere, nemirimu gyonna egyawaka.

## > *Okuta Omukyala (Okwawukana naye)*

Obusiraamu bufaayo nnyo okulaba nga obufumbo bugenda mu maaso lubeerera, era bufuba okulaba nga obufumbo busigala nga weebuli okutuusa okufa lwe kubaawukanya, era Allah ow'ekitiibwa obufumbo yabuyita mu Quran eyekitiibwa "Endagaano enkambwe" kyova olaba nti tekkirizibwa mubusiraamu kubeera mubufumbo obwekiseera.

Obusiraamu wakati mukukubiriza abafumbo okubeera awamu lubeerera, bufaayo okulaba nga abantu abawangaalira munsi olwokuba balina embeera zaabwe ezenjawulo, nga buli omu alina ekikula kyanjawulo, bwebalemaganwa nga tebakyasobola kuwangaalira awamu butya bwebalina okwawukana, oluvannyuma lw'okugezaako amakubo agalina okubatabanya negalemererwa, mu mbeera y'okwawukana walina okubawaawo obwenkanya wakati wabafumbo ababiri, kubanga emirundi mingi okwawukana kugwaawo wakati mubuzibu nga buli omu atamiddwa munne takyamwetaaga, nekibanga ekisigalidde kwawukana mumbeera yonna, era nga lyekkubo lyokka erisobola okuwa buli omu ekirungi ekimusaanidde, n'okukuuma obutebenkevu mu maka, kubanga obufumbo obuli mumbeera eyo tebukyasobola kutuukiriza bigendererwa bibusuubirwamu, n'ekiba nti okwawukana wakati wabwe kyekibi ekiri yadde yadde mukifo kyokusigala awamu

Yensonga lwaki Obusiraamu bwakkiriza okwawukana kwabafumbo nga ekkubo lyokufuluma mukattu kano, era nga Allah owekitiibwa ajja kuwa buli omu omubeezi omulala, oba olyawo bafuna emirembe mufumbo bwabwe obujja okusinga obwo obwasooka, bwekityo nekituukirira Allah kyeyagamba nti: **{Bwe baba nga baawukanye, Allah agaggawaza buli omu ku bombiriri (ng'aggya) mu bigabwa bye; Kubanga mazima Allah ye Mugazi (mukugaba), Omukakasa (mu kulabirira ebitonde bye) }** Surat Nissa-I (130).

**Wabula okwawukana okwo obusiraamu bwateekawo ennamula ezenjawulo, namateeka agakulunngamya, muzo:**

- Ekikolo kwekubanga okwawukana wakati wabafumbo kuli mu mikono gya musajja so ssi mukyala.
- Wabula kisoboka omukyala bwabanga takyasobola kuwangaala na mwami we, ate nga n'omwami ssi mwetegefu kumuwa talaqa, Okusaba omulamuzi okumuta, era kisoboka omulamuzi okumuwa talaqa singa wabaawo obujulizi obumatiza.

- Kikkirizibwa Omusajja okuzza mukyala we oluvannyuma lwokumuwa talaqa emirundi ebiri, wabula bwamuwa talaqa eyokusatu , munnange takkirizibwa kumuddira okujja nga afumbiddwa omusajja omulala obufumbo obujjuvu obutukufu, era nga ne talaqa ekkirizibwa mu mateeka g'obusiraamu ye musajja okuta mukyalawe mukiseera nga mutukuvu okuva munsonga awatali kulabagana naye mulutukula olwo munsonga z'obufumbo.




> **Obusiraamu bufaayo nnyo okulaba nga obufumbo bugenda mu maaso lubeerera, era bukubiriza abafumbo okufaayo ennyo kunsonga eyo, wabula bwateekawo amateeka agalunngamya abafumbo singa balemaganwa nga tebakyasobola kubeera wamu butya bwebalina okwawukana.**

AMAKAAGO

## > Ebivunaanwa byabazadde ababiri



Okugondera abazadde n'okubayisa obulungi kimu kumirimu emirungi egyamaanyi, era nga gyegimu kwegyo egisinga empeera ennene mu maaso ga Allah, era nga Allah yalinaanisa okugondera abazadde n'okumusinza n'okumwawula.

Era nafuula okugondera abazadde n'okubayisa obulungi nga yemu kunsonga ennene eziyingiza omuntu ejjanah, nagamba (s.a.w): "Omuzadde gwemulyango gwejjana ogwawakati, bwobanga oyagala suula omulyango ogwo oba gukuume butibiriri" Yayogerwa Tirimidhi (1900).

- **Akabenje akali mu kujeemera n'okwonoona eri abazadde**

Agamu kumazambi amanene agegattibwako amateeka gemirembe gyaba Nabbi gyonna mukugagaana n'okwekesa abantu okugagwaamu: Kwekuyisa obubi abazadde ababiri, Nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba baswahaba: "Abaffe mbabuulireyo amazambi agasinga obunene? Nebagamba nti: Yye owange ggwe omubaka wa Allah, nagamba nti: "Okugatta ku Allah n'ekintu ekirala (Shirik) n'okugyemera abazadde ababiri" Yayogerwa Bukhar (5918).

• **Okubagondera mukutali kugyemera Allah:**

Kikakata kubaana okugondera abazadde abibiri mubuli kimu kyebatulagira, okujjako singa balagira okugyemera Allah, awo tekkirizibwa kubagondera mwekyo; Kubanga tetukkirizibwa kugondera kitonde kyonna mukugyemera Omutonzi waffe Allah, Allah yagamba: **{Era Twalaamira omuntu okuyisa obulungi bakadde be, naye bwebanga bakuwaliriza okungattako ekyo kyotalinaako ku manya, olwo tobagondera nga}** Surat Ankabuuti (8).

• **Okulongoosa gyebali naddala mukiseera ky'obukadde bwabwe**

Allah y'agamba: **{Yasalawo Omulezi wo Allah nti temusinza nga kintu kirala kyonna wabula ye yekka (gwe muba musinza) era nakubiriza nti n'abazadde bombiriri mubayisenga bulungi, singa mazima batuuka mu myaka egy'obukadde, omu kubo oba bombiriri nebakaddiwa nga wooli, togezanga nobeekkaanya, wadde okubakaayukira, era yogeranga nabo ebigambo byokubagulumiza nokubawa ekitiibwa}** Surat Al-israa'I (23).

Atubuulira Allah owekiibwa nti yalaalika ku muntu okugondera bakadde be, nobutabekaanya oba okubaboggolera, Naddala bwebabanga batuuse mukiseera ky'obukadde nga banafuye, kakube okubekaanya awatali kwatula kigambo kyonna.

• **Abazadde ababiri abatali basiraamu:**

Omusiraamu kimukakatako okugondera bazaddebe ababiri n'okubayisa obulungi kababeere nga sibasiraamu, Allah yagamba: **{Naye bwebanga (bakadde bo) bombiriri bakuwaliriza okungattako ekyo ky'otalinaako ku manya, olwo tobagondera nga, wabula era beeranga nabo mu nsi nga obayisa bulungi}** Surat Luqumaan (15). Era nga okugondera abazadde okusinga obulungi kwekubakoowoola nokubaagazisa obusiraamu mumbeera yamagezi n'obukwatampola.



# > *Ebivunaanwa by'abaana*



- **Okulonda omukyala** Omulongoofu okubeera maama w'abaana bo, kiyambako munkuza ennungi eyabaana, era nga ky'ekirabo ekisinga byonna taata kyayinza okuwa abaana be.

- **Okutuuma abaana amannya amalungi;** kubanga erinnya ebiseera ebimu lifaanana nannyini lyo, bweriba namakulu amalungi omwana oyo afuuka akabonero kerinnya eryo.

- **Okubalera mundera ennungi,** n'okubasomesa emisingi gy'obusiraamu n'okugibaagazisa, Kubanga Nabbi (s.a.w) yagamba: "Mwenna muli balunzi, era buli mulunzi avunaanyizibwa kwebyo by'alunda, omukulembeze mulunzi era avunaanyizibwa kwabo abali wansi we, n'omusajja yenna mulunzi eri abantu b'ennyumba ye, n'omukyala munnyumba ya bba mulunzi, era avunaanyizibwa kubyonna ebigirimu, n'omukozi munnyumba ya mukama we mulunzi era avunaanyizibwa kwebyo byalabirira" Yayogerwa Bukhar (853), Muslim (1829). Bwatyo omuzadde atandika okulera abaana be nga abasomesa ensonga enkulu nga bwezijja zigoberegana, atandika okubasomesa enzikiriza entuufu (Aqiidah), etaliimu kugatta ku Allah n'ekintu ekirala kyonna (shirik), n'okuzuula muddiini, n'oluvannyuma nazzaako Okusinza (Ibadaat), n'okusingira ddala esswalah, n'oluvannyuma n'abasomesa empisa ennungi, nabuli kintu kyonna ekirungi, egyonno gy'emirimu egisinga obulungi eri Allah ow'ekitiibwa.

• **Okubalabirira**

Kikakata ku Taata okulabirira abaana be bonna abalenzi n'abawala, era nga takkirizibwa kulagajjala wadde okukendeeza obugabirizibwe gyebali, wabula avunaanyizibwa okubalabirira mumbeera ennungi okusinzinziira kunfuna ye n'obusobozi bwe, Omubaka wa Allah (s.a.w) yagamba: "Kimala bumazi okufuna omusango kasita olagajjalira abo bolina okulabirira" Yayogerwa Abudawuda (1692).

Era Omubaka wa Allah (s.a.w) yagamba kunsonga yokulabirira abaana naddala abawala:: " Omuntu yenna alina obuvunaanyizibwa ku baana abawala nabalera bulungi n'alongoosa gyebali, bagenda kubeera engabo ye emutaasa okuyingira omuliro". Yayogerwa Bukhar (5649) ne Muslimu (2629).



• **Okwenkanyankanya wakati wabaana,** Abaana bonna balina kuyisibwa kyenkanyi nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: "Mutye Allah mwenkanyenkanye wakati w'abaana bammwe" Yayogerwa Bukhar (2447) ne Muslimu (1623). Nolwekyo omuzadde takkirizibwa kusukkulumyako abaana abamu kubalala; kubanga ekyo kivaamu ebikyamu bingi.



# *EMPISA ZO*



# 11

Empisa mubusiraamu sikintu kyakwejalabya, oba okuba ekyakyeyagalire, wabula kitundu kukujjula kw'eddiini y'omuntu mumbeera zonna, empisa mubusiraamu ziri kumutendera era mukifo ekyawaggulu, era kino kyeyolekera munnamula zonna ezobusiraamu ne mumateeka gaabwo, era yensonga lwaki Nabbi (s.a.w) yatumwa okujjuuliriza empisa ennungi.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Ebiri munda mu mulyango guno:**

- Ekifo kyempisa mubusiraamu:
- Okujjuuliriza empisa ennungi ky'ekimu kubigendererwa by'okutumwa kwa Nabbi (s.a.w).
- Empisa ennungi kitundu kubujjuvu bw'obukkiriza (Imaan), n'enzikiriza (Aqiidah).
- Mazima empisa ennungi zirina akakwate ne buli muteeko gwa kusinza kwonna okutwalira awamu.

**Ebirungi ebyamanyi n'empeera ennene eyo Allah gyeyateekera teekera alina empisa ennungi**

- Enkizo y'empisa ennungi mubusiraamu
- Empisa ennungi tezeyawulidde eri kikula kyabantu nakimu
- Empisa ennungu tezeyawulidde eri bantu bokka.
- Empisa ennungi zibeera mungeri zonna ez'obulamu.

**Eby'okulabirako mu bulamu bwa Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere kuye-**

- Obwetowaze
- Obwenkanya
- Ekisa
- Okulongoosa eri abalala n'okugaba

# *Ekifo ky'empisa ennungi mubusiraamu*

## 1 Okujjuliriza empisa ennungi kyekimu kubigererwa ebiri emabega w'okutumwa Kwa Nabbi Muhammadi okusaasira n'emirembe bibeere kuye, eri abantu

Allah yagamba: **{Ye y'oyo eyatuma mu baali batamanyi kusoma Omubaka (Muhammadi) nga ava mubo (Abawarabu) nga abasomesa ebigambo bya Allah, era nga abatukuza (Okubajja mubukaafiiri)}** Sura Juma (2).

Bwatyo Allah nagemulira abakkiriza ekirabo kyokubatumira omubaka we, abasomese, Qur'an, era abatukuze emitima gyabwe okuva mu shirik n'empisa ekyaafu, okugeza nga okukumpanya, n'ensalwa, okwo ssaako okutukuzaebigambobyabwe n'ebikolwa mumpisa embi n'obuwangwa, bwatyo Omubaka wa Allah (s.a.w) yakyoleka bulungi nagamba nti: "Mazima ddala natumibwa okujjuuliriza empisa ennungi" Yayogerwa Al-baihaqy (21301). Na bw'ekityo ezimu kunsonga ezatumisa Nabbi (s.a.w) kwekujjuza n'okusoosowaza empisa ennungi eri buli muntu sekinnoomu ne mukitundu webawangaalira okutwalira awamu.

## 2 Empisa ennungi kitundu kubujjuvu bw'obukkiriza (Imaan), n'enzikiriza (Aqiidah)

Omubaka wa Allah (s.a.w) bweyabuuzibwa kwani asinga obulungi mubakkiriza? Yagamba nti: "Abasinga empisa ennungi" Yayogerwa Tirimidhi (1162) ne Abudawuda (4682).



> Okujjuliriza empisa ennungi kyekimu kubigererwa ebiri emabega w'okutumwa Kwa Nabbi Muhammadi okusaasira n'emirembe bibeere kuye, eri abantu.

Songa ate Allah mu Qur'an eyekitiibwa obukkiriza yabuyita "Obulungi" Allah yagamba: **{Tekubalibwa nti kwekumalayo ebirungi (byonna) okuba nga mwolekeza ebyenyi byammwe ku ludda lwebuvanjuba n'ebugwanjuba: Naye mazima obulungi (bwennyini) by'oyo akkiriza Allah omutonzi (n'amwawula mubwomu bwe), nakkirizza n'ulunaku lw'enkomerero, nezimalayika, n'ekitabo Qur'an neba Nabbi}** Surat Al-baqara (177), Nobulungi rinnya eribuna buli kika kya mulimu mulungi, mumpisa, n'ebigambo, n'ebikolwa, yensonga lwaki Nabbi (s.a.w) yagamba: "Obulungi z'empisa ennungi " Yayogerwa Muslimu (2553).

Ensonga y'empisa eyongera okuttaanya n'okweyoleka obulungi mukigambo kya Nabbi (s.a.w) kyeyagamba: "Obukkiriza bulimu ebitundu nkaaga mubitaano (65), nekisinga obulungi mubyo, kyekigambo

kya “Laa ilaaha illa Allah” amakulu nti: “Tewali kisinzibwa mu mazima nabwenkanya okujjako Allah yekka, nekitundu ekisembayo wansi kwekujja ekinyiiza mukkubo, songa nensonyi kitundu kubukkiriza” Yayogerwa Muslimu (35).

### 3 Mazima empisa ennungi zirina akakwate ne buli muteeko gwa kusinza kwonna okutwalira awamu

Tewali Ibaada yonna Allah gyeyalagira okujjako nga atulaga ebimu kubigendererwa byempisa ennungi muyo, aba obuwufu bwayo eri omwoyo gwomuntu sekinnoomu nekitundu wa wangaalira, ebyokulabirako kunsonga eyo bingi ddala, era mubyo:

Esswalah, Allah bweyali agiraalika yagamba: **{Era oyimirizeewo esswalah: mazima esswalah eziyiza (oyo agisaala)okukola ebyobuwemu n’ebitayagalwa (mu ddiini) }**. Surat Al-Ankabuuti (45).

Zakah: Allah bweyali agiraalika yagamaba Nabbi (s.a.w) nti: **{Ggya Mu mmaali yaabwe Saddaaka, nga obatukuza era obalongoose nayo}** Surat Tauba (103). Nga ogyeeko zakah okuba nti kulongoosa eri abetaavu n’okubabudaabuda, mungeri yemu eyamba okugogola emitima gyabantu nokugitukuza okuva mu mpisa embi.

Okusiiba: Allah yagamba nga akulaalika: **{Kwalaalikibwa kummwe okusiiba nga bwekwalaalikibwa kw’abo abaabasooka, oba olyawo ne mufuna okutya Allah}** Surat Al-baqara (183). Ekigendeererwa ekikulu mu kulaalikibwa kwokusiiba kwekutya Allah, nga tuteeka munkola ebiragiro bye , n’okwekeka okukola byeyaziiza, kyova olaba nti Nabbi (s.a.w) yagamba: “Omuntu yenna atasobola kulekayo bigambo bikyamu n’okubikolerako, Allah tamulinaako bwetaavu kulekayo kulya mmere ye nebyokunywa bye” Yayogerwa Bukhar (1804), Nolwekyo omuntu yenna omubiri gwe bwegutafuna mu kusiiba, oba empisa ze nezitakyuuka eri abantu akimanye nti aba tatuukirizza kigendererwa kyakusiiba.

### 4 Ebirungi ebyamanyi n’empeera ennene eyo Allah gyeyateekera teekera alina empisa ennungi

Obujulizi kunsonga eno buyitirivu okuva mu Qur’an ne mu Sunnah za Nabbi (s.a.w).

- Mazima ddala empisa ennungi zezigenda okusinga okuzitoya minzaane y’emirimu gy’omuntu emirungi ku lunaku lwenkomerero

Nabbi (s.a.w) yagamba: “Teri mirimu gigenda kuzitoya minzaane, okusinga empisa ennungi, era mazima omuntu ow’empisa ennungi zigenda kumutuusa muddaala eryawaggulu okufaananako nga omusiibi, n’omusaaze”. Yayogerwa Tirimidhi (2003).

- Mazima ddala empisa ennungi y’emu kunsonga ezisinga okuyingiza ejjanah:

Nabbi (s.a.w) yagamba: “Ekigenda okusinga okuyingiza abantu ejjanah kwe kutya Allah, n’empisa ennungi” Yayogerwa Tirimidhi (2004) ne Ibun Maajah (4246).

- Mazima ddala omuntu alina empisa ennungi ajja kuba wakumwanjo awali Nabbi (s.a.w) okusinga kubantu abalala kulunaku lw’enkomerero”.

Nga era Nabbi (s.a.w) bweyagamba: “Mazima ddala abo abasinga okwagalwa mummwe gyendi, nokuba okumpi nange kumwanjo, kulunaku lw’enkomerero, beebo abasing mummwe empisa ennungi”. Yayogerwa Tirimidhi (2018).

■ Mazima ekifo ky’omuntu alina empisa ennungi, kiri mujjanah eyaggulu, olwo kweyimiririrwa kwa Kw’Omubaka wa Allah –okusaasira n’emirembe bibeere kuye, n’okukkaatirizakwe ensonga eyo.

Nabbi (s.a.w), yagamba “ Mazima ddala nze ndi mweyimirize okufunira omuntu ennyumba ku njegoyego ze Jannah, oyo yenna aleka ennyombo nawankubadde nga asaanidde okuyomba, era ndi mweyimirize okufunira omuntu ennyumba mu makkati ge Jannah, oyo yenna aleka okulimba newankubadde nga asaaga, era ndi mweyimirize okufunira omuntu ennyumba mu Jannah eyawaggulu eri oyo yenna alongoosa empisa ze” Yayogerwa Abudawuda (4800).

## *Enkizo y’empisa ennungi mubusiraamu*

**Empisa ennungi mubusiraamu zirina enkizo yanjawulo, n’ebweyawulidde kuzo, muno mulimu bino wammanga:**

### 1. Empisa ennungi tezeyawulidde eri kikula kyabantu nakimu

Allah ow’ekitiibwa yatonda abantu mu biti ebyenjawulo, mulangi ezenjawulo, nga bogera ennimi ezenjawulo, wabula kuminzaane ya Allah nabafuula bonna nga benkanankana, nga tewali alina nkizo ku munne, okujjako okusukkuluma mubukkiriza, nokutya Allah, n’obulongoofu nga Allah bweyagamba: **{Abange mmwe abantu! Mazima ddala nabatonda nga mbaggya mu musajja omu (oyo yekka Adamu) N’omukazi (Era bw’atyo Haawa) nembafuula okuba amawanga n’ebika mulyoke mu manyagane musobole okuyambagana (so ssi okunyoomagana n’okunenenngana), Mazima abasing ekitiibwa mu maaso ga Allah yabasinga, okutya Allah}**. Surat Al-Hujuraat (13).

Empisa ennungi zawula enkolagana y’omuntu nabantu abalala, tewali njawulo wakati womugagga n’omwavu, oba wakati w’owawaggulu n’owawaansi, oba wakati w’omuddugavu n’omweru, wadde wakati w’omuwarabu natali.

**Engeri gyoyisaamu abatali basiraamu:**

Wakitiibwa Allah atulagira akuba n’ekisa eri ebitonde byonna, Mazima obwenkanya, okulongoosa n’ekisa bubonero obulaga empisa ennungi, omusiraamu yenna z’alina okwolesa mubigambo ne mubikolwa, mubasiraamu banne n’abatali, era omusiraamu alina okufaayo ennyo okulaba nga empisa ennungi ezo, ly’ekkubo ly’akozesa okukoowoola abatali basiraamu okuggya eri eddiini eno eyekitiibwa.

Allah ow’ekitiibwa yagamba: **{Allah tabagaananga kubayisa bulungi n’okwenkanya gye bali abo abatabalwanyisanga mu ddiini era ne batabaggya mu nsi yammwe, mazima Allah ayagala benkanya}** Surat Al-Mumutahinat (8).

Wabula Allah yatugaana okufuula abatali basiraamu mikwano gyaffe nfanfe, nokwagala embeera eyo gyebalimu eyobukaafu n'okugatta ku Allah, Allah yagamba: {**Mazima Allah abagaana abo abaabalwanyisa mu ddiini era ne babaggya mu nsi yammwe ne bayamba (abalala) ku kubaggyamu, (abagaana) okubafuula (ebemikwanoera)abayambibammwe, n'oyoanaabafuula abayambi – n'abo be bo abalyazaamaanya**} Surat Al-Mumutahinat (9).

## 2. Empisa ennungi tezeyawulidde eri bantu bokka

**Okweyisa obulungi eri ebisolo:**

Omubaka wa Allah (s.a.w) y'atunyumiza omukyala eyayingira Omuliro olw'okusibira Kkapa munnyumba n'efa enjala, nga era bwatunyumiza Omusajja Allah gweyasonyiwa ebyonoono bye olw'okunywesa embwa eyali efa enkalamata amazzi , Nabbi Yagamba: "Omukazi yayingira omuliro olwa Kkapa gyeyasibira munju nga tagiwadde mmere, wadde okugireka egende yeyiggire ekyokulya" Yayogerwa Bukhari (3140) ne Muslimu (2619).

Era Omubaka wa Allah (s.a.w) nagamba nti: "Lumu omusajja yali atambula mukkubo ennyonta nemuyitirirako, nasanga oluzzi, nakka wansi n'anywa amazzi, oluvanyuma nga avuddeyo yalaba embwa nga ekomba ettaka olw'enkalamata empitirivu, muli mu mutima nagamba, embwa eno ennyonta egitta okufaananako nga nange bwembadde, kyava addamu nakka muluzzi n'asena amazzi mungatto ye nga bwanywesa embwa okutuusa nga ekkusa, Allah namwebaza era n'amusonyiwa olw'ekikolwa ekyo" Baswahaba nebagamba nti: Owange Omubaka wa Allah, abaffe ddala tulina empeera gyetufuna olw'okuyisa obulungi ebisolo? Nabbi naddamu nti: "Buli kitonde kyonna ekirina obulamu bw'okiyisa obulungi ofuna empeera". Yayogerwa Bukhar (5663) ne Muslimu (2244).



> Obusiraamu butukubiriza okukuuma obutonde by'ensi



**Okweyisa obulungi okukuuma obutonde bw'ensi**

Obusiraamu butulagira okuzimba ensi eno n'okugikulaakulanya, mukyo kitegeeza okubaako bwetukolerako, n'okugizimbako wakati mukugikuuma, era obusiraamu butugaana okwonoona obutonde bwensi bwetubanga tukoseza ebyobugagga Allah byeyagiteekamu, sinsonga okwonoona okwo kudda eri abantu oba eri ebisolo, n'ebirime ekyamazima Allah tayagala bwonoonyi obwengeri zonna, nga Allah bweyagamba: **{ne Allah tayagala bwonoonyi}** Surat Al-baqarah (205).

Okufaayo okwo kutuuka ku ddaala ery'okuba nti Nabbi (s.a.w) alaamira abasiraamu okukola ebirungi, n'okusimba emiti n'ebibala nemubiseera ebyakazigizigi, nagamba: "Singa olunaku lwenkomerero luyimirirawo, nga olina endokwa y'omutende mu mukono gwo, bwobanga osobola okugisimba nga tonnaba kusituka kikole" Yayogerwa Imaam Ahmada (12981).

## 3. Empisa ennungi Mumbeera z'obulamu byonna

**Amaka:**

Obusiraamu bussa nnyo essira eri obukulu bw'empisa ennungi eri abantu bonna mu maka, Nabbi (s.a.w), yagamba: "Abasinga obulungi mummwe, yabasinga obulungi eri abantu be" Yayogerwa Tirimidhi (3895).

- Newankubadde Omubaka wa Allah (s.a.w) y'asinga abantu bonna, yali agabana ne bakyala be emirimu gyawaka, nga abayambako mu bintu ebinene n'ebitono, nga Maama Aisha –Allah yasiima kuye – bwatunyumiza nti: "Nabbi (s.a.w) yali afaayo nnyo eri abantu be" Yayogerwa Bukhar (5048), amakulu nga abayambako ku mirimu gya awaka wonna wekyetaagisizza.

- Yalinga asaaga nabantu be, era ng'azannyako nabo, Maama Aisha (r.a.a) , atunyumiza n'agamba: " Lumu nafuluma ne Nabbi (s.a.w), mu zimu ku ngendo ze, nga nkyali muwala muto nga sinnaba kugejja, Nabbi nagamba betwali nabo bakulemberemu mu maaso, nabo nebakulembera, Oluvannyuma n'angamba (s.a.w), nti: gyangu tuddukemu emisinde gy'empaka, netudduka ne musooka, Nanzisa akasiiso, oluvannyuma nga nkuze nengejja mu, nga neby'okudduka nabyerabira dda, namuwerekerako era mulugendo olumu, yalagira abantu betwali nabo bakulemberemu mu maaso, nabo nebakulembera, Oluvannyuma n'angamba (s.a.w) nti: gyangu tuddukemu emisinde gy'empaka, netudduka wabula kuluno y'ansooka, kyava ansekerera nangamba nti: Kuno kubadde kwesasuza omulundi guli ogwayita" yayogerwa Imaam Ahmada (26277).

**Eby'obusuubuzi:**

Olw'okuba abantu baagala nnyo obugagga, bayinza okusukka ekkomo ne bagwa mu haraamu, obusiraamu kyebuva bussa nnyo essira ku kukuuma empisa ennungi busobole okutangira ebikolwa ebikyamu, era bino wammanga gegamu ku makubo obusiraamu ge bwassaawo okukkaatiriza ensonga eyo:

- Obusiraamu bwagaana abasuubuzi okusukka ekkomo n'okulyazaamanya abantu mu minzaane, era ne bussaawo ebibonerezo ebikakali kulunaku lw'enkomerero eri abantu abakola ebyo, Allah yagamba: **{Okubonaabona kuli kw'abo abakendeeza ebipimo (abakumpanya) * Abo bwe baba nga abantu (abalala) babagerera ababasaba babatuusize * Naye bob we baba nga bagerera abalala oba nga babapimira; basalako (babattirira)}** Surat Al- Mutwaffifiina (1-3).

- Bukubiriza abasuubuzi okuba abekisa era abantu balamu mukugula n'okutunda, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: "Allah asaasire nnyo omuntu assaasira nga agula n'enga atunda, ne bwabanga abanja ". Yayogerwa Bukhar (1970).

**Amakolero:**

Obusiraamu bukubiriza abakozi bamakolero okufaayo ennyo okukuuma omutindo, nga bagoberera bino wammanga:

Okufaayo ennyo kubukugu munkola yabwe, basobole okufulumya ebintu eri kumutindo omulungi, Nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: "Mazima ddala Allah ayagala nnyo omuntu bwakola omulimu gwonna agunyirize" Yayogerwa Al- Baihaqy (5313).

Okufaayo ennyo okukuuma n'okukwata obudde mumpeereza yabwe, obutakandaaliriza nnyo bantu, Nabbi (s.a.w) yagamba: "Obubonero bw'omunnaafunsi buli busatu" mubwo nanokolayo "Bwakola endagaano agyawukanako" Yayogerwa Bukhar (33).

## 4. Bukubiriza empisa ennungi mumbeera zonna:

Bwekituuka kumpisa ennungi tewali kulondobamu muntu yenna mu busiraamu, Omusiraamu alina okuteeka munkola ennamula z'obusiraamu n'okwolesa empisa ennungi, kaabe mulutalo nebiseera ebyakazigizigi, ekiruubirwa ekirungi tekikukwatisa kubo kyamu, wadde okubikkira ensobi yakyo.

Y'ensonga lwaki obusiraamu bwateekawo, amateeka agafuga enneyisa yomusiraamu mu mbeera zonna nga n'olutalo mwolutwalidde, baleme kusukka kkomo n'okutwalira amateeka mungalo nga besasusa kubalabe baabwe mubukyamu, mumbera eyalusibira mubbwa.

## Ezimu kumpisa z'obusiraamu mulutalo:

**1- Obusiraamu bulagira obwenkanya wadde wakati waffe nabatali basiraamu, era nebutulabula okubalyazamaanya mungeri yonna:**

Nga Allah bweyagmba: **{Era tebubawalirizanga obulabe bw'ekibiina (ku mmwe) okulema okwenkanya, mwenkanyenkanye, enkyo kyekisinga okuba okumpi n'okutya Allah}.** Surat Al-Maaidah (8). Amakulu tebubaleterenga obukyayi wakati wammwe nabalabe bammwe, okusukka ekkomo, nemulyazamanya, wabula munywerere kubwenkanya mubigambo ne mubikolwa bwa mmwe.

**2- Buziyiza okulya mumunno olukwe n'okumukumpanya:**

Okulya mumunno olukwe n'okumukumpanya, byaziyizibwa mu musiraamu, Nga Allah bweyagamba: **{Mazima Allah tayagala bakuumpanya}.** Surat al-anfaal (58).

**3- Obusiraamu bwaziyiza okubonereza n'okusala omufu obufiifi (Obulere)**

Kizira okusala omufu obufiifi, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: "Temusalanga omufu obulere" Yayogerwa Muslimu (1731).

**4- Obusiraamu butugaana okutta abantu baabulijjo abateetabye mulutalo, era nga bwebutugaana okwonoona ettaka n'obutonde bw'ensi.**

Khalifah Abubakar Aswidiiq – Allah yasiima kuye- era nga ye swahaba eyali asinga bonna, bweyali asindika eggye lya Usaamah bun Zaid nga omuduumizi ow'okuntikko okugenda e Shaami (kuludda olwobukiika ddyo), yamulaamira n'amugamba nti: "Temugeza ne mutta omwana yenna omuto, oba omukadde, oba omukazi yenna, wadde okukuula oba okwokya emitende, oba okutema omuti gwonna ogussa ebibala, oba okusala embuzi yonna, oba ente, oba enngamiya, okujjako gyemugenda okulya, mujja kusanga ekibinja ky'abantu nga kyeteeseteese okubegattako okulwana mukkubo lya Allah, kale mubaleka nebabegattako" Byayogerwa Ibun Asaakir (2/50).

## *Ebimu kubyokulabirako mubulamu bwa Nabbi (s.a.w), n'empisa ze ezekika ekyawaggulu*



Yali Nabbi (s.a.w) kyakulabirako kyawaggulu nnyo mu mpisa ennungi, nobuntu bulamu, yensonga lwaki Qur'an yayogera kumpisa ze nti zawaggulu nnyo, era ne Mukyala we Aisha bweyabuuzibwa kumpisa za Nabbi (s.a.w) n'anoonya kyayinza okumutenda nakyo yagamba: "Empisa ze z'ali Qur'an" Amakulu nti yali kyakulabirako mukuteeka munkola engigiriza ya Qur'an nempisaze.

### Obwetowaze:

- Nabbi (s.a.w) yali mwetowaze nnyo eri abantu, yensonga lwaki yali tayagala muntu yenna kusituka olw'okumugulumiza nga atuuse, era baswahaaba yabagaana okukikola, okutuusa okuba nti baswahaaba newankubadde nga baalinga bamwagala nnyo, tebaasitukanga kumwaniriza nga bamulabye, olwensonga baakimanya nti yali akitamwa. (Yayogerwa Imaam Ahmad 12345, ne Al-bazzaar 6637).

- Adiyy bun Haatim – Allah yasiima kuye- omu ku bawarabu abaguundiivu bweyalinga tannasiramuka, yaggya e Madiinah okumanya ebifa ku ddiini empya, obwennyini bwayo, n'enkoowoola yaayo, Adiyyu agamba: "Naye tuba tutambula ne Nabbi (s.a.w) ngatugenda ewuwe, twasanga omukyala omukadde nga alina abaana abato babiri namuyita, nebayimirira akaseera akawerako nga amunnyonnyola ensonga ze, awo wennamanyira nti ono si Kabaka, kubanga teyeeyisanga Kabaka Kisira, oba Qaiswar" (Yayogerwa Ahmad 19381), obwetowaze mpisa yaba Nabbi bonna.

EMPISA ZO

- Nabbi (s.a.w) bweyabanga atudde ne baswahaaba be yayolesenga obwetowaze, era nga omugenyi atamumanyi bweyabanga azze webali nga tasobola kumwawula kubalala; kubanga teyalina kifo mwatuula ekyenjawulo kubalala, era nga alina kumala kubuuza nti: Muhammadi y'ani mu mmwe" (bisange mu Bukhar 63).

- Hadith nga eva ku Anasi  bun Maalik – Allah yasiima kuye- yagamba: "Omuzaana yenna mu bazaana be Madiinah, yalinga akwata Nabbi (s.a.w) ku mukono, namutwala yonna gyayagala " yayogerwa Bukhar (5724). Nekigendererwa mukumukwata ku mukono, obukwatampola nokutaasa abaana abato nabantu abanafu, era nga ekyo kuba kwagala kuggyayo bulungi kifaananyi eddaala Nabbi (s.a.w) kweyali mukuba nekisa nokumala obwetaavu bwabalala.

- Nabbi (s.a.w) yagamba: "Taggya kiyingira janna oyo yenna alina akanyinkuuli kokwekuza mukifuba kye" Yayogerwa Muslimu (91).

## Ekusaasira:

- Nabbi (s.a.w) yagamba: "Abantu abasaasizi, Allah owekisa nabo abasaasira, kale musaasirenga abo abali munsi aggya kubasaasira oyo ali waggulu (wamagulu omusanvu)" (yayogerwa: Tirimidhi 1924, ne Abudawuda 4941).

**Okusaasira kwa Nabbi (s.a.w) kwabunanga empuyi ezenjawulo:**

## Okusaasira kwe eri Abaana abato:

- Lumu munnamalungu yaggya eri Nabbi (s.a.w) nagamba: "Munywegera abaana bammwe! Nze nga sinywegerangako n'omu kubo, Nabbi namuddamu namugamba nti: "Nyinza ntya okussa ekusaasira mukifuba kyo, oluvannyuma lw'okuba nga Allah yakuggyamu" yayogerwa Bukhar (5652) ne Muslimu (2317).

Ate era Lumu omusajja omulala yalaba Nabbi (s.a.w) nga anywegera muzzukulu we Hassan  bun Ali, neyewuunya nnyo kyava agamba nti: "nze nina abaana kumi naye sinywegerangako n'omu kubo "Nabbi (s.a.w) namugamba: "Mazima omuntu yenna atasaasira naye tasaasirwa". Yayogerwa Muslimu (2318).



- Lumu Nabbi (s.a.w) yasaaza nga asitudde muzzukuluwe Umaamah bint Zainabu, “era yalinga bwavunnama nga amussa wansi, nga bwasituka nga amusitula” Yayogerwa Bukhar (493) ne Muslimu (543).
- Era Nabbi (s.a.w) yalinga bwayingira mu swallah nawulira Omwana omuto nga akaaba, nga ayanguyirizaamuko, mukugisaaza nagifunza, Hadith nga eva ku Qataadah nga agiggya ku Nabbi (s.a.w) yagamba: “Mazima ddala nze waliwo lwensituka okubasaaza nenjagala mpanvuye eswallah, wabula nempulira omwana nga akaaba, nenkendeeza ku swalah, olwokutya okukaluubiriza maama w’omwana” Yayogerwa Bukhar (675) ne Muslim (470).

## Ekisa kye eri Abakyala:

Nabbi (s.a.w) yatukubiriza okufaayo ennyo kubaana abawala, n’okulongoosa gyebali, era yali nga agamba: “Omuntu yenna alina obuvunaanyizibwa ku baana abawala nabalera bulungi n’alongoosa gyebali, bagenda kubeera engabo ye emutaasa okuyingira omuliro”. Yayogerwa Bukhar (5649) ne Muslimu (2629).

Era yakubiriza abaami okuyisa nga abakyala obulungi, nokufaayo ennyo kunsonga zaabwe, n’embeera mwebali, era n’alagira abasiraamu balaamiriganenga wakati wabwe okuyisa obulungi abakyala, nagamba nti: “Abasajja bwemusisinkana nga mulaamiriganenga okuyisa abakyala obulungi”. (Bukhar 4890).

Nabbi (s.a.w) yali kyakulabirako kirungi olwekisa kye eri abantu bennyumba ye, okutuusa okuba nti lumu yatuula okumpi ne ngamiya ye n’atateekawo evviivi lye Mukyala we Swafiyyah alinnyireko asobole okutuula waggulu kuyo. (Yayogerwa Bukhar 2120).

Era buli muwalawe Fatumah lweyaggyanga okumulaba, Nabbi (s.a.w), yasitukanga namwaniriza, namukwata ku mukono nagunywegera namutuuza mukifo kye wabadde atudde (Byayogerwa Abudawuda 5217).





> Nabbi (s.a.w) ye yali asinga abantu bonna empisa ennungi.

## Okusaasira kwa Nabbi (s.a.w) eri abanafu:

- Nabbi (s.a.w) yatukubiriza nnyo okulabirira bamulekwa, kyova olaba nti yagamba: "Mazima nze nomuntu alabirira mulekwa tujja kuba wamu bwetuti mu Jannah" N'alaza nga ageraageranya n'engalo bbiri nva mumba, nolwawakati. Yayogerwa Bukhar (4998).
- Era Nabbi (s.a.w) yenkanyankanya omuntu alabirira Namwandu oba omunaku n'omuntu alwanye mukkubo lya Allah (Jihadi), era nga bweyamwenkanyankanya n'omuntu asiiba emisana ate ekiro nasula nga asaala. (Yayogerwa Bukhar 5661 ne Muslimu 2982).
- Era Yafuula okubudaabuda abanafu n'okubawa ebyetaago mu bulamu nga emu kunsonga eviirako ebyenfuna okweyongera (Riziq), era kiviirako okufuna okutaasibwa eri abalabe, Nabbi (s.a.w) nagamba: "Mufune okuyambibwa nabantu abanafu mummwe, mazima muyambibwa, era nemutaasibwa olwabanafu mummwe" Yayogerwa Abudawuda (2594).



> Nabbi (s.a.w) yenkanyankanya wakati womuntu alongoosa eri Namwandu n'omwetaavu, n'oyo alwana mukkubo lya Allah (Balina empeera y'emu).



> Nabbi (s.a.w) bweyalaba ekinyonyi nga kinoonya omwana wakyo yabuuza baswahaaba nti: Ani atutte omwana wakyo? Mukiddize omwana wakyo mubwangu".

## Ekisa eri ebisolo:

- Nabbi (s.a.w) yakubiriza nnyo abantu okuba ab'ekisa eri ebisolo, nebiwuka, n'obutabitikka ebyo bye bitasobola, nobutabikolako bulumbaganyi, Nabbi (s.a.w) yagamba: "Mazima Allah yawandiika okulongoosa eri buli kimu, kale bwe mubanga mutta mulongoose mu kutta, era bwe mubanga musala mulongoose nga mukusala, omu mummwe kirungi awagale ekiso kye, aleme kulumya kyasala" Yayogerwa Muslimu (1955).
- Swahaaba omu y'agamba nti: Lumu Nabbi (s.a.w) yalaba ekirimba ky'ensanafu nga kikumiddwaako omuliro, kyava abuuza nti: Ani ayokezza bino? Netuddamu nti: ye ffe,Nabbi nagamba nti: "Teri akkirizibwa kubonereza kintu kyonna n'omuliro okujjako oyo mukama wagwo eyagutonda" Yayogerwa Abudawuda (2675).

EMPISA ZO

**Obwenkanya:**

- Nabbi (s.a.w) yali mwenkanya mumbeera yonna, nga alamuza amateeka ga Allah kubuli muntu yenna kababeere aboluganda lwe abokulesegere, ekyo nga akikola olwokuteeka munkola etteeka lya Allah erigamba nti: **{Abange mmwe abakkiriza mubeera abayimiridde ku bwenkanya, abajulira ku lwa Allah, newankubadde ka bube nga buli ku mmwe mwennyini (obujulizi) oba ku bakadde bammwe oba ku b'oluganda lwammwe**} Surat Annisa-i (135).
- Era Lumu baswahaaba abamu baggya eri Nabbi (s.a.w) nga baagala okuwolereza omukyala omu ow'ekitiibwa eyali abbye, baleme kumutuusako kibonerezo kyakubba (okutemebwako omukono), olwekifo omukyala kyeyalina mukika gy'ava, Nabbi yaddamu n'abagamba nti: "Ndayira Allah oyo awaniridde entunnusi zange Muhammadi mu mukono gwe, singa Fatuma muwala wange yabbye naye nandimutemyeko omukono" Yayogerwa Bukhar (4053) ne Muslimu (1688).
- Ribbah nga amaze okuwerebwa, Nabbi (s.a.w) yatandikira kubantu be abokulusegere, nabagaana okuddamu okulya Ribbah, naye nga ye taata we omuto ayitibwa Abbaas ibun Abdul mutwalib, Nabbi (s.a.w) n'alangirira n'agamba nti: "Ribbah esoose  okuwerebwa ye Ribbah ya Abbaasi bun abdul-mutwalib, mazima buli alina ebbanja lye limusonyiyiddwa" Yayogerwa Muslimu (1218).
- Nafuula ekipimo kwolabira nti ensi erimu obugunjufu kwekuba nga omunafu muyo asobola okwekubira enduulu mu mbuga z'amateeka nga talina kuwannanya kwonna wadde okutya n'awulirwa era n'afuna obwenkanya, Nabbi (s.a.w) yagamba: "Okubonaabona kuri eri ekibinja kyabantu abo, nga abanafu mubo tebafuna byabwe nga tebatiisiddwa tiisiddwa" (Yayogerwa Ibum Maajah 2426).



> **Nabbi (s.a.w) yali mwenkanya eri abantu bonna sinsonga abaalinga kumwanjo naye oba abalabe be**

EMPISA ZO

## Okulongoosa n'okugaba:

- Nabbi (s.a.w) yali muntu asinga abantu bonna okugaba ebirungi, era yagabanga nnyo mu mwezi Ramadhan, mukiseera Jibuliiru weyajjiranga nemusisinkana, Jibuliiru yaggya nga okumusisinkana buli kiro mu Ramadhan, nga emusomesa Qur'an, Jibuliiru bweyamusisinkana yamusanga nga Musajja mugabi nnyo n'okusinga kibuyaga akunta" Yayogerwa Bukhar (1803) ne Muslimu (2308).
- Era Nabbi (s.a.w) Teyazzangayo kusaba kwamuntu yenna era talina kintu kyonna kyamusabibwa okuggyako nga yakigabanga, era lumu Omusajja yaggya eri Nabbi (s.a.w) nabaako kyamusaba, Nabbi namuwa eggana ly'embuzi erijjuza wakati w'ensozi ebbiri, omusajja yadda eri abantu be neggana, nabagamba nti: Abange Musiramuke, Mazima Muhammadi agaba olugaba olutaliimu kutya bwavu" Yayogerwa Muslimu (2312).
- Era Nabbi (s.a.w) yatwalirwa Dirhamu emitwalo munaana, naye zonna nazissa mu gabibwa, tewali muntu yenna mwetaavu yaggya okuggyako nga yamuwa okutuusa lwezaggwaawo" Yayogerwa Al-haakimu (5423).



EMPISA ZO

- Era Lumu omusajja omulala yaggya gyali n'abaako ky'amusaba, n'amuddamu nti mbadde sirinaawo kintu kyonna mukiseera kino, naye bwekiba kisoboka genda wewole mulinnya lyange njakusasula oluvannyuma nga nfunye sente, Umar kyava amugamba nti: "Allah takulaalikangako kukola ekyo kitali mu busobozi bwo, Owange Omubaka wa Allah" Wabula ebigambo ebyo byanyiiza Nabbi (s.a.w), Omusajja kyava agamba nti: "Sasaanya mukugaba nga totidde kwavuwala, Era kulwa Nannyini Namulondo oyo owawaggulu, obugagga bwo tebujja kukendeera nakamu, Nabbi bwawulira ebyo Kyava amweenya, era essanyu nerimweyoleka mu maaso" Al-Ahaadith, al-Mudhutaar (88).

- Omubaka wa Allah (s.a.w) bwakomawo okuva mulutalo lwe Hunaini, abamu ku basiraamu abapya okuva mubyalo, abaali baagala ennyo okufuna omugabo gwabwe ku minyago b'amugoberera okutuusa lwe b'atuuka awali omuti omusajja omu kyava asika enkutu ya Nabbi eyawaggulu gyeyali yesuulidde nga alowooza nti nayo kitundu ku minyago, Nabbi kyava ayimirira nabagamba nti: Mumpe enkutu yange" mba kuba na ngamiya ezenkanankana n'emiti gino obungi nandizigabanyizza wakati wammwe, kubanga mukimanyi bulungi nti siri mukodo nakamu, wadde okuba omulimba, oba omutitiizi" Yayogerwa Bukhar (2979).

**Nabbi (s.a.w) yali kyakulabirako kirungi olwempisa ennungi, mu mbeera zonna ez'obulamu.**





# *OBULAMU BWO OBUPYA*



# 12

Mazima akaseera omuntu kayingirira Mubusiraamu kekaseera akasinga obukulu mubulamu bwe, era nga kwekuzaalibwa kwe okwannamaddala, mwamanyira ensonga lwaki ali kunsi kuno, era mwamanyira butya bwawangaalira ku mateeka g'obusiraamu agajjudde obwenkanya.

## Ebiri mu mulyango guno:

**Butya omuntu bwayingira Obusiraamu?**

**Okwenenya okwannamaddala:**

**Okwebaza Allah olw'ekyengera ky'okulunngama n'okwenenya**

**Okukoowoola eri Obusiraamu:**

- Obulungi bw'okukoowoola abantu okudda eri Allah
- Ebitendo bya daawa entuufu
- Okukoowoola abantu bo eri obusiraamu

**Okukyusa erinnya oluvannyuma lw'okusiramuka**

**Enkola y'obumbwa**

## > *Butya Omuntu bwayingira mubusiraamu*

Omuntu ayingira mubusiraamu Nakwatula shahaada ebbiri, wakati mukumanya amakulu gaazo, n'okukakasa okuva kuntobo yomutima gwe, nga mugonvu eri endagiriro yaazo, era nga shahaada ebbiri ze zino:

1. **Ash-hadu Alla-ilaha illa, Allah warasuuruh"** amakulu nti Njulira era n'enkakasa nti tewali kisinzibwa mu mazima okuggyako Allah yekka awatali kumuggatako kintu kirala kyonna.

2. **Wa ash-hadu anna Muhammada abduhu"** Amakulu nti: Njulira era n'enkakasa nti mazima ddala Nabbi Muhammadi Mubaka wa Allah, gweyatuma eri abantu bonna, era neyama okutekanga munkola ebiragiro bye, n'okwewala ebyo byeyagaana, era neyama okusinzanga Allah, okusinziira kunnamula yobusiraamu n'enjigiriza ya Nabbi (s.a.w). (laba olupapula 42-50)



### Okunaaba kw'omusiraamu omupya:

Mazima akaseera omuntu kayingirira Mubusiraamu kekaseera akasinga obukulu mubulamu bwe, era nga kwekuzaalibwa kwe okwannamaddala, mwamanyira ensonga lwaki ali kunsi kuno, kale omuntu bwayingira mubusiraamu alina okunaaba omubiri gwe gwonna n'amazzi, nga akabonerero akokwetukuza n'okwanirizibwa mubusiraamu, engeri gyaba amaze okwetukuza munda okuva mu shiriki namazambi, kigwanidde yetukuze nekungulu nga akozesa amazzi.

Mukiseera omusajja omu omukukunavu mu bawarabu bw'eyayingira mu busiraamu, Nabbi (s.a.w) yamulagira okunaaba omubiri. (Yayogerwa Al-Baihaqiy 837).

# > Obwennyini bw'okwenenya

Okwenenya kitegeeza okudda eri Allah, buli yenna ava kuzambi n'alireka, nadda eri Allah nga akakasa mu mutima gwe, (awatali kukwenyakweya), aba yenenyezza eri Allah.

Omusiraamu gyava yenkana mwetaavu eri Okwenenya n'okusaba Allah okumusonyiwa, mu mitendera gyonna egy'obulamu bwe; Kubanga mazima omuntu mu butonde bwe asobya, ate buli lw'asobya alina okwenenya nokusaba Allah amusonyiwe.

### Buliwa Obukwakkulizo bw'okwenya okutuufu?

Mazima Okwenenya amazambi gonna okutwalira awamu, naddala okwenenya okuva mubukaafu ne shirik, kulina okubaako obukwakkulizo okuba okutuufu, era okukkirizibwa, era nga bwebuno:

**1** Okuleka amazambi bunnambiro:

Okwenenya okuva mu mazambi tekusobola kuba kutuufu ngeno omuntu bwagenda mu maaso n'okwonoona, (nga ayonoona bw'eyenenya) wabula singa omuntu addamu okwonoona oluvannyuma lw'okwenenya okutuufu, okwenenya kwe okwakulembera tekusazibwamu, wabula kyeyetaaga kwekuddamu okwenenya bupya.

**2** Okwejjusa olw'ebyonoono n'amazambi byeyakulembera okukola:

Okwenenya tekuyinza kubaawo okujjako nga kuva mu muntu amaze okwejjusa, nanakuwala olwebyo byeyakulembeza okukola, era omuntu tasobola kubeera yejjusizza ate nga eno bwanyumya byeyakola , era nga bweyewaana, yensonga lwaki Nabbi (s.a.w) yagamba: "Okwejjusa kuba kwenenya" yayogerwa Ibun maajah (4252).

**3** Okumalirira obutaddayo kwedibagaba:

Okwenenya tekuyinza kuba kutuufu okuva mu muntu alina enniya y'okuddamu okukola amazambi oluvannyuma lw'okwenenya.

### Emitendera gy'okutuukiriza okumalirira obutaddayo kwedibaga:

- Ye muntu okuwa omutima gwe obweyamu nti taliddamu kwedibaga nakwonoona kakube olutemya lw'eriiso, mumbeera yonna, era Nabbi (s.a.w) yagamba: "Ebintu bisatu omuntu bwasangibwa nabyo afuna obuwoomerevu bw'obukkiriza" mubyo n'anokolayo: "Ye muntu okutamwa okudda mubukaafu oluvannyuma lwa Allah okumutaasa nabumuggyamu, nga bwatamwa okusuulibwa mu muliro". Yayogerwa bukhar (21) ne Muslimu (43)



OBULAMU BWO OBUPYA

- Okwesamba abantu n'ebifo ebinafuya obukkiriza bwe, nebimuleetera okugwa mubyonoono.

**Okuyitiriza ennyo okusaba Allah okumunyweza ku ddiini okutuusa okufa mungeri yonna n'emunnimi zonna, nezimu kuzo ze zajjiramu Qur'an ne mu Sunnah za Nabbi (s.a.w) muzino mulimu:**

- **{Ayi Mukama waffe! Towunjula mitima gyaffe oluvannyuma lw'okutulunngamya}** Surat Al- Imraan (8).
- "Ayi Allah akyusakyusa emitima, nkusaba onyweze omutima gwange ku ddiiniyo" Yayogerwa Tirimidhi (2140).

## Kiki ekiddako oluvannyuma lw'okwenenya:

Omuntu bweyeenenya nadda eri Allah owekitiibwa , asonyiyibwa amazambi ge gonna kagabe nga genkana gatya obungi n'obunene, kubanga mazima ekisa nokusaasira kwa Allah kugazi kubuna buli kimu, nga Allah bweyagamba: **{Bagambe nti: Abange abaddu bange abo abaayitirizza okwonoona ku myoyo gyabwe! Temukutukanga n'okusuubira okusaasira kwa Allah, Mazima Allah asonyiwa ebibi byonna, Mazima Ye ye Musonyiyi Omusaasizi}** Surat Zumara (53).

Bwatyo omusiramu bwafuluma oluvannyuma lw'okwenenya okwamazima okutuufu nga talina zambi lyonna, Kubanga mazima ddala Allah asasula abeneenya abaamazima abejjusizza olwejjusa olwamazima nenkizo eyawaggulu, nakyusa ebibi byabwe nabawaamu ebirungi, nga bweyagamba Wakitiibwa Allah: **{Wabula oyo eyeenenya nakkiriza n'akola emirimu emirongoofu; nabo Allah abakyusiza ebibadde ebibi bybwe (n'abibakyusizaamu) ebirungi, Era Allah (Okuva ddi na ddi) yali Musonyiyi, Omusaasizi}** Surat Al-Furkaani (70).

N'omuntu yenna nga eyo yembeera ye, kikakata kuye okukuuma okwenenya kwe, mu mbeera yonna, n'ataddamu kugwa mubutego bwa Sitaane.

## Obuwomerevu Bw'obukkiriza:

Omuntu yenna asosowaza okwagala Allah n'Omubaka eri ebintu ebirala byonna, wabula nabalala n'asigala nga abaagala olwokusembera kwabwe eri Allah, n'obulongoofu bw'eddiini yabwe, n'okusiramuka kwabwe, era naba nga atamwa okudda mubukaafu n'okugatta ku Allah ekintu ekirala kyonna, n'obubuze obwengeri zonna nga bwatamwa okusuulibwa mu muliro, Mumbeera eyo afuna obuwoomerevu bw'obukkiriza mu mutima gwe, olw'eddembe obutebenkevu n'okwesiima by'afuna mu mutima gwe, olwekyengera Allah kyamuwadde nokumulunngamya, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: " Omuntu bwaba n'ebintu bisatu, afuna obuwomerevu bw'obukkiriza, Okuba nga Allah n'omubaka we bebasinga okwagalwa gyali eri ebisigadde byonna, n'okuba nti ayagala omuntu yenna naye nga tamwagala okujjako kulwa Allah, n'okutamwa okudda mubukaafu oluvannyuma lwa Allah okumutaasa nabumuggyamu, nga bwatamwa okusuulibwa mu muliro". Yayogerwa bukhar (21) ne Muslimu (43)

## > *Okwebaza Allah olw'ekyengera kyokwenenya N'okulunngama*

Omusiraamu kyayinza okukola ekisinga obunene mukwebaza Allah olw'okumulunngamya nokumusobozesa okwenenya byebino wammanga:

### 1 Okwekwata ku ddiini n'okuguminkiriza okukosebwa kwafuna muyo:



Omuntu yenna bwafuna eky'obugagga ekyettuunzi afuba nnyo okukikuuma obutazannyirwako, n'otatuukibwako mikono gyabanyazi, era nga bwakikuuma obutatuukibwako mbeera yonna eyinza okukikosa, nabwekityo Obusiraamu kyekirabo ekyettuunzi ekisinga byonna omuntu byayinza okufuna, era nga sikisinde kyandowooza, oba ekintu ekiri awo omuntu mwakolera byayagadde wonna wayagalidde, wabula ddiini enzijuvu eramula obulamu bw'omuntu bwonna mumbeera zonna, Nabwekityo yensonga lwaki wakitiibwa Allah yagamba Nabbi (s.a.w) nga amulagira okwenywereza kubusiraamu, ne Qur'an, nobutapondooka kuva kubyo kubanga ekyo kyaliko ly'ekkubo eggolokofu **{Kale weenywereze kw'obwo (obubaka) obwakuweerezebwa, mazima gwe oli ku Kkobo eggolokofu}** Surat Zukhuruf (43).

Omusiraamu asaanidde obutanakuwala olwokufuna okunyizibwa kwonna, oba okukemebwa oluvannyuma lw'okusiramuka, kubanga mazima eyo nkola ya Allah eyokugeseza abantu, b'ani muffe abasinga obulungi mukuguminkiriza nga bagezesebbwa n'ebigezo ebyamaanyi, Abo nno ne ba Nabbi ba Allah, Allah atunyumiza ebyafaayo byabwe nabutya bwebyajjirwa ebigezo nebikemo ebyamaanyi ebyomuddirinnganwa nga biva mubantu abokulusegere lwabwe, nga abeewala tebannaba kubatawaanya, wabula tebaaterebuka olwebyo ebyabatuukako mukkubo lya Allah, era tebaawanyisa wadde okyusa ekintu kyonna, okwonno kugezesebwa okuva ewa Allah, okulaba obutuufu bw'enzikirizayo n'amaanyi g'okukasa amazima ago, n'olwekyo wekwate ku ddiini eno n'amagego era osabe nnyo Allah nga Nabbi (s.a.w) bw'eyayitirizanga okumusaba nga agamba nti: "Owange gwe akyusakyusa emitima (gy'ebitonde) nkusaba onywereze omutima gwange ku ddiini yo" Yayogerwa Tirimidhi (2140).

Mubuufu bwebumu Allah atutegeeza natugamba nti: **{Abaffe abantu balowooza nti bajja kulekebwa olw'okugamba obugambi nti: Tukkiriza nga nabo tebagezesebbwa * Mazima twagezesa abo abaababasooka, Kale Allah ajja kumanyira ddala abo abakkiriza aba'amazima era ddala ajja kumanya abalimba (mu bukkiriza bwabwe)}** Surat Al-Ankabuuti (2-3).

**2 Okulafuubana okukola daawah, nga okoseza amagezi n'okubuulirira okulungi:**

Eryonno ly'ekkubo erisinga gonna mukwebaza Allah ekyengera ky'obusiraamu, era nga mumbeera endala limu ku makubo ayamba okunywerera ku ddiini ya Allah, Singa omuntu assuuka n'awona obulwadde obwomutawaana –obubadde butwala obulamu bwe, bwafuna eddagala n'awona bulungi, tewali kuwannanya nti oluvannyuma lw'okuzuula eddagala eriwonya obulwadde obwo alisasaanya mubantu nokusingira ddala abantu be abokumwanjo, n'abo b'asinga okwagala, ekyonno kyetugenda okwongera okuttaanya:

## > *Okukoowoola eri Obusiraamu*

### Obulungi b'wokukoowoola abantu okudda eri Allah:

Okukoowoola abantu okudda eri Allah gwegumu ku mirimu emirungi egisinga okusembeza bannyinigyo eri Allah, era nabwekityo gwasuutibwa mu Qur'an ne Sunnah za Nabbi (s.a.w), nga n'obulungi bw'omulimu guno mulimu:

1 **Daawah lyekkubo ly'okwesiima** n'obuwanguzi kuno kunsi ne kunkomerero, nga Allah bweyagamba: **{Era kiteekwa kibeerewo mu mmwe (Abasiraamu) ekibiina ekinaayitanga (abantu) okujja eri obulungi era nga balagira empisa ennungi, era nga baziyiza ebyagaanibwa abo be bo ab'okwesiima}** Surat Al-Imraane (104).

2 **Mazima teri muntu alina** bigambo birungi era byakitiibwa kusinga byoyo akoowoola abantu okudda eri Allah, nga Allah bweyagamba: **{Ani alina ekigambo ekirungi okusinga oyo akoowoola abantu okujja eri Allah (era nga naye kennyini) akola emirimu emirungi (Allah gyasiima), n'agamba (mu bigambo bye ne mu bikolwa) nti: Mazima nze ndi omu ku basiraamu}** Surat Fuswilat (33). Teri kigambo kyonna kisinga kigambo kye bulungi, kubanga yemukoowooze alagirira abantu okujja okusinza Omulezi wabwe Allah, era nga yabajja mukizikiza Ky'okusinza ebirala ebitali Allah,nabazza ku kitangaala eky'obukkiriza.

3 **Okwenyigira mu kukola daawah,** Kabonero kakuteeka kiragiro kya Allah ow'ekitiibwa munkola, nga Allah bweyagamba nti: **{Yita abantu okujja eri ekkubo lya Mukama wo n'amagezi n'okubuulira okulungi}** An-nahali (125).

Nabwekityo kikakata ku mukoowooze okuyita abantu okujja eri obusiraamu n'amagezi, nga ateeka ebintu mukifo kyabyo, nga ayita mukumanya embeera zaabo b'akoowoola, nokumanya ebyo byebetaaga, okulunngamizibwa, nakubuulira ki okunaabagasa okulungi, nokugezaako okuwuliziganya nabo nga akozesa amakubo agasinga obulungi, amagonvu, era agasobola okubalunngamya.

4 **Daawah mulimu gwaba Nabbi ba Allah n'Ababaka be bonna,** nga bakulembeddwa Omubaka waffe Muhammadi (s.a.w), Mazima Allah yamutuma nga mujulizi eri abantu, era yajja namawulire agessanyu eri Abakkiriza nti bajja kuyingira ejjana n'okusasulwa empeera yebirungi byebaakola, era mukiseera kyekimu nga mutiisa eri abakaafu n'abagyemu nti bwebafiira kumbeera eyo bajja kuyingira Omuliro babonerezebwe, era Nabbi yajja nga mukoowooze eri Allah, asasaanya ekitangaala ky'obulunngamu mubantu bonna, nga Allah bw'eyagamba: **{Owange ggwe Nabbi! Mazima Ffe twakutuma nga oli mujulizi era omubuulizi w'amawulire ag'essanyu era Omutiisa *Era (obeere) nga oyita abantu okujja eri Allah ku lw'okulagira kwe era (obeere) ettaala eyaka* Era osanyuse abakkiriza nti mazima balina obulungi bungi okuva eri Allah}**. Surat Al-Ahzaab (45-47).

5 **Okuyita abantu okujja** eri obusiramu y'ensibuko y'ebirungi ebitaliiko kkomo; kubanga omuntu yenna ayanukula omulanga gwo nayingira mubusiraamu ofuna empeera y'emu nga naye gyafuna, era ojja kufuna empeera y'emu gyafuna nga asadde, nabwekityo okusinza kwe, nokusomesa abalala eddiini, abaffe tolaba nga Omuntu akoowoola abantu okujja eri obusiraamu alina emikisa n'empeera ennene, Nabwekityo Nabbi (s.a.w) yagamba: "Omuntu yenna akoowoola okujja eri obulunngamu afuna empeera y'emu n'abo abamugoberedde, awatali kukendeeza mpeera y'abwe n'akamu" Yayogerwa Muslimu (2674).



6 **Empeera Allah gyaterekedde** oyo akoowoola abantu okudda eri Allah, esinga eby'okwewunda by'ensi byonna, empeera y'omuntu oyo Allah yagyesigaliza, era nga teri muntu n'omu ayinza kumusasula, era y'ensonga lwaki empeera eyo y'amaanyi, Allah ow'ekitiibwa y'agamba: **{Bwe muba nga mukyuse (okuva kw'ekyo ne munnimbisa) sibasaba mpeera yonna, Teri empeera yange wabula eri wa Allah yekka, era nalagirwa okubeera ow'omu Basiraamu, (abagoberezi b'amateeka ga Allah)}** Surah Yunus (72).

Era ne Nabbi (s.a.w) yagamba: "Allah okkulunngamizako omuntu omu bwati, kyekirungi gyoli okusinga enngamiya emmyuufu" Yayogerwa Bukhar (2847) ne Muslimu (2406).

## Ebitendo bya Daawah entuufu:

Allah yatenda daawah entuufu n'ebitendo ebigyawula kundala, nga nabyo byebino:

### 1 Okumanya n'okutegeera:

Omuntu yenna ali ku mulimu gw'okuyita abantu okudda eri Allah ateekeddwa okubeera n'okumanya kwekyo kyakoowoolerako abalala, era nga amanyi bulungi byayogera, Allah ow'ekitiibwa yagamba: **{Gamba nti: Lino ly'ekkubo lyange! Mpita (abantu okujja) eri Allah, nga neyambisa okumanya (okukakafu) nze n'oyo yenna angoneredde}** Surat Yusuf (108).

Naye tekitegeeza nti omuntu okuyita abantu okudda eri Allah nti ateekeddwa okuba nga amanyi ebintu bingi nnyo, wabula buli teeka lyannyonnyose obulungi avunaanyizibwa okulitegeeza abalala, ekyokulabirako: Singa omuddu ayiga butya bwalina okwawula Allah mukusinza , ekyo kimukakatako okukituusa eri abantu, era nabwekityo singa ayiga ebimu ku birungi by'obusiraamu, kimukakatako okubituusa eri abalala, kaabe nga amanyi a'yat emu bweti okuva mu Qur'an nayo alina okugituusa kubalala, nga Nabbi (s.a.w) bweyagmba nti: {Mutuuse nga mugya kunze kebeere ayat emu bweti} Yayogerwa Bukhar (3274).

Ne baswahaaba ba Nabbi (s.a.w) bwebatyo bwe baasiramukaanga mu maaso ga Nabbi (s.a.w) nebasoma emisingi egitandikirwako mu busiraamu n'ebikolo byabwo, munnaku ntono nnyo nga bagenda eri abantu baabwe nebabakoowoolanga eri obusiraamu, era nebabubaagazisanga, wakati mukwolesa empisa ennungi eziggyayo ekifaananyi kyobusiraamu ekituufu.

### 2 Okukoseza amagezi mu daawah:

Wakitiibwa Allah yagamba: **{Yita abantu okujja eri ekkubo lya Mukama wo n'amagezi n'okubuulira okulungi}** An-nahali (125), Hikimah (amagezi) kitegeeza okukola ekintu ekisaanidde mumbeera esaanidde, mubudde obutuufu (obusaanidde).

Omukoowooze alina okukimanya nti abantu ekikula kyabwe kyanjawulo, n'emitima gyabwe myawufu, n'okutegeera kwabwe kwanjawulo, n'ekiba nti kimukakatako okulonda ekkubo erisinga okuba ettuufu, okusobola okutuuka ku kigendererwa.

Era buli kimu kyakola kiteekeddwa okubeeramu obukwatampola, okubuulirira okulungi, okusaasira n'ekisa eri abo b'akoowoola, wakati mu bukakkamu obwekitalo, eyo nno y'ensonga lwaki Allah yatenda Nabbi (s.a.w) n'ekitendo ekyobukakkamu era omukwatampola eri abantu, era namugamba nti aba kuba wabboggo abantu bandimwesambye nga Allah bwe y'agamba mu Qur'an nti:**{Ne ku lw'okusaasira okwava eri Allah wabagondera (Gwe Muhammadi) naye singa wali ow'ebboggo omukakanyavu w'omutima (n'empisa embi) bandikudduseeko nebagenda bonna}** Surat Al-Imraane (159).

OBULAMU BWO OBUPYA

## Okukoowoola abantu bo okudda eri Allah:

Kigwanidde eri buli muntu Allah gwawadde ekyengera ky'okuyingira obusiraamu, okukoowoola abantu be nabennganda ze, okujja eri obusiraamu; Kubanga bebamuli okumpi kulusegere, era nga bebaagalwa gyali, era nga bwekigwanidde gyali okuba omuguminkiriza kwekyo kyonna kyabamutuusako, nga Allah bweyagamba: **{Lagira abantu bo okusaala, era ogumiinkirize ku kwo (okusaala) }** Surat Twaha (132).

Abakoowooze abamu bakyesanga nti abantu abebbali baanukula mangu okukoowoolebwa okusinga abennganda zaabwe, ekibaleetera oluusi okwennyamira mu mitima, naye tusaanye okukimanya nti omukoowooze omutuufu yooyo alafuubana okuyita abantu obutassa mukono, okwo ssaako okusabira abantu abo Allah abalunngamye, era taggwaamu ssuubi n'akamu wadde nga ali mubiseera ebyakazigizigi.



Omubaka –okusaasira n'emirembe bibeere kuye- yakola ekintu ky'ekimu ku taata we omuto Abu-twalib, eyamubeererawo n'amutaasa kuba Quraish mumbeera zonna, ne wankubadde nga kunkomerero teyasiramuka naye Nabbi (s.a.w) Teyassa mukono mukumukoowoola okujja eri obusiraamu, era yagenda mu maaso nga amukoowoola okutuusa ku saawa esembayo mubulamu bwe, nga bwamugamba nti: Owange taata gamba nti "Laa ilaha illa Allahu" amakulu nti tewali kisinzibwa mubutuufu okujjako Allah yekka, ekigambo ekyo bwokyogera n'asinziira okwo nenkuwolereza mu maaso ga Allah" Yayogerwa Bukahr (3671) ne Muslimu (24).

Wabula eby'embi Abu-twalibi teyayanukula mulanga ogwo bwatyo n'afa nga Mukaafu, Allah kwe kussa ayat kunsonga eyo nagamba nti: **{Mazima ggwe (Muhammadi) toyinza kulunngamya oyo gw'oba oyagadde, naye Allah y'alunngamya oyo gw'aba ayagadde, Naye y'amanyi abalunngamu}** Surat Al-Qaswaswi (56).

## Eddiini Y'abaana:

Okusinziira kunjigiriza y'obusiraamu abantu bonna awatali kulondobamu bazaalibwa mu bubumbwa bwabwe nga basiraamu, wabula bayinza okugoberera enzikiriza endala etali y'abusiraamu okusinziira kubakadde baabwe, nga Nabbi (s.a.w) bweyagamba: "Tewali mwana yenna azaalibwa, okujjako nga azaalibwa ku bubumbwa bw'obusiraamu, naye bakadde baabwe, bebabafuula abayudaaya oba abakulisitaayo, aba abasinza enjuba n'omuliro" Yayogerwa Bukhar (1292) ne Muslimu (2658).

OBULAMU BWO OBUPYA

Abaana b'abazadde abatali basiraamu, tubalamula mubulamu bw'ensi eno nti sibasiraamu, era singa bafa nga bato, Allah oyo Omulamuzi asinga bonna atalyazamaanya muntu yenna, era amanyi ebyama ebyekwese, ajja kubakunngaanya wamu ku lunaku lwenkomerero abagesese, abo abali gondera ekiragiro kye bajja kuyingira ejjana ate bbo abalimugyemera mukiseera ekyo bajja kuyingira omuliro.


Omubaka wa Allah (s.a.w) bw'eyabuuzibwa kubuddo bw'abaana ba bashiriku kulunaku lw'enkomerero, yagamba: "Ekyamazima Allah eyabatonda, amanyi emirimu gyebandikoze (nga bakuze" Yayogerwa Bukhar (1317).

## Naye ddi lwetubala abaana ba bazadde abatali basiraamu nti bbo basiraamu kuno kunsi?

**Okukakasa obusiraamu bwabaana abo, kirimu embeera ezenjawulo, muzo mulimu:**

1. Singa bazadde b'abwe bombiriri basiramuka, oba omu kubo singa asiramuka, kubanga omwana agoberera eddiini y'omu kubazadde esinga.
2. Omwana ategeera obulungi nga asobola okwawula wakati wekituufu n'ekikyamu naye nga tannatuuka myaka gyabukulu, singa asiramuka newankubadde nga bakadde be sibasiraamu, abalibwa okubeera omusiraamu; Kubanga omulenze omuto Omuyudaaya eyali omuweereza wa Nabbi (s.a.w), lumu omulenzi oyo yalwala, era Nabbi (s.a.w) najja okumulaba obulwadde, bwatuuka waali ky'ava atuula okumpi n'omutwe nagamba nti: "Siramuka", Omwana ky'ava atunuulira kitaawe, era nga naye yali atudde kuludda lw'omutwe, ky'ava amugamba nti: "Mwana wange! Gondera Taata Qaasimu" bwatyo omulenzi nayingira Obusiraamu, Nabbi (s.a.w) yafuluma –oluvannyuma lw'omulenzi oyo okusiramuka – "Amatendo amajjuvu gonna ga Allah oyo, amutaasizza okuyingira Omuliro". Yayogerwa Bukhar (1290).





Abaffe bazadde be bombiriri b'asiramuka, oba omu kubo?

Yye

Nedda

Abalibwa okubeera omusiraamu, era nalamulwako amateeka g'Obusiraamu:

Abaffe omwana oyo yayingira obusiraamu wadde nga bazadde be bbo sibasiraamu?

Yye

Nedda

Abamanyi b'Obusiraamu begatta kukyokuba nti Musiraamu bwabanga ayawula wakati wekituufu n'ekikyamu, nga byayogera abitegeera era okumanya okwo kujja kumutaasa omuliro kulunaku lw'enkomerero.

Abaana b'abazadde abatali basiraamu, tubalamula mubulamu bw'ensi eno nti sibasiraamu, era singa bafa nga bato, Allah oyo Omulamuzi asinga bonna atalyazamaanya muntu yenna, era amanyi ebyama ebyekwese, ajja kubakunngaanya wamu ku lunaku lw'enkomerero abagesese, abo abali gondera ekiragiro kye bajja kuyingira ejjana ate bbo abalimugyemera mukiseera ekyo bajja kuyingira omuliro.

# > *Abaffe Kigwanidde omuntu okukyusa erinnya oluvannyuma lw'okusiramu?*




Ennamula kunsonga eyo eri nti Omusiraamu asobola okusigaza erinnya lye oluvannyuma lw'okusiramu awatali kulikyusa n'akamu, era nga okukyusa amannya kyali tekimanyiddwa nnyo mubaswahaba ba Nabbi (s.a.w), lwakubanga bangi kubo b'asiramuka nebasigaza amannya gaabwe agatali ga kiwarabu nga tebagakyusizza, okujjako singa erinnya lyalina amakulu agatali malungi awonna likyusibwa kulwekyo.

**Erinnya lisobola okukyusibwa mumbeera zino wammanga:**

**1 Singa liba n'amakulu gokusinza ekirala kyonna ekitali Allah, oba singa liba n'amakulu agakontana n'enzikiriza y'obusiraamu:**

Amannya gonna agalina amakulu g'okusinza ekirala kyonna ekitali Allah, okugeza nga Abdul-masiih (Omuddu wa Masiih) eryatiikirivu ennyo mubakulisitaayo abawarabu oba Abdul-nabiyy (Omuddu wa Nabbi), nga nalyo abasiraamu bangi balituuma, muno nno muzingiriramu amannya gonna agalina amakulu agakontana n'enzikiriza y'Obusiraamu okugeza nga Shannuudah (Omwana wa Katonda) nga lino lisangibwa nnyo mu bakulisitaayo abamisiri, Naye Yayawuka Allah era n'agulumira kwebyo byonna ebimuteekebwako.

Nabwekityo amannya gonna ageyawulidde eri Allah n'ebitendo bye, tegakkirizibwa kutuumibwa.

Okugeza nga okutuuma omuntu nti Malik al-muluuku (Kabaka wa bakabaka) n'ebirala.

OBULAMU BWO OBUPYA

### 2 Singa erinnya liba n'amakulu agatali malungi oba amakulu agatamwa eri abantu balamu abategeevu

Allah ow'ekitiibwa yatugaana ebintu ebitali birungi mubulamu bwaffe bwonna, okutwalira awamu, okugeza nga mu by'okulya n'okunywa, Kale nno tekisaana musiraamu kutuuma linnya nga lirina amakulu amabi oluvannyuma lw'okusiramuka nga Allah bw'eyagamba: **{Era temuyitinngananga amannya amabi (agokuvumagana n'okujeregagana), erinnya erisinga obubi okuyita omuntu ly'eryo erityoboola (obuntu bwe) oluvannyuma lw'okuba omukkiriza}** Surat A-hujiraat (11).

Abaffe erinnya lirina amakulu agakontana n'ezikiriza Y'obusiraamu?

- **Yye** → Bw'ekiba bwekityo, omusiraamu atekeddwa okulikyusa n'afuna erinnya eddala
- **Nedda** → Abaffe erinnya eryo lirina amakulu munzikiriza endala etali ya busiraamu, oba limanyikiddwa nti lituumibwa Batali basiraamu?
  - **Yye** → Bwekiba bwekityo, Omusiraamu oyo asaanidde okulikyusa, olw'okwewala ebikemo n'okwewala okwefaananyiriza abatali basiraamu.
  - **Nedda** → Abaffe erinnya eryo lirina amakulu amabi abo amakulu agatamwa eri abantu balamu abategeevu?
    - **Yye** → Bwekiba bwekityo kiri Sunnah kuye okulikyusa n'afuna erinnya eddala eririna amakulu amalungi erikwatagana n'okuyingira kwe mubusiraamu.
    - **Nedda**

### Kirungi Omusiraamu okukyusa erinnya:

Bwekiba nga erinnya eppya lyayagala limu kwago agaagalwa ennyo eri Allah, okugeza nga; Abudallah, Abdulrahmaan oba erinnya lyonna eriraga obwomu bwokusinzibwa kwa Allah, ago nno gamu kumannya omuntu g'asaana okutuuma newankubadde nga ssi ge gamuyingiza mubusiraamu.

- Omusiraamu omupya akkirizibwa okukyusa erinnya lye wadde nga tewali nsonga yonna, okugeza asobola okukyusa erinnya lye nalizza muluwarabu, wabula kino tekiri nnyo mubyetaagisa, era si kyekimufuula omusiraamu.

Bweriba nga teririna makulu gonna mwago getulabye gyebuvuddeko, tekimukakatako kulikyuusa, era abasiraamu bangi kuntandikwa yokusasaana kwobusiraamu basigaza amannya gaabwe agatali gakiwarabu ngatebagakyusizza. Naye era akkirizibwa okukyusa erinnya awatali nsong yonna bwabanga okukyusa agendereramu kufuna linnya kwago agasinga okwagalwa eri Allah, okugeza nga Abdallah, ne Abdul-rahmaan.

# > *Sunnah z'Obubumbwa*



> **Obusiraamu bukubiriza abasiraamu okukuuma endabika ennungi.**

### Kiki ekigendererwa mu Sunnah Z'obubumbwa?

**Sunnah z'Obubumbwa** kitegeeza obuyonjo oba ebikolwa ebyokweyonja, Obusiraamu bye bukubiriza abantu okubikola buli kadde ebiri mu bubumbwa Allah mweyatondera abantu, basobole okulabikira mukifaananyi ekirungi ekijjuvu kungulu n'emunda.

Nabbi (s.a.w) yagamba: "Ebintu bitaano bya mububumbwa bwa muntu: Okutayirira, Okumwa ebifo byekyama, okukendeeza ku masulubu, okusala enjala, n'okumwa enkwawa". Yayogerwa Bukhar (5552) ne Muslimu (257).

**Okutayirira**: Kitegeeza  ekikolwa ky'okuggyako ekiriba oba ekikuta ekibikka omutwe gw'obusajja, era nga kino kitera kukolebwa munnaku ezisooka oluvannyuma lw'okuzaalibwa kw'omwana omulenzi.

Era nga Kimu kubikolwa by'obubumbwa ebikubirizibwa eri abasajja olw'emigaso gy'obulamu emingi egikurimu, wabula tusaanye okujjukira nti kino si kakwakkulizo kakuyingira mußbusiraamu, era nga omusiraamu tafuna musango obutatayirirwa olwokutya Tayiri, oba olw'ensonga endala.

**Okumwa ebitundu by'ekyama:** Kitegeeza okujja enviiri ezimera mu bifo byekyama nga ozisala (okumwa) oba nga okozesa ekkubo lyonna eddala, ekikolwa kino kiyamba okukuuma obuyonjo bw'omuntu.

OBULAMU BWO OBUPYA

**Okukendeeza amasulubu:** Okukuza amasulubu kiri mu bintu ebikkirizwa, naye tekiri Sunnah, wabula omusiraamu bw'abanga agakuzizza talina kugaleka ne gawanvuwa, kyalina okukola kwekugakendeeza ngako buli kadde.

**Okukuza ekirevu:** Obusiraamu bulagira omusajja omusiraamu okukuza ekirevu, nga nazo z'enviiri ezimera kumatama (oba kumba) ne kukalevu k'omusajja.

Era okukuza ekirevu kitegeeza obutakisalako oba okukikendeeza, era nga kino kiri mungigiriza era enkola ya Nabbi (s.a.w).

**Okusala enjala:** Omusiraamu akubiriibwa okusala enjala buli kadde okwewala okutereka obuwuka, obukyafu, n'endwadde ezitali za ngeri zimu.

**Okumwa munkwawa:** Omusiraamu akubirizibwa okuggya enviiri ezimera wansi wenkwawa, nga azikuula oba nga akozesa amakubo amalala agasobola okuziggyamu kimuyambe okwewala okuvaamu akasu akabi.



# *Enkomerero Y'ekitabo*




## Kiki kyozzaako?

Bw'oba omaliriza okusoma ekitabo kino, obeera omazeeko omutendera ogusooka ogw'okumanya ebintu ebikulu ebikwata ku ddiini yo, era nga ekisigalidde gy'oli kwekufaayo ennyo okuteeka munkola by'oyize, nga obissa mubulamu bwo obwabulijjo; Kubanga mazima okumanya okutaliimu bikolwa nakuteeka munkola by'oyize tekulina makulu era kugenda kufuuka ekizibu eri nannyini kwo kulunaku lw'enkomerero.

Era olina okufaayo okuyiga ebintu byewetaaga okumanya mu bulamu bwo obwabulijjo, kwebyo ebitayogeddwako mukitabo kino.

Omusiraamu nebwaba n'obukkiriza obwamaanyi, era asigala mwetaavu wakulunngamizibwa, yensonga lwaki buli lwe tusaala tusaba Allah okulunngamya nga bwekyajja mu surat Al-faatiha, emu ku Suurat ezamaanyi mu Qur'an omusiraamu zaddinngana buli kadde nti: **{Tukusaba okulunngamye ekkubo eggolokofu}** Surat Al-fatiha (6).

## Mutye (nnyo) Allah nga bwe musobola

Muganda wange Omusiraanu nkujjukiza nti togenda kusanga mukitabo kino, oba mukitabo ekirala kyonna kunnyonnyola kubuna buli nsonga, n'olw'ekyo kyolina okkola kwekufaayo ennyo okubuza abamanyi kunsonga yonna gyotamanyi oba gyotategedde, era nga bw'olina okufaayo nga obwosobola okutya Allah mumbeera z'obulamu zonna, kubanga Allah yagamba **{Kale Mutye (nnyo) Allah nga bwe musobola}.** Surat Al- Taghaabun (16).

## Fuba nga bw’osobola okubeera okumpi ne baganda bo abasiraamu:

Fuba nga bow’osobola okubeera okumpi ne baganda bo abasiraamu, Olubeerera kyalira ebitongole ebivunaanyizwa kunsonga z’Obusiraamu nabasiraamu, beera n’abasiraamu musanyu ne munnaku, Newankubadde nga Nabbi (s.a.w) yali mukkiriza omujjuvu tukyesanga nga Allah Amulagira okubeera nga awamu n’abakkiriza n’okubaguminkiriza, nga Allah bweyagamba: **{Guminkirizisa omwoyo gwo nga oli wamu n’abo abasaba Mukama waabwe enkya n’eggulo nga baagala oludda lwe, oba okubasiima}** Surat Al-Kahafi (28).

Omubaka wa Allah –okusaasira n’emirembe bibeere kuye – yatwekesa okwawukana ku bumu bw’obusiraamu; Kubanga ekyo kimu kubibiirako omuntu okubula, n’okuseerera, era nga bwekiri nti Omusege gulya mbuzi eyeyawudde kuzinnaazo.

Nabbi (s.a.w) yagamba: “Mwekwate kubumu bw’obusiraamu, kubanga mazima omusege gulya mbuzi yeyawudde kuzinnaazo” Yayogerwa Al-haakim mu musitadirik (567).

Nalw’ekyo okubeera awamu nabasiraamu limu ku makubo g’okusigala n’okunywerera ku kkubo eggolokofu, n’okusigala ku bulunngamu.

Bw’ekibanga omusiraamu omukadde yetaaga okubeera obumu ne basiraamu banne, ate butya kumusiraamu omupya, kyeraga lwatu nti obwetaavu bwe bungi nnyo okubeera nebaganda be abasiraamu okumubudaabuda, okumukumakuma, n’okumuyambako okutereera n’okunywera mu ddiini.

Nsaba Allah akulunngamye, akukuumire ku kkubo eggolokofu, akusseeko okusaasira kwe, akugonnomoleko ebyengera bye ebyeyolefu n’ebyekusifu.




دليل المسلم الجديد

The New Muslim **Guide**

**Guide** du converti musulman

ለአዲስ ሰለምቴዎች መመሪያ

**Ang Gabay** Para sa Bagong Muslim

**Vodič** novom muslimanu

新改宗者のためのガイドブック

**La guida del nuovo musulmano**

**새내기 무슬림을 위한 지침서**

**Handbuch für den neuen Muslim**

नव मुस्लिम मार्गदर्शिका

**Guia para o novo muçulmano**

新穆斯林指南

**Руководство** для принявшего ислам

**Guía para el Nuevo Musulmán**

U.K -Birmingham
B11 1AR
Tel : +441214399144

K . S . A
Tel : +966112922240

www.newmuslimguide.com
www.guide-muslim.com
info@modern-guide.com

Luganda

OBUKKIRIZA BWO



OKUTUKULA KWO



ESSWALAYO



OKUSIIBA KWO



EZAKA YO



HIJJA YO



ENKOLAGANA Y'EBYENSIMBI



EMMERE YO N'EBYOKUNYWA



ENYAMBALAYO



AMAKAAGO



EMPISA ZO



Obulamu bwo Obupya



## **Ekitabo** ky'omusiraamu omupya

Ekitabo kino kiweereza gwe omusiraamu omupya nga gwe mutendera ogusooka era omukulu mu kumanya eddiini eno ey'ekitiibwa, nga ky'enkyengera ekisingayo obunene omuntu ky'afuna mu bulamu bwe bwonna, era kyanukula ebibuuzo byo bingi ebikukwatako era kikuyamba ku nsonga zonna ezikwetoolodde mu ngeri ennyangu, era bigambo ebikakafu eby'esigika okuva mu kitabo Qurani ne Hadiithi za Nabbi Muhammadi (s.a.w)

Wadde ng'ekitabo kino bulagirizi obujjuvu era nga kinyuma okusoma, na bwekityo buddiro ku kintu kyonna ky'oyinza okwetaaga mu kumanya esonga yonna gye wetaaga ku busiraamu, oba etteeka lyonna mu mateeka ga Allah mu bwangu.

www.newmuslimguide.com


MODERN GUIDE
Tel: +441214399144

NEW MUSLIM GUIDE
uk@modern-guide.com

9 660000 040034
ISBN. 978-603-00-9074-7